MUJJE TUTENDEREZE OMUKAMA

NIHIL OBSTAT

Rev. Fr. Gerald Kalumba
Cencor Deputatus
February, 2003

IMPRIMATUR

+Emmanuel Cardinal Wamala
Archbishop of Kampala Archdiocese
February, 2003

Typeset and Printed at Marianum Press, Kisubi
M. VIII. 2001. 8M. RJ139/2000

ENNYANJULA

“Muyimbire Omukama Oluyimba oluggya”

Ffe nga eggwanga eppya Omukama lye yerondera Okulangirira Obutuukirivu bwe, eyatuggya mu Kizikiza n’atussa mu Kitangaala kye (I Petro 2:9) *tuteekwa kuyimba luyimba luggya kubanga ne by’atukoledde nabyo bipya. Ennyimba eziri mu Katabo kano empya n’enkadde zijja kutuyamba okutendereza ebikuuno by’Omukama mu ngeri empya, twatule ebyo bye tukkiriza, n’entendereza yaffe zigifuule ey'ekitiibwa, ey’essanyu esaanira Omutonzi wa byonna. Ekitusabibwa kwe kuyiga ennyimba zino n’obwegendereza tulyoke tusaakaanyize wamu mu ntendereza zaffe. Jjukira ne Agustino Omutuukirivu ky’agamba nti “Ayimba aba asomye emirundi ebiri” Mujje nno tutendereze Omukama kubanga ekisa kye kya Mirembe gyonna.*

Olukiiko olugatta amasaza gaffe asatu: Masaka, Kiyinda ne Kampala, olwakwasibwa omulimu ogw’okukwanya ebyentendereza mu masaza ago asatu okulaba nga bigendera wamu luzzeemu okwekenneenya Akatabo kaffe ak’ennyimba era ne luddamu okutereeza ennyimba zongere okutuukana n’embeera gye tulimu kati. Ennyimba ezibunye wonna zisigaddemu, n’empya ne zongerwamu kisobozese okufuna ennyimba ze twetaaga.

Akatabo kano ak’awamu gwe mulimo oguvudde mu bayiiya aba buli ngeri era ekyokulabirako kye tuteekwa okugoberera buli muyiiya nga agendera wamu ne banne ate byonna babikolera wamu n’abo abassibwawo Eklezia okusunsula n’okwekenneenya nnyimba ki ezisaanidde okubeera ku ntujjo zaazo anti ebikolwa ebyawufu byagala okuyimba okwawufu: (ez’embaga, tezifaanana za lumbe, bwe kityo n’ez’omu ntendereza njawufu nnyo). Twongere okugondera abo abatuyambako okulunngamya ennyimba zino.

Fr. James Kabuye
Chairman of the Inter-Diocesan Committee

EZ'AMAYINGIRA

1. ABASOMI, MUJJE TUSOME MMWE

(Fr. Joseph Nnamukangula)

Ekidd.: **Abasomi mujje tusome mmwe***,*
Bannamukisa mujje tumusinze;
Tugulumize Omukama twebaze
Tugulumize Omukama twebaze.

1. Tufukamire mu maaso g'Omukama ono
   Tuyimbire Omukama owaffe
   Tumukubire emizira leero
   Kitaffe y'asinga.

2. Ka tuyimbire mu maaso g'Omukama ono
   Tujagulize mu Mukama owaffe
   Ye mukulu eyakola byonna
   Ali awo ng'alamula.

3. Tufukamire mu maaso g'Omukama ono
   Tuyimbire Omukama owaffe
   Mu Kitambiro ekikulu leero
   Kubanga y'atuyise.

4. Ffe tumusabe Omusumba w'obuliga bwe ono
   Ategereze ebyaffe abaana
   Atukuume mu Kisibo kye ffenna
   Ng'ataasa, ng'alunda.

5. Mmwe muwulire eddoboozi ly'Omukama ono
   Mmwe muggule emitima egyammwe,
   Mumugondere, Mukama yekka
   Ye nnannyini ddembe.

6. Atenderezebwe Omutonzi ye Taata ono
   Mwoyo ssaako Yezu Omwana

Tubatende bonsatule ye Omu
Ali awo ng'alamula.

2. EGGWANGA LYA KATONDA *(Mr. Kamya)*

Ekidd.: **Eggwanga lya Katonda - Ffe tuutuno x2**
Musembere tusaakaanye
Tukube amavi ffe twebaze Ddala ddala olw'Omukama eyatwagala
Yatwagala yatwagala
Omukama yatwagala. Yatwagala, yatwagala
Omukama yatwagala... Yatwagala, yatwagala
N'ayitiriza. Yatwagala... N'ayitiriza.

1. Omuyinza wa byonna oyo Nnantalemwa,
   Yatunuulira Uganda nga ya nzikiza,
   N'atukwatirwa ekisa n'atusaasira,
   N'atukolera entegeka, ajje atulokole
   N'atutumira Kristu Omwana we ddala
   Ajje atugobeko sitaani eyali atwefuze.

2. Abaminsani abazira besowolayo,
   Katonda be yalonda batuuke muno.
   Baakola buteddiza baatulungiya,
   Baatumanyisa Kristu n'amazima ge,
   Baatukumamu omuliro baatubangula
   Eggwanga lya Uganda lyafuuka lirye.

3. Mu kusomesa abantu baali bagumu,
   Ng'olaba Mapeera oyo bwe yebuga
   Beesiganga Kristu n'abalunngamya
   Baakolanga n'amaanyi g'otosuubira
   Kyasanyukirwa nnyo ekyo eky'okulokolwa
   Kyaviramu n'abangi okubatizibwa.

4. Omukulembeze wa byonna yesowolayo,
   Mukasa eyasooka nga wa njawulo.
   Kyava mu buyinza obw'Omulokozi
   N'agaya ebyensi eno n'abiwangula
   N'akulembera bangi ewa Kristu
   Mulumba ate n'abalala baamwegattako.

5. Abazira omusaayi baaguyiwa
   Ne guletera Uganda obulokofu,
   Twasooka bulungi tulina amaka,
   Omutuviira bannaddiini abaliwo kati,
   N'atuwa bakabona abamufaanana
   Bakulembere eggwanga ly'abatambuze.

6. Mu mateeka ga Lugaba kye kiragiro,
   Okwagalanga bannaffe tubalokole,
   Tteeka lya Kristu ly'atukuutira,
   Bwe bulamu bw'obutume bw'ogoberera,
   Baakutuuma n'erinnya ery'obukristu
   Otuukirize ekitundu ky'obutume obwo.

7. Mu busenze bwa Kristu mw'atuyitira,
   Ekyasa ky'emyaka kati kiweze

Tuli mu kusinza n'okumwebaza
Nnamugereka eyajja n'atuzaawula
N'atuwonya sitaani n'obulimba bwe,
N'atutuusa ku bulamu obw'olubeerera.

8. Ekibiina kya Mapeera kyayanyirawo
Ng'omuzadde w'ensi eno ye Nnamasole
Baamukwasa n'ensi eno n'emuwongerwa
N'atufunyisa enneema ey'obujulizi
Tutunuulira Maria tuli bagumu
Luliba lumu gy'ali tulituukayo.

3. EMBUGA ZO NNUNGI *(Lukyamuzi)*

Ekidd.: **Embuga zo nnungi Mukama wange,**
Embuga zo nnungi Mukama wange,
Aa! Ntwala eyo gye mba mpummulira nga nkutenda.

1. Twesiimye nnyo abaana b'enngoma ffe abaana bo olwa Batismu,
Tweyanzizza Mukama waffe, ffe b'oyise mu kutambira.

2. Luno lwe lunaku olw'Omukama, tumutende ffe mu nnyumba ye,
Wamma tumutende Mukama waffe, mu Yeruzalemu wakati.
3. Ka nngende ku Altari y'Omukama, Kawamigero oyo eyatutonda,
Mujje tumutende Katonda Kitaffe tumwebaze.

4. Ffenna twegatte wamu ne Kristu, Omutambizi ow'oku ntikko
Y'oyo Kristu eyatununula ku musaalaba, ng'atufiirira.

5. Ffe abateesobola, Taata yamba otutukuze tukusanyuse,
Tulyoke tutambire wamu ne Kristu Omwana wo omu eyatununula.

4. GANO GANO AMAZZI *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Gano gano amazzi ag'omukisa,**
Gatujjukiza gali aga Batismu mwe twabatizibwa,
Gano gano amazzi amatukuvu,
Gazza buto Batismu yaffe.

BASS *SOPRANO*

1. Amazzi ga Batismu gatutukuza - Amazzi ga Batismu gatutukuza
Tutti: Ne tuzaalibwa obuggya mu Katonda
Amazzi ga Batismu gatunaaza - Amazzi ga Batismu gatunaaza
Tutti: Gatufuula baana ba Katonda

2. Onommansaako amazzi - Ayi Mukama onontukuza
Ontukuze okusinga omuzira - Ontukuze okusinga omuzira
Nze kye nkusaba Mukama - Ayi Mukama era nkusaba
Ebibi byange obimmaleko - Ebibi byange obimmaleko
Otenderezebwe nnyo Kitaffe - Ne Mwana ne Mwoyo
Tutti: Emirembe n'emirembe - AMIINA.

5. HA! NNAMULONDO YO NNUNGI

(Alphonse Ssebunnya)

Ekidd.: **Ha! Nnamulondo yo nnungi,**
Ayi Mukama, n'Omwaliiro kw'etudde gutenngeenya,
Nneegomba okubeera awo awali ggwe, nga nsinza
Bwe ntyo nga ntenda obuyinza bwo.

1. Tuzze wuwo olwaleero - Tusinze wamu ffe b'olunda ab'enda emu.
   Mu Kiggwa kyo Mukama owaffe - Taata tukkirize
   Tutuuke awo ku mwaliiro.

2. Ggwe owaffe - Ffe abasobya ne tukunyiiza buli lukya ate ne luziba.
   Twekembe ensobi tuzikyawe -
   Tuyubule, Taata otuzze buto wano - mu Missa yo.

3. Twebaza nnyo by'otuwadde - Enneema z'otuwa tuzisiimye ak'ensusso -
   Ka tubikyawe ebibi byaffe ebyo -
   Taata tusonyiwe, ffe tubikyawe leero ne bulijjo.

4. Nga tussa kimu - mu Missa yo leero
   Gano Agansanyusa - ag'ekigambo kyo ekitubuulirira.
   Tusiibe nago mawulire malungi olw'okwagala, n'okukutenda
   ggwe Nnamugereka.

5. Omutenza-ggulu Kawamigero - Ffe abali ekimu ne Kristu Yezu,
   Omwana wo. Mwoyo wo akke gye tuli
   Omukubagiza owaffe tudde eka nga tuli bumu - ku lw'ekitiibwa kyo,
   AMIINA.

6. KATONDA EYATUTONDA

(Fr. Expedito Magembe)

I. Katonda eyatutonda — Yee
   Mujje mmwe tumusinze — Katonda eyatutonda atenderezebwe
   Ffe ggwanga lya Katonda
   Mujje mmwe tumutende
   Tusimbe ennyiriri
   Tuyimbe n'okuyimba
   N'ebivuga ebirungi
   N'okubiibya tubiibye

II. Mujje mu maaso ge mmwe
    Omukama omulungi
    Mwenna mukimanye mmwe
    Tusanyuke n'emirembe

III. Mujje mmwe tumutende
     Tumutendereze Ddunda
     Tumutendereze Ddunda
     Emirembe n'emirembe

7. KATONDA OW'EKISA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Katonda ow'ekisa, Omutonzi w'ensi**
Mwenna, Bakristu, mujje tumusinze.

1. Mujje tuyimbire Omukama, abange,
   Tukubire emizira, Olwazi luno olw'obulokofu bwaffe!
   Mujje, tusembere mu maaso ge n'amatendo
   Tumugulumize n'ennyimba.

2. Kubanga Katonda oyo omukulu anti ye Mukama,

Ye Kabaka omukulu asukkulumye balubaale bonna,
N'eyo ekkuzimu w'ensi era omukono gwe gutuukayo,
N'entikko z'ensozi nazo zize.

3. Ennyanja yiye kennyini anti ye yagikola,
   N'olukalu lw'ensi eno, emikono gye gye gyalubumba
   Mujje tusinze, tweyale mu maaso ge wano;
   Ddunda eyatukola, tumukubire amavi kati.

4. Anti yennyini ye Katonda Mukama waffe,
   Ate ffe Ggwanga eddonde, ery'omu ddundiro erirye
   Mujje tusinze, tweyale mu maaso ge wano;
   Anti ffe ndiga ezo z'akumiriza omukono gwe.

5. Singa olwaleero muwulira eddoboozi lye,
   Muleke kugugubya mitima, nga bwe baakola e Meriba
   Nga bajjajjammwe bwe bankema mu ddungu ly'e Massa.
   Olwo bangeza ne balaba ebikuuno bye nnakola.

6. Emyaka ana, eggwanga eryo lyantama, kwe kugamba
   Bwe nti: Sso eggwanga lino eddalambavu ery'omutima,
   Eriyamanyi nkola yange! Kye nnava olwo nsunguwala ne ndayira
   Nti: Tibaliyingira abo mu kiwummulo kyange.

7. Ekitiibwa kibe kya Patri oyo eyatutonda,
   Kibe kya Mwana eyatulokola n'ekya Mwoyo Mutuukirivu
   Nga bwe kyaliwo olubereberye na kaakano
   Na bulijjo, emirembe n'emirembe. AMIINA.

8. KINO KIKI? *(Fr.Vincent Bakkabulindi)*

1. Kino kiki, kino kiki, kino kiki? Ye nnyumba y'Omukama
   Tuyingire, tuyingire, tuyingire - Mu nnyumba y'Omukama
   BONNA: Kawamigero Nnyinimu tumuyimbire.

2. Twanirize, twanirize, twanirize.... Omukama Ssewannaku
   Tugulumize, tugulumize, tugulumize ...Omugabi atagambika
   BONNA: Kawamigero Nnyinimu tumuyimbire.

3. Asukkulumye talina amwenkana Katonda, asukkulumye
   Tuli bantu be ye yatutonda, asukkulumye
   Ekitiibwa ky'alina kisuffu, asukkulumye. (x3)

   SOPRANO: Asukkulumye talina amwenkana Katonda, asukkulumye
   Asukkulumye talina amwenkana Katonda, asukkulumye.

4. *SOPRANO:* Asukkulumye, he, he, hehehehehehe, teyenkanika,
   Ye, wa mirembe na mirembe, Ye, wa mirembe na mirembe
   Ooooyo, ffenna tumutya tumusinza, Ooyo, Ye, takyuka y'omu bulijjo
   BASS: ..... Yee, asukkulumye, wa mirembe na mirembe
   Asukkulumye, mirembe na mirembe, mirembe na mirembe
   Ffenna tumutya tumusinza, tumusinza,
   Ffenna tumutya tumusinza, tumusinza, tumusinza, tumusinza, tumusinza,

BONNA: ASUKKULUMYE TALINA AMWENKANA KATONDA,
ASUKKULUMYE.

9. LEERO TULI MU SSANYU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Leero tuli mu ssanyu, ffenna tuli mu ssanyu**

Mu maaso ga Kitaffe Katonda (x2)
Tumusinze Nnannyini nsi, tumutende nnannyini nsi,
Tumwebaze by'atuwa Katonda,
Mu Kitambiro Kristu mw'atugasse ffe abantu.

1. Ekibiina kisanyuka, anti Kristu ali naffe,
   Ffe Kristu alabika, ffe Kristu aweereza Patri,
   Ekitambiro ekimusanyusa; mujje b'amanyi ntujjo,
   Ensi n'eggulu yimba, mujje b'amanyi ntujjo,
   Ensi n'eggulu sinza.
2. Ekibiina kijaguza, anti Kristu ali naffe,
   Ffe ggwanga erisoma, ffe Kristu aweereza Patri,
   Ekitambiro eky'olubeerera.
   Mujje b'amanyi ntujjo, ensi n'eggulu yimba
   Mujje b'amanyi ntujjo, ensi n'eggulu sinza.

3. Ekibiina kizimbibwa ku oyo Kristu eyatuganza
   Kristu ye ntabiro, nga nnywevu ennyumba ya Kristu
   Eyazimbibwa Mwoyo agituulamu.
   Mwenna b'ayise abangi, mujje mwebaze Ddunda,
   Mwenna b'ayise abangi, mujje mwebaze Ddunda.

4. Ekibiina kisanyuka, anti Kristu yatugamba:
   "Nywera nze nkomawo, ndidda nze ne nkutuusa eyo,
   Mu kujaguza okw'olubeerera."
   Mwenna abamanyi Yezu, mujje twebaze Ddunda. x2

10. LEERO TUNAAKUTENDA *(Fr. James Kabuye)*

1a) Leero tunaakutenda.. Yee Ddunda,
Katonda Oli wa kitiibwa, tunaakutenda
Ye Ggwe Katonda mwene Yee Ddunda,
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda

b) Tukwagala nnyo Mukama waffe Yee, Ddunda,
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Tukwesiga nnyo Mukama waffe Yee, Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda

c) Tunaalitenda... Erinnya lyo
Buli olukedde... Erinnya lyo
Mukama ow'obuyinza byonna abisinga.....
Olw'ekitiibwa kyo Ddunda, buli lunaku (tunaakutenda) x2

2a) Amawanga gonna ganaakutenda Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Amazadde gonna ganaakuyimba Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda
b) Tukwekola nnyo Mukama waffe.... Yee Ddunda
Kagingo Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Tukwesiga nnyo Mukama waffe.. Yee Ddunda
Kagingo Oli wa kitiibwa tunaakutenda.

c) Tunaalitenda Erinnya lyo
Buli olukedde Erinnya lyo
Mukama ow'obuyinza byonna abisinga....
Olw'ekitiibwa kyo Ddunda, buli lunaku (tunaakutenda). x2

3a) Mujje ffe b'anunudde.. Yee Ddunda

Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Mujje abalondemu be... Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda.

b) Tukwagala nnyo atatusuula... Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Tukwagala nnyo atatudaaza... Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda.

c) Tunaalitenda... Erinnya lyo
Buli olukedde.. Erinnya lyo
Mukama ow'obuyinza byonna abisinga ...
Olw'ekitiibwa kyo Ddunda, buli lunaku (tunaakutenda). x2

4a) Ebitonde byonna binaakutenda Yee Ddunda
Mutonzi Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Buli ludda lwonna lunaakutenda Yee Ddunda
Mutonzi Oli wa kitiibwa tunaakutenda.

b) Birya butaala ne byegazaanya Yee Ddunda
Mutonzi Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Bikwekola nnyo ggwe atabisuula Yee Ddunda
Mutonzi Oli wa kitiibwa tunaakutenda.

c) Tunaalitenda... Erinnya lyo
Buli olukedde Erinnya lyo
Mukama ow'obuyinza byonna abisinga
Olw'ekitiibwa kyo Ddunda, buli lunaku (tunaakutenda). x2

5a) Ggwe Kitaffe yonna tunaakutenda Yee Ddunda,
Kagingo... Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Tumutende ffenna Katonda Mwana Yee Ddunda
Osaana Oli wa kitiibwa tunaakutenda.
b) Tukwagala nnyo Mwoyo atuyamba Yee Ddunda,
Osaana Oli wa kitiibwa tunaakutenda
Tukwesiga nnyo Nnabasatwe Ggwe Yee Ddunda
Katonda Oli wa kitiibwa tunaakutenda

c) Tunaalitenda.. Erinnya lyo
Buli olukedde... Erinnya lyo
Mukama ow'obuyinza byonna abisinga
Olw'ekitiibwa kyo Ddunda, buli lunaku tunaakutenda,tunaakutenda.

11. LINO LYE GGWANGA LYA KATONDA *(Fr. James Kabuye)*

1. Lino lye ggwanga lya Katonda, eryalondwa Ddunda waffe,
   Ligattibwa n'ekigambo kye, eryaganja ewa Katonda,
   Y'Eklezia wa Kristu.

2. Ekiggwa ekyazimbwa luli edda, ku musingi omunywevu ennyo,
   Ku Kristu ejjinja ly'ensonda, kye Kiggwa ekyo ekya Katonda,
   Y'Eklezia wa Kristu.

3. Eggwanga ezzaale mu Batismu, erya Mwoyo Mutuukirivu,
   Anti atuula mu kino Ekiggwa, eggwanga Yezu mw'abeera
   Y'Eklezia wa Kristu.

4. Eggwanga eritemagana ennyo, olw'enneema ya Kristu oyo,

Eggwanga erisikira enneema, eryesiga Yezu Kristu,
Y'Eklezia wa Kristu.

5. Likkiriza Kristu by'agamba, libituusa mu kwagala,
Litudde nga teritya nsi eno, eryesiima ne Katonda,
Y'Eklezia wa Kristu.

12. MUJJE MWENNA, ABAKRISTU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mujje mwenna, Bakristu, mwanguwe mu Eklezia;**
Kitaffe tumusinze ffe abaana b'aganza
Mujje tumwebaze nga twegasse ne Yezu
Mujje mmwe Bakristu, Mujje mu Missa.

1. Tugenda n'essanyu lingi ewa Kitaffe gy'abeera
Mu maaso ge tufuna eddembe, mu maaso ge ffe tunaatya ki?
Tuutuno Kitaffe, b'olunda, tukuwa ekitiibwa n'ettendo
Olw'obukulu bwo.

2. Mmwe ggwanga lye mmwe yalonda, ab'olulyo olulangira.
Olw'okuba enneema gy'atuwa, eyonja ennyo emyoyo mw'atuula;
Tujjula ebirungi n'enneema by'atuwa Kitaffe ow'ettendo,
Tumwebaze wamu.

3. Ssanyu ddala liba lingi, abasinza Katonda omu,
Lwe beetaba anti okussa ekimu, ne beebaza Ddunda wa byonna
Baatula amatendo ga Ddunda, baddamu okuyimba n'amaanyi,
Batenda Oyo Aliwo.

4. Twegatta ne Yezu Kristu, ye Mwana we anti gw'azaala.
Byonna nga tibinnatondebwa nga tiwali kintu na kimu,
Yezu y'atuyamba n'agamba: "Togoba Kitange, b'olyoye, olw'ekitiibwa kyo."

13. MUJJE TUKUNNGAANE KU LUNO

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mujje tukunngaane ku luno, aboluganda enkumu**
Yezu yatugatta ffenna, lwe twafuna Batismu.

1. Twebaze leero ow'ekisa Kitaffe, ffe yalonda mu bantu abangi
Tube baawufu, bantu be, baana, eggwanga lye yalonda yekka.

2. Tuutuno leero twetabe mu Missa, ffe ggwanga lya Kristu ly'alunda
Mujje twebaze Katonda Patri, Kitaffe Oyo eyatulokola.

3. Twejaga ffenna be yawa obulamu, ffe baana, ffe ggwanga ly'alunda
Era twafuuka baganda ba Yezu, eyafuuka omuntu nga ffe ddala.

4. Twetaba ffenna mu Kitambiro kye, kye yawaayo Yezu ku lwaffe, leero
Twesiga nga tujja kufuna ffenna enneema enkumu ddala.

5. Twegayirire ffe wamu ne Yezu, tuli bitundu bya Kristu Oyo,
Abakkiriza mu Ddunda Kitaffe, mujje tutambire okwebaza.

14. MUJJE TUSOME *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Mujje mujje tusome,**
Abaana ba Katonda b'alonze,
Mmwe ggwanga lye, mmwe Kristu alabika x2
Mujje muyingire mu Kiggwa kye, tumusinze,
Tumwebaze Nnyinimu, tumusinze, tumwebaze nnyinimu.

1. Wa buyinza wa ttendo, Mukama Katonda ow'amagye x2
   Yatugabira obulamu n'atuzaala, kya kitalo,
   Mu Batismu, yatufuula baana**,** ffe ggwanga lye
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola ensi eno.

2. Mwe abalungi mweyanze, Mukama Katonda Mutagobwa x2
   Yatumulisa amagezi n'atulonda, kya magero,
   Ye yasindika, yatuma na Mwana eri abaddu be,
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola ensi eno.

3. Tumutende mu nnyimba, Mukama Katonda Mutagobwa x2
   Ggwe abakwesiga obamanyi n'obataasa, kya mazima
   Obataasa, obalunda Ddunda n'oba engabo.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu b'amanyi.
   Tumugulumize, tumutende**,** ffe Kristu b'amanyi bw'atyo.

4. Omuyinza wa maanyi, Mukama Katonda musaasizi x2
   Yatumanyisa ebikulu ebyaliwo, ng'atutonda,
   Mu masooka, yatulondamu ffe ng'atwagala,
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola ensi eno.

5. Mmwe abatuufu b'agamba, Mukama Katonda mu Nnyumba ye x2
   Mube batume, bakozi abantegeera, ba mazima, abalunngamu,
   Abantu abateefu, eggwanga essomi.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola.
   Tumugulumize, tumutende, ffe Kristu alokola ensi eno.

15. MUSIMBE ENNYIRIRI TUYISE EKIVVULU *(Fr. James Kabuye)*

1. Musimbe ennyiriri tuyise ekivvulu mu maaso ga Kitaffe Katonda
   - Amiina
   Misimbe ennyiriri tuyise ekivvulu mu maaso ga Kitaffe Katonda
   Mujje mwatule nga bwe tumanyi Katonda waffe, FFE ABALONDEMU
   Mujje muwere nti tuli babe emirembe gyonna BANNAMUKISA
   Mwanguwe mwanguwe mujje tutende Mukama Katonda.

   Ekidd.: **Ssirikuleka ndayira nze Mukama wange,**
   Nnakumanya lwa bulungi era nnakwagala dda,
   Nkusuubiza okukwata by'onngamba Mukama wange
   Gwe nzirinngana.
   Ndayira nze sigenda kwetya ndibeera mu abo abaana bo ddala.
   Ndayira nze sigenda kwetya ndibeera mu abo abakuweereza.

2. Musimbe ennyiriri mulage bwe mutyo nga mwagala Kitaffe Katonda - Amiina x2
   Mujje mwatule nga bwe tumanyi Katonda waffe, (ABALONDEMU)

Mujje muwere nti muli babe emirembe gyonna (BANNAMUKISA)
Mwatule, mwatule, bonna bamanye Mukama Katonda.

3. Musimbe ennyiriri muyise ekivvulu, abaana ba Kitaffe Katonda - Amiina x2
Mujje mulage nga bwe mulina Katonda wammwe (ABALONDEMU)
Akira bonna anti alamula ensi ye yonna (BANNAMUKISA)
Mwatule, mwatule mwenna muyimbe mwebaze Katonda.

4. Mutende obutamala, mufube okwebaza, Katonda eyalonda ffe ggwanga lye- Amiina x2
Byonna y'atuwa ne tufuuka bitonde biggya: (ABALONDEMU),
Yatulokola ffe abaana be emirembe gyonna (BANNAMUKISA)
Munyumye munyumye yonna mutende Mukama Katonda.

5. Muyimbe abaliwo, munyumye by'akola, Katonda Kitaffe mu Mwana we - Amiina x2
Mujje mwatule nti "Muli kimu muyunnganye sso (ABALONDEMU)
Bonna bamanye nti muli kimu mu Yezu mwenna (BANNAMUKISA)
Mufube, mufube mwenna munywere ku ono Katonda.

6. Muyimbe abasoma, mulabe bwe mutyo, essanyu ly'abaganza Katonda - Amiina. x2
Mujje mulage nga bwe mumanyi nga bulituuka (ABALONDEMU)
Mu ssanyu wamu ne tujaganya emirembe gyonna (BANNAMUKISA)
Mwanguwe, mwanguwe, mujje tugende gy'ali Katonda.

Mutende obutamala, Lugaba by'akola eri abatamanyi abo Katonda. x2)
Amiina.
Bonna bamanye nga bwe waliwo Omutonzi waabwe (ABALONDEMU)
Yatulokola ffe abaana be emirembe gyonna (BANNAMUKISA)
Munyumye, munyumye yonna mutende Mukama Katonda.

16. NDI MUKRISTU, NDI MUKRISTU

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Ndi Mukristu**
Ndi Mukristu
Nneebaza Katonda
Eyannganza bw'ati.

1. Wantonda nze omuntu
N'onteeka ku nsi eno
N'onkuuma bulijjo
N'ebyo bye wampa.

2. Watuma Omwana wo
Okununula nze
N'onzigyako ebibi
Mu Batismu.

3. Ebiragiro byo
Ebyo sibitenda
Anti bitegeeza
Bw'ondabirira.

4. Eklezia mwe ndi
Erina ebirungi
Amasakramentu
Agantukuza.

17. NDI MU SSANYU LINGI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd: **Ndi mu ssanyu lingi**
Ndi mu ssanyu lingi
Okuwulira nga tunaagenda
Mu nnyumba y'Omukama. (x2)

1. Nnasanyuka kubanga banngamba nti: tuligenda mu Nnyumba y'Omukama.
2. Ebigere byaffe byatuuka na dda mu miryango gyo, Yeruzalemu.
3. Yeruzalemu eyazimbibwa ng'ekibuga ekyekutte awamu
4. Eyo ebika gye byambuka ebika by'Omukama,
   ng'etteeka bwe liri, okugenda okugulumiza erinnya ly'Omukama.
5. Eyo we waateekebwa entebe z'obulamuzi, entebe z'ennyumba ya Daudi.
6. Musabe ebinaaleetera Yeruzalemu eddembe abakwagala babe balungi.
7. Ebigo byo bibe mu ddembe, n'embiri zo ziraale zonna.
8. Olw'okubeera baganda bange ne bannange ndigamba nti emirembe mu ggwe.
9. Olw'okubeera ennyumba y'Omukama Katonda waffe, ndikusabira birungi.
10. Ekitiibwa kibe ekya Patri n'ekya Mwana n'ekya Mwoyo Mutuukirivu
11. Nga bwe kyaliwo olubereberye na kaakano na bulijjo, emirembe
    n'emirembe. Amiina.

18. NGA NNUNGI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nga nnungi, nga nnungi Altari yo Mukama wange,**
Nneegomba mbeere eyo mu mbuga zo gy'Oli!

1. Ayi Mukama Ggwe ow'amagye nga kisanyusa Ekisulo kyo.
   Omwoyo gwange gwegomba gwagala kufa, empya z'Omukama.
   Omwoyo gwange n'omutima gwange, bisanyukira mu Katonda omulamu.

2. Nga basanyuka obutamala abali kati mu Nnyumba yo,
   Emirembe gyonna, bagenda kuyimbanga ettendo lyo,
   Nga beesiimye, Ggwe abakwesiga, emitima gyabwe, gijaguliza mu Mukama.

3. Lunaku lumu mu Nnyumba yo, lukira nkumi anti awalala
   Omulyango gwokka, ku Nnyumba yo kuno
   Gukira wala, ebisulo byonna, Gukira wala, ebisulo by'aboonoonyi.

19. NGA NNUNGI NGA NNUNGI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nga nnungi, nga nnungi**
Tabernakulo eno
Nzuuno nze nneegomba okuba wano.

1. Tweyanze Ddunda ffe twesiimye
   B'oyita anti okujja w'oli
   N'essaawa emu eti wano w'oli
   Sso nga ya kwesiima.

2. Tuzze okwegatta mu Missa
   N'omwoyo ogutakusaana
   Tukyaye Ssebo ebibi eby'edda
   Ddunda tusaasire.

20. NJA KUYINGIRA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nja kuyingira ne mu Kiggwa kyo**
Nkwewe nze mu Eklezia Entukuvu
Nkusseemu Ggwe ekitiibwa,
Ayi Mukama w'eggulu.

1. Ayi Mukama ebigambo byange bitegere amatu,
   Wulira okukungubaga kwange
   Wulira eddoboozi ly'okwegayirira kwange
   Ayi Kabaka wange, Katonda wange.

2. Anti nkuwanjagira ayi Mukama wange
   Ku makya owulira eddoboozi lyange
   Anti Ggwe toli Katonda asanyukira amayisa amakyamu
   Ow'ekyejo ewuwo tabeerayo, n'abayisa obubi tibasigala mu maaso go.

3. Naye nze nga bw'onnganza ennyo oti Ggwe Katonda wange
   Nja kuyingira mu Nnyumba yo muno,
   Nja kweyala mu Kiggwa kyo Ekitukuvu nga nkutya Ggwe
   Ayi Mukama Katonda wange.

4. Bataase basanyuke olw'okubeera Ggwe Kitaffe
   Abo abaagala erinnya lyo,
   Anti Ggwe ayi Mukama oliwa omukisa omutuufu
   Olimwetoolooza ebirungi by'omukolera ne biba ng'engabo.

21. OMUTIMA GWANGE *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Ekidd.: **Omutima gwange n'omubiri gwange leero bijaguza**
Anti biraga eri Katonda Omulamu.

1. Ekisulo kyo nga kyagalwa, nga kyagalwa
   Ayi Mukama, Ekisulo kyo nga kyagalwa!

2. Omwoyo gwange gwegomba nnyo empya ennungi ez'Omukama,
   Omutima gunnuma nzituukemu, Mukama wange.

3. Enkazaluggya nga tebulwa w'ezimba
   Akataayi nako nga keekolera ekisu kyako,
   Era n'obwana ne bufuna we bwebaka.

4. Abo beesiimye nnyo abasula mu Nju yo
   Ayi Mukama, abantu bo bakutenda.

5. Oyo eyetegese mu mutima, yeesiimye,
   Mu nngendo entukuvu gw'oyamba yeesiimye.

6. Ojje obongeremu, ayi Mukama, obuzira bwo
   Mu Sion mw'osula amaaso bakwegese.

7. Nze nkwegayiridde, ayi Mukama, nnyini magye,
   Era owa Yakobo, tega amatu, otuwulire.

8. Mazima n'olunaku olumu luti mu mpya zo,
, Lusinga olukumi ze tumala Ggwe w'otaba.

9. Nsiima nnyimirire ku kifugi eky'Enju yo
   Okusinga mu weema aboonoonyi mwe basangwa.

10. Mukulu w'amagye, beesiimye abakwesiga,
    Ggwe tomma birungi, abakusaba bo bafuna.

22. TUZZE GY'OLI BE WATONDA

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Tuzze gy'oli be watonda : Ggwe
   Tuzze tuutuno, Katonda : Omutonzi omwagalwa!
   Tuzze gy'oli tukusinze : Oh! ow'Amaanyi ow'Obuyinza,
   Osaana kwagalwa. x2

   Ekidd: **Tumukubire enngoma gwe twaniriza**
   Omukama Nnyinimu
   Tumuyimbire ne mu nnyimba
   Afuga eggulu n'ensi ow'ettendo
   Wuuno amazima! Ali mu Nnyumba ye. x2

2. Twesiimye ffe mu kifo kyo : Ggwe
   Tweyanze wano we tuzze : Omutonzi omwagalwa
   Wamma, enju yo ya kitiibwa : Oh! ow'Amaanyi ow'Obuyinza
   Osaana kwagalwa x2

23. YIMUKA YERUZALEMU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.. **Yimuka Yeruzalemu otangaale yimuka Ggwe**
Eklezia otangaale oli magero,
Yimuka Yeruzalemu otangaale.
Yimuka yimuka, yimuka osagambize,
Anti Omukama atuuse ng'ayita mu Ggwe,
N'ekitiibwa kye kyeyolese nga kiri mu Ggwe.
Tangaaza ensi eno n'amazima go,
Yigiriza ensi eno etebenkere x2 etangaale.

1. Ayi Mugole wa Yezu Ggwe Eklezia olisanyuka wamma n'oyitiriza,
   Ng'olaba amawanga n'abakungu bonna nga beeyuna ewuwo:
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
   Nga baleeta n'ebirabo eby'okujaganya
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA
   Nga bafuuwa n'emirere egy'okujaganya
   Bonna anti baana bo Ggwe Nnyaabwe Nnamukisa.
2. Ayi Ggwe ggwanga lya Ddunda, Ggwe Eklezia,
   Oligaziwa wamma n'oyitirira, ng'ofuna ekitiibwa,
   Eky'obuzadde bonna bonna nga bagobye;
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
   Nga baleeta ne zawabu ow'okutonebwa
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
   Nga bayimba n'ennyimba ez'okujaganya,
   Bonna anti baana bo ggwe Nnyaabwe gwe bamanyi.

3. Ayi Mubiri gwa Yezu Ggwe Eklezia,
   Olisanyuka wamma n'oyitirira,
   Ng'olaba omatidde, n'obakira bonna, nga wenyumiriza,
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
   Ng'oyaniriza Omukama n'ebitambiro,
   OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
   Nga bireetebwa Kristu ne baganzi be,
   Bonna abalondemu ne Kristu bali Kimu.

4. Ayi kizimbe kya Yezu Ggwe Eklezia,

Emiryango wamma gyaggulwa lumu,
Tegita kusomba abaana bo bulijjo, nga beyuna ewuwo,
OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
Abamulisa Kristu n'ekigambo kye.
OKUGULUMIZA OMUKAMA DDUNDA.
Abawagira Kristu n'abawanguza,
Bonna baganda ba Kristu y'abakulira.

EZOKWEBUULIRIRA

24. ABAAVU MU MWOYO *(Sr. Peter)*

1. Abaavu mu mwoyo beesiimye, obwakabaka obw'omu ggulu balibulya

Ekidd.: I
Ba mukisa ..... Beesuneko baliwanngama.

Ekidd: II
Yee, ba mukisa nnyo Omukama alibateeka ku mukono gwe ogwa ddyo.

2. Abantu abateefu beesiimye balirya ensi - Ba mukisa
Beesuneko balisukkuluma.

3. Abo abasinda beesiimye, balikubagizibwa - Ba mukisa
Beesuneko balisanyulwa.

4. Abalumwa enjala n'ennyota, ey'obutuukirivu, - Ba mukisa
Beesiimye balikkusibwa
Beesuneko balimatira.

5. Abalina ekisa, beesiimye, baligirirwa ekisa - Ba mukisa
Beesuneko balyerolera.

6. Abomutima omulongoofu, beesiimye baliraba Katonda - Ba mukisa
Beesuneko balyerolera.

7. Abaleeta emirembe beesiimye, baana ba Katonda - Ba mukisa
Beesuneko balyegiriisa.

8. Abayigganyizibwa, olw'obutuukirivu, beesiimye
Obwakabaka bw'omu ggulu balibulya - Ba mukisa
Baliwanngama abo balitikkirwa.

25. ATENDEREZEBWE KATONDA

(Fr. James Kabuye)

1. Atenderezebwe..... atenderezebwe
   Atenderezebwenga Katonda oyo.

Tutti: Kitaawe wa Yezu Mukama waffe
Atenderezebwenga emirembe
Atenderezebwenga emirembe.

2. Kubanga Yatweroboza, nga n'ensi tennatondebwa,
   Yatweroboza nga n'ensi tennatondebwa

a) Okuva ddi.... Nga n'ensi tennatondebwa.
   Mu masooka... ,, ,,

b) Wa kisa nnyo.. ,, ,,
   Ye Kitaffe ..... ,, ,,

c) Ng'atuganza ,, ,,
   Okuyinga ,, ,,

d) Yatuwa nnyo ,, ,,
   Ebirungi ,, ,,

3. Tubeere batuukirivu ...
   Tubeere batuukirivu ...
   Tubeere batuukirivu ...
   Abatalina na bbala ...

Tutti: Mu maaso ge ... mu maaso ge.

4. *Bass:* Nga yateekateeka, mu mutima gwe omusaasizi
   Sopr: Yateekateeka ... mu mutima gwe omusaasizi
   Yateekateeka, mu mutima gwe omusaasizi *(Tutti)*
   Ng'omutima gumuli ku Kristu x2
   Omwana we mwe yatweroboza, n'atufuula baana ffe abantu.

5. Ffe abantu tuli baana be ddala ddala
   Mazima ffenna tuli baana be
   Mazima ffenna tuli baana be ddala ddala,
   Ddala ddala ffenna tuli baana be.

Bass:

a) Tuli baana be ffenna oyo Kristu be yalondamu ...
   Tuli baana be, tweyanze Taata ...
   Ddala ffenna tuli baana be.

b) Tuli basika ffenna oyo Kristu y'atukulira ...
   Tuli baana be ; tweyanze Taata ...
   Ddala ddala ffenna tuli baana be.

c) Tuli bayise ku nsi ffe Kristu y'atutambuza ...
   Tuli baana be n'atuzza ewaffe ...
   Ddala ffenna tuli baana be.

d) Tuli bagumu ffenna oyo Kristu be yalondamu ...
   Tuli baana be, anti yasiima ...
   Ddala ffenna tuli baana be.

e) Tulituukayo ffenna eyo Kristu gye yatulaga ...
   Tuli baana be, Kitaffe alinze ...
   Ddala ffenna tuli baana be.
   (Atenderezebwe No. 1 yokka)

26. ATYA OMUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Atya Omukama yeesiimye,**
Ebiragiro bye bimusanyusa nnyo. x2

1. Ezzadde lye muno mu nsi liribeera n'obuyinza bwawufu
   N'olulyo olwo olw'abatereevu, luliba lwa mukisa.

2. Ebintu n'obugagga biriba mu nnyumba gy'afuga,
   Taatyenga kugaba, omutereevu.

3. Abatereevu mu kiro kiri abaakira okukira ettawaaza,
   Ye musaasizi ow'ekisa ekitakoma, omutuufu wonna.

4. Oyo omuntu asaasira era n'awola ali bulungi ow'ekisa,
   Atetenkanya ebintu bye mu bwenkanya, aliba mirembe.

27. AYI MUKAMA, OMWOYO GWANGE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ayi Mukama, omwoyo gwange gusuubira mu Ggwe,**
Ggwe Omutonzi wange.

1. Nnayima ekkuzimu ne mpanjagira gy'oli ayi Mukama,
   Ayi Mukama wuliriza eddoboozi lyange.
2. Amatu agago gawulirize leero,
   Eddoboozi ery'okuwanjaga kwange.

3. Oba kujjukira bibi bulijjo ayi Mukama,
   Ayi Mukama singa ani aliwo?

4. Naye ewuwo y'eri ekisonyiwo eky'ebibi byonna,
   Basobole okukuweereza n'ekitiibwa kyonna.

5. Nsuubira mu Mukama omuyambi wange,
   Omwoyo gwange gusuubira mu kigambo kyo.

6. Omwoyo gwange gulindirira Omukama omuyambi wange,
   N'okukira abakuumi bwe balindirira mmambya ajja.

7. Okukira abakuumi bwe balindirira mmambya avaayo ati,
   Yisraeli bw'alindirira Omukama Katonda.

8. Yennyini y'alinunula Yisraeli mu bibi bye byonna,
   Omukama oyo Katonda we.

28. AYI MUKAMA ONOMMANSAAKO AMAZZI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ayi Mukama,**
Onommansaako amazzi ne ntukula ne nnongooka,
Ononnaaza, ne ntukula, okusinga omuzira.

1. Nsaasira ayi Katonda ng'ogerera ku kisa kyo ekingi,
   Siimuula enzambi zange,
   Ng'ogerera ku kusaasira kwo okungi ennyo.

2. Nnaalizaako ddala omusango gwange nze,
   Era ontukuzeeko ekibi kyange nze,
   Anti ekyonoono kyange nze nkikkiriza;
   Ekibi kyange bulijjo sikiggyaako liiso.
3. Ggwe wekka Ggwe nnakola ekibi nze,
   Ekiba ekibi mu maaso go kye nnakola;
   Ky'ova obeerera ddala omutuufu ng'osala omusango,
   Mutereevu mu nnamula yo.

4. Ekitambiro kyange ayi Katonda gwe mwoyo ogumenyese ddala,
   Omutima ogumenyese ogwetowazizza
   Ayi Katonda toligugaya.

5. Ntondaamu omutima omutukuvu ayi Katonda,
   Nnyamba ozze buto mu nze, omwoyo omugumu ddala.

29. AYI MUKAMA OTENDEREZEBWE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ayi Mukama, otenderezebwe,**
Otenderezebwe, Katonda w'eggulu!
Ayi Mukama, otenderezebwe, otenderezebwenga!

1. Etteeka ly'Omukama ddungi: lizzaamu amaanyi.
2. Ekiragiro ky'Omukama kinywevu: kiyigiriza abatamanyi bonna!
3. Ebiragiro by'Omukama bituufu, bisanyusa emitima.
4. Ekiragiro ky'Omukama kitukuvu, kimulisa amaaso.
5. Bye wateesa byanfuukira nnyimba: eri gye nnalamagira.

30. AYI MUKAMA SINDIKA ABAKOZI

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ayi Mukama Katonda waffe,**
Sindika abakozi mu nnimiro yo
Amakungula mangi bulala nnyo,
Naye abakunguzi be batono ennyo.

1. Otusaasire, ayi Katonda w'abantu bonna,
   Tutunuulire, yoleka obusaasizi bwo,
   Amawanga gonna agatakufaako gategeere,
   Nga tewali Katonda mulala wabula Ggwe,
   Gakutendereze.

2. Golola omukono gwo, bonna ab'amawanga bategeere,
   Obuyinza bwo, nga bwe wayoleka,
   Obutuukirivu mu maaso gaabwe ng'otubonereza,
   Yoleka ekitiibwa kyo kati mu maaso gaabwe,
   Ng'obonereza, abatutuntuza.

3. Nga bwe twategeera, era nabo bategeere,
   Nti tewali Katonda mulala, wabula Ggwe wekka,
   Ddamu okukola ebyewuunyo, n'ebyamagero eby'edda,
   Gulumiza, engalo zo n'omukono gwo.

4. Tulyowe, ffe be watonda olubereberye,
   Tuukiriza abalanzi bye baalanga mu linnya lyo,
   Abakulindirira, bafuna empeera yaabwe,

Abantu kwe banaategeereranga, ng'abalanzi baalanga kituufu.

5. Wuliriza, essaala z'abaweereza bo bano,
   Bawe omukisa, Aaroni gwe yasabira abaana be,
   Tuwe okulambika, mu kkubo ery'obutukuvu,
   Abantu bonna abali ku nsi bategeere,
   Nga bw'oli Katonda ow'emirembe gyonna.

31. BALINA OMUKISA *(Mr. Joseph Kyagambiddwa)*

	Soprano		*Bass*
1.	Balina omukisa bali abalumwa	-	Bannamukisa x2
	Enjala n'ennyonta ey'obutuukirivu	-	Bannamukisa x2
	Mukama alibamatiza bulikya	-	Bannamukisa x2

Soprano

2. Beesiimye nnyo abaagala Yezu okukyayibwa olwa Kristu Katonda
   b'alinda waggulu ewuwe.

Soprano		*Bass*
Beesiimye nnyo n'abakaaba	-	Bannamukisa x2
Mbeera amaziga agatonnya kati	-	Bannamukisa x2
Mukama aligasangula lulikya	-	Bannamukisa x2

Soprano

Nneeyagalira Kabaka omu: Katonda eyantonda n'ampa n'ebibye x2
Ka tunywere ffe abamukkiriza

Tutti: Nneeyagalira Kabaka omu Katonda eyantonda n'ampa n'ebibye.

32. BEESIIMYE NNYO ABATUKUVU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Beesiimye nnyo abatukuvu, abagoberera amateeka g'Omukama,**
Beesiimye nnyo abamwagala, abagoberera amakubo ge.

1. Beesiimye bannannyini kkubo omutali bbala,
   Abatambulira mu tteeka ly'Omukama.

2. Beesiimye abagendera ku by'abakuutirira,
   Abamunoonya n'omutima gwonna.

3. Ggwe wassaawo by'olagira bikuumirwe ddala,
   Singa nno amakubo gange manywevu ne nkuuma by'oteesa.

4. Ndikugulumiza mu butereevu bw'omutima,
   Bwe ndiba njize ebiragiro by'obutuufu bw'olina.

5. Omuvubuka alikuuma atya ekkubo lye nga ttukuvu,
   Ng'akuuma ebiragiro byo mu mutima gwe.

6. Nkunoonya n'omutima gwange gwonna,
   Nze tondeka kuwunjuka ku biragiro byo .

7. Mu mutima gwange mwe nkweka enjogera yo,
   Nneme kukola kibi ekikunyiiza Ggwe.

8. Ekitiibwa kibe ekya Patri n'ekya Mwana n'ekya Mwoyo Mutuukirivu.
   Nga bwe kyali olubereberye na kaakano na bulijjo emirembe
n'emirembe. Amiina.

33. OKWAGALA KUKIRA BYONNA

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Okwagala kukira byonna,**
Yezu Kristu yanjagala,
Kya mazima ayagala ffenna,
Tumwagale Ye eyatwagala.

1. N'azaalibwa okubeera nze
   N'ayigiriza okubeera nze
   N'akomererwa okubeera nze
   Ne yeeraga ng'era anjagala.

2. N'avumibwa okubeera nze
   N'abonaabona okubeera nze
   N'akubibwa okubeera nze
   Ne yeeraga ng'era anjagala.

5. Yatwagala ffe n'atubiita
   N'atubiita ffe n'atuganza
   N'atufuula ffe abakristu
   Ne yeeraga ffenna atwagala.

34. ENGALO Z'ABANAKU *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Engalo z'abanaku ge mawanika ag'obwakabaka obw'omu ggulu,**
Akamwa k'abaana abakusaba ge mawanika ag'omu ggulu.

1. Buli ky'owa omwavu oba okiterese mu mawanika
   Buli ky'owa abanaku ng'owadde Ye y'omu alikuweera empeera.

2. Buli ky'owa abanaku oba okiterese mu mawanika
   Kristu muyambe mu babonaabona, bw'obawa ng'owadde Ye alikuweera.

3. Buli ky'owa abato oba okiterese mu mawanika
   Bonna abo abalumwa bw'obayamba oba oyambye Ye alikuweera.

4. Omukama omulungi ng'asanyuka: bw'omuyamba lulikya nkugambye
   N'atukoowoola ffenna abamuyambako n'atutwala, ne twesiima mu
   bwakabaka bwe.

35. EWUWO GYE NSITULIRA OMWOYO GWANGE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: a. **Mu Bwamatuuka: Omukama Katonda alidda okutulamula,**
Mujje tumusinze ffenna!
b. **Mu Bwamazaalibwa: Omwana Kristu azaaliddwa,**
Mujje tumusinze Lugaba!
c. **Mu Bwameeyoleka: Omukama atweyolese mu Kristu**

Omwana we,
Mujje tumusinze ffenna.

d. **Mu Bwekisiibo:** **Omukama atusaasira mu Kristu Omulokozi,**
Mujje tumusinze ffenna.

e. **Mu Bwamazuukira:** **Alleluia, Alleluia,**
Kristu Azuukidde.

f. **Obwomwaka:** **Omukama Katonda Ddunda eyatutonda,**
Mujje tumusinze ffenna.

1. Ewuwo gye nsitulira omwoyo gwange
Ayi Mukama Katonda wange.

2. Nneesiga Ggwe, singa nno siswadde,
Abalabe bange nneme kubafuukira nsonga ya kujaganya.

3. Anti bonna abo abasuubira mu Ggwe wekka
Tibaliswala emirembe gyonna.

4. Nnambika mu makubo go era onjigirize
Kubanga Ggwe Katonda Omulokozi wange,

5. Jjukira okusaasira kwo, Ayi Mukama,
N'ekisa kyo eky'emirembe gyonna.

6. Omukama mulungi era mutereevu
Ky'ava ayigiriza aboonoonyi amakubo ge ago: Ekitiibwa ....

36. GWE NGOBERERA MMUMANYI

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Gwe ngoberera mmumanyi, gwe nzikiriza mmumanyi**
Katonda Lugaba mmumanyi gyali
Gyali Katonda wange mmukkiriza gyali
Gyali Katonda wange mmukkiriza nzenna.
Talireka na muweereza we kuvunda, emirembe x2

1. Y'ani oyo atamanyi Katonda, y'ani oyo asaasirwe!
Anti mu Katonda mw'obeera mw'okulira,
Mu Katonda mw'otambulira,
Buli lukya, buli lukya Nnamugereka y'abukeesa.

2. Y'ani oyo atamanyi Mutonzi, eyajja atambirwe,
Anti mu Katonda mw'abeera mw'akolera.
Mu Kitaawe Ye mw'asibuka.
Ye Mwana, ye Kristu nsinza gwe mmanyi, ye Katonda.

3. Nze nsinza Katonda omwagalwa ennyo, Mwoyo oyo, atendebwe,
Anti ye Katonda oyo ajja atugumye, ng'atuyamba, ffe bulijjo.
Mu kuyiga, mu kukola, Mwoyo gw'olina y'akubeera.

4. Ye Ddunda atuusa n'endagaano, atuusa buli kimu,
Anti ye Katonda, ye Lugaba, mwe tufunira, buli kantu.
Buli ssanyu, buli nnaku, Nnamugereka y'atunyweza.

5. Mujje mmwe abaana ba Katonda, mujje mmwe tumweyune,
Anti ye Katonda bwe bulamu, ye mugabe mw'owonera.
Buli lukya, atuyita, Nnamugereka y'atutaasa.

6. Ggwe Ddunda olwaleero nkusiima, Ggwe Mwana, Mwoyo wamu,
Anti ye Katonda oyo ajja, bwe bulamu, mu mutima gwo mubeera wamu.

Buli lukya buli lukya, Nnamugereka y'akutwala.

37. KATONDA NGA YAYINGA OKWAGALA ENSI *(Ssebutinde George)*

Ekidd.: **Katonda nga yayinga okwagala ensi**
Okwagala kwe tukubunye nga twagalana
Katonda nga yayinga okwagala ensi
Okwagala kwe tukubunye wonna.

1. Adamu n'Eva nga basobezza
Teyabaleka ttayo yatuma Omununuzi - Katonda nga yayinga okwagala ensi
Omwana omu ati gwe yalina
N'amuwaayo ku lwaffe atulokole - Katonda nga yayinga okwagala ensi.

2. Yezu Kristu atwagala,
Bwe tusobya atulinze atusonyiwe - Katonda nga yayinga okwagala ensi.
Atutegekera bulijjo embaga ye,
Tufune Omubiri n'Omusaayi gwe - Katonda nga yayinga okwagala ensi.

3. Nnyaffe Maria Omuddaabiriza,
Tusabire tuddaabirize Omwana wo - Katonda nga yayinga okwagala ensi
Nga tuli mu bulamu buno obw'oku nsi,
Tutuukirize okuyitibwa kwaffe - Katonda nga yayinga okwagala ensi.

4. Okufuna obulamu obw'olubeerera
Twagale Katonda ne bannaffe - Katonda nga yayinga okwagala ensi.
Ekigambo kye tukibunye n'okwagalana,
Olwo alituwa empeera mu ggulu - Katonda nga yayinga okwagala ensi.

38. KATONDA WO OMWAGALANGA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Katonda wo omwagalanga, n'omutima gwonna,**
Muganda wo omwagalanga,
N'omutima gwonna, omwagalanga.

1. Oyagala otya Katonda wo n'otakuuma bulamu bwe?
Nedda, nedda mwattu owubwa,
Ayagala Katonda, aba mulamu mu mwoyo.

2. Oyagala otya Katonda wo, n'otaganza be yaganza?
Nedda, agamba bw'atyo owubwa,
Ayagala Katonda ayagala kiisi muntu.

3. Oyagala otya Katonda wo n'otagenda ggwe kusinza?
Nedda agamba bw'atyo owubwa,
Ayagala Katonda, mu kibiina kye mw'abeera.

4. Oyagala otya ggwe Katonda wo n'ogaya ebyo bye yagamba?
Nedda agamba bw'atyo owubwa,
Ayagala Katonda, akkiriza, atuusa byonna.

39. KATONDA YEEBALE

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Katonda yeebale, yeebale nnyo**
Katonda yeebale, yeebale
Nja kumwebazanga emirembe gyonna,
Nja kumwebazanga buteddiza.

1. Obulamu bwe nnina ku nsi kuno buli ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe abumpa nnaakwebaza ntya?
Essanyu lye nnina ku nsi kuno liri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe alimpa ndikwebaza ntya?

2. Emyaka gye mmaze ku nsi kuno giri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe ankuumye ndikwebaza ntya?
Obugagga bwe nnina ku nsi kuno buli ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe abumpa ndikwebaza ntya?

3. Amaka ago ge ndimu ku nsi kuno gali ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe agampa ndikwebaza ntya?
Abaana be nnina ku nsi kuno bali ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe abampa ndikwebaza ntya?

4. Abazadde be nnina ku nsi kuno bali ku bw'ani,
Ayi Mukama nze omwana ndikwebaza ntya?
Emikwano gye nnina ku nsi kuno giri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe agimpa ndikwebaza ntya?

5. Ebyo bye nkoze ku nsi kuno biri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe ankuumye ndikwebaza ntya?
Entalo ze ngobye ku nsi kuno ziri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe annyambye ndikwebaza ntya?

6. Eddiini gye nsoma ayi Mukama esomwa ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe Ddunda ndikwebaza ntya?
Eggulu gye ndaga nga nfudde liri ku bw'ani,
Ayi Mukama Ggwe Ddunda ndikwebaza ntya?

40. KITAFFE BY'OKOLA BYONNA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Kitaffe by'okola byonna, birungi by'okoze mu ffe,**
Birungi by'okola byonna ku nsi,
Osaanira kutendwa ffe abantu b'oganza bw'otyo,
Osaanira kutendwa Ggwe Nnamugereka.
Ka tumwebaze ku lwa leero.

1. Mujje muwulire abayita bye mbatendera,
Mujje muwulire ebinene bye njogerako,
Yafuula abakopi baana b'alabirira,
N'awa ffe okulaba bw'ali ow'ekisa.

2. Mujje tuyimbire Omukama Nnyini-bulamu,
Mujje tubalage Omukama by'atukolera,
Yafuula abakopi eggwanga linnamukisa,
Yassa obulamu, mu ffe obujjuvu.

3. Mujje muyimbire Omukama olw'obulungi bwe,
   Kubanga yatuwa ebingi eby'okumuukumu,
   Afudde olunaku olwaffe lunnamukisa,
   Naffe tweyagale, sso ka twejage.

4. Mujje mukakase abange by'atukolera,
   Mujje ffe tuwere okukola ebimusanyusa,
   Mulungi mutuufu Omukama anatuyambako,
   Anti y'atutuma, ffe bajulizi.

41. KRISTU GE MAGOBA GE NNOONYA *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Nzijukira ebingi eby'edda ebyo byannema
   Nnakwatanga makyamu amakubo nnawaba nnyo.

   Nnakolanga n'amaanyi okulaba nga nnyiikira
   Nnakwatanga makyamu amakubo nnawaba nnyo.

   Nnagobereranga ebyo bye nnayita ebingasa
   Nnakwatanga makyamu amakubo nnawaba nnyo.
   Nnagobereranga ebyo bye nnayita ebisanyusa
   Nnakwatanga makyamu amakubo nnawaba nnyo.

2. Naye kati olw'okubeera Yezu ebyo bye nnayita amagoba ebinyuma ebigasa

   Nkizudde kwali kufiirwa - Nkizudde yali nsobi nnyo
   Nkizudde nnamala biseera - Byonna ebyo kwali kufiirwa.

   Olw'ekyo byonna bwe mbigeranya n'okumanya Yezu Omukama ekitenkanika.
   Ndaba nga kwali kufiirwa - Nkizudde yali nsobi nnyo
   Ndaba nga nnamala biseera - Byonna ebyo kwali kufiirwa.

   Naye olw'okubeera Yezu - Nnabimala nze mbiyita bisasiro nnabimala
   Byonna olw'okubeera Yezu - Nnabivaako nze mbiyita bisasiro nnabimala
   Biri olw'okubeera Yezu - Nnabivaako nze mbiyita bisasiro nnabivaako
   Byonna olw'okubeera Yezu - Nnabivaako nze mbiyita bisasiro nnabivaako.

Tutti: Kristu ge magoba ge nnoonya, Omukama ge magoba ge ntereka x2

   Njagala ndabike nga sirina ku lwange kintukuza
   Nga sirina ku lwange kindokola wadde etteeka;
   Wabula okumanya nti okukkiriza okwo kwe kundokola,
   Okwagala okwo kwe kunnyamba.

   Kristu ge magoba .....

3. Njagala mmuyige, njagala mmumanye, njagala mmuyige, njagala mmumanye, njagala mmuyige , njagala mmumanye, Yezu omulungi mmumanye eyannonda.

Bass: Nze njagala mmuyige njagala, nze njagala mmuyige njagala
Nze njagala mmuyige njagala, nze njagala mmuyige njagala.
Mmanye n'amaanyi agasibuka mu kuzuukira kwe, ntegeere n'amakulu, ag'okugabana ku musaalaba n'ofa n'omufaanana nga ye.

Soprano: Nange nsuubira bwe ntyo nga ndizuukira amazima,
Nange nsuubira bwe ntyo nga ndizuukira mu bafu.

Tutti: Sigamba nti ndi mutuufu, sigamba nti ntuukiridde,
Sigamba nti ndi mulungi, sigamba nti empeera ngifunye,
Naye nno nsooka busoosi, muli nze ndi mu kunoonya,
Muli nze nsaba n'amaanyi, Omukam njagala mmutuuke.

Soprano: Wabula ndayira era mmalirira
Bass: Wabula ndayira era mmalirira ne nngamba
Nti ebyedda ebyo - Nnabivaako nti ebyedda ebyo tebinnuma.
Ebyo ebyayita - nnabimala nti ebyo ebyayita nnabibuuka.
Kristu Omununuzi - yabimalawo oyo eyannganza era talinjuza
Nze nduubirira bino - ebirijja embiro njagala nzituuse nga bw'agamba.
Ye alyoke ampeere - oyo Omutonzi empeera eyo ye gye yanngamba.
Ngifune mu Yezu - oyo Omununuzi oyo eyannganza era talinjuza.

*Tutti:*Kristu ge magoba ge nnoonya, Omukama ge magoba ge ntereka x2

42. KRISTU KYE KITANGAALA *(Mr. Kamya)*

Ekidd.: **Kristu kye kitangaala Yee,**
Kristu lye kkubo, ge mazima, bwe bulamu
Yatununula, yatwagala, yatufiirira,
N'atusaasira, n'atulokola.

1. Ka tumwebaze omuzira ffenna
Tumutende n'amaanyi gonna
Tumwongere emitima gyonna
Tumuddize ettendo lyonna.

2. Ffe ababatize abaliwo leero
Mu luwenda lwa Kristu mwe tuli
Ettawaaza ye, Kristu gyali
Tumwekole Ddunda gyali.

3. Bwe watondebwa wafuna byonna
Mu bazadde bo Kristu mw'ali
Ye ttawaaza yo, gumira eka
Bawulire Kristu asanyuke.

4. Ye Kristu akulira ffenna
Amulisa emitima gyaffe,
Ye musawo wo asobola byonna
Muggulire omutima atuule.

5. Ggwe eyalayira okuleka byonna,
Wasanyukirwa Eklezia yonna,
Kati amulisiza abayita ku nsi
Tunaawulira Kristu yekka.

43. MMWE AMAWANGA GONNA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mmwe amawanga gonna musaanye mweddemu,**
Mutende mwenna Omukama
Amawanga gonna mukube mu ngalo,
Mwesiimye mmwe b'alyoye.

1. Amawanga mwenna mmwe mukube mu ngalo,
Musanyukire Katonda mu ddoboozi ery'essanyu.

2. Kubanga Omukama asukkulumye wa ntiisa,
   Ye Kabaka Omukulu mu nsi gy'ekoma.

3. Atulondera obusika bwaffe,
   Ekitiibwa kya Yakobo gw'ayagala okuyinga.

4. Katonda afuga amawanga gonna,
   Katonda atudde ku Nnamulondo ye Entukuvu mumutende.

5. Abantu abatuwa ne batufuga.
   Amawanga agassa ku bigere byaffe.

6. Katonda alinnya mu kusanyuka,
   Omukama alinnya mu ddoboozi ery'enngombe.

7. Muyimbire Katonda mmwe mumuyimbire,
   Muyimbire Kabaka waffe ku ntongooli endeege mumuyimbire.

8. Kubanga Kabaka w'ensi yonna anti ye Katonda,
   Muyimbe oluyimba ku ntongooli Ddunda mumutende.

44. MMWE KITANGAALA KY'ENSI

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mmwe kitangaala ky'ensi, mmwe kitangaala ky'ensi,**
Mmwe kitangaala ekyaka,
Mwakirenga mu nsi muno balabe ebikolwa byammwe ebirungi
Balabe ebikowa byammwe ebirungi,
Batende Kitammwe (Kitaffe) ali mu Ggulu atudde.

1. Beera musomi atakyukakyuka mu ddiini yo entuufu
   Beera musomi atuusa eddiini yo,
   Omulamu, (omulamu) mu Katonda,
   Omutume, (omutume), ayigiriza abalala,
   Eyenyigira mu mirimu gyonna egy'Eklezia etinta.

2. Beera musomi ali mu Katonda, mu Mwana we Yezu,
   Beera musomi atuusa by'asaba,
   Mu kukola, mu bulumi ogumanga,
   Mu bulamu, mu maziga, ayigiriza abalala abeewanika,
   Okuleka byonna n'ogoberera Yezu.

3. Beera musomi atajuza n'omu eyeeyuna gy'oli,
   Beera musomi atuusa okwagala,
   Asobola, ayagala okuyamba abanaku, abanaku ng'obayamba
   N'obuzira obw'enjawulo
   Mu bizibu byonna talikujuza Yezu.

45. MUJJE ABAAGALWA MUJJE BE MMANYI

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mujje abaagalwa, - Mujje be mmanyi,**
Mujje ewa Kitange - Mu bwakabaka bwe. x2
Mujje ab'omukwano - Mujje mmwe
Kubanga mwanjuna nze - Ku nsi kuno:
Obulamu n'ekitiibwa - Byonna ebyo
Kitange anaabaweera - Mujje mmwe.

1. Nga ndi muyala mwampa ekyokulya, mwampa ekyokunywa bannange mwannyamba.
   Nga ndi mugenyi mwansuza, mwankumaakuma bannange mwannyamba.

2. Nga ndi bukunya mwandabirira, mwampa ke mulina bannange mwannyamba.
   Nga ndi musibe mwandabirira, mwankumaakuma bannange mwannyamba.

3. Nga ndi ku ndiri mwanzijanjaba, mwambudaabuda bannange mwannyamba.
   Nga ntaawa mwankumaakuma, mwambudaabuda bannange mwannyamba.

4. TULYEWUUNYA NE TWEBUUZA NTI
   Twakulaba ddi ne tukuyamba?

   OMUKAMA ALIDDAMU:
   Buli ky'okolera omu ku baliwo
   Buli ky'okolera banno b'olina
   Buli ky'okolera abo oba okikoledde nze.

   Mujje abomukwano Mujje mmwe
   Kubanga mwanjuna nze Ku nsi kuno
   Obulamu n'ekitiibwa Byonna ebyo
   Kitange anaabaweera Mujje mmwe.

   Mujje abaagalwa mujje be mmanyi,
   Mujje ewa Kitange mu bwakabaka bwe.

46. MUJJE TWEBAZE OMUKAMA

(Fr. Kizito Mayanja)

Ekidd.: **Mujje twebaze Omukama,**
Kubanga mulungi, muzirakisa,
N'okusaasira okukwe kwa mirembe gyonna.

1. Sirina bigambo nze bya kukwebaza, Mukama wange
   Olw'ebirungi by'onkolera ng'ondabirira.

2. Okwegayirira okwange wakuwulira mu ssaala zange,
   Okutu wakutega n'owulira nze bye nkugamba**.**

3. Amakubo n'emitego ebya sitaani nze nnabiwona
   Kubanga nnakusaba okulokola obulamu bwange.

4. Oli mutuufu era wa kisa, Mukama wange,
   Abatene n'abanaku era Ggwe tobasuula muguluka.

5. Mwoyo gwange, weesirikire, jaguliza mu Katonda
   Weddire mu nteeko, n'Omukama omuyimbire.

6. Omwoyo gwange ye yaguwonya olumbe, gwali gwa kufa,
   Omukama, amaziga gange nago yagasangula.

47. MULI KITANGAALA *(Fr. James Kabuye)*

1. Muli kitangaala eky'ensi
   Muli ttawaaza ey'amazima
   Mwakirenga ensi yonna
   Emanye Katonda n'obukulu bwe.

   Ekidd.: **Mu kubatizibwa twafuuka baana be**

Katonda n'atusindika tube batume be
Ne Mwoyo n'atuwa ffe tube ettaala
Tube kizimbulukusa mu Ggwanga lye. x2

2. Muli basiige mwalondwa
   Mufuuse baana ab'enda emu
   Mulagenga nga mwagalana
   Amayisa gammwe gabe malamu.

48. MWENNA ABATONDE B'OMUKAMA *(Fr. Kizito Mayanja)*

Ekidd.: **Mwenna abatonde b'Omukama mutendereze Katonda:**
Mutendereze Omukama mu nnyimba ne mu bivuga ebya buli ngeri. x2

1. Mutendereze Omukama mu Nnyumba ye ddala entukuvu
   Ne mu bbanga ery'obuyinza bwe.

2. Mutendereze Omukama olw'ebikolwa bye eby'amaanyi
   N'olw'obulungi obw'ekitiibwa kye.

3. Mumutendereze mu ddoboozi ly'enngombe, mumutendereze,
   Mu nnanga ne mu ntongooli.

4. Mumutendereze mu nngoma ne mu nnyimba, mu ngoye envuzi,
   Mumutendereze ne mu madinda.

5. Mu nsaazo ez'envuga ennungi, mumutendereze mu nsaazo ez'essanyu.
   Buli kiramu kyonna, kati kitendereze Katonda.

49. NFUULA OMUKUTU OGW'EDDEMBE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nfuula omukutu ogw'eddembe x3**
Mukutu... ogw'eddembe mukutu
Ogw'eddembe, ayi Mukama, buli wantu,
Ntuuseeyo okwagala kwo.

1. Nnyamba nneme kunoonya kikubagizo
   Naye nnoonye okukubagiza abalala.
   Awali obukyayi, nziseewo okwagala kwo
   Awali okunyiiza, ntuseewo obusaasizi,
   Nnyamba nnoonye okutegeera okwagala naye ssi kwagalibwa.

2. Nnyamba nneme kunoonya kikubagizo,
   Naye nnoonye okukubagiza abalala.
   Enzikiza w'ezze, nziseewo ekitangaala,
   Awali obusungu ntuuseewo obusaasizi
   Nnyamba nnoonye okutegeera okwagala naye ssi kwagalibwa.

3. Nnyamba nneme kunoonya kikubagizo,
   Naye nnoonye okukubagiza abalala.
   Awali okuyomba, nziseewo nze eddembe lyo,
   Awali agayadde ntuuseewo okunyiikira,
   Nnyamba nnoonye okutegeera okwagala, naye ssi kwagalibwa.

50. NJA KUKWEBAZA AYI MUKAMA

(Fr. Kizito Mayanja)

Ekidd.: **Nja kukwebaza, ayi Mukama, nnaakugulumiza,**
Kubanga oli mulungi, era oli wa kisa!

I II

1. Neegomba okubeera mu nju yo
   Mu Kiggwa kyo Ekitukuvu - Nnaakugulumiza
   Mu Weema eyo Entukuvu
   Mw'osangwa ayi Katonda - Kubanga oli mulungi, era
   oli wa kisa!
2. Naye ndi munafu, Ayi Mukama, ndi munafu - Nnaakugulumiza
   Obutakola ky'onjagaza buli budde! - Kubanga oli mulungi,
   era oli wa kisa!

3. Nga tonnyambye, Ayi Mukama, nnaaba ntya? - Nnaakugulumiza
   Abalabe bannoonya, bandi bubi, - Kubanga oli mulungi
   banneetoolodde. era oli wa kisa!

4. Nngenda ne mpera, ayi Mukama mu maaso go - Nnaakugulumiza
   Ne nkusuubiza okukola ebyo by'oyagala. - Kubanga oli mulungi
   era oli wa kisa!

5. Ekikemo olunzijira, ne nnafuwa - Nnaakugulumiza
   Endagaano ne nzeerabira, ne nzimenya - Kubanga oli mulungi
   era oli wa kisa!

6. Ka ntende Trinita omu mu basatu gwe tusinza
   Abasatu abo be tutenda - Nnaakugulumiza
   be tusinza emirembe gyonna. - Kubanga oli mulungi
   era oli wa kisa!

51. NKWAGALA NNYO, MUKAMA WANGE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nkwagala nnyo, Mukama wange, nja kukwesiga**
Ggwe lwazi lwange, era amaanyi agampanirira. x2

1. Ggwe Katonda wange ankuuma n'onnyamba
   Ggwe ngabo yange omufunngamye obulokofu bwange.

2. Nnakukoowoola Ggwe Omukama ow'amaanyi
   Bwe ntyo ne mpona abampalana abankyawa.

3. Wantwala mu ttale eggazi, n'onkuuma,
   Wandokola, kuba onjagala nnyo.

4. Waliwo Katonda ki, okuggyako ono Omukama?
   Katonda wange tiwali amusinga.

5. Yekka Omukama agulumizibwe emirembe gyonna
   Atenderezebwe nnyo Omukama.

52. NNAAGULUMIZANGA OMUKAMA

(Fr. Kizito Mayanja)

Ekidd.: **Nnaagulumizanga Omukama n'omutima gwonna!**
Nja kumwagala! Nnaamuyimbiranga ennyimba
Okumwebaza, oyo Omutonzi wange.

1. Awulira essaala ze mmuweereza buli kadde. - Nja kumwagala
   Nfukamira mu Kiggwa kye Ekitukuvu nga nsinza - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

2. Era ngulumiza erinnya lya Mukama wange, - Nja kumwagala
   Oli mwesigwa n'ekisa kyo tekikoma. - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

3. Erinnya lyo kkulu, lya ttendo Mukama wange, - Nja kumwagala
   Kye nkutendako, wabikuuma ebisuubizo! - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

4. Nga nneegayirira gy'oli mbeera mugumu - Nja kumwagala
   Oyongeramu mu mwoyo gwange obuzira. - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

5. Bwe baliwulira ebigambo byo, Ayi Mukama - Nja kumwagala
   Bakabaka b'ensi eno bonna balikugulumiza. - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

6. Baliyimba ekitiibwa ky'Omukama n'amakubo ge, - Nja kumwagala
   Ggwe asukkulumya abeetowaze n'ofeebya abeekuza. - Nnaamuyimbiranga
   ennyimba okumwebaza oyo Omutonzi wange.

53. NNAATENDANGA OMUKAMA OBUDDE BWONNA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nnaatendanga Omukama obudde bwonna,**
Nnaatendanga Omukama obudde bwonna,
Nnaatendanga Omukama emirembe gyonna nze.

1. Nnaatenderezanga Omukama obudde bwonna:
   Ettendo lye mu kamwa kange bulijjo.
   Omwoyo gwange, gwenyumiriza mu Mukama:
   Abeetowaze bawulire basanyuke.
2. Mugulumize wamu nange Omukama:
   Tusukkulumize wamu erinnya lye eryo.
   Nnanoonya Omukama, era n'anziramu,
   Ye yamponya byonna bye nnali ntya nze.

3. Mutunuulire gy'ali mulyoke musanyuke mmwe:
   Amaaso gammwe galeme kuswala.
   Kale omunaku yalaajana Omukama naye n'awulira.
   Era n'amulokola mu byonna ebyamuli obubi.

4. Malayika w'Omukama yakuba ensiisira ye.
   Okwetooloola abamutya n'abawonya bonna.
   Mulegeko mulabe Omukama nga bw'ali omulungi.
   Omuntu amweyuna yeesiimye.

54. NNAMUGEREKA KATONDA OMUKUUMI WANGE *(Ponsiano Kayongo Biva)*

Ekidd.: **Nnamugereka Katonda omukuumi wange,**
Ggwe bugagga bwe nterese,
Biri mu Ggwe byonna ebyange
Ggwe busika bwange,

Mbeerera muyambi, Ggwe aliba empeera yange,
Mukama essuubi ly'abanoonya,
Nnyweza nkuweereze, nkutuuke gy'obeera.

1. Jjinja ery'omuwendo erinoonyezebwa ye Ggwe, Ayi Mukama
   Akusanga aba yeesiimye, Ggwe anti entabiro y'ebirungi byonna,
   Sseegomba bitiibwa bya nsi eno, bugagga n'amasanyu gaayo,
   Biyita kkuutwe, Ayi Mukama w'oli biba kantu ki?

2. Ku bakwemaliza Ggwe ssanyu ye Ggwe ddembe,
   Ggwe maanyi g'abalwanyi.
   Abakuweereza olibaweera, Ggwe ow'obwenkanya, Omuzirakisa,
   Abakwesiga tebaliswala.

3. Abakweyuna abo beesiimye balimatira, balijula ki?
   Balibulwa ki ate abakusenga nga Ggwe olina byonna?
   Ggwe nnyini byonna, Ggwe ntabiro,
   Ensulo y'ebirungi eby'olubeerera.
4. Nzuuno nno obulamu bwange mbuzza wuwo,
   Mu kisa kyo Ggwe wantonda, nneewa Ggwe leero,
   Ggwe Nnantalemwa gwe nsinza, Mukama wange,
   Nzuuno nsenza mbe naawe.

5. Ombeereranga kikubagizo; *(Tutti)*: Ttaala ey'okumulisa mu makubo gange;

(b) Mu lutalo lw'omu nsi muno onnyambanga:.....
N'otandeka kugwa mu mikono gya balabe bange;

(c) Onnyambanga n'omukono gwo ogwa ddyo.....
N'ompa okuwangula abalabe bange;

(d) Onnywezanga n'enneema yo eteremwa Mukama ....
N'onnyamba ne nkuweereza;

(e) Ng'obw'omu nsi buweddeko ontwalanga gy'obeera....
N'ombalira mu babo.

55. NZE NNEESIGA DDUNDA MUKAMA WANGE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nze nneesiga Ddunda Mukama wange,**
Buli ekigwawo, buli ekirijja sirinyeenya,
Nnyweredde ku Ggwe Mukama wange. x2

1. Mmwe ensi zonna musaakaanye n'essanyu,
   Mukube emizira nga mugulumiza erinnya ly'Omukama.
   Nga lisusse lya magero, nga lisusse lya magero**,**
   N'obuyinza bwe tebuddirira.

2. Mmwe ensi zonna musaakaanye n'essanyu,
   Mukube emizira nga mutunuulira ebikuuno by'Omukama.
   Nga bisusse bya magero, nga bisusse bya magero,
   N'obuyinza bwe tebuddirira.

3. Mmwe ensi zonna musaakaanye n'essanyu**,**
   Mukube emizira nga mugulumiza obukulu bw'Omukama.
   Nga bususse bwa magero, nga bususse bwa magero,
   N'obuyinza bwe busukkirivu,

4. Mmwe ensi zonna musaakaanye n'essanyu,
   Mukube emizira kubanga alamuza ddembe na buyinza.
   Nga kirungi kya magero, nga kirungi kya magero,
   N'obuyinza bwe busukkirivu.

56. NZE NJA KUYIMBA *(Fr. Joseph Namukangula)*

Ekidd.: **Nze nja kuyimba obulamu bwonna**
Nnyimbira Katonda Omukama eyantonda, owange nnyini bulamu.

1. Ntendereza ebirungi by'akola - Ye Nnamugereka
   Nnondoola ebirungi; nga nkumu!

2. Kabaka ow'ekitiibwa, tolabwa
   Osinga balubaale, tokirwa! - Mu bukulu bwo

3. Ennyanja n'ensi yabikola - Ng'abiteekawo!
   Tumusinze eyatonda ffe nnyini!

4. Ggwe tutwale, Kabaka ow'ekisa - Ng'otulambika
   Otutuuse, otuwe, ekiwummulo!

57. NZUUNO OMUZAANA W'OMUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nzuuno, nzuuno omuzaana w'Omukama,**
Kinkolebwe nga bw'ogambye.

1. Muyimbire Omukama oluyimba oluggya.
   Muyimbire Omukama mmwe ensi zonna.

2. Muyimbire Omukama mutendereze erinnya lye,
   Mulangirire buli kanaku obulokozi bwe.

3. Ekitiibwa kye mukinyumye mu bakaafiiri,
   Mu bantu bonna ebikuuno bye.

4. Anti Omukama mukulu era atenderezebwa nnyo,
   Atiibwa okusinga balubaale bonna.

58. SI BULI AGAMBA "MUKAMA"

(Fr. Expedito Magembe)

1. Si buli ayogera - Mukama
   Si buli ayogera - Mukama
   Si buli ayogera - nti Mukama wange, Mukama wange
   Y'aliyingira mu bwakabaka**.**

   Wabula alikola - Kitange ky'ayagala
   Wabula alikola - Kitange ky'ayagala
   Wabula alikola - n'atuusa Kitange ky'ayagala
   Y'aliyingira obwakabaka obw'omu ggulu.

2. Bangi baligamba mu budde obw'okulamulwa, twakuweereza
   Mukama eddiini twagirwanirira tuli babo. Yee, balirekaana ne bagamba nti:
   a. Twabeera nnyo mu Makerezia, mu Makanisa, n'Emizigiti Mukama alibagamba:

Ekidd.: **Nga sibamanyi nga sibamanyi**
Nze sibamanyi nze mmwe sibamanyi mugende!

b. Twavumirira nnyo abamaddiini amalala mu linnya lyo.
c. Twayigiriza nnyo ne mu butale ne ku paaka enjiri yo.
d. Twakumba nnyo ne mu bibuga ne bbandi ne zivaayo.
e. Twakuyimbira nnyo ne tunyumirwa ekiro kyonna ne tubukeesa.
f. Twalokoka lumu ne tumatira ne tulangirira bwe tulokose.
g. Twawakanya nnyo abamadiini amalala ne tubasinga.
h. Twayigganya nnyo abamadiini amalala mu linnya lyo**.**
i Twabeera nnyo mu Makerezia, mu Makanisa, n'Emizigiti.

MUKAMA ALIBAGAMBA

Timwakola Kitange by'asaba, Timwakola by'alagira mugende,
Sibamanyi munnyamuke mugende, Sibamanyi munnyamuke**.**

Kitange ky'ayagala kwe kwagalana baaba,
Kwe kussa ekimu baaba kwe kutabagana ffenna.

3. Eyo eddiini ya ngeri ki ekukyayisa banno,
Ekusososza banno oluusi n'obatta mbu kuba si ba ddiini yo si ba ggwanga lyo?

N'olowooza mbu osanyusa Katonda. Weerimba weerimbira ddala
Tomusanyusa Katonda.

59. TANSAANIRA *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

A. Ayagala kitaawe okukira nze ... Tansaanira x2
Ayagala nnyina okusinga nze ... ,,
Ayagala ababe okukira nze ... ,,
Ayagala ebyensi okusinga nze ... ,,

B. //: Buli awatanya okuwonya obulamu bwe - Aba abufiiriddwa,
Naye alibuvaamu okubeera Yezu - Oyo yeesiimye alibusanga.

C.//: Yezu Tumwagala tutya, Omulokozi tumukolere ki?
Yezu Tumuyisa tutya okumulaga nga bwe tumufaako?
Be yanunula Tubaagala tutya, okukakasa nga bwe twevaamu?
Ekigambo kye ....Tukikutte tutya, obulamu bwaffe bukyuse butya?

Buli awatanya okuwonya obulamu bwe... Aba abufiiriddwa,
Naye alibuwaayo okubeera Yezu ... Oyo yeesiimye alibusanga.

60. TUGULUMIZE OMUKAMA

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Tugulumize Omukama Katonda w'Amagye**
Alwana entalo ezo n'azigoba, n'azirinnyako,
Zonna n'azirinnyako.
Abaana be abayamba, Ffe abaana be atukuuma,
Mukama owaffe ono, Nnyini Omuyinza!
Abaana be abayamba, ffe abaana be atukuuma,
Mukama owaffe ono, Mukama owaffe ono gwe tusinza.

I II
1. Nkoowoola ensi zonna: Katonda ky'akoze
Muyimbire Omukama oluyimba oluggya Katonda wa kisa.

Anti wa kitiibwa mu nsi. Katonda w'Amagye!

2. Asinga balubaale bonna Katonda w'Amagye
   Ye yekka Omukama omuyinza ow'edda Katonda w'Amagye
   Anti ye yatonda byonna. N'abiteekawo!

3. Ettendo tumuwe, tuyimbe Katonda w'Amagye
   Ffe tukube emizira, tumuwe ekitiibwa Egy'okumukumu!
   Anti ye Mutonzi waffe. Nnyini bulamu!
4. Ensi eno ekankane, etegeere. Katonda ky'akoze!
   Ono omu Omukama ayolese ekitiibwa N'obuyinza bwe!
   Anti y'alamula byonna. N'obulungi bwe!

5. Ennyanja n'emiti, mubuuke Katonda ky'asaba!
   Ggulu nalyo Omukama limuwe ekitiibwa Katonda w'Amagye!
   Naffe tumutende ffenna. Katonda w'Amagye!

61. TUKWEBAZA TRINITA KATONDA OMU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tukwebaza Trinita Katonda Omu**
Bye wakola bya kitiibwa nnyo, weebale!

1. Mwebaze Omukama, kubanga mulungi
   Ekisa kye kya mirembe gyonna!

2. Ka abatya Omukama bonna bagambe nti:
   Ekisa kye kya mirembe gyonna!

3. Mu nnaku nnakoowoola Omukama.
   Omukama yampulira n'amponya.

4. Omukama ali nange, ye muyambi wange,
   Nange nnaalaba abalabe bange bwe baswala.

5. Okweyuna eri Omukama kirungi
   Okusinga okwesiga omuntu ono!

6. Omukama ge maanyi gange bwe buzira bwange,
   Y'anfuukidde Omulokozi:

7. Ddyo w'Omukama akoze ebyamaanyi,
   Ddyo w'Omukama ansitudde,
   Ddyo w'Omukama akozezza maanyi.

8. Sijja kufa, nja kulama,
   Ndirojja ebikolwa by'Omukama.

9. Munzigulirewo emiryango gy'obutuufu**,**
   Mwe mba mpita nnyingire, nneebaze Omukama.
10. Guno gwe mulyango gw'Omukama,
    Abatuufu be baliguyitamu okuyingira.

11. Luno lwe lunaku Omukama lw'akoze,
    Tulujagulizeemu, tulusanyukiremu ffe.

12. Ayi Mukama, ndokola,
    Ayi Mukama leeta emirembe gyo.

62. TWANDIBADDE TUTYA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Twandibadde tutya singa Kristu tiyajja?**
Twandibadde wa ffe, ha Kristu yeebazibwe.

1. Twandifudde bubi
   Twandibuze ffenna
   Kristu yatulonda.

2. Twandifudde bubi
   Ffe nno aboonoonyi
   Kristu yatulokola.

5. Twandibadde b'ani
   Yanditwefuze ffenna
   Sitaani twamuwona.

63. WEEYAGALIRE MU MUKAMA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Weeyagalire mu Mukama**
Alikuwa byonna omutima gwo bye gwegomba.

1. Leka kusuukiira olw'okubeera abakola obubi,
   Nandibadde ggwe okukwatirwa obuggya abakola obubi.

2. Ggwe suubira mu Mukama, kola bulungi,
   Olyoke obeerewo mu nsi muno ng'otudde ntende.

3. Ekkubo lyo likwase Mukama akukuume,
   Suubira mu Ye ggwe bulijjo alikuyamba.
4. Obutuufu bwo alibuggyayo ng'ekitangaala
   Obwannannyini obubwo alibuggyayo ng'ettuntu!

5. Ggwe wummuliranga mu Mukama era suubira mu Ye ggwe.
   Omukama ayagala obutuufu n'abo abatuukiridde talikuleka.

6. Abatuufu b'olonze balirya ensi,
   Baligibeerako bo mu ddembe emirembe gyonna.

64. YEZU YATWAGALA *(Fr. Expedito Magembe)*

	Soprano	*Bass*
Ekidd.:	**Yezu yatwagala N'ayitiriza Yezu N'ayitiriza.**	**Yatwagala Yezu n'ayitiriza Yaganza be yalonda n'ayitiriza.**

1. Ku olwo yatwagala Yezu n'ayitiriza
   Okutwewa kye kirabo kye yalondawo
   Ka tumwebaze Omukama olw'omukwano gwe.

2. Yatugamba ewa Kitaawe ebifo gye biri
   Bye yategeka olw'abo be yalondamu
   Babeere ne Katonda oyo mu kitiibwa kye.

3. Yatugamba talituleka bamulekwa

N’atusuubiza okutuwa Mwoyo atugumye
Bwe yasuubiza Abatume n’abamumanyi.

4. Yatulagira ffenna okwagalana,
N’atulagira okukola kye yali akoze
Bwe yakuutira Abatume n’abamumanyi.

5. Bwe yali addayo Abatume ng’abasiibula
N’abasigira byonna n’Obuyinza bwe
Kwe kubasaba okukola kye yali akoze.

6. Mulye ku Mugaati guno ogw’olubeerera
Munywe ku Kikompe kino ekisonyiyisa
Kye Kitambiro ekiggya kye mbaleetera.

EZ'EBITONE

65. ABAKRISTU, DDUNDA TUMUWE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Abakristu, Ddunda tumuwe**
Byonna ebyaffe n’essanyu
Tumuddize ebyaffe Lugaba
Wamu ne Kristu ali naffe.

1. Ebirabo biri eby’edda, byo tibyasiimibwa
Kino ekiggya ekya Yezu, kinaakusanyusa.

2. Ebirabo byaffe ebingi, si birungi nabyo,
Ggwe bisiime, kuba Yezu gw’osiima abyanjudde.

3. Eno evviini ku Altari, yiino evudde mu nsi
Era siima omugaati ogwo, guvudde gwo mu nsi.

4. Ggwe, Kitaffe ow’ettendo, yambanga abantu bo,
Okubeera olwa Kristu, gw’oganza atwanjudde.

66. AGULUMIZIBWE OMUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Agulumizibwe Omukama emirembe gyonna oyo Omutonzi**
Afuga enkulungo y’ensi na byonna ebirimu.

1. Laba omugaati gw’otuwadde guva mu ttaka
Ng’agukoleredde ye muntu obuntu;
Kati gwe tutoola ne tukuwa
Gutuviiremu obulamu obw’olubeerera.

2. Laba n’evviini eno gy’otuwadde
Mu mizabibu ffe mwe tugiggye!
Gye tukuweereza efuuke ekyokunywa
Kituleetere obulamu obw’olubeerera.

3. Tuyimbye omwoyo omwetowaze

N’omutima ogubooneredde;
Siima Ekitambiro kye tukuwa,
Kikusanyuse ayi Mukama.

67. AMAKULA GO TULEETA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Amakula go tuleeta, (3) Choir II**
Ewuwo Kitaffe atwagala ..... Ddunda
Omugaati n’evviini
Amakula go tuleeta ..... amakula go Ddunda
Amakula go tuleeta ..... amakula go
Amakula go tuleeta ..... n’ebirungi byonna bye
Ewuwo Kitaffe atwagala ..... tufunye
Tubikuddiza, Ggwe Kitaffe Ggwe atwagala Ddunda
Ddunda Kitaffe.

1. Kino kya kitiibwa, Mukama Katonda mu baana be,
   Wamma kya kitiibwa abamumanyi,
   Lwe tujja gy’ali okwebaza Omutonzi
   Tunaamuwa ki kye tulina? Tunaamuwa ki ffe abaana be?
   Ka tumuddize ku ebyo by’atuwa, okumwebaza ffe by’atukolera.

2. Kino kya kutenda Mukama Katonda mu baana be,
   Wamma kya kutenda obutamala, nga tuzze gy’ali twebaza Omutonzi
   Tunaamuwa ki kye tulina? Tunaamuwa ki ffe abaana be?
   Ka tumuddize obulamu bw’atuwa okumwebaza ffe bya’tukolera.

3. Kino kya kuyimba Mukama Katonda mu baana be,
   Wamma tumuyimbe ffe abamumanyi, ffe abazze gy’ali twejaga ddala nnyo
   Tunaamuwa ki kye tulina? Tunaamuwa ki ffe b’ayise?
   Ka tumuddize emitima gy’atuwa, okumwebaza ffe by’atukolera .

68. AYI KATONDA OMU KKIRIZA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ayi Katonda Omu kkiriza, omugaati n’evviini eno**
Ssiima bino ebirabo byaffe, biibyo ebiva mu bantu bo.

1. Tukuweereza Emissa eno, ffe nga tujjukira Yezu oyo
   Bwe yatambira, n’okuzuukira ng’avudde mu ntaana oyo
   N’okulinnya eyo gy’oli Ggwe mu ggulu.

2. Tukuweereza Emissa eno, ffe nga tujjukira bw’oganza
   Ffenna abantu bo, kuba olw’abantu wateesa afe
   Omwana, gwe wazaala Yezu oyo omu ati yekka.

3. Tukuweereza Emissa eno, ffenna tuwanjaga gy’oli eyo ffe
   Tusaasire, twasobya mu bingi Ddunda olw’ekyejo,
   Ggwe tuwe enneema ey’okuva mu nsobi.

69. AYI MUKAMA KATONDA WAFFE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ayi Mukama Katonda waffe, twegasse ne Nnyaffe Maria**
Tukuweereza ebitone byo bino, n’omwoyo ogumenyese.
N’ekisa wulira essaala za Yezu.

1. Nga tujjukira okubonaabona kwa Yezu Kristu Omwana oyo,
   N’okuzuukira n’okulinnya kwe, mu ggulu afuga byonna.

2. Nga tujjukira olunaku luli, lwe yali mu Senakulo
   Yagamba “Kino Mubiri gwange, kino Musaayi gwange”

3. Era tuddamu okuweereza, Ekitambiro kya Yezu,
   Kye yatambira olwaffe nno abantu, alyoke atulokole.

4. Ffenna twegatta ne tuba kimu, ne Yezu Kristu atwesiimya
   Olwo twambuka n’essanyu ezzibu, wa Kitaffe oyo ffenna.

5. Mujje twebaze byonna by’atuwa, lwe tujja gy’ali n’atwewa
   Obutamala gy’ali mu ggulu, tulimutenda ffenna.

70. BIIBINO TUBIREESE *(J. Yiga)*

Ekidd.: **Biibino tubireese, biibino ebirabo**
Tubireese, olw’okwebaza Ggwe
By’otuwa! Ha! ha! Byonna by’okoze
Nga bya buyinza Ha! ha!
Twesike bannange twanguwe.
Tutuukeyo ku mwaliiro.
Atalaba kino y’ani?
Gaba, Gaba toola - Entasiima ebula agiwa.
Entasiima, entasiima ebula agiwa.

1. Mazima engalo ensa ziwoomera nnyini zo
   Emmere gye nnina ewange,
   Tiwali agirabirira okuggyako Ggwe
   Ddunda nkusiime ntya! Oh!

2. Mazima engalo ensa ziwoomera nnyini zo,
   Bugagga bwe nnina ewange
   Tiwali abulabirira okuggyako Ggwe
   Ddunda nkusiime ntya! Oh!
3. Mazima engalo ensa ziwoomera nnyini zo,
   Mikwano gye nnina eri nze
   Tiwali agirabirira okuggyako Ggwe
   Ddunda nkusiime ntya ! Oh!

4. Mazima engalo ensa ziwoomera nnyini zo,
   Bafuzi ab’ensi n’eddiini
   Tiwali abalabirira okuggyako Ggwe
   Ddunda nkusiime ntya! Oh!

71. BYEBYO, EBIRABO BYANGE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Byebyo, ebirabo byange bye ndeese gy’oli Ddunda,**
Ggwe Lugaba nnyini byo x2
Okukulaga nga bwe nsiima,
Ebirungi by’ompa nze omwavu, ng’oli wa kisa Ddunda.

Bass Tenor: **Ebirabo byange bye ndeese,**
Ggwe Lugaba nnyini byo,
Nga bwe nsiima, nze omwavu,
Ng’oli wa kisa Ddunda.

1. Nnaakuddiza ki Ggwe Ddunda?

Nnaakuddiza ki Ggwe annyambye?
Ka ntoole ku byongabira, ka ntoole, ku by'oku nsi
Mbikuddize nange nkwewa, nze ndi wuwo.

2. Nnaakuddiza ki Ggwe Ddunda?
   Nnaakuddiza ki nze omwavu?
   Ka ndeete omugaati guno ka ndeete eno evviini,
   Evudde mu nsi eno eyaffe gye tulimye.

3. Nnaakuddiza ki nze ekiggya?
   Nnaakuddiza ki leero nze?
   Ka ntoole ku byongabira, ka ndeete byonna byonna,
   Nkuwa kati obulamu obwange NZE NDI WUWO.

4. Nnaakuddiza ki Ggwe Ddunda?
   Nnaakuddiza ki Ggwe antonda?
   Ka ndeete ebyokuyita, ka ntoole Ggwe by'ompadde,
   Mbikuddize nange nzuuno, NZE NDI WUWO.

5. Nnaakuddiza ki nze nange?
   Nnaakuddiza ki Ggwe ankuuma?
   Ka nnyimbe nze gw'ogabira, ka ntende Ggwe by'ompadde
   Laba kati nange nkwewa, NZE NDI WUWO.

72. DDUNDA OYO KATONDA

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Ekidd.: **Ddunda oyo Katonda, ndimuwa ki, ndimuwa ki?**
Ddunda oyo Katonda ndimuwa ki, ndimuwa ki?
Sirina era nze kiyinza kugatta eyantonda, eyanjagala
N'afa ku musaalaba, n'ava awo, n'ambiita, n'anfuula Omukristu,
Ebbanja nnina ddene nnyo okuwaayo byonna bye nnina
Ebbanja nnina ddene nnyo okuwaayo byonna bye nnina.

1. Ka ntoole ku bibala eby'entuuyo
   Mbiwe oyo Taata Era taaleme kubisiima
   Mbiwe oyo Taata ,, ,,
   Tusituke, tubimukwase ,, ,,
   Tugendeyo, tubimukwase ,, ,,
   Tusembere, tubimukwase ,, ,,
   Twesike nno ,, ,,
   Trinita Omutuukirivu ebyaffe bisiime x2 Era .....
   Bino bye tuleese kye kitundu ky'Ekitambiro x2 Era .....
   Ffe okujja mu Missa, tuzze kutambira x2 Era taaleme kubisiima

Bonna: Ffe okujja mu Missa, tuzze kutambira.

73. DDUNDA, TUSAASIRE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ddunda, tusaasire, ffe abajja gy'oli n'ebitone!**
Ddunda, bikkirize, ebiva mu ffe Ggwe nno b'olonze!

1. Tuzze gy'oli Kitaffe, Ggwe Katonda
   Ye ggwe atasingwa bukulu;
   Siima twala ebitone bye tuleeta
   Byonna, siima, Ssebo, bikuwe ekitiibwa kyo.

2. Tuzze gy'oli alamula buli kantu
   Byonna bisaanye bikutende.

Teri mu ebyo ebitonde kikusinga
Byonna Ggwe obifuga, byonna bikugondera.

3. Yiino evviini gye tuwa n'omugaati,
Byebyo by'osiima mu bantu bo,
Kristu ye bye yeeyamba n'atugamba
Yonna nze mbatuma, mukolenga kye nkoze.
4. Tuzze gy'oli Kitaffe Ggwe atubumba,
Ffenna abaavu nno lunkupe.
Tuzze twesiga, Ssebo, okuyambwa
Byonna siima, Ssebo otuwe bye twetaaga.

74. EBIRABO BYAFFE BINO

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Ebirabo byaffe bino bye tutegeka**
Biibino bisiime era naffe kwe tuli:
Ffe abaweereza ffe babo be walondamu,
Tuutuno ne Yezu ffe tukuweereza.

1. Abaweereza abo nno beebo abaana bo
Gwe baweereza ate nno naye Mwana wo.

2. Ekikolebwa ffe wano ky'ekyo ekyaliwo
Olwo Kabona wo Yezu ng'alya ekijjulo.

3. Abatume be, baaba, nga tibamanyi;
Nga Mukama waabwe oyo yali abaleka.

4. Ng'abasiibula sso nno nga tabaleka
Ng'emuweddeko essaawa, alage okwagala.

5. Kye tukusaba, Taata; bye tuweereza
Bituviiremu ettendo ery'okwagala.

75. EBIRABO TULEETA *(Fr. Gerald Mukwaya)*

Ekidd.: **Ebirabo tuleeta**
Ffe abaana abalondemu
Obulamu tusaba
Ggwe Ddunda ataggwaawo.

1. Tuleeta omugaati
Vviini eno gye tufunye
Biibyo ebirabo byo
Taata bisiime.

2. Yongera okulunngamya
Omusaana n'enkuba
Bibaze bye tusiga
Naffe twesiime.
5. Yongera abakozi
Mu mulimo gwo guno
Ebitambiro byale
N'eddiini etinte.

3. Lunngamya abatambizi
Basaserdooti bonna
Abakola omulimu
Gw'Ekitambiro.

4. Kkiriza bye tukuwa
Ffe abaana abalondemu
Tuwenga obulamu bwo
Mukama Ddunda.
6. Tusaba kino ffenna
Nga butuuse obw'okufa
Otutwale mu ggulu
Gy'oli twesiime.

76. EBITONE TUTWALE *(Alphonse Ssebunnya)*

Ekidd.: **Ebitone tutwale eri, eri ku mwaliiro**
Kitaffe Nnamugereka Ddunda anaabisiima.

Bass	*Soprano*
Tutwalire Omukama	**Anaabisiima ka tutwale**
Tumuwe Omukama	**Anaabisiima ka tumuwe**
Tutonere oyo Taata	**Anaabisiima ka tutone**
Tugemulire Omukama	**Anaabisiima ka tugemule**
Tuddize Omukama	**Anaabisiima ka tumuddize**
Ku ebyo by'atuwa bulijjo.	

1. Ddunda ebitone tutegeka naye tunaakuwa ki?
   Tuli baavu tunaggya wa ekiggya,
   Mpozzi ka tutoole byonna ebiriwo,
   Ffenna ffenna obulamu buli mu Ggwe.

2. Omugaati Evviini biibino ku nsi bye tulimye
   Tuli baavu ebyonziira eby'edda tibigasa;
   Mpozzi ka tutoole ku ebyo ebirimwa
   Ffenna ffenna obulamu buli mu Ggwe.

3. Ffe tuli babo, Ggwe gwe twesiga emirembe gyonna,
   Tuli baavu tunaakuwa ki ffe?
   Mpozzi ka tuleete byonna ebiriwo,
   Ffenna ffenna ka tukuddize bye tusobodde.

4. Bye tuleeta Ggwe Kitaffe Taata bikkirize
   Tuli baavu tunaakuwa ki luno,
   Leka nno ffe tuleete leero ebiriwo
   Ffenna, ffenna ka tukuddize bye tulina kati.

77. ENGALO ENSA *(Fr. James Kabuye)*

1. Engalo ensa, engalo ensa ziwoomera nnyini zo, ataddize Ddunda obadde ki?
   Anti ekitiibwa ky'abasoma, kwe kugabira Lugaba ow'ettendo ku bintu by'awadde.
   Kiki ekisaanidde okumuwa?
   Kiki ekisaanidde mu maaso go Ddunda?
   Nneeyanze nange okuyitibwa, okukuddiza Ddunda Lugaba.
   Twala, Ssebo twala, twala Ddunda amakula go. x2

2. Engalo ensa, engalo ensa ziwoomera nnyini zo, ataddize Ddunda obadde ki?
   Anti ekitiibwa ky'abasoma, kwe kusaanira ogabire ow'ettendo Mugabi wa byonna.
   Kiki ekisaanidde okumuwa?
   Kiki ekisaanidde mu maaso go Ddunda?
   Nneeyanze nange okuyitibwa, okukuddiza Ddunda Lugaba.
   Twala, Ssebo twala, twala Ddunda amakula go. x2

3. Engalo ensa, engalo ensa ziwoomera nnyini zo, weebaze Ddunda by'akuwa
   Anti okugabira nnyini byo, kwe kulaga bw'omumanyi bw'osiima Katonda gw'oddizza.
   Kiki ekisaanidde okumuwa?
   Kiki ekisaanidde mu maaso go Ddunda?
   Nneyanze nange okuyitibwa, okukuddiza Ddunda Lugaba.

Twala, Ssebo twala, twala Ddunda amakula go. x2

4. Omugabi eyeevaamu .... Katonda gw'ayagala.
   Omugabi eyeevaamu .... Katonda gw'ayagala**.**
   Awaayo ky'alina, n'atoola byalina, Katonda gw'ayala.
   Twala, Ssebo twala, twala Ddunda amakula go. x2

5. Omugabi asanyuka .....Katonda gw'ayagala.
   Omugabi asanyuka ..... Katonda gw'ayagala
   Atakodowala ..... n'awaayo ky'alina Katonda gw'ayagala.

Ekidd.: **Ggwe, Ssebo Omutiibwa Ssebo omuyinza, Ssebo omulungi, Ssebo Kitaffe, Mugabi wa byonna.**
Yee .... biibyo bitwale, biibyo bisiime, Ssebo bitwale
Bye birabo byo Ddunda. (Biibyo bitwale)
Ebivudde mu ffe abaana bo Ddunda
Nga bikwoleka anti okusiima okwaffe.
Nsiima, nsiima, nsiima, nsiima, nsiima, nsiima. x2

78. KATONDA LUGABA OGULUMIZIBWE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Katonda Lugaba ogulumizibwe!**
Katonda Lugaba ogulumizibwe
Katonda Lugaba ogulumizibwe
Ogulumizibwe emirembe n'emirembe!

1. Ye Ggwe alabirira abatonde bonna,
   Ye Ggwe atuwa ddala ebitonde byonna,
   Ye Ggwe agabirira abatonde bonna,
   Ffenna otukkusa weebale, Kitaffe.

2. Ye Ggwe alabirira ebisimbe byaffe,
   Ye Ggwe atubaliza ebirime byaffe,
   Ye Ggwe afukirira ennimiro zaffe,
   Byonna ne bibala ... weebale, Kitaffe.

3. Ye Ggwe atufunira evviini ku nsi,
   Ye Ggwe ameza enngano esimbwa ku nsi,
   Ye Ggwe atukuumira emmere yaffe,
   Ffenna titujula ... weebale, Kitaffe.

4. Ye Ggwe atutonnyesa enkuba ku nsi,
   Ye Ggwe ayasa empola omusana ku nsi,
   Ye Ggwe eyalagira ebiseera ku nsi,
   Bibe nga bimala ... weebale, Kitaffe.

5. Ye Ggwe awulugumya amayinja gonna,
   Ye Ggwe akuluggusa n'emigga gyonna,
   Ye Ggwe eyalagira amazzi gonna,
   Wawa we gakoma ... weebale, Kitaffe.

6. Laba tuli babo Katonda waffe,
   Laba tuli babo tukwewa ffenna,
   Ye Ggwe gwe twesiga emirembe gyonna,
   Ffenna ka twebaze... weebale, Kitaffe.

79. LABA EBIRABO BYAFFE BINO

(Joseph Lukyamuzi)

Ekidd.: **Laba laba ebirabo byaffe bino**
Omugaati n'evviini ebivudde mu ffe
Abaana bo, tubikutonera Taata bitwale

Wamma Mukama ebivudde mu ntuuyo z'abaana bo
Ggwe atalundira mpeera
Bye tukuweereza biibyo bitwale.

1. Ggwe Kitaffe Ddunda laba bwe tujja
N'ebirabo ebivudde mu ffe
Mu ntuuyo mu kutegana okwa buli ngeri
Mala gakkiriza olw'Omwana wo Yezu.

2. Tukwebaza Ggwe okukkiriza bino
Wewaawo byonna si birungi
Olw'obunafu bwaffe olw'ensobi eziyitiridde
Mala gakkiriza olw'Omwana wo Yezu.

3. Eno evviini n'omugaati ffe bye tuleese
N'omutima ogumenyese,
Ke kabonero akalabika ng'otuyamba era oli naffe
Mala gakkiriza olw'Omwana wo Yezu.

4. Ekirabo ekikulu kye tukuwa kati nga ffe abaana bo
Gye mitima n'okwagala kwaffe,
Mala gakkiriza olw'Omwana wo Yezu.

80. LEKA TUTONE *(Ponsiano Kayongo - Biva)*

Ekidd.: **Leka tutone ku bingi by'atugabira Ddunda**
Tumuddize nnyini byo
Leeta ekirabo kyo, twala ku mwaliiro,
Tumuddize Omukama Ddunda, anaabisiima.

1. Ddunda twebaza byonna by'otuwa,
Ng'ogabira abatonde - ffe abaana bo,
Ku bingi by'otuwa naffe kwe tutodde tukutonere
Biibyo Ssebo siima.
2. Ddunda ng'ogaba, Ggwe ng'osaasira
Oyagala abatonde - ffe abaana bo,
Ggwe bingi by'otuwa, tojuza na muntu
Ffe bwe tusaba, Taata owulira Ggwe .

3. Wa abantu bo, ffenna ekyokulya,
Ng'owonya n'abalwadde, ng'osaasira,
Tuyambe, toleka bantu bo tuwoobe,
Ggwe tuwulire, yamba Ssebo yamba.

4. Wa abantu bo, ffenna amaanyi go
Ffe abanafu ku bwaffe - ffe abaddu bo,
Kitaffe by'otugamba ebyo tutuuse
Tukuwulire, ffe nga twesiga Ggwe.

5. Ggwe ng'owa ababo, byonna by'obawa,
Ng'ogabira abatonde - ebitone byo,
Byonna Ggwe by'obawa, bo olwo balyoke babyeyambise
Bo bakuweereze Ggwe.

81. MBEERA GGWE, GGWE WANTONDA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Mbeera Ggwe, Ggwe wantonda,**
Mbeera Ggwe, Ggwe wantonda,
Ayi Mukama, ddala ddala nkukkiriza!

1. Nkedde ku makya, ayi Mukama
   Ne ndeeta gy'oli ebirabo byange bino
   Bikkirize, bibe Ekitambiro.

2. Kati ekindeese kutambira
   Mwenna aboluganda, munnyambe,
   Tube wamu, tuweereze Ekitambiro.

3. Abeli ne Jjajja Yibraimu
   Era Melekisedeki, bye baakuwa wabisiima,
   Naffe bye tuleese, bikkirize!

4. Guno omugaati n'evviini, ayi Mukama,
   Ddala bye ndeese eyo gy'oli
   Obitukuze, bibe Ekitambiro.

5. Laba, nneewaddeyo, ayi Mukama,
   Byonna by'oyagala, nnaabikolanga
   Naawe ng'ombedde, byonna nnaabikola, tibinneme!

82. MUSITUKE, TUWEEREZE EBIRABO *(Fr. Joseph Namukangula)*

Ekidd.: **Musituke, tuweereze ebirabo Omukama Musituke**
Ffe tuweereze ebirabo Omukama,
Musituke Tuweereze
Musituke Tuweereze
Tuweereze
Bonna: **Tuweereze ebirabo Omukama, abisiime.**

1. Omugaati n'evviini biibyo
   Tubitaddewo biibyo ebyaffe;
   Abaana bo, laba ffe tubikwasa Ggwe;
   Omuzirakisa Katonda Ggwe owaffe
   Bikkirize.

2. Ggwe omusaasizi siima ebyaffe
   Bituviiremu enneema enfaafa.
   Bye tukuweereza ffe abaana bo aboolo
   Olw'obulungi bwo, Katonda Ggwe owaffe,
   Ggwe bisiime.

3. Ebya Melekisedeki ow'edda
   Oyo Kabona wo omukulu ow'edda
   Yabikuweereza ku luli n'obisiima
   Kye tusaba kati n'ebyaffe bikkirize
   Obitwale!

4. Amakula go gaago, Taata
   Tugagatteko emitima egyaffe
   Ggwe, Trinita Katonda Omu ati,
   Ffe abaana bo laba kati ffe twewa Ggwe

Otutwale!

5. Kye tukusaba: Siima ebyaffe
   Bye tukuweereza n'ono Kristu;
   Tumweyune era tumulye, tumweyanze;
   Kye kyokulya, kye kyokunywa kye twegomba
   Ye Yezu!
6. Eklezia wo, Taata yamba;
   Omuyiweko enneema nfaafa,
   Ng'omutukuza, ng'omwongera amaanyi,
   Ng'omuliisa ng'omwongera ettendo,
   Ggwe muyambe.

7. Agulumizibwe Taata owaffe;
   Agulumizibwe Yezu Omwana,
   N'omuganzi Mwoyo oyo ow'ettendo
   Ggwe Trinita Katonda ggwe owaffe,
   Ggwe tutwale.

83. NNAMUGEREKA ATUWA EBIRUNGI *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Nnamugereka atuwa ebirungi — A! Lugaba Nnamugereka
   Nnamugereka tumwebaze ffe - ,, ,,
   Ka tumutwalire ku bino ebyaffe ,, ,,
   Ku by'atugabira tumuddize ffe ,, ,,

   Mujje tubitwale ,, ,,
   Tubitwale gy'ali ,, ,,
   Omukama abisiime ,, ,,
   Ebivudde mu ffe ,, ,, x2

2. Nnamugereka agaba ebirungi — A! Lugaba Nnamugereka
   Nnamugereka tumuddize ffe ,, ,,
   Ffe abamutonera tumwewe naffe ,, ,,
   Alyoke asiime bye tutona ebyo ,, ,,
   Nnamugereka omulungi bw'atyo ,, ,,
   Buli k'olina mutonere ggwe ,, ,,
   Nnamugereka omulungi bw'atyo ,, ,,
   N'obulamu bwo bumuddize oyo ,, ,,

   Mujje tubitwale ,, ,,
   Tubitwale gy'ali ,, ,,
   Omukama abisiime ,, ,,
   Ebivudde mu ffe ,, ,, x2

3. Twanguweko tugende gy'ali ,, ,,
   Nga tuli kimu ffenna atusiime ,, ,,
   Oyo gw'omanyi ng'era omukyaye ,, ,,
   Ky'akusaba musonyiwe oyo ,, ,,
   Alyoke asiime ekirabo ky'owa ,, ,,
   Ekimusanyusa era ekiwooma ,, ,,

   Mujje tubitwale ,, ,,
   Tubitwale gy'ali ,, ,,
   Omukama abisiime ,, ,,
   Ebivudde mu ffe. ,, ,, x2

i. Weebale weebale Ssebo Lugaba weebale -Tweyanzizza
Weebale, weebale atuwa ebingi tumwebaze. -Tweyanzizza, tweyanzizza,
-Tweyanzizza Lugaba,
weebale,tweyanzizza.

ii. Weebale weebale Ssebo Taata weebale
Ffenna twogera kimu Ssebo nti weebale.

iii. Weebale weebale Ssebo Taata weebale
Ffenna tuli mu ssanyu Ssebo okukwebaza.

iv. Weebale weebale Ssebo obulamu bw'otuwa
Anti tuli mu ssanyu Ssebo okukwebaza.

v. By'otugabira bingi weebale
Naffe tusaana tuyimbe Ssebo okukwebaza.

vi. Weebale weebale Ssebo Taata weebale
Ffenna twogera kimu Ssebo nti weebale.

84. NNAMUGEREKA WAVA EBINENE

(Fr. James Kabuye)

1. Nnamugereka wava ebinene, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....

Ekidd.: **Byonna Ggwe obituwa tukwesiga nnyo Ddunda**
Kitaffe tukwekola .....

2. Nnamugereka ffenna atumanyi, tukwesiga nnyo Katonda waffe .....
3. Wagiwangawo ensi amakula, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
4. N'ebigirimu byonna obimanyi, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
5. Wagiwundamu byonna ebinene, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
6. Byonna by'olaze ku nsi binene, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
7. Tulabira wa ffenna abalamu, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
8. Nnaakugamba ki ampa obulamu, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
9. N'obuyinza bwo byonna bifuge, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
10. N'ebimera byonna bikuze, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
11. N'ebirime byonna bibaze, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
12. N'omusana nagwo gutuwe, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
13. N'enkuba yo nayo gituwe, tukwebaza nnyo Katonda waffe .....
14. Nnannyinimu ffenna tulabe, tukwesiga nnyo Katonda waffe .....
15. Wa ekyokulya bonna abanaku, tukwesiga nnyo Katonda waffe .....
16. Ne bamuzibe bawe okulaba, tukwesiga nnyo Katonda waffe .....
17. N'abalira bawe okuwona, tukwesiga nnyo Katonda waffe .....
18. N'abatambula bonna obamanyi, bakwesiga nnyo Katonda waffe .....
19. Tusaba kimu ffenna okulaba, nga bw'otubeera Katonda waffe .....

85. NZE NNGENDA NTYA *(Fr. Gerald Mukwaya)*

Ekidd.: **Nze nngenda ntya eri Omukama**
Ddala ddala nngenda ntya
Nga sirina kye mmutonedde?
Ka mmutonere nze bye nnina
Ayi Mukama bikkirize.

1. Ayi Mukama ndi mwana wo
Kyokka ayi Mukama nkujeemera

Ne nkusaba kati onziriremu
Nze ayi Mukama aboneredde.

2. Omugaati gwo gwe ndeese
Ng'era n'evviini ngitaddeko
Bikutambirwe olwaleero
Mu Yezu Kristu Omwana wo.

3. Ka tukwebaze Ggwe by'otuwa
Ffenna baganzi bo abakumanyi
Byonna ayi Mukama biva wuwo
Era ayi Mukama bidda wuwo.

7. Ekirabo ekisembayo
Ye Ggwe ayi Mukama abaana bo
Emitima ka gibe gigyo
Ffenna nga twagala by'oteesa.

86. OSTIA N'EVVIINI ENO *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ostia n'evviini eno bye tuleese**
Bye birabo byaffe byennyini,
Ostia n'evviini eno bye tuleese, bikkirize, ... Kitaffe,
Kye Kitambiro kyaffe eky'olubeerera,
Ggwe Katonda waffe kye tukuweereza.

1. Kye kiikyo ekyalangwa mu biwandiiko
Nga kiringa ekyaweebwayo luli edda ennyo,
Ng'ekya Melekisedeki ow'ekitiibwa,
Eyaweerezanga omugaati n'evviini,
Ne Katonda n'asiima Ekitambiro ekitukuvu.

2. Kye kiikyo ekyalangwa mu biwandiiko,
"Okuva enjuba lw'evaayo okutuusa lw'egwa,
Erinnya lyange kkulu mu b'amawanga,
Mu buli kifo balitambiriramu,
Nga baweereza erinnya lyange Ekitambiro ekitukuvu."

3. Kye kiikyo ekyalangwa mu biwandiiko:
Endiga, embuzi bye muleeta, tibigasa.
Yezu kwe kugamba: "Nzuuno, Katonda, ntuuse;
Ntuukirize kye bampandiikako, okukola ky'oyagala,
Nga mpeereza omubiri gw'ompadde mbalokole."

4. Kye kiikyo ekyalangwa mu biwandiiko,
Mu Senakulo lwe yeewaayo ng'Ekitambiro,
Yezu yaddira omugaati n'awa Abatume be nti;
"Mutoole mulye: Kino gwe Mubiri gwange;"
Ne ku vviini nti: "Munywe mwenna Omusaayi gwange."

87. SI BUTAAGAANE *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Si butaagaane naye kwagala, ffe okukuddiza Lugaba.

Ekidd.: **Yee Lugaba Ddunda - siima bino bye tukuwa.**

2. Si butaagaane naye kwagala, bino bye tukuwa Lugaba.
3. Si butaagaane naye kwagala, kye tuva tusanyuka mu maaso go.
4. Si butaagaane naye kwagala, kye tuva tuyimba mu maaso go.
5. Si butaagaane naye kwagala, kye tuva tubiibya mu maaso go.

6. Nnyimba n'embuutu nabyo ka bivuge tukuzinire Lugaba (x3)
7. Si butaagaane naye kwagala, ffe okukuddiza Lugaba

Bino ze ntuuyo zaffe - bino ge maanyi gaffe kwe kwagala
kw'emitima gyaffe - Mukama bikkirize Lugaba Ddunda.

88. TOOLA TUDDIZE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Toola tuddize Omukama by'atuwadde**
Omugabi omulungi ng'agabye nnyo,
Nnaamuddiza ki oyo Katonda!
Ha ..... ataamuddize ani, akukuumye ng'oli mulamu Mukama waffe oyo.....
Ha ... ataamuddize ani byonna by'akoze ggwe y'akubedde.
Yanjuluza, sumulula, ogabireko Omukama atasingika bugabi.

1. Oli mulamu ku bwa Katonda, n'ebyo by'olina bye bya Katonda.
Kiki ky'olina ky'otaafuna, wenna oli wa Katonda!
Ebya Katonda biddize Katonda, obe mutuufu mu nnamula yo.

2. Ofunye ntoko ku bwa Katonda, toola by'ofunye ku bwa Katonda
Kiki ky'olina ky'otaafuna, wenna oli wa Katonda!
Ebya Katonda biddize Katonda obe mutuufu mu nnamula yo.

3. Byonna by'olina ku bwa Katonda, byabala ddala ku bwa Katonda,
Kiki ky'olina ky'okungula, nga Ddunda takukkirizza?
Ebya Katonda biddize Katonda, obe mutuufu mu nnamula yo.

4. Ogobolola ku bya Katonda, weyagalira mu bya Katonda,
Kiki ky'olina ky'otaafuna, ku nsi eno waleeta ki?
Ebya Katonda biddize Katonda, obe mutuufu mu nnamula yo.

5. Bw'otunuulira ebya Katonda, n'ebyo by'ofunye ewa Katonda,
Kiki ky'okoze okumwebaza, wenna oli wa Katonda!
Ebya Katonda biddize Katonda, obe mutuufu mu nnamula yo.

89. TOJJANGA MU MAASO GA MUKAMA NGALO NSA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tojjanga mu maaso ga Mukama ngalo nsa,**
Tojjanga mu maaso ga Mukama ngalo nsa,
Anti akuwadde byonna y'akusaba naawe omuddize ku by'akuwadde,
Jjukira nti ekirabo ky'omutuufu, kye kinyiriza Altari,
N'akawoowo kaakyo katuuka n'eyo mu ggulu, ne kasanyusa Omutonzi.
Jangu leeta ekirabo kyo, jangu leeta ekitone kyo. x2

1. Sanyusanga Omukama akuwadde byonna, ng'owaayo ekirabo kyo
Ekisooka, ku ebyo by'olimye, Kubanga ye Mukama, y'abikuwa,
Y'abitegeka y'akusaba omuddize ku ebyo by'ofunye.
Jjukira nti ekirabo kyo ekisooka, kwe kukwata by'agamba n'okumwagala
Ennyo, n'omutima gwo gwonna.

2. Sanyusanga Omukama akuwadde byonna, ng'owa n'omutima gwo
Omulamba, ku ebyo by'ofunye, nga wenna osanyuka, abikuwa, abitegeka,
Y'akusaba omuddize, leeta by'ofunye.
Jjukira nti ekirabo kyo ekisooka, kwe kukwata by'agamba n'okumwagala
Ennyo n'omutima gwo gwonna.

3. Sanyusanga Omukama akuwadde byonna, ng'owaayo obulamu bwo
   Obulamba, Ddunda bw'akuwa, ggwe buddize Omukama, y'abukuwa,
   Y'abutegeka, y'akusaba omuddize weewe gw'omanyi.
   Jjukira nti ekirabo kyo ekisooka, kwe kukwata by'agamba, n'okumwagala
Ennyo n'omutima gwo gwonna.

4. Sanyusanga Omukama ..... Beera mugabi, beera mugabi
   N'ebirabo ebirungi ng'oleeta .... Beera mugabi, beera mugabi
   By'osimbye ebirungi ng'oleeta .... ,, ,,
   By'otunze ebirungi ng'oleeta ..... ,, ,,
   Gw'osimbye omugaati ng'oleeta .... ,, ,,
   N'evviini ekoleddwa ng'oleeta ..... ,, ,,
   N'omutima omugabi ng'ossa okwo ... ,, ,,

90. TUSSE EBIRABO BYAFFE KU MWALIIRO *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Tusse ebirabo byaffe ku mwaliiro**
Tuweereze Omukama, taaleme kusiima;
Tusse ebirabo byaffe ku mwaliiro,
Tumusabe Omukama ajje abitukuze.

1. Ayi Mukama, Mukama wange
   Nnaayimbanga erinnya lyo ekkulu mu maaso go,
   Nga ndeeta gy'oli ebirabo byange.
2. Ayi Mukama, Mukama wange,
   Ebirabo byange bino bye ndeese,
   Bya kukwebaza ebirungi by'onkolera.

3. Ayi Mukama, Mukama wange,
   Ebirabo bye ntadde wano mu maaso go
   Kye Kitambiro, Mukama kye ntegeka!

4. Ku bye wampa, Kitange, kwe ntodde.
   Omugaati n'evviini bino bye ndeese,
   N'omutima gwange nze ngutaddeko,
   Nzenna nkwewadde.

91. TUKUWA MUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tukuwa Mukama, biibyo ebitone,**
Yezu yennyini by'akuwa,
Tuleese evviini evudde mu nsi eno, n'omugaati biibino,
Tusaba Kitaffe n'essanyu obisiime,
Saasira abatonde bonna.

1. Nnamugereka Katonda w'ensi, ow'obuyinza ataggwaawo,
   Tukusinza nga twetowaza, mu maaso go kaakati,
   Ffekka tetusaana kujja mu maaso go,
   Naye tunuulira Yezu ono Omwana wo, otusaasire.

2. Nnamugereka Omutonzi w'ensi, ow'ekitiibwa ekyasukka,
   Tukutenda osukkulumye ku ntebe yo entukuvu,
   Byonna waggulu eyo, n'eby'oku nsi kuno,
   Byonna wabikola anti n'amaanyi go, byonna bikwekola.

3. Tuli baana bo Katonda w'ensi, oli Kitaffe gwe twesiga,
   Totusuula ffe abaajeema, ffe abeenenya kaakati,

Kitaffe ow'ettendo, jangu otuyambeko,
Leero tunuulira Yezu Omwana wo, otusaasire.

92. TUKUWEEREZA EKIKOMPE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Tukuweereza ekikompe eky'obulamu**
Ggwe Omutonzi w'ensi, kiikino kisiime;
Ggwe Omusaasizi atasingika, kiikino, kisiime;
Ffe abali wano, n'ensi yonna, kitulokole.

(Mu Bwekisiibo)

1. Nsaasira, ayi Katonda, ng'ekisa kyo bwe kiri,
   Olw'okusaasira kwo okungi ennyo,
   Sangulawo ekyonoono kyange.

2. Nnaalizaako ddala omusango gwange nze:
   Era ntukuzaako, ekibi kyange kyonna.

3. Kuba ekyonoono kyange nkikkiriza nze:
   Ekibi kyange bulijjo, nze sikiggyaako na liiso.

(Mu Bwomwaka)

1. Ensi zonna mugulumize Omukama
   Muweereze Omukama mu ssanyu,
   Muyingire gy'ali nga mujaguza.

2. Mumanye ng'Omukama ye Katonda waffe
   Yennyini ye yatukola tuli babe ddala,
   Ggwanga lye, ate ndiga za ddundiro lye.

3. Muyingire mu miryango gye nga mutendereza,
   Mu mpya ze, nga muyimba,
   Mutendereze mugulumize erinnya lye.

4. Anti Omukama mulungi, okusaasira kwe kwa mirembe gyonna
   Obwesige bwe bwa mazadde na mazadde.

93. TUZZE TUKUTONERE *(Benedicto Lubega)*

Ekidd.: **Tuzze .....Gy'oli Mukama Katonda**
Tujja .....Tukutonere bye tulina
Ka tutoole ku ebyo by'otuwa, tukuddize Lugaba asinga
Tuzze .....Gy'oli Mukama Katonda
Tujja .....Tukutonere bye tulina
Tukuddize ku ebyo by'otuwa, tukwebaze Lugaba asinga
Siima, twala, siima bye tuleeta
Twala, siima, twala bino bye tukuwa.

1. Ggwe atwagala Ddunda, wamma osaana, Tukwebaze olutata

Okutukola Ddunda n'otubumba, tetwasaba wamma olamula,
Kye tulina: Tukwebaze Lugaba asinga.

2. Watugabula ensi eno, wamma osaana, Tukwebaze olutata
   Ffe nga tulya ebingi by'otuwa, otujjuza wamma ogabula,
   Kye tulina: Ka tukwebaze Lugaba asinga.

3. Watujjuza Taata wamma osaana, tukwebaze entakera
   Ffe tetujula Ddunda by'otuwa, ng'otujjuza wamma otumala,
   Kye tulina: Tukwekole Lugaba asinga.

4. Ka tukuddize Mukama wamma osaana, Ggwe atwagala bw'otyo
   Ebirungi byonna Ggwe by'otuwa, ng'otujjuza wamma otumala,
   Kye tulina: Tukwebaze Lugaba asinga.

5. Ggwe atwagala Mukama wamma ogwana, tukuddize Ddunda
   Ku birungi byonna Ggwe by'otuwa, ng'otujjuza wamma otumala,
   Kye tulina: Tukwebaze Lugaba asinga.

EZOKUSEMBERA

94. ABAAGALWA TUYIMBE NNYO

(Mr. Joseph Kyagambiddwa)

1. Abaagalwa tuyimbe nnyo, aboluganda mwenna
2. Tumwebaze tusiime nnyo olw'ebirungi byonna
3. Katonda waffe atiibwe nnyo abamawanga bonna.

	I	II
1.	Nga tutenda	Ffe nga tutenda, tuyimbe
2.	Tibitendwa	Oh, tibitendwa! Tusiime.
3.	Wonna mu nsi	Eh, wonna mu nsi atiibwe!

1. Tutendereze Omukama Katonda
2. Tukungirize, twebaze obutassa,
3. Asukkulume, Ssenkulu, emirembe:

	I	II
1.	Nga tuyimba	Ffe nga tuyimba, tutende,
2.	Yatuwa ffe	Oh, yatuwa ffe! Tusiime.
3.	Mu nsi yonna	Eh, mu nsi yonna atiibwe.

Ekidd.: **Erinnya lye litiibwe Eh, litiibwe. x2**

95. ABALAMAZI MUJJE TULYE ENTANDA *(Benedicto Lubega)*

Ekidd.: **Abalamazi mujje tulye entanda, abalamazi mujje tulye**

Ku mugaati gw'obulamu Kristu Yezu
Ku mbaga ye atuyita Ffenna
Ku kijjulo Kristu Yezu
Kye kijjulo eky'obulamu obw'olubeerera.

1. Mujje abange mujje, mulye ku mugaati guno
   Munywenga evviini eno bwe bulamu obw'olubeerera.

2. Mujje mbayita mujje, ku kijjulo kye nfumbye
   Alya ennyama yange alya ntanda ya bulamu obw'olubeerera.
3. Bajjajjammwe baalya mmanu mu ddungu, kyokka baafa
   Wabula guno gwe mugaati gw'obulamu obw'olubeerera.

4. Alya ennyama yange mbeera mu ye, anywa omusaayi gwange
   Mbeera mu ye naye mu nze ndimuzuukiza ku lwoluvannyuma.

5. Ka tulye Ennyama yo, ffe abakumanyi, ka tunywe omusaayi gwo
   Ffe abakumanyi Ggwe Mukama olituzuukiza ku lwoluvannyuma.

6. Ffenna twesiga abakumanyi, ffenna tukakasa nga abakunywererako
   Ggwe Omukama olituzuukiza ku lwoluvannyuma.

96. ALI WAGGULU *(Joseph Kyagambiddwa)*

Ekidd.: **Ali waggulu eyantonda nnyini buyinza ali na wano,**
Ye nno ali mu ggulu ne mu nsi oyo ow'ekitiibwa gwe nzirinngana.

1. Bannange, Katonda yeebale Ali waggulu.....
   Twesiimye abatonde ffenna
   Tatuvaako emisana n'ekiro.

2. Ndabira wa Omutonzi wange, Ali waggulu.....
   Kirimaanyi, omutamanyiirwa
   Ndabira wa omulungi, Taata.

3. Ggwe amyansa okusinga n'enjuba Ali waggulu.....
   Lwaki nno sikulaba nze?
   Amaaso ganzibule Ggwe!

4. Wanneewa ku lwa mukwano Ali waggulu.....
   Wampa ensi eno n'ogiyonja
   Ko n'eggulu eryo n'oliwunda.

5. Mbonaabona ku lwa kuba ki? Ali waggulu.....
   Siri mulekwa anti n'akamu nze
   Obunaku musango gwange.

6. Tusanyuke, tujaguzenga, Ali waggulu.....
   Twagalane basseruganda;
   Tatuli wala, Omuzadde waffe.

7. Ffenna abaagalwa, tusinze Ali waggulu.....
   Ffe tuvuze eddoboozi wonna;
   Amiina! Alleluia!

97. AWABA OKWAGALA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Awaba okwagalana n'okwagala**

Awo Katonda abaawo.

1. Okwagala kwa Kristu kwatugatta wamu Awo Katonda abaawo
   Tujaguze era tukusanyukiremu ffe ,, ,,
   Katonda omulamu tumutye era tumwagale ,, ,,
   Ffe tumwagale ne mu mitima gyonna obutalekaamu. ,, ,,

2. Awo nno bwe tukunngaanira awamu ,, ,,
   Twekkaanye, tuleme kwawukana mu birowoozo ,, ,,
   Ennyombo embi zikome n'empaka zikomere ddala ,, ,,
   Kristu Katonda abeere mu makkati gaffe. ,, ,,

3. Era tulabire wamu n'Abatuukirivu ,, ,,
   Ayi Kristu Katonda, amaaso go mu kitiibwa ,, ,,
   Essanyu eritapimika era eddungi ,, ,,
   Emirembe n'emirembe gyonna egitaggwaawo. Amiina.

98. BAKRISTU BANNANGE *(W. F.)*

1. Bakristu bannange,
   Ka twegatte wamu,
   Okusinza Yezu
   Mulokozi wange.

   Ekidd.: **Yezu nannyini kisa,**
   Mu Ssakramentu lye,
   Ampadde omubiri gwe,
   Nfunye omukisa.

2. Nneeyanze okunneewa!
   Onkoze bulungi!
   Leero nga mpeereddwa!
   Ontonedde ebingi!

5. Mulokozi wange,
   Nze nkulagaanyizza,
   Okukwegombanga,
   Ggwe oli mmere yange.

99. EKIRAGIRO EKIGGYA

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Ekiragiro ekiggya kye mbalekera kye ekyo**
Mwagalanenga, mwagalanenga. x2

1. Nga Kitange bw'anjagala nammwe bwe mutyo
   Mwenna aboluganda mwagalanenga mwagalanenga.

2. Nga kirungi aboluganda okusula awamu
   Aboluganda mwenna.

3. Wonna awaba okwagala awo Omukama abaawo
   Aboluganda mwenna
   Ekiragiro ekiggya kye mbalekera kye ekyo.

4. Yezu, Ggwe Katonda omu atudde wakati
   Aboluganda mwenna.

5. Omwagalwa Katonda omu atukuuma

Awamu mwenna.

6. Nga abalungi beesiimye abo abatya Katonda
   Ekiragiro ekiggya kye mbalekera kye ekyo.

7. Lyonna ettima eritwawukanya, lyonna likome
   Aboluganda mwenna.

8. Zonna entalo n'ebyawukanya byonna bigobe
   Aboluganda mwenna.

9. Ggwe Omukama Katonda omu atudde wakati
   Aboluganda mwenna.

10. Ffenna tusaanye aboluganda okusagambiza
    Aboluganda mwenna.

100. EMBAGA Y'AKALIGA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Embaga y'Akaliga - Kaliga**
Yiino laba etuuse - yeeno
Omugole atuuse
Mujje tumwanirize.
Mumutendereze - Alleluia
Mumutendereze - Kristu Akaliga

1. Obununuzi bwa Kaliga
   N'ekitiibwa kiri kya Kaliga
   N'obuyinza bwo bwa Kaliga
   N'ennamula y'Akaliga ya mazima.

2. Mmwe abasenze Akaliga
   Ekitiibwa mukiwe Akaliga
   Afune ekitiibwa oyo Akaliga
   Mumutendereze oyo Akaliga.

5. Tuyimbe nnyo Akaliga
   Mu luyimba olunyuma
   Ffenna abatonde tusaakaanye
   Tugulumize oyo Akaliga.

101. JAGUZA YIMBA *(Kayongo Ponsiano Biva)*

Ekidd.: **Jaguza yimba, ayi mwoyo gwange anti Omulokozi wo Yezu y'akukyalidde.**
Jaguza yimba, ayi mwoyo gwange anti Omulokozi wo Yezu ye mugenyi wo olwaleero.

1. Jangu Yezu nkwaniriza,
   Jangu owange n'otuula,
   Onjagala nnyo Mukama wange
   Omwoyo gwange ka gubenga ennyumba yo.

2. Leero Yezu lw'otuuse
   Leero Kristu nsanyuse nnyo
   Ggwe omuzirakisa Mukama wange,
   Ozze okubiita omubi nze atagasa.

3. Bw'oba nange nsanyuka nnyo

Bw'obulawo ate ne ndaaga,
Omuzigu oli kafulu sitaani
Ankwenyakwenya agutwale omwoyo.

4. Y'ani nno oyo atamatidde
   Y'ani oyo nno atamututte
   Ffe abamulidde Mukama waffe,
   Anaatuyamba atutuuze ntende.
5. Jangu nno ggwe eyeetegese,
   Jangu omutwale tomusubwa.
   Ng'omwaniriza mu nnyumba yo ggwe
   Anaakuyamba, akuwenga eddembe.

6. Byonna biibyo mbizza wuwo,
   Nzenna Yezu nfuuse wuwo,
   Ggwe atansudde Mukama wange,
   Leero nkugamba, ka nfubenga mbe wuwo.

7. Byonna Yezu bidda wuwo
   Ye ggwe Kristu nannyini byo,
   Abatakumanyi olw'ekisa kyo, nabo
   Obanoonya, obooleke ekkubo lyo.

102. KATONDA WANGE OMWAGALWA *(W.F.)*

1. Katonda wange omwagalwa:
   Ggwe essanyu buli wantu;
   Buli kye nnoonya okindaga,
   Seetaaganga na kantu
   Onnyamba nga ngwa mu kabi,
   Kitange nnaakuweera ki?
   Laba bwe ndaaga obwavu.

2. Bwe nfunye Yezu, twegasse,
   Olwo nfuuse muganzi
   Ensi n'ebyayo mbidduse
   Bisuula bangi ennganzi
   Ekkubo lyokka eryandagwa,
   Yezu, kwe ndinywerera.
   Era sirimuvaako.

3. Yezu ekkubo eddunngamu
   Annyweza buli bbanga,
   Ekkula, omubalagavu.
   Bajjajja gwe baalanga,
   Ankuuma ndikuteera ki?
   Ka omwoyo ngudduse awabi
   Enneema ze mba nnyweza.

4. Ayi Yezu omuzirakisa,
   Nnaasiima ntya by'oleese?
   Nkunngaanye Bamalayika
   Ne Mmange, olwo tuteese.
   Tube wamu, nga nkwebaza,
   Nneesambe n'ebitagasa;
   Nkukwase omwoyo gwange.

103. KA TUGENDE *(Fr. Joseph Namukangula)*

Ekidd.: **Ka tugende ku mbaga y'Omukama atuyita**
Yezu Kristu atwagala,
Yezu Kristu atwagala nnyo!

1. Musumba owange gwe ntenda
Musumba owange y'annunda
Wuuno Omuliisa ow'ekitalo.

2. Mu ddundiro eyo gy'antwala
Annundira eyo ng'andiisa
Awali ebirungi eby'ekitalo.

3. Erinnya lye nze lye ntenda
Annambika, Mukama antwala;
Nange kati nno nneesiima!

4. Anaatutiisa oyo y'ani?
Mukama waffe nga ali awo
Yezu atuliisa ye atalemwa.

104. KA TUSANYUKE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ka tusanyuke ffenna ababatize**
Yezu b'ayise ffenna ffe ku mbaga ye!
Tulifa lumu kyokka tuliva emagombe eri n'obuwanguzi!
Nnyini bulamu ffenna alituzuukiza!

1. Nze kuzuukira: anzikiriza ne bw'alifa
Aliba mulamu: Yezu y'akigamba!

2. Nze kuzuukira, angoberera ndiba naye,
Nga mmuzuukiza, ndijja nze mmutwale.

3. Yezu gw'ofunye, kyakulya ddala, tomwewala
Y'alikulamya! Yezu bwe yagamba!

4. Yezu gw'ofunye, kyakunywa ddala tuba naye
Wa lubeerera, bw'atyo bwe yagamba!

5. Yezu gw'ofunye, ye Muganzi wo alizuukiza
Abamumanyi! Bw'atyo bwe yagamba!

6. Yezu gw'ofunye, ggwe musuubize , okuva kati
Oli muddu we! Nyweza bye yagamba.

105. KRISTU OMUKAMA ALI WANO

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

A. *(Abakul*.) KRISTU OMUKAMA ALI WANO MU FFE KE KALIGA (A)
Ke Kaliga, ke Kaliga, ke Kaliga ka Katonda (x2)
Omukama wa byonna, Kristu Paska yaffe atambiddwa.

B. Omubiri gwa Kristu Omukama ..... Oo, Kristu Paska yaffe
Y'oyo ddala eyeewaayo atambiddwa .....
Omusaayi gwa Kristu Omukama .....Oo, Kristu Paska (B).....

1. Amiina kya mazima ali wano eyeewaayo
Omukama ke Kaliga ali wano atambiddwa ... Oo, Kristu Paska (B) ...
KRISTU OMUKAMA ALI WANO MU FFE KE KALIGA .....

2. Ababatize be baabo Omulokozi b'aliisa,
   Be yalonda basse kimu mu Kristu atusembezza ... Oo, Kristu (B) .....
   KRISTU OMUKAMA ALI WANO MU FFE KE KALIGA (A)

3. Ennyama ye abagirya Omukama abeera mu bo, Omusaayi gwe
   Abagunywa okufa kwe bakukuza nnyo .... Oo, Kristu (B)
   KRISTU OMUKAMA ALI WANO MU FFE KE KALIGA (A) .....

C. WUUNO KRISTU AKALIGA WUUNO.....WUUNO
   ALINZE KRISTU AKALIGA ALINZE.....ALINZE

   SEMBERA OFUNE OMUBIRI GWA KRISTU NG'OLYA AKALIGA
   SEMBERA OFUNE OMUGABO GWA KRISTU NG'OLYA AKALIGA
   TUMWEBAZE LUGABA, TUMWEBAZE DDUNDA, UKARISTIA ENO
   ETUFUULA ABAZIRA, UKARISTIA ENO NGA TULAMAGA KU NSI.

ii Atwewa Kristu Akaliga atwewa .....ATWEWA
   Tumwewe Kristu Akaliga tumwewe .....TUMWEWE

SEMBERA OFUNE OMUBIRI GWA KRISTU NG'OLYA AKALIGA.....(C)

iii Tweyanze Kristu Akaliga atwewa ..... TWEYANZE.
   Mulungi Kristu Akaliga atwewa .....MULUNGI.

SEMBERA OFUNE OMUBIRI GWA KRISTU NG"OLYA AKALIGA (c)

106. KRISTU UKARISTIA YAFFE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Kristu Ukaristia yaffe,**
Bwe bulokofu era n'obuzira
Ge maanyi gaffe n'obulamu
Obw'olubeerera.

1. Ukaristia bwe bulamu Abajulizi mwe baggya obuzira.
   Ne balwanyisa sitaani n'ebibi ne babigoba.

2. Ukaristia bwe bulamu ge maanyi era n'obuzira
   Ye nsulo y'okulokoka ffenna kwe twettanira.

3. Ukaristia bwe bulamu obuwanirira ffe abalamazi
   Ne tutambuza maanyi bulijjo mu kukkiriza.

4. Ukaristia bwe bulamu obwa Trinita Katonda
   Gwe musingo ogw'okuzuukira okulijja.

107. MAZIMA NNEEGOMBA NNYO

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mazima nneegomba nnyo mmutuuke eyantonda**
Eyo mu ggulu nange mmutuukeko, aa
Nja kunyiikirira nnyo okukola by'andagira,
Ka nfunvubire, lulikya ne ntuuka.

1. Nneegombera ddala mbeere ewa Katonda wange ..... Nneegombera ddala
   Kiwamirembe Lugaba atwesiimya

2. Nneesungira ddala okutuuka mu ggulu ..... Nneesungira ddala
   Ewa Katonda wange oli eyantonda

3. Eri waggulu awaladde abalungi beesiima ..... Beesiima
   Oyo Kiwamirembe Lugaba tabajuza .....

4. Abali mu ggulu baawaayo obulamu bwabwe..... Abali mu ggulu
   Nange nneewaddeyo ew'Omukama

5. Nange ng'onnyambye, Mukama nja kusobola ..... Mukama nja kusobola
   Kiwamirembe Lugaba, tonsuula.

108. MIREMBE, OMUKAMA, AYI YEZU OMWAGALWA *(M.H.)*

1. Mirembe Omukama!
   Ayi Yezu omwagalwa!
   Siyinza kwogera;
   Leero nkusinze ntya?
   Mujje mwe Bamalayika,
   Nammwe bannaggulu mwenna:
   Tusinzize wamu
   Nnyini butukuvu.

2. Ayi Yezu nkwebaza,
   Ku lw'okunkyalira!
   Leero nkweyanze ntya
   Nga bwe kisaanira?
   Essanyu limbugaanye nnyo
   Nga nnekkaanya ebitone byo
   Onnyambye weebale
   Wamma Ggwe onsaasidde!

5. Ayi Mmanu entukuvu,
   Mugaati gw'eggulu,
   Tuwe obunyiikivu,
   N'ensa mu mirimu;
   Ggwe ntanda y'abatambula,
   Ggwe ndasi z'abazirika,
   Ggwe ddaala ettukuvu,
   Tulinnyise eggulu!

109. MUGGULEWO YEZU ATUUSE

(Jjuuko K. Ben.)

Ekidd.: **Muggulewo, muggulewo Yezu atuuse**
Ayingire, ayingire mu mitima egyammwe,
Nneesiimye leero nange
Okukyaza nze Omulokozi. x2

1. Mulabe amagero Katonda Mwana, Mulabe amagero okujja omwange.
   Nze ani nze gw'okyalidde, Nze ani nze nange omwolo?
2. Oh Kristu Ggwe Katonda, O Kristu ggwe Akaliga;
   O Kristu Ggwe Omukama, Osiimye otya okujja omwange?

3. Laba ekitiibwa kye nfunye nze, Okukyaza omutonzi w'eggulu;
   Sso nga nze sisaanidde, Leero nange nneesiimye.

4. O Omukama Ggwe Katonda, Leero nange akukyazizza;
   Nze nfuuse ennyumba yo kati, Nsiimye nnyo okujja omwange.

110. MUJJE MMWE ABAYALA

(Fr. Augustine Mpagi)

Ekidd.: **Mujje mmwe abayala**
Mujje tugende ewa Yezu
Mujje mmwe, abayala
Mujje tugende ffe atujuna.

1. Tuli babo, Yezu owaffe ggwe omuzira Ffe abayala
   Tuli babo, Yezu owaffe, tukwesiga.

2. Tuzze wamu, tuwe ebirungi eby'obulamu
   Tuzze wamu, tuwe ebirungi tukwesiga.

3. Tussa kimu. Yezu owaffe, otwagala
   Tussa kimu, Yezu owaffe tulunngamye.

4. Tuzze wamu, Yezu owaffe otujuna
   Tuzze wamu, Yezu owaffe tulunngamye.

5. Tuzze kulya, tuwe omubiri gwo ogw'obulamu
   Tuzze wuwo, tuwe ebirungi tukwesiga.

6. Tuli babo, Yezu owaffe, tuzze wamu
   Tuzze wamu, Yezu owaffe, otubbule.

7. Tuzze kunywa, tuwe Omusaayi gwo ogw'obulamu
   Tuzze wuwo, tuwe ebirungi, tukwesiga.

8. Otwagala, Yezu owaffe, otwagala
   Tusazeewo, Yezu owaffe okukwesiga.

9. Otwagala, Yezu Omukama, otwagala
   Tusazeewo, Yezu owaffe okukwesiga.

10. Tukwesiga nnyo, Yezu owaffe, otuzuukiza
    Tukwesiga nnyo, Yezu owaffe, tukwesiga.

11. Tuli babo, Yezu owaffe, tuli babo
    Tuli babo Yezu owaffe tuwanguze.

111. MUJJE TUGENDE EW'OMUSUMBA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Mujje tugende ew'Omusumba, Musumba omulungi,**
Yezu y'atuyita,
Tugende ew'Omusumba, Omukama Yezu y'atuyise.

1. Omukama atuyita okugenda, ggwe wulira Omukama agamba:

   "Mujje, mujje gye ndi mmwe obuliga, Mbawummuze era mbayambeko,
   Mujje , mujje gye ndi, nze Musumba abaagala."
   Mujje ..... Nze Musumba
   Mujje ..... Nze Musumba owammwe abaagala
   Mujje ..... Nze Musumba omulungi atabasudde.

2. Mujje eno nze mulyango ..... Nze mulyango
   Mujje eno nze mulyango .....Nze mulyango ogw'endiga mwe ziyita, nze mulyango.

Atayita mu nze nga munyazi, ...
N'endiga zimugaana, ...
Nze mulyango ogw'obulamu, ...
Nze mulyango ogw'obulokofu .....

Mujje ..... Nze Musumba
Mujje ..... Nze Musumba owammwe abaagala
Mujje ..... Nze Musumba omulungi atabasudde.

3. Mujje eno nze Musumba Nze Musumba
   Mujje eno nze Musumba Nze Musumba omulungi abaagala,
   Nze musumba.

Nze Musumba atalundira mpeera, ...
Mpaayo n'obulamu okubeera zo, ...
Ezange nzimanyi nazo zimmanyi, ...
Nziyita nazo ne zingoberera, ...
Nze Musumba omulungi .....
Mpaayo n'obulamu okubeera zo .....
Nga Kitange bw'ammanyi bwe mbamanyi.....
N'okubaagala bwe ntyo .....

Mujje ..... Nze Musumba
Mujje ..... Nze Musumba owammwe abaagala
Mujje .....Nze Musumba omulungi atabasudde.

112. NDISIIMISA KI NZE OMUKAMA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ndisiimisa ki nze Omukama**
Olw'ebirungi by'ampadde atyo nze,
Ndisiimisa ki nze Omukama, ambedde!

1. Nnalimu okwesiga ne bwe nnagamba nti:
   Nze nga ndabye nnyo!

2. Nze nnatya ne nngamba nti:
   Buli muntu mulimba bulala. *(Ekidd.)*

3. Nnaddiza ki Omukama
   Olwa byonna bye yampa

4. Nja kuddira ekikompe ky'obulokofu
   Nkoowoole erinnya ly'Omukama.

5. Bye nneetemye ew'Omukama nja kubituusa
   Ng'eggwanga lye lyonna liri awo.

6. Kwa muwendo mu maaso g'Omukama
   Okufa kw'Abatuukirivu be.

7. Ayi Mukama, Nze ndi muweereza wo
   Nze ndi muweereza wo, mwana wa muzaana wo,
   Ggwe wasumulula envunba zange.

8. Nja kukutambirira Ekitambiro ky'okukutenda
   Nkoowoole erinnya ly'Omukama!

113. NJAGALA KATONDA *(Fr. James Kabuye)*

1. Njagala Katonda ow'amaanyi asinga
   Katonda Mwana gwe nzirinngana ojja ddi?

Ekidd.: **Jangu Yezu gwe njagala, eyannganza**

2. Nze buli olukedde nnaajaguza wamma,
   Mukama wange n'obuyinza bwo ntya ki?

3. Ggwe Katonda lw'ozze nnaajaguza wamma,
   Onfuula mwana mw'ojaguliza lw'ozze.
4. Mu bunaku bw'ensi sijja kutya onnyamba,
   Katonda w'oli nnaabakinako abazigu.

5. Mu buli ekibaawo tonsuula onnyamba,
   Ompadde bingi n'ondabirira ekitalo.

6. Mugabi Katonda nnaakwebaza osaana
   Ompadde bingi n'oyitiriza wamma.

7. Mu ggulu ne mu nsi nja kwebaza by'ompa
   Oyamba abaavu n'olabirira abatene.

8. Nze ddala nkuwe ki n'omubiri gwo andiisa?
   Nze omuntu omwavu nnaakuwa kaki lw'ozze?

9. Njagala mbeerenga mu Nnyumba yo nga sigivaamu ndi wuwo
   Nga ndi muzaana ewa Ddunda anzaala.

10. Njagala mbeerenga mu Nnyumba yo nga sigivaamu ndi wuwo
    Nga nsinza Taata eyannganza wamma.

11. Njagala mbeere mu Nnyumba yo nga sigivaamu ndi wuwo
    Walondawo nze n'osiima mbe wuwo.

12. Njagala mbeere mu Nnyumba yo nga sigivaamu ndi wuwo
    Nga ntenda bw'oli ow'ettendo ombedde.

13. Njagala nnyimbenga, njagala ntendenga, njagala mbeerenga,
    Njagala mbeerenga, njagala, njagala, njagala mbeere,
    Mu Nnyumba y'Omukama emirembe.

114. NJAGALA NZE *(Fr. James Kabuye)*

1. Njagala nze, njagala kimu nze:
   Okubeera mu Nnyumba y'Omukama emirembe, emirembe, emirembe,
   Mpulire obuwoomi bw'Omukama, nnerolere, nnerolere Ekiggwa kyo,
   Mu Weema yo entukuvu ..... nnerolere, nnerolere Ekiggwa kyo .....
   Mu Weema yo .....
   Mu Weema yo entukuvu, nkutambirire Ebitambiro eby'okujaguza
   N'entongooli ekuvugire Mukama wange ..... Nja kuyimba.
   Nja kuyimba obutamala ..... Nja kuyimba:
   Nja kuyimba, nja kuyimba, nja kuyimba Ggwe Mukama wange.
   Omutima gwange gukugamba, amaaso gange gakunoonya,
   Ayi Mukama nnoonya amaaso go, tonkweka maaso go,
   Nze omuddu wo, tongobaganya, tonjabulira.
2. Ababi bwe bannumba abalabe bange ababi bwe bannumba okunzita .....
   Bawanattuka ne bagwa, bawanattuka ne bagwa,
   Eggye bwe linnumba okunzita, eggye bwe linnumba okunzita .....
   Bawanattuka ne bagwa, bawanattuka ne bagwa,
   Ggwe Obulokofu bwange ayi Mukama,
   Ggwe kigo ekinywevu eky'obulamu bwange, nnaatya ki?
   Nnaatya ki? Nnaatya ki? Ani ate gwe nnaatya?
   (Ne bwe njabulirwa) .... Ne bwe njabulirwa Taata ne Maama,

(Kasita) ..... Kasita Omukama antutte tanjabulira, ampanguza.
Tonjabulira ayi Mukama, tonsuula ayi Mukama, nnindirira
Omukama alijja,
Nzikiriza ate nga ndiraba ebirungi by'Omukama mu nsi y'abalamu.

115. NKUSINZA KABAKA *(M.H.)*

1. Nkusinza Kabaka, Yezu omuganzi ennyo
   Twegatte kaakati Bannaggulu nange.
   Nnemeddwa, Yezu, okwebaza
   Kyokka, siima ettendo lino
   Nzize w'oli, Yezu
   Nzize Ggwe azze gye ndi.

2. Okyadde, Ggwe owange, nneeyanza ky'okoze,
   Nnina essanyu lingi, olw'okuba otuuse
   Olw'ebirungi by'okola
   Ng'oyamba ffe nno abajeema,
   Leero nkwewuunya nze,
   Kuba oyamba abaavu.

3. Nzenna nkwewa, Yezu anti bwe ndi, bwe ndi!
   Nsobi zange nkumu, nnyamba, nfune amaanyi
   Ntwala n'ebyange biibino,
   Nsenza, Yezu nzuuno leero;
   Nnyamba, mbe nze mu abo
   Abaddu bo enkwata!

4. Ye Ggwe Mannu ey'edda, weewa abatambula!
   Tunyweze ku nsi eno, ffenna abajja gy'oli
   Entanda y'abo abeesiga.
   Obuyinza bwo ennaku zonna
   Ye Ggwe, Yezu Ssebo
   Ye Ggwe aliisa abangi.

116. NKULAMUSA NNYO YEZU

(Fr. James Kabuye)

1. Nkulamusa nnyo, Yezu anneewadde
   Anti Ggwe ntanda, mwe tuggya amaanyi
   Yamba era nyweza emyoyo egyaffe,
   Ffe tukwewa ffenna n'essanyu lingi.

2. Ggwe ow'ekisa ennyo, Yezu, nsaasira,
   Nzuuno w'oli Ggwe atuuse gye ndi
   Liisa era nywesa omwoyo kaakati,
   Ndyoke, Yezu, nnwane n'amaanyi amaggya.

3. Ayi Omusumba wa buli muntu
   Beeranga mu nze, twegatte naawe
   Nze ntwala gy'oli, mbe naawe Yezu
   Ng'ebyensi biwedde, ndye embaga eteggwa.

117. NNAAKUYIMBIRANGA *(Fr. James Kabuye)*

1. Nnaakuyimbiranga Ggwe Mutonzi wange,
   Nnaakutenda ku nsi, Ggwe Katonda wange.

Ekidd.: **Katonda Lugaba, nja kukwebazanga**
Nze buli olukedde Ggwe Katonda wange.

2. Njagala Katonda okusinga byonna
Nnaamuyimbiranga mu bulamu bwange.

3. Byonna bye nnina eyabimpa y'ani?
Wabula Katonda eyakola byonna!

4. Bwe nsisimuka enkya nga nkutenda mangu
N'ekiro ndowooza ekisa kyo ku nsi.

5. Oli wa kisa nnyo, Ggwe Katonda wange,
Sirina bigambo bya kutenda byonna.

6. Njagala mmale ensi nga nkuweerezanga
N'amawanga gonna gakumanye gonna.

7. Ndyeyala bulamba nga nkusinza wansi
Ndikuyimbiranga olunaku lwonna.

118. NAAKWEBAZA NTYA MUKAMA WANGE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd. I : **Naakwebaza ntya..... Mukama wange x3**
Naakwebaza ntya Ggwe ankuuma n'ondabirira .....

Ojjuza ebirungi abakwagala ..... Abakwagala
Abakuweereza obakuuma ..... Obakuuma.

//Naabula ki nze, nga ndi naawe ..... Nga ndi naawe
Naabula ki nze, ng'ompanirira ..... Ng'ompanirira//

1. Nga Kitaawe w'abaana bw'abaagala, n'Omukama bw'atyo bw'asaasira abamutya.
Ekidd. II: **Atumanyi nga bwe twakolebwa ajjukira nga tuli nfuufu.**

2. Nga Kitaawe w'abaana bw'abaagala, n'Omukama bw'atyo bw'atwagala abamutya.
Ekidd. II: **Atumanyi nga bwe twakolebwa, ajjukira ffenna kinnoomu.**

3. Ng'oli wa kisa nnyo Ggwe Katonda wange nnaajaguza Ddunda nga nkwebaza by'ompa.
Ekidd. II: **Bye wakola nga bisukkirivu, nze ssibala byonna Ggwe by'ompa.**

4. Wankulembera Ddunda n'onnambika, wangabira amaanyi nnawangula ebizibu.
Ekidd. II: **Bwe nnayita Ddunda wampulira, ng'ojjukira nti tuli nfuufu**.

5. Nzuuno kye nsaba Ddunda okuva kati, n'obwesige nkwewa onnambike mbe wuwo.
Ekidd. II: **Ggwe atumanyi nga bwe twakolebwa, Ggwe wotoli tewaba ddembe.**

119. NNGAMBE NTYA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nngambe ntya, Katonda wange, ozze otya**
Kiwamirembe otuuse
Ozze otya Katonda wange ozze otya
Kiwamirembe otuuse.

1. Ovudde mu ggulu n'ojja Katonda wange,
N'ontunuulira n'ojja okundaba
Okundaba nze bwe nkaba, omunkuseere
N'onzikiriza n'ojja okundaba.

2. Olw'ekisa nze kye ntenda, Katonda wange
Walese eggulu n'ojja onkyalire
Omwoyo gwange gw'onoonya okubeeramu
Gwakujeemera dda nnyo, onsaasire.

3. Ka nkwebaze ku lwaleero okundaba
Toyabulira n'omu akwesiga:
Ab'eggulu n'ab'oku nsi ka twejage,
N'oluyimba olw'eggwoowo, tumwebaze.

4. Ggwe Nnannyini ggulu n'ensi mutalabwa
Kye nkusuubiza sijja kukugoba,
Omwoyo gwange olwaleero gugwo ddala
Tonzikiriza n'onta okukuleka.

120. NNEEGOMBA NNYO NZE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nneegomba nnyo nze okulaba eyantonda**
Omutima gunnuma anti gunnumira oyo!
Ndimulabako ddi nze nno ne mpeera?
Ndabe eyantonda, Katonda wange, mmwagala!

1. Nneegomba Mukama, ennyota emunnumira
Omukama lwe luzzi omwoyo gwange kwe gunywa!
Nsulo y'enneema, Amaanyi agankuuma!
Bwe bulamu bwange, Omukama eyantonda.

2. Mbeera mu maziga, nkaaba bwe nnoonya;
Abalabe bannyiiza anti banjeeja,
Nti: Aluwa Katonda wo Katonda atakuyamba?
Taata: Yanguwa okunnyamba: ndi bubi!

3. Waliwo ekinkeeta ku mwoyo gwange
Njagala mmutwalire abamwagala Katonda wange;
Nnaayinza ntya nze, oba nga tonnyamba!
Mbeera, ayi Mukama, nkuweereze!

4. Lwaki onakuwala, ggwe, mwoyo, gwange?
Gumira mu Mukama, omwesigenga!
Nsinza Kitange, ntenda eyantonda!
Essanyu linzita, Katonda wange: ndayira!

5. Ekiro n'emisana, Katonda wange,
   Mmubeera ku mutima eyannganza!
   Nnaamusanyusanga bwe nti nga nnyimba;
   Sijja kukoowa, obulamu bwange! Amazima.

121. NNEEYANZA MUKAMA *(M.H.)*

1. Nga kyewuunyo Yezu atuuse
   Azze leero ankyalire;
   Onneewadde obe mu nze
   Ow'ekisa, Yezu atuuse!

2. Yezu lw'ojja omwange ondiisa
   Mubiri n'Omusaayi gwo,
   Ndi mwonoonyi, sisaanira
   Ku mbaga yo entukuvu.

3. Nga kyewuunyo: nfuuse nju yo
   Mw'oyingidde lw'ozze leero
   Byonna bibyo, Yezu, twala
   Kye nkusaba: Tova mwange!

4. Nga nneegomba Yezu, ontwale;
   Njigiriza ebigambo byo
   Ddaaki olintuusa gy'oli
   Ku mbaga yo ndiba naawe!

122. NZE ANI AKOOWOOLWA

(Fr. Gerald Mukwaya)

1. Ka twambuke abayite b'Omukama
   Entanda etuuse,
   Musagambize b'ayise kati
   Mwenna abeetegese.

Ekidd.: **Nze ani akoowoolwa**
Nze ani akyaliddwa
Nze ani asembezebwa leero
Ku mbaga y'Omukama.

2. Ekitiibwa kye nfunye kati
   Ate kirina ani?
   Okukyaza Omutonzi w'eggulu
   Era ndi mu ggulu.

3. Alinjagala nga bw'onjagala
   Leero asangwa wa?
   Ggwe wawaayo n'obulamu bwo
   Lwa kunjagala nnyo.

123. NZE MUSUMBA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nze Musumba, Nze Musumba,**
Nze Musumba omulungi abaagala, Nze Musumba x2

1. (a) Nze nzimanyi: nze Musumba;
   Endiga zange; nze Musumba
   Nazo zimmanyi nze; nze Musumba omulungi abaagala
   nze Musumba.

(b) Nze nziyita; nze Musumba;
Endiga zange nze Musumba
Nazo zimmanyi nze; nze Musumba .....

(c) Okuziyamba; nze Musumba
Lye ssanyu lyange; nze Musumba
Zonna ne nzikuuma; nze Musumba .....
(d) Okubulwa emu; nze Musumba
Kwe kunyolwa ennyo; nze Musumba
zonna nzagala nze; nze Musumba .....

II. Mpaayo obulamu bwange okubeera abantu
Nzuuno kale, bonna mbagala. x2

(a) Ssirundira mpeera bantu bange. Tukwaniriza Ggwe Musumba
Kristu ow'obuyinza tukulembere.
(b) Ssirundira mpeera mujje mwenna ,,
Sibasosola abajja mujje mwenna ,,
Sibalirira mpaayo obulamu bwange ,,
N'obwesige nnunda buli ajja yenna ,,
Siyabulira n'omu ampita nze ,,
Nnabalokola sijja kubasuula ,,
Ndibatumira n'ajja Mwoyo wange ,,
Mulyebaza wamma mu ssanyu eyo ,,

124. NZUUNO NKONKONA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nzuuno ku mulyango nkonkona**
Awulira eddoboozi lyange n'aggulawo ndiyingira ewuwe.
Nzuuno ku mulyango nkonkona
Awulira eddoboozi lyange n'aggulawo ndiyingira ewuwe
Ne ndya ekyekiro nga tutudde wamu,
Ne ndya ebyassava nga tuli ffembi, tutudde wamu.

1. Mpulira ayogera nga Mukama wange, nsanyuse na nnyo Yezu lw'ogobye
Mpulira ayogera nga Ggwe Mukama wange,
Yingira jangu Mukama wange, yingira jangu nze akwagala,
Yingira jangu Mukama wange, yingira tuula, tubeere wamu.

2. Mukama nkumanyi nga bw'oli ow'ekitiibwa, nsanyuse na nnyo okuntunuulira,
Weebale okujja gye ndi Mukama wange,
Yingira jangu Mukama wange, yingira jangu nze nkwagala
Yingira jangu Mukama wange, yingira tuula tubeere wamu.

3. Mpulira annamusa nga Mukama wange, nsanyuse na nnyoYezu ankyalidde,
Weebale okujja gye ndi Mukama wange,
Yingira jangu Mukama wange, yingira jangu nze nkwagala
Yingira jangu Mukama wange, yingira tuula tubeere wamu.
4. Mukama nsonyiwa anti nnasobya bingi, nneebaza lw'ozze anti osaasira,
Mukama ndayira nange okunywera ku Ggwe,
Yingira jangu Mukama wange, yingira jangu nze nkwagala
Yingira jangu Mukama wange, yingira tuula tubeere wamu.

125. OBWAKABAKA OBW'OMU GGULU

(Fr. Expedito Magembe)

Obwakabaka obw'omu ggulu, bufaanana nga ssemaka eyafumba embaga ye,
N'atuma abantu, bajje ku mbaga gy'ategese. x3
Jangu jangu, omwagalwa jangu, Mukama wo akuyita akwagala,
Jangu Omwagalwa jangu, Mukama wo akufumbidde ekijjulo.

1. Aaa, nngaanyi, nnina ekizibu, nnina okugezesa ente zange ezo ezirima
   Mukama wange anansonyiwa, mugambe nti: Ssisobodde.

2. Aaa, nngaanyi, nnaguze ekyalo, nnina okulambula ekyalo kyange ekyo
   kye nguze.
   Mukama wange anansonyiwa, mugambe nti: Ssisobodde.

3. Aaa, nedda sijja kusobola, nnina omugole gwe nnyingizza olwaleero,
   Mukama wange anansonyiwa, mugambe nti: Ssisobodde.

   Ssemaka n'akalala, n'akalala n'alagira nti
   "Genda mangu, genda mu nguudo eyo, oleete bonna, bonna, bonna
   b'osanga,
   Abaavu n'abalema, abanaku ne bamuzibe, x2
   Bonna, bonna, bonna, obagabule, ebirungi bye ntegese**.** x2

   Naye bali, naye bali - mpaawo alikomba ku mbaga yange (abo),
   Mpaawo alikomba ku mbaga yange, mpaawo alikomba ku mbaga yange. x2
   Obwakabaka obw'omu ggulu Bwe buliba bwe butyo
   Mu bwakabaka Bwe buliba bwe butyo
   Abeebalankanya bonna Bwe baliba bwe batyo
   Mu bwakabaka Bwe baliba bwe batyo

   Katonda wo akwagala nnyo, akuyita ku mbaga gy'ategese - eyo mu ggulu
   Obwakabaka obw'olubeerera gy'ali, ye mbaga gy'akuyitira ,,
   Obwakabaka obw'olubeerera gy'ali, kye kitiibwa ky'akuyitira ,,
   Okubeera ne Mukama wo Yezu, lye ssanyu ly'akuyitira ,,
   Okubeera n'abalondemu abayite, kye kitiibwa ky'akuyitira. ,,
   Batismu gituukirize - gituukirize - gwe wasenga tomwegaana
   Kye weetema kituukirize - Kituukirize - gwe wasenga tomwegaana
   Katonda wo muyinza nnyo - Nnantalemwa - okusamira okwo kwerabire
   Amasanyu amabi galeke - nago galeke - sitaani takusiikiriza
   Katonda wo mugagga nnyo - mugagga nnyo - ssente tekusuula wabi.

Embaga y'Omukama ng'ekusuba, empeera
y'abalungi ng'ekusuba Ddala ekusuba nnyo
Eggulu gye tugenda ng'olisubwa, empeera y'abalungi ng'ekusuba ,,
Ebirungi by'Omukama ng'obisubwa, Katonda w'abalungi ng'akusuba ,,
Nyiikira olwane masajja toddirira - Nyiikira olwane masajja toddirira. ,,

126. OMUGAATI GWA BAMALAYIKA

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Ekidd.: **Omugaati gwa Bamalayika guugwo**
Omugaati gwa Bamalayika guugwo
Ogwava mu ggulu, gwegwo,
Atagwagala ani?
R/ **Osaana okimanye nti Kabaka wo Yezu ali wano akulinda!**

1. Twejjukize ku bigambo bya Yezu
   Bye yakuutira Abatume be n'Abayigirizwa be,
   Nti Omubiri gwange, kyakulya ddala
   N'Omusaayi gwange, kyakunywa ddala.

2. Katonda y'atuwa amaanyi era ffe y'atunyweza
   Tuleme kugwa mu mitego!
   Tujjumbire okufuna naffe ku Mugaati
   Mu Ukaristia mw'atwegabulira.

3. Twekkaanye obuyinza bwa Yezu

Eyatuula ku mmeeza n'agabula bulungi:
Abasigire n'akkiriza okumuyitanga,
Baddamu bulijjo mu Kitambiro!

4. Emyoyo gya kitiibwa egyo egifuna Katonda
Y'agiyamba ne mu lutalo!
Mugaati gwa muwendo guno twesige Katonda
Mu Ukaristia mw'atwegabulira.

5. Omukama ye mubeezi w'abanaku
Eyafiirira ensi eno n'agiwonya na bingi
Mu Mugaati gwaffe ye Mulokozi
Omuyambi waffe, atuwa engabo.

6. Abantu tweyune obulamu Yezu y'abuleeta
Omulabe talitumenya!
Eddembe lya kunoonya awo
W'olaba Katonda, mirembe na nnaku talitubulako.

127. OMUGAATI GW'OBULAMU

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Omugaati gw'obulamu ogwava mu ggulu**
Guugwo, wuuno Ye Yezu
Guugwo, wuuno Ye Yezu
Ogw'abatambuze Ye Nnyini-bulamu
(Bonna): **Yezu afuuse entanda.**

1. Tweyanzizza, Ssebo omulungi Yezu okutwewa Oyambye!
Tweyanzizza Oyambye!
Tweyanzizza, Ssebo, okutwewa Ggwe.

2. Twesiimye nnyo, Ssebo Ggwe owaffe Ssebo okutwewa Ng'ojja eno
Twesiimye nnyo, Ewaffe
Twesiimye nnyo, Ssebo okuba naawe.

3. Mmwe abayala, nammwe abayonta nammwe abagonvu Mujje eyo
Ewa Nnyini-bulamu Ye Yezu
Abakkuse nnyo nnyini abawe amaanyi.

4. Tukwesiga nnyo, Ssebo tutwale Ssebo otutuse Eka eyo
Gy'obeera Mu kitiibwa
Tukwesiga nnyo Ssebo tutuuse eyo!

5. Ewa Kitaawo, Ssebo, tutwale, Ssebo otutuuse Twesiime
N'abamutenda Mu Kitiibwa
Bannaggulu, naffe nno tube mu abo.

128. OMUKAMA ANNUNDA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Omukama annunda, mpawo kye njula:**
Y'antwala mu malundiro amalungi, ne ngalamira.

1. Yantwala eri amazzi gye mba mpummulira nze,
Omwoyo gwange yaguzzaamu endasi.

2. Yampisa mu bukubo obulongofu,
Olw'okubeera erinnya lye eryo.

3. Ne bwe nnaatambulira mu kiwonvu ekikutte enzikiza
   Sitya kabenje, kuba Ggwe oli nange.

4. Wantegekera olujjuliro nze,
   Ng'abalabe bange batunula.

5. Omutwe gwange ogusiiga omuzigo;
   Ekikompe kyange ne kibooga.

6. Ekisa n'omukwano gwo bingoberere
   Ennaku zonna ez'obulamu bwange.

7. Nneegomba okusula mu Nju y'Omukama,
   Emirembe n'ennaku.

129. OMUKWANO GW'OMUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Omukwano gw'Omukama ndiguyimba**
Omukwano gw'Omukama ndigutenda
Omukwano gw'Omukama ndiguyimba emirembe gyonna.

1. Ggwe wanngamba nti Omukwano gwa lubeerera,
   N'obwesige bwo mu Ggulu eyo bwa mirembe gyonna.

2. "Endagaano gye nkubye ya mirembe na mirembe",
   Omukama yalayira ya mirembe gyonna.

3. Nga asuubiza Daudi omuddu we amugamba,
   Nti omukwano gwa mirembe gyonna.
4. "Nja kunyweza ezzadde lyo emirembe",
   Bwe yalayira emirembe gyonna.

5. Talituggyako omukwano gwe atugamba,
   Nti: Omukwano gwa mirembe gyonna.

6. Omukama talikyusa kye yalayira atugamba,
   Nti: Omukwano gwa mirembe gyonna.

7. "Sirimuggyako mukono gwange, amazima
   Sirijjulula kyonna ekyo kye nneetema.

8. Agulumizibwe Omukama emirembe gyonna
   Bwe kiba kiba, kibe kityo, kibe kityo!

130. OMWOYO GWANGE GUGULUMIZA OMUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Omwoyo gwange gugulumiza Omukama**
Omutima gwange gujaguliza mu Katonda Mulokozi wange.

1. Omwoyo gwange gugulumiza Omukama,
   N'emmeeme yange ejaguliza mu Katonda Mulokozi wange.

2. Kubanga yatunuulira obutene bw'omuzaana we nze,
   Okuva leero amazadde gonna ganampitanga wa mukisa.

3. Kubanga Nnyini-buyinza yankolamu ebinene,
   N’erinnya lye ttukuvu nnyo.

4. Ekisa kye ku bamutya bonna,
   Kibuna amazadde gonna.

5. Omukono gwe yagukoza ebyamaanyi,
   Abaali beekuza mu birowoozo byabwe yabasaasaanya.

6. Abobuyinza yabaggya ku ntebe,
   N’agulumiza abatene.

7. Abayala yabajjuza ebirungi,
   Abagagga n’abaleka buggo bonna.
8. Yalyowa Yisraeli omuweereza we,
   Ng’ajjukira ekisa kye kiri.

9. Nga bwe yagamba bajjajjaffe okukigirira
   Yibraimu n’ezzadde lye emirembe gyonna.

131. ONNEEWADDE, YEZU

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Onneewadde, Yezu onkyalidde, nneesiimye**
Leero nneeyanze ntya, Yezu, weebale
Onneewadde, Yezu onkyalidde, nneesiimye
Yezu owange!

1. Ono omukungu gwe nkyazizza Yezu
   Katonda w’eggulu, onneewadde!
   Nze omuddu wo nno gw’okyalidde, Yezu,
   Owekitiibwa, leero ombiise!

2. Luno oluyimba lwe nkooloobya, Yezu
   Nze olw’okukwebaza, siddirira!
   Katonda w’eggulu ankyalidde, Yezu
   Leka nkuyimbire, ozze omwange.

3. Mmwe Bamalayika abamuyimba, Yezu
   Mwetabe tuyimbe ffenna!
   Nze nnaamutenda n’abomu nju, Yezu
   Ye ono Omulokozi ali ewange.

4. Kati ggwe naaza gw’okyalidde, Yezu
   N’Omusaayi gwo ogwayiika;
   Kati tukuza by'osanzeemu, Yezu
   Nfuuke mulungi nzenna Yezu.

5. Ng’ako akaseera kantuuseeko, Yezu
   Ak’okufa tugende ffenna,
   Nze tonjabulira, onkuumanga, Yezu
   Ntuukeko eyo eka ewaffe.

132. OTUMBIDDE WAGGULU EYO

(Fr. James Kabuye)

1. Ayi Mukama atendebwa, Kitaffe
   Ggwe watutonda, Ggwe agaba obulamu

Nga wayoleka amaanyi go, Omuyinza
Ddunda b'oganza, bakutende nnyini.

Ekidd.: **Otumbidde ddala waggulu eyo**
Mu Bwakatonda bwo obutaggwaawo
Otumbidde ddala waggulu eyo
Mujje tumwebaze, ye Mukama waffe.

2. Tukuwa ettendo ffenna wamu mu nnyimba
Ffe nno b'olyoye na bonna eyo gy'oli
Bikuyimba Ggwe eby'oku nsi ebitonde,
Anti Ggwe ofuga bye watonda enkumu.

3. Ndi musanyufu nga sirina kudaaga
W'oli, siijule, Ggwe omulungi bw'otyo
Lwe nnakuyita mu bizibu Kitange
Wajja n'onnyamba, ka nkutende Ssebo.

4. Ayi Mukama abaana bo abalonde
Twebaze Ssebo, Ggwe atuganza bw'otyo,
Nga wayamba ffe ne tugoba sitaani,
Tuyitwa abaana be walyowa, Ssebo.

5. Mwoyo Mukama, Mutukuvu Omutendwa,
Patri ne Mwana mwenkanye ettendo
Ggwe wabituwa ebitone byo mu bungi,
Wajja n'ewaffe otuule Ggwe mu ffe.

133. OZZE OMWANGE *(Tereza Kalenzi)*

1. Ozze omwange Nneeyanzizza
Onkyalidde Nneeyanzizza
Nga nneesiimye Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

2. Onneewadde Nneeyanzizza
Wenna Yezu Nneeyanzizza
Nga nneesiimye Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.
3. Ondeetedde Nneeyanzizza
Enneema ezo Nneeyanzizza
Ze nneetaaga Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

4. Byonna ebirungi Nneeyanzizza
Obimpadde Nneeyanzizza
Nga nneesiimye Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

5. Bamalayika abo Nneeyanzizza
Bonna mbasinga Nneeyanzizza
Nga nneesiimye Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

6. Omwoyo gwange Nneeyanzizza
Kati nnyumba yo Nneeyanzizza
Oh! Toguvaamu Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

7. Obulamu bwange Nneeyanzizza
Mbukuwadde Nneeyanzizza
Njagala nkufaanane Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

8. Ompe amaanyi Nneeyanzizza
Nnwanyise sitaani Nneeyanzizza
Omulabe waffe Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

9. Nkusaba Yezu Nneeyanzizza
   Mu bwokufa Nneeyanzizza
   Nfe bulungi Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

10. Nkutuukeko eyo Nneeyanzizza
    Ewa Kitaawo Nneeyanzizza
    Nneesiime Naawe Nneeyanzizza, nneeyanzege, Yezu onkyalidde.

134. SSAKRAMENTU ETTUKUVU *(M.H.)*

1. Ssakramentu Ettukuvu
   Yezu lye yekweseemu
   Tulisinze n'okutya,
   Wamu n'okulyagala.

2. Ebyedda byo byaggwaawo,
   Kino kye Kitambiro
   Yezu kye yaleetera
   Bonna abamukkiriza.
   5. N'ekikompe bwe kityo
      Bonna baakikombako,
      Ne banywa omusaayi gwe
      Nga bwe baalya ennyama ye.

   6. Ebyo nga bikoleddwa,
      Awo n'abakuutira:
      "Kino mukikolenga
      Mwenna okunzijukira".

135. TE DEUM, GGWE KATONDA TUKUGULUMIZA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ggwe Katonda**
Tukugulumiza
Ggwe Mukama
Tukutendereza.

1. Ggwe Katonda tukugulumiza
   Ggwe Omukama tukutendereza,
   Ggwe Patri ataliiko kusooka
   Ensi yonna ekutendereza.

2. Ggwe gwe batendereza Bamalayika bonna
   N'eggulu n'amaanyi gonna we gafa genkana
   Ne Bakerubimu ne Basserafimu
   Bakoowoola obutassa nga bakuyimbira.

3. Mutuukirivu Mutuukirivu,
   Omukama Katonda ow'obuyinza
   Bijjudde ensi n'eggulu
   Obukulu bw'ekitiibwa kye ekyo.

4. Ekibinja ky'abatume eky'ekitiibwa
   N'abalanzi ab'ettendo bakutendereza,
   Eggye ly'abajulizi eritemagana ennyo
   Likutendereza.

5. Mu nkulungo y'ensi yonna w'efa ekoma,
   Eklezia Omutukuvu
   Ggwe Patri ow'obukulu obutagereka,
   Akutendereza.

6. Wamu n'Omwana wo omutiibwa,
   Ggwe wazaala yekka oyo
   Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu Omukubagiza
   Akutendereza.

7. Ggwe Yezu Kristu Kabaka ow'ekitiibwa
   Oli mwana wa Patri ataliiko kusooka,
   Bwe wateesa okulokola omuntu wagaana
   Okwenyinyala enda y'Omubiikira.....

8. Ggwe wawangula olumbe,
   N'oggulirawo abakukkiriza obwakabaka bw'eggulu.
   Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Katonda mu kitiibwa kya Kitaawo oyo,
   Ffenna tukkiriza ng'olijja okutulamula.

9. Tukwegayiridde nno abaddu bo bajune,
   Be wanunuza Omusaayi gwo nno ogw'omuwendo,
   Bawe okumenyerwa mu Batuukirivu,
   Mu kitiibwa ekitaliggwaawo.

10. Ayi Mukama abantu bo balokole,
    Ezzadde lyo liwe Omukisa,
    Balunngamye, badduukirire,
    Okutuusa ensi lw'eriggwaawo.

11. Buli kanaku tunaakutenderezanga,
    Ne tugulumiza erinnya lyo ennaku zonna,
    Emirembe ne mirembe ,
    Kkiriza ayi Mukama olunaku lwa leero
    Okutukuuma nga situkoze kibi.

136. TE DEUM, GGWE KATONDA TUKUGULUMIZA *(Fr. James Kabuye)*

1. Ggwe Katonda tukugulumiza,
   Tukubbiramu Ggwe Mukama waffe,
   Kitaffe ow'emirembe gyonna,
   Ensi yonna evunname ekusinze.

   Ekidd.I: **Tukugulumiza tukutenda Ggwe Katonda**
   Tukugulumiza tukutenda Ggwe Kagingo
   Ffe tukwagala nnyo Ddunda Omutonzi.

2. Bamalayika bakutende,
   Bannaggulu bonna bakwebaza,
   Bakerubini Basserafini,
   Bakugulumize nga bayimba.

   Ekidd.II.: **Mutuukirivu, Mutuukirivu nnyo (***Bass:* **Hosanna)**
   Mutuukirivu, Mutuukirivu nnyo (Omukama Katonda w'amagye).
   Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi
   Osaanira kutendwa. (Osaanira kutendwa).

3. Ennyiriri z'abatume ez'ekitiibwa
   Ekibinja ky'abalanzi eky'ettendo,
   Bakugulumize nga bayimba. *(Ekidd. II)*

4. Eggye eryeru ery'abajulizi abaafa
   Olwa Kristu abaayiwa omusaayi,
   Bakugulumize obutakoma; *(Ekidd. II)*

5. Okuva ddala ne ku nsi eyo gy'ekoma
   Eklezia Omutukuvu akwatule,
   Akugulumize obutakoma; *(Ekidd. II)*

6. Ggwe Kitaffe ow'ekitiibwa ekitagooka,
   Omwana wo omu yekka tumusinze,
   Ne Mwoyo Mutukuvu atuwolereze. *(Ekidd. II)*

7. Ggwe Kristu Kabaka omutiibwa,
   Omwana wa Kitaffe ow'emirembe,
   Bwe wafuuka omuntu olw'okutulokola,
   Tewenyinyala enda y'omubiikira. *(Ekidd.I)*

8. Ggwe eyawangula olumbe luli,
   Obwakabaka bwa Kitaffe n'obuggulawo
   Eri abo bonna abakukkiriza,
   Tugulumize nga tukwebaza. *(Ekidd.I)*

9. Ggwe atudde ku ddyo ogwa Kitaffe,
   Mu kitiibwa eky'emirembe gyonna,
   Olidda edda okutulamula,
   Kye wasuubiza kirituuka. *(Ekidd.I)*

10. Ggwe eyalokola abantu bo,
    Mu musaayi gwo ogw'omuwendo,
    Komawo Yezu ffe tuwanjaga,
    Komawo Yezu Ggwe Omulokozi. *(Ekidd.I)*
11. Tutuuze mu Batuukirivu eyo
    Mu kitiibwa kyo ekitakoma,
    Tuwe ekifo eyo kye wasuubiza,
    Mu nnyumba amakula eya Kitaffe. *(Ekidd.I)*

137. TUJAGUZE *(W.F.)*

1. Tujaguze tukube olube,
   Tuyimbe ffenna n'essanyu:
   Yezu azze wano ewaffe! x2
   Tumutende ffenna wamu.

2. Ebigambo bya Konsekrasio
   Bimuleese mu Ostia;
   Eyafiira ku Kalvario x2
   Ali ne wano mu Missa.

3. Yezu wange, Tabernakulo
   Ye nsiisira yo mw'obeera;
   Emisana era n'ekiro x2
   Ng'omaze okwetambira.

138. TUKWEBAZA PATRI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tukwebaza Patri, olw'Omwana wo Yezu,**
Gw'otuwadde Ssebo,
Tweyanze Kitaffe.

1. Twewuunya bw'oganza, ffe abantu abaajeema
   Ffenna otuliisa anti, n'oyo Omwana wo Yezu.

2. Tweyanze nnyo Yezu, y'oyo emmere yaffe
   Etukkusa nnyini, n'ewa obulamu obuggya.

3. Yiino embaga entuufu, ey'abaana abasa,
   Otuddiza Ssebo, ku ebyo ebitone ebyaffe.

4. Ssebo by'otugambye, mu Yezu Omwana wo,
   Tujja kubyoleka, ne mu mayisa gaffe.

5. Patri tukwebaza, wamu n'Omwana wo,
   Mwoyo Mutukuvu, Naawe mwenkanya ettendo.

139. TUKWEWUUNYIZZA, YEZU

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

1. Tukwewuunyizza, Yezu .....Yezu .....
   Ggwe Mukama, Ggwe Mulokozi,
   Ggwe Katonda! Kristu ye Mulokozi gwe tumanyi!

2. Otuzzizzaamu amaanyi
3. Tukukkiririzaamu, Yezu
4. Omulokozi oli wa kisa
5. Omulokozi, otutukuzza
6. Otubbudde, otunyirizza

a) Tukwewuunyizza, Yezu, tukwesiga
   Yezu otumatizza Yezu otumatizza, Yezu tukwesiga: wa maanyi!

b) Oli mumegganyi ow'entiisa ow'amaanyi, Yezu oli muzira
   Yezu oli muzira, Yezu tukwesiga .....

c) Naffe abagoberezi b'Omukama twekembye, Kristu atuwagira
   Kristu atuwagira, Yezu tumwesiga .....

d) Tufuuse bazira olw'Omukama eyazuukira, Yezu atuwanguza
   Yezu atuwanguza, Yezu tumwesiga .....

e) Onakuwala ki ng'Omukama eyakwagala akuyita okuzuukira!
   Akuyita okuzuukira, Yezu tumwesiga .....

f) Anoowangula atya sitaani ng'oli ne Yezu awo ku lusegere?
   Awo ku lusegere, Yezu tumwesiga .....

g) Tulifuna tutya empeera nga titulwana wabula okugayaala?
   Wabula okugayaala, Yezu tumwesiga .....

h) Tetukyadda mabega nga tuyita n'Omwana; Yezu awulira atya?
   Yezu awulira atya, Yezu tukwesiga .....

i) Tukwewaaniramu, Yezu olwa Batismu, Mukama, tuli babo
   Mukama tuli babo, Yezu tukwesiga .....

140. TWANIRIZE KRISTU OMUGENYI OMUKULU *(Kayongo Ponsiano Biva)*

Ekidd.: **Twanirize Kristu omugenyi omukulu**
Ali kati mu ffe wano
O! Kya magero kikulu nnyo
Yezu okujja n'abeera mu ffe, n'afaanana nga ffe!
Azze Omusumba Omulungi, alambudde endiga ze,
Azze, azze, azze, atuliise.

1. Tukwanirizza Kristu, Kristu Ggwe Kabaka waffe (Tulabira wa? x3
   Omwagalwa omutiibwa ow'ekisa, omuteefu. (Tulabira wa?

2. Tukwebaza nnyo Kristu, Kristu atuwa Ggwe byonna (Tulabira wa?
   Eby'eggulu abireese ka naffe twenyweze.

3. Tunaakuwa ki Kristu Ffe nno ffe abankuseere
   Kiki ddala ekirungi, ku bwaffe?

4. Tukwekola nnyo Kristu Kristu Ggwe atugatta ffenna
   Ow'ekisa tunyweze ffe mu ggwe tugumenga.

5. Tukwagala nnyo Kristu, Kristu Ggwe Omusumba waffe
   Ffe abantu bo tutwale tulambike otunyweze.

6. Tukwesiga nnyo Kristu, Kristu Ggwe omulungi waffe
   Kulembera otutwale, tuwanguze otutuuse.

141. TWANIRIZE OMUGENYI WAFFE

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Twanirize omugenyi waffe** **Y'ono omutiibwa**
Yezu y'atukyalidde **Y'ono omulungi**
Yezu y'atukyalidde leero **Y'ono omutiibwa**
Leerooooo **Y'ono omutiibwa**
Bonna: **Yezu Kabaka, azze eno!**

1. Tulabira wa, Yezu Ggwe omulungi
   Tulaba ku ki, Yezu Ggwe omuteefu, ozze eno olwaleero
   Nnamugereka owaffe, Ggwe otusenze
   Nnyini-bulamu Yezu Ggwe omuyinza ozze eno!
2. N'ebirungi byo Yezu obireese
   N'ogabirako abaana be waganza oyambye n'otuliisa,
   Olw'obulungi bwo tota na kutwewa
   N'otujjuza enneema ezo amatendo; Ggwe owaffe.

3. Otugabula Yezu ng'otuliisa
   N'otukkusa Mannu amatendo, ng'otwewa n'otuliisa,
   Ffe bwe tugirya tufuna amaanyi
   Ne tutambula naawe ng'otutwala ewaffe!

4. Ku kikolo kyo anti kwe tusimbye,
   Ffe tunywerera ku Ggwe ng'otuliisa, ng'otwewa n'otunyweza
   Mu mukwano gwo omwo Ssebo tunyweze;
   Ebiragiro naffe tubinyweze; lye kkubo.

5. Tusaba kimu, Yezu Ggwe omulungi
   Tukutuukeko eka eyo mu kitiibwa, ewaffe gy'obeera
   Mu lubiri lwo, Yezu tukutende
   Mu kitiibwa kyo naffe eyo tutuuse, twesiime.

142. WANJAGALA NNYO MUKAMA WANGE *(Kayongo Ponsiano Biva)*

Ekidd.: **Wanjagala nnyo Mukama wange,**
Wambiita Lugaba
Nze atalina bwe ndi mu maaso go,
N'okkiriza mbe omwana.

1. Nze ani gwe walonda, nze ani gwe waganza?
   Nze ani gwe wabiita, nze omwonoonyi bwe nti, Lugaba.

2. Ddunda ekisa kyo, kingi nze nkitenda.
   Anti Ggwe wasiima, okunfuula omwana Lugaba.

3. Bye nkola nze Taata, bingi bye bikyamu,
   Mu maaso go nze ne nswala, ate Ggwe n'onnganza Lugaba.

4. Nze nno nga nkunyomye, bwe ntyo nga nkugaanyi
   Tewandeka kuwaba kubula, wannoonya Ddunda, Lugaba.

5. Kwagala kwo Ddunda gye ndi nze kusuffu,
   Wasaasira nze n'ombiita, wantumira Omwana, Lugaba.

6. Zaamuyinga Yezu, zaamukaabya bambi,
   N'akomererwa ku musaalaba, n'afa okubeera nze! Lugaba.

143. WANTONDA OW'OBUYINZA

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Wantonda, ow'obuyinza Yezu
   Wannganza, ka nkubiite nange;
   Wankwana, nkwagala Ggwe owange,
   Ntwala, omulungi gy'oli.

   Ekidd.: **Leero, Omutonzi wange**
   Gwe ndayira, Mukama wange!
   Nfune enneema ey'okukulaba
   //Mbeere, Katonda wange,
   Eyo omulungi gy'oli. x2

2. Wandyowa n'onzigya awabi nze;
   Nneeyanzeege, Omulokozi Ggwe!
   Wansenza, sirikudduka nze,
   Ntuusa, Omulungi, gy'oli.

3. Nneesiimye olw'okuba, Mukwano
   Gwe mpaana wa kisa anti kingi
   Nneegomba nze mmusanyuse nno,
   Ntuuke, Omulungi gy'ali.

4. Sserimba, ndikutuuka, Yezu!
   Gwe nsuuta, nsaasira, Omutiibwa.

Wansenza, sirikudduka nze,
Eyo, Omulungi gy'oli.

5. Gwe nninda, oluddewo okutuuka!
Lwaki nno nze okudaaga bwe nti?
Nkoowodde ne nkuyita ontwale
Jangu, Omulungi Yezu.

144. WEEBALE OKUTWEWA *(Kaloli Lwanga)*

Weebale okutwewa: Yezu
Nga bwe wagamba: Tweyanzizza
Weebale okutwewa: Yezu
Nga bwe wagamba: Tweyanzeege.
Ddala ddala Tweyanzizza
Ddala ddala Tweyanzeege
Ddala ddala Tweyanzizza
Ddala ddala Tweyanzeege.

1. Kati nga tumaze okukkusibwa n'Omubiri gwo
Mu Ukaristia entukuvu eno:
Tukuume mu mukwano gwo ogw'obulamu obutuufu.

2. Lino Essakramentu lye tufunye
Lye litufaananya Biikira Omuzadde;
Anti gwe yazaala gwe tufunye
Y'atuddiza omukwano ogw'obulamu obutuufu.

3 Nange okuva kati, Yezu, nkulagaanya kimu;
Nga bw'onneewadde nange nkwewadde;
Mu mayisa gano agange wamu ne mu birowoozo;
Anti ogwo gwe mukwano ogw'obulamu obutuufu!

145. WULIRA AKUYITA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Wulira akuyita Omukama akwagala**
Genda gy'ali Omukama akwagala
Wulira akuyita Omukama akwagala
Okwagala okusinga awo olikusanga wa ggwe!

1. Wulira Omukama agamba:
Nnajjirira kunoonya ababuze!
Mujje gye ndi ababonaabona
Nnaabawummuza.

2. Anti Yezu ge maanyi g'abalwana
Bw'aba naffe tuba bagumu nnyo
Anti Yezu lye ssanyu ly'abalungi
Era ge maanyi mu banafu abakooye.

3. Wulira era nno okwagala okuyinga:
Yezu yalonda asigalenga naffe!
Era ali awo, amazima, akulinze!
Kale genda, weyolekeyo ggwe!

4. Ebyasoba eby'edda amazima biwedde
Ekisa ky'Omukama kati kikulinze!
Biri eby'edda, mazima, biveeko!
Genda ew'Omukama, mube ba mukwano.

146. YEZU GGWE SSANYU LYANGE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Yezu bwe nkulowooza mpulira essanyu mu mwoyo,**
Kyokka bwe mbeera naawe mpulira okwagala okw'ekitalo
Mpulira, mpulira Mukama wange nkwagala. x2

1. Tiwali kisanyusa nga Ggwe - tiwali, tiwali, byonna bintu bityo
   N'ebivuga eby'ebinyuma ebyo
   N'ennyimba ezinyuma ezo
   N'ebingi ebisanyusa ebyo
   N'obugagga obw'ensi eno
   N'emikwano egy'ensi eno.

2. Nga nkwewuunya by'okolera nze omwonoonyi
   Mukama wange onjagala nnyo
   Nze ani leero - gw'owembejja nze okumbalira
   Mu b'oganza mikwano gyo
   Ye ani leero gw'otojuna ffenna ku nsi
   Mukama waffe tujja wuwo - tujja wuwo.

3. Mpa okukulabanga mu kubonaabona
   Mbeeko nange ke nkukolera nga mbakwatirako
   Mpa okukulabanga bw'obonaabona
   mbeeko nange kye nkukolera
   Nsaanire okubeera muganzi wo
   Akujjanjaba, n'akuliisa n'akulambula
   N'akusuza ng'oli mugwira.

4. Nnindirira nnyo nninda - nninda akaseera Ggwe k'omanyi
   Lw'olijja n'ontwala - n'ontwala eyo gy'obeera
   Oyanguwanga n'onkima mukwano gwo nze omunafu
   Onnyambanga Ggwe Omulamuzi
   N'onnamula ng'oli wa kisa
   Ndiraba ntya ntudde eri n'abalungi abalondemu
   Nga nkulabako nti ddala ddala?
   Ha! Mukama wange lulikya ddi?
   Lwe nneesunga, lwe nneegomba.

147. YEZU NNAKWAGALA DDA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Yezu nnakwagala dda ne nkumanya**
Ggwe Katonda wange gwe njagala!

1. Wava mu ggulu eyo n'ojja omponya
   N'onfuula omwana ow'essanyu.

2. Patri Kitange yakundaga dda:
   Nti ono ye Mwana, mumuwulirenga!

3. Yoanna Batista n'akwanjula
   Nti: Akaliga kaako akaggyawo ebibi! O.....!

4. Ku mbaga y'e Kana weeraga ggwe
   N'oyoleka ekitiibwa n'ekisa kyo!

5. Ku Lwokuna Olutukuvu, Mukama wange,
   Weewaayo Ggwe Yezu, ofuuke mmere! O.....!

6. Baakubonyabonya ggwe, wanjagala,
   N'onfiirira, Kitange, ku musaalaba.

7. Ate wazuukira, Yezu, n'omponya,
   N'onzigulira nze eggulu eryo.

8. Buli lunaku, Yezu obeera nange
   N'ongabira ebirungi ebyo mu Missa!

9. Bwe nkufuna Yezu, liba ssanyu
   Ate bwe nkufiirwa, ziba nnaku nsa.

10. Ka nfiirwe emikwano n'amasanyu
    Nneesibe ku Yezu eyanjagala!
11. Ebyensi eno Yezu, tibimatiza:
    Eyeemalira ku Ggwe y'amatira: O ....!

12. Omwoyo gwange, Kristu teguweera:
    Okuggyako, Ggwe Yezu, nga gukuzudde O .....!

13. Nnyamba, nkuweereze Mukama wange;
    Lulikya, olundi, ne nkulaba: O .....!

148. YEZU WAFFE TUZZE GY'OLI *(W.F.)*

1. Yezu waffe tuzze gy'oli
   Ffenna tutuule ku mbaga yo:
   Omwoyo gwo n'omubiri,
   N'obwakatonda biri omwo
   Tubiggyamu obulamu.

2. Nze omwonoonyi okuyitwa
   Ku mbaga ya Bamalayika.
   Okwegatta ne Katonda,
   N'okukkuta ebitatendeka,
   Ayi Mukama, sisaanira.

5. Wuuyo ajja gwe nsuubira:
   Omuwombeefu, omuteefu.
   Nze mmulaba, mmuwulira,
   Ayagala okundaba mangu
   Kale, Yezu jangu, jangu.

149. YEZU WANGE AZZE *(W.F.)*

Ekidd.: **Yezu wange azze**
Mu mwoyo gwange
Ensi wamu n'eggulu
Mumubbiremu.

1. Owange, kikuuno
   Emmeeme yange,
   Kaakano efuuse
   Tabernakulo.
3. Kaakano mbasinze

Bamalayika
Mulaba Katonda
Nze nno mmulidde.

4. Abatuukirivu
Munsanyukire!
Omugenyi wange
Ye Nnyiniggulu.

7. Ggwe Katonda wange
Ng'onjagala nnyo
Obeeranga wange
Nange mbe wuwo!

150. YEZU WEEBALE KUKKIRIZA

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Bonna: **Yezu weebale kukkiriza kuyingira mwange**!
Eddembe lizzeewo, kaakati ndi muggya!
Nze nnyumba ya Katonda

Ekidd: **Guno omukwano gw'onjolesezza si mutene Yezu,**
Nnantabwaza gw'okyazizza nnaagunyweza ntya
Nnaakola era kye nnaasobola obutagutta.

1. Singa mpisa obulungi ne nnywerera ku Yezu
Kwe kwebaza okutuufu nze nnyumba ya Katonda
Ne nneeresa ebikyamu ebisika ebyensi eno
Olwo eggulu nga lyange nze nnyumba ya Katonda
Olwo eggulu nga lyange nze nnyumba ya Katonda. x2

2. Yezu, Ggwe kkubo nja kwewala obukyamu
Mbeere ne Yezu wange nga nkwata bulungi
Ebigambo byo eby'obulamu: Anti akugoberera
Taatambulirenga mu nzikiza, Yezu, Ggwe kkubo!

3. Yezu ge mazima! Nnaalwanyisa obulimba
Nnaalwanyisa obukuusa: Yezu nnongoosa,
N'ogwange omutima gube ng'ogugwo.

4. Yezu bwe bulamu! Obulamu mbwetaaga sikyaddayo
Kufa mu mwoyo ka nnewale ekibi Kabaka Yezu!
Nneeyanze nnyo! Omutima gwange gwonna guli ku Ggwe wekka,
Omulabe siimuggulire kuyingira. x2
(Ddamu:* Yezu weebale kukkiriza *.....)

151. YEZU YE MUGENYI WANGE

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Yezu ye mugenyi wange**
Nkyazizza Nnyini-bulamu
Alintwala eyo mu ggulu
Mu budde obw'okufa.

1. Wakyogera ayi Mukama
Anti alya Ennyama yange
N'anywa era n'Omusaayi gwange
Nti ndimuzuukiza.

2. Maria Mmange olwaleero
   Nteekwa okukwebaza
   Ggwe eyatuzaalira nnyini
   Omugenyi wange.

3. Mmwe Bamalayika mwenna
   Muyimbe alleluia
   Nammwe abakristu bannange
   Muddemu alleluia.

4. Nzikiriza era nsuubira
   Byonna bye wagamba
   Mpa okukwagalira ddala
   Okutuusa okufa.

5. Ekitiibwa kibe kimu
   Patri, Mwana, Mwoyo
   Wonna mu ggulu ne mu nsi
   Emirembe gyonna.

EZ'AMATUUKA

152. ABEERA WA OMUKYALA

(Joseph Kyagambiddwa)

Ekidd.: **Abeera wa Omukyala**
Alituzaalira mu nsi Omununuzi ani?
Ndi musanga wa?
Mbu sso e Nazareti ewaabwe
Baamulangako ab'edda Nnamasole
Nti: Aliba Maria! x2

I

Bannange, tusanyuke nnyo
Twesiimye, baganda bange
Mbadde anaatera okuzaalwa

Ekidd.: **Nkoowoola Maria Maama gwe nzirinngana,**
Yezu k'ansenze mbe nga muddu we.
Nngenze e Nazareti, sidde
Gwe nzirinngana Yezu k'antwale ne mmuweereza!

Bwe ngenda ewuwe, sizaaye
Nja kulokoka, anti olwo nze nja kuzaawuka x2
Nkwagala nkole ntya ggwe balinnanga!
Nkwagala nkole ntya. x2

Ekidd.: **Anaandaga Omutiibwa, mwana muwala ye ani?**
Katonda nzize, nze ne mmusinziza

Mu nda ye, Omulindwa Yezu
Mmwagala kuyinga owaffe Omulokozi
Azaalwa Maria. x2

I

Yezu Omwana wa Katonda
N'afuuka omutonde azaalwe
Y'azze anaatera okuzaalwa

Ekidd.: **Ew'Omukyala nkyadde, nnamaga mmusange**
Ate oluvannyuma mbe, mbe nga n'omuto
Ng'azadde Maria Omwana, ne mbaweerezanga eri
E Nazareti bo nga nnyamba Maria! x2

I

Gwe nninda, laba nkulinda
Nninda Ggwe mulindwa wange
Bwa ddi obudde obw'okuzaalwa?

153. AKOMAWO KRISTU OW'OBUYINZA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Akomawo Kristu ow'obuyinza alebaaleba Kristu mu bire x2**
Jangu Omulokozi atwesiimya, jangu, jangu otubbule,
Jangu Omulokozi atwesiimya, jangu, jangu.

1. Omuwanguzi ajja, Kristu Omulangira, atuuka.
   Atuuka, mulabe ajja, Omununuzi Kabaka ajja
   Katonda waffe ajja, mugume mmwe atuuka.
   Katonda waffe ajja, abataase abaweere.
   Abanjule eri Kitammwe mmwe abaana be.

2. Omuwanguzi ajja, Kristu Omulangira atuuka,
   Owaffe, mutakyuka, mmwe abamumanyi temutya mmwe.
   Katonda waffe ajja, mugume mmwe alijja,
   Katonda waffe ajja, abaweere, abataase
   Abanjule eri Kitammwe abaagala.

3. Omuwanguzi ajja, wuuno omulangira atuuse,
   Atuuka, mulabe ajja, Ggwe Omununuzi yimuka ojje
   Katonda waffe ajja, mugume mmwe atuuka,
   Katonda waffe ajja, atutaase, atuweere.
   Atwanjule eri Kitaawe ffe abaana be.

154. GGWE KATONDA W'ENSI JANGU OTULOKOLE *(Fr. James Kabuye)*

1. Ggwe Katonda w'ensi jangu otulokole,
   Kristu Katonda alijja jangu otulokole.

2. Ggwe Katonda w'ensi tosunguwala, sonyiwa ebibi byaffe,
   Jjukira ekibuga kyo kisigadde ttayo.

3. Laba ekibuga Yeruzalemu bwe kifuuse amatongo kyonna,
   Sso nno ye nnyumba y'ekitiibwa kyo mwe baakutendanga.

4. Ggwe Katonda w'ensi eno tusaasire, twonoonye tukirako abagenge,
   Ffenna anti tugudde ng'obukoola bw'oku muti ogukalidde ddala.

5. Laba ebibi bwe bitusaasaanya ng'oyo kibuyaga akunta ennyo.
   Ggwe nno otukwese amaaso go ago otulekeredde.

6. Ggwe eyatutonda, amaaso go gazze ku ffe abanakuwadde bwe tuti
   Yamba otutumire gw'ogenda okusindika.

7. Omwana w'Endiga alifuga ensi, musindike ng'omuggya mu
   Njazi ez'eddungu: Omutwoleke Sioni: atuteme mu kikoligo.

8. Bantu bange; muweere, muweere obulokofu bwammwe bujja mangu, x2
   Mufiira ki ennaku, kuba obulumi bubayinze?
   Nnaabalokola, muleke kutya mmwe x2
   Nze Mukama wammwe, nze Katonda wammwe,
   Omutukuvu wa Yisraeli, Omununuzi wammwe ntuuse.

155. JANGU, JANGU GGWE KRISTU *(W.F.)*

Ekidd.: **Jangu, jangu Ggwe Kristu**
Omulokozi w'abantu,
Jangu okutuwonya
Jangu, jangu, jangu.

1. Edda lyonna tusuubira,
   Era nga tulindirira
   Yamba Ssebo tusaasire
   Tofa ku bibi byaffe
   Yima ku bunaku bwaffe,
   Tuggye mu nvuba zaffe
   Jangu, jangu, jangu.
3. Vva mu ggulu ojje ewaffe
   Ayi Ggwe Katonda waffe
   Otuggye mu bibi byaffe
   Weewaawo tusaanidde
   Omuliro gw'emirembe
   Naye era tuddiremu
   Jangu, jangu, jangu.

4. Tunuulira mu nsi zonna,
   Ffenna tuli mu maziga,
   Tukusaba otusaasire,
   Ggwe ow'ekisa, Kitaffe,
   Tukusaba: Ojje mangu
   Okutubeera Kristu
   Jangu, jangu, jangu.

156. JANGU YANGUWA OKUJUNA

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Jangu yanguwa okujuna,**
Jangu otuddize eddembe Yezu
Tukwesiga Ggwe Musaasizi. x2

1. Mutegekere amakubo Omukama,

Mmwe munyirize emitima gyammwe,
Mmwe mugolole amayisa agammwe,
Lwe muliraba Omukama ng'ajja.

2. Omulanzi ye Yoanna alanze,
Mmwe mulunngamye amakubo gammwe,
Lye ddoboozi ly'oyo alanga,
Nti mutegeke emitima gyammwe.

157. KATONDA W'AMAWANGA *(M.H)*

1. Katonda w'amawanga.
Leka tusaasire!
Otume gwe walanga,
Ssebo muyanguye!
Tusinda mu luwonvu
Olw'ennaku n'ekibi
Oyambe n'obugonvu
Ffe abaana aboonoonyi.

3. Laba emmunyeenye eyaka
Egoba enzikiza;
Ye Nnyina wa Kabaka
Atutangirira,
Ggwe essuubi ly'Abalanzi
Wamu n'ezzadde lyo
Otuddize obuganzi
Obw'Omuwere wo!

158. MUGAMBE MUWALA WA SION

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mmwe mugambe muwala wa Sion,**
Nti Omulokozi we wuuno ajja,
Empeera y'obuganzi emuli mu gwa ddyo
N'ebitiibwa bye bimukulemberamu, Mukama
Mugagga, abamutya baliyitibwa batukuvu banunule
Sso ggwe oliyitibwa kibuga ekyayonoonebwa ne kiddawo.
Kibuga ky'Omukama ky'atagenda kwerabira.

1. Nnantalemwa afuga amawanga ddala kati azze, kati azze Kabaka w'eggulu.
Ensi ye k'ejaguze ddala kati azze, kati azze Omwana w'enngoma
N'ebizinga bisanyuke. ddala kati azze, kati azze Kabaka w'eggulu.

2. Mu maaso g'ensozi empanvu ddala kati azze, kati azze Kabaka w'eggulu.
Zonna ezo ziggweerere ddala kati azze, kati azze Omwana w'enngoma
N'ensi eno ekankane . ddala kati azze, kati azze Kabaka w'eggulu.

3. Bamumanyi kati banywevu
Beesiimye bajaguze
Nnamula ye atuukirire.

4. Buyinza bw'Omukama bungi
Ku nsi eno bulangibwe

Tolina Ggwe kikulema.

159. MULOKOZI OLWIRA KI *(M.H.)*

1. Mulokozi olwira ki?
   Tusinza nga tulinda
   Enzikiza yeeyongera
   Enkuba ebindabinda.

2. Eggulu ggwe, tusaasire
   Ayi laba ffe abakaaba!
   Oyiwe nno omusulo gwo
   Ng'otuma ggwe tusaba.

160. MULONGOOSE MMWE AMAKUBO

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mulongoose amakubo, mulongoose amakubo g'Omukama**
Wuuno atuuka Kristu ali kumpi. Mubonerere obwakababaka
Bwa Katonda bwe buubwo busembedde, mubonerere,
Obwakababaka bwa Katonda, bwe buubwo busembedde.

1. Butuuse, obudde butuuse obw'okulokoka kwammwe.
   Obudde butuuse, muve mu tulo, mudde eri Omukama,
   Anti asaasira, anti atwagala: Ye tayagala mwonoonyi n'omu kuzikirira.
   Mulongoose, mulongoose amakubo ge. x2

2. Butuuse, obudde butuuse obw'okulokoka kwammwe
   Obudde butuuse mwenna mwanguwe, mujje eri Omukama,
   Anti asaasira, anti atwagala: Ye tayagala mwonoonyi n'omu kuzikirira.
   Mulongoose, mulongoose amakubo ge. x2

3. Butuuse, obudde butuuse obw'okulokoka kwammwe
   Obudde butuuse, Omuyinza atuuse, leero nga tuwonye,
   Anti asaasira .....

4. Butuuse, obudde butuuse obw'okulokoka kwammwe
   Obudde butuuse muve mu nsobi mmwe, etuuse essaawa,
   Anti asaasira, anti atwagala .....

161. MUNUNUZI AJJA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Mununuzi ajja - nkulinda butakoma**
Mununuzi ajja - nkulinda butakoma
Mukama wange - nkulinda (n'obwesige)
Mununuzi ajja - nkulinda butakoma
Mutonzi w'ensi Katonda ajja, mpuliriza jangu, mpuliriza jangu.

1. Omwana w'omuntu mulimulaba ng'ajja mu bire
   N'ekitiibwa kingi era n'amaanyi ge mwenna mulimulaba.
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu
   Tukumanye.

2. Omwana w'omuntu mulimulaba ng'ajja mu bire n'ekitiibwa kingi
   Ng'azze aliramula byonna mulibiraba.
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu
   Kristu Kiwamirembe jangu tununulwe.

3. Omwana w'omuntu talitujuza, abamuweereza
   N'ebirungi bingi ng'azze aligabula ffenna n'atumatiza.
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu.
   Kristu Kiwamirembe jangu otujune.

4. Omwana w'omuntu tuli mu ssanyu ffe abamumanyi,
   Twesiga Ggwe Yezu ffenna tukakasa ng'ozze tulikulaba.
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu.
   Kristu Kiwamirembe jangu Ggwe olamule.

5. Ffe abaana b'abantu tuli mu kkubo eritunyiga,
   Twesiga Ggwe Yezu ffenna, tukakasa gy'oli nantagobebwa.
   Kristu Kiwamirembe jangu tukwagala, Kristu Kiwamirembe jangu.
   Kristu Kiwamirembe jangu tulamulwe.

162. TUJJUKIRE FFE ABAKRISTU *(W.F.)*

1. Tujjukire ffe abakristu
   Katonda lwe yatutonda
   Ne Mwoyo Mutuukirivu
   Lwe yatujjirira ffenna.
3. Tumusabe okuwulira
   Ebiwoobe by'abanaku
   Taaleme kutusaasira,
   N'atuwa ekifo mu ggulu.

4. Ebiro nno bye tulimu
   Kiisi amutendereza,
   Amwesiimise mu ggulu
   Yeeyongere okumutenda.

7. Leero tukunngaane ffenna
   Okussaamu ekitiibwa
   Katonda Mukama waffe
   Emirembe n'emirembe.

163. YANGUWA YEZU TUSAANAWO

(Jjuuko Ben.)

Ekidd.: **Ayi Yezu Ggwe Omusumba**
Endiga zo ffe twabuliddwa
Laba bwe tubunye emiwabo ggwe Omusumba
Tukweyuna ffe otujune,
Yanguwa Yezu yanguwa, tusaanawo ffe tusaanawo. x2

1. Tubonaabona ffe tulumwa nnyo,
   Tunadda wa Kitaffe otuddiremu,
   Gutusinze ffe twenenyezza,
   Twenenyezza - twenenyezza - twenenyezza.

2. Eggwanga lyo Kitaffe eribonaabona,
   Kye tusaba Kitaffe oliddiremu,
   Okwegayirira okwo kukutuukeko,
   Katonda ow'obuyinza omusaasizi
   Otuddiremu - otuddiremu - otuddiremu.

3. Omusumba omulungi onojja ddi,

Abaana bo sitaani anatumalawo,
Ddunda ow'obuyinza omuzirakisa
Omuzigu sitaani ataamye nnyo,
Anaatumalawo - anaatumalawo - anaatumalawo.

4. Entalo za sitaani omuzigu oli
Ddunda ow'obuyinza ozimalewo
Enduulu n'okukaaba ebizivaamu,
Obimalewo Kitaffe Omusaasizi
Eddembe liddewo - eddembe liddewo - eddembe liddewo.

164. YEZU WAFFE OMUNUNUZI *(W.F.)*

1. Yezu waffe omununuzi
Omutonzi w'ebiriwo
Abakukkiriza mu nsi
Bonna beesiga ekisa kyo.

2. Wajjirira kimu kyokka
Kwe kutulokola ffenna,
Mu buddu mwe twakulira
Ne leero totwabulira.

3. Ekyokwenunula ffekka
Ffenna wamu kyatulema:
Ggwe wakisobola wekka
Nga weefudde ng'ekyonziira.

4. Erinnya lyo erya Yezu
Lya kitiibwa mu nsi yonna
N'emagombe ne mu ggulu
Wonna lifukaamirirwa.

5. Ayi Yezu nannyini kisa,
Omulamuzi w'abantu
Tukwegayiridde ffenna
Yamba: Tugende mu ggulu.

6. Katonda Mukama waffe,
Trinita Omutuukirivu,
Tukusinza ffenna wamu
Emirembe n'emirembe.

EZAMAZAALIBWA

165. ABASUMBA *(W.F.)*

Ekidd.: **Abasumba timutyanga**
Oyo azaaliddwa ye Mwana wa Katonda
Mujje mangu, basanyufu
Okulaba Maria wamu ne Yezu.

1. Obwekiro
Ekitangaala ekyo,
Ekyakira wano
Kivudde wa leero?

2. Eddoboozi
   Lya Bamalayika,
   N'ennyimba ezivuga
   Nga bya ssanyu lingi!

166. ALLELUIAH XMAS *(Ponsiano Ssali)*

Bass: Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah
Ten: ,, ,, ,, ,, ,, ,,
S & A ,, ,, ,, ,, ,, ,,

Soprano / Alto 1. Azaaliddwa Emmanuel
Tenor Azaaliddwa Emmanuel
Soprano / Alto 2. Azze Yezu leero atuuse
Tenor Azze Yezu leero atuuse
Soprano / Alto 3. Azze Kristu Omulokozi
Tenor Azze Kristu Omulokozi
Soprano / Alto 4. Mwenna mujje tumusinze
Tenor Mwenna mujje tumusinze.

Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah - Alleluiah.
A....lle.....lu.....iah.....

167. AMALOBOOZI AMANYUVU AGA BAMALAYIKA *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Bass: A.....Alleluia, Alleluia, Amazima tuyimbe ffenna nti Alleluia
,, ,, ,, ,,
Amaloboozi amanyuvu aga Bamalayika ge tuwulira gatugamba ki?
,, Amazima Amazima Alleluia
,, ,, ,,
,, ,, ,,
,, ,, ,,
(A) NTI Omulokozi Azaaliddwa Olwaleero!

AL.....LELUIA x2 Nti Omulokozi azaaliddwa Olwaleero
Ensi eno gwe yalindirira edda azaaliddwa
Omwana YEZU wuuno abange azaaliddwa.

(B)
Ekiri mu ggulu kya ttendo Ky'ekyo Ddala
Omutonzi atiibwa ,,
Ensi eri bulala lwa Mwana ,,
Yee, Katonda mulungi ,,
Singa mmugoberera nga ntuuse ,,
Yee, olwo nga ndokose ,,

Nga Kitaffe mulungi
Okusindika Omwana anaatuyamba mu ntalo zaffe okulwanyisa amaanyi
Nga Kitaffe mulungi:
Okusindika YEZU KATONDA n'asula mu ffe sso nga tuli boonoonyi
Oh. Yezu Omwana: x2
Omununuzi Ggwe azze twesibye nnyini okukusenga ffe tuli babo ffenna.

(A) Alleluia - Alleluia x2
Tuli mu kwesunga Obwakabaka bwo Tuli mu kwesunga.
Ka tunyiikire Alleluia x2 Tuli mu kwesunga Obwakabaka bwo
Tuli mu kwesunga.
Alleluia - Alleluia x2 Tuli mu kwesunga Obwakabaka bwo

Tuli mu kwesunga.
Ka tunyiikire Alleluia x2 Tuli mu kwesunga Obwakabaka bwo
Tuli mu kwesunga Obwakabaka bwo Tuli mu kwesunga.

168. AZZE OMUNUNUZI *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Azze omununuzi atuuse, Azze Omulokozi owaffe**
Azze! Azze! Omulokozi Kristu omusuubize atuuse
Azze atumulise n'amazima.
Azze atumulise n'okumanya
Azze tugabane ku Bwakatonda obw'oyo
Agabanye ku bwomuntu.

1. Kristu leero omulimo gwe yakola ng'afuuka omuntu
   Atuzze buto kati gulabise,
   Ffe ababadde ab'okufa tuzze buto tuli balamu mu ye.

2. Kristu leero omulimo gwe yakola ng'afuuka omuntu
   Atuzze buto kati gulabise,
   Ffe ababadde abagobeddwa tuyitiddwa tuli balamu mu ye.

3. Kristu leero omulimo gwe yakola ng'afuuka omuntu
   Atuzze buto kati gulabise,
   Ffe ababadde abatawaana tuwonyezeddwa, tunyiridde mu ye.

4. Kristu leero omulimo gwe yakola ng'afuuka omuntu
   Atuzze buto kati gulabise,
   Ffe ababadde aba wansi, tusituddwa, tuli ba Mukama oyo.

169. AZZE OMUSUUBIZE *(Ponsiano Ssali)*

Ekidd.: Soprano / Alto: **Azze, Azze, Azze Omusuubize**
Bass / Tenor: **Azze Azze Atuuse Omusuubize, Omusuubize**
Soprano / Alto: **Ye - oyo Bajjajjaffe bali ab'edda gwe baalanga**
Bass / Tenor: **Bajjajjaffe bali ab'edda gwe baalanga.**

Soprano: Atuuse wamma bali ab'edda gwe baalanga
B / T /A. Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah
Atuuse amazima ye Mulokozi atuzaaliddwa
B / T /A. Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah, Alleluiah.

2. Azze eno Katonda wuuno Yezu azze ku nsi,
   Ye wuuyo atuuse ye musuubize atwewadde.

3. Obwavu obuzibu obwo nno Mukama bwe yeeroboza,
   Mu ky'ente ekisibo mu Mmanvu mw'azazikiddwa.

4. Abasajja Abasumba azze Malayika ababuulidde,
   Nti temutya mbagumya Omulokozi abazaaliddwa.

5. Omukama Katonda wuuno naffe ye EMMANUEL,
   Ye Kabaka alamula ye MESSIYA ate ke KALIGA.

6. Ffenna kati abantu, Kristu Mukama atwagadde,
   Mu nnyimba ezinyuma tumuyimbire anti tununuddwa.

170. AZZE OMWAGALWA WAFFE

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Azze Azze omwagalwa waffe**
Omununuzi tuli naye
Ye Mwana wa Taata
Ssabalangira atuuse
Omwana omwagalwa ow'eddembe
Ffe ka tumuwe ettendo mu ggulu ne mu nsi
Atuuse omwagalwa ow'eddembe.

1. Azze omnunuzi ava wa Kitaffe (Katonda)
   Azze okujuna aggye mu kisa kye (Azze)
   Ndabira wa Omutonzi wange.

2. Bonna Abalanzi baamulanga (Katonda)
   Nti oyo alizaalibwa e Betelemu (Azze)
   Y'alirokola amawanga gonna.

3. Yozefu Omwagazi omukuumi w'oyo (Katonda)
   Maria embeerera muzadde w'oyo (Azze)
   Bannamukisa teri abasinga.

4. Omwana atwagala azze lwa kuba ffe (Katonda)
   Azze atubeeremu Omusumba owaffe (Azze)
   Ye mulambisi atulambika eka.

5. Enzikiza n'ennaku bigende
   Anaabimalawo atuuse ye Mulangira ow'Eddembe
   Emmunyeenye y'amawanga gonna
   Azze wuuno Omulangira ow'Eddembe.
   (Azze ow'ekitiibwa)
6. Obukyayi n'entalo bigende
   Anaabimalawo atuuse, ye Mulangira ow'Eddembe
   Ye mukwano gw'abatonde bonna
   Azze wuuno Omulangira ow'eddembe.
   (Azze ow'ekitiibwa)

7. Amasabo n'ensawo mubyokye
   Nnyini-bulamu atuuse ye Mulangira ow'Eddembe
   Ye Katonda eyatonda ffenna
   Azze wuuno Omutonzi w'eggulu n'ensi.

171. BETELEMU *(Fr. Joseph Namukangula)*

Betelemu, Betelemu! Ggwe nnamukisa
Betelemu, Betelemu! Ggwe nnamukisa.

1. Yezu azaaliddwa.....Betelemu etc....
   Yezu azaaliddwa oyo

2. Ssabalangira....
   Kristu azaaliddwa ggwe

3. Ssabazaawuzi...
   Ozze okuzaawula ffe
   Ssanyu lisusse, ssanyu lisusse, Omununuzi atuuse. x2

	I	II
(a)	Bannange Abasumba mujje	Tugende
	Anti mbayita obw'edda	Tugende

Tugende e Betelemu Tugende e Betelemu
Tulabe Omwana oyo azaaliddwa.

(b) Azaaliddwa! Kigambo kya ssanyu. Tugende
Ffenna, Alleluia mu nsi
Ne mu Ggulu nga ky'ekyo.

(c) Ye wuuyo Katonda y'azze
Afuge ensi alamule ebyeggulu
Ye wuuyo Omusumba waffe.

(d) Ye wuuyo eyalangwa y'azze
Kabaka ono omufuzi ow'ekisa
Ye wuuyo Omusuubize azze.

(e) Yeebase awo mu Kabanvu
Bambi empewo emufuuwa
Anti awo awasula ente.

(f) Maria ne Yozefu abange
Mbalaba mufa ekitiibwa
Wuuno kabiite wammwe.

(g) Mmwe abaagalwa, muyimbe
Anti essanyu lisusse!
Ye ono Omununuzi azze.

172. BWALI KIRO *(W.F.)*

1. Bwali kiro,
Mu bw'empewo
Omwana wa Patri
Nnyiniggulu
N'akka ku nsi
E Betelemu.

2. Bwali kiro
Mu kisibo
Nga bwakutte dda
Ekitalo
Amangu ago,
Ne butangaala.

3. Ne Maria
Ne yeewuunya
Ng'alaba Omwana
Ng'azaaliddwa
Talumiddwa
Yadde okusinda.

7. Noel! Noel!
Emmanuel
Azze mu bantu
Mujje gy'ali
Ali kumpi
Mu Ssakramentu.

173. E BETELEMU ABASUMBA *(M.H.)*

1. E Betelemu Abasumba
Tibeebaka na ku tulo
Baalunda endiga ku ntunnumba

Gye baayotera omuliro
Amangu ago ne wajjawo
Malayika w'omu ggulu
Ayaka ng'ayimiridde awo
N'abajjuza entiisa enzibu.

2. Ko ye nti "Mwenna mutereere
Essanyu libunye mu nsi
Katonda, nga Mwana omuwere,
Asuze mu mpuku muli"
Banne bangi nnyo ne bakwanya
Ennyimba ez'okwaniriza
Katonda gwe yabalagaanya
Asaana okusanyukirwa.

174. GGWE WAMMA *(M.H.)*

Ekidd.: **Ggwe Akaana akato**
Ng'osuutibwa sso
Bamalayika bo.

1. Ggwe wamma!
Ggwe Yezu ddala
Mbuulira Ggwe oli otya?

2. Ndi munno!
Mulokozi wo!
Nze Omutonzi
Nzize ekiro.

5. Ayi Yezu,
Nkusaba kimu
Mu ggulu
Nnyingiremu!

175. IN DULCI JUBILO *(M.H.)*

1. In dulci jubilo!
Kibe kijaguzo!
Tulamuse Kabaka
Est in, praesepio.
Alinga enjuba eyaka,
Matris in gremio!
Alpha es et O,

2. O Jesu parvule!
Leka nkusaasire!
Weefudde munkuseere,
O Puer optime!
Ayi Yezu omuwere
O priceps gloriae!
Trahe me post te!

176. KIGAMBO EYALIWO OBW'EDDA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Kigambo eyaliwo obw'edda,**
Omwana wa Katonda gw'azaala,
Yeefudde omuntu nga ffe n'azaalwa *(D.C)*
Ku nsi eno n'abeera ewaffe.

1. Tumwebaze nnyo oyo Kitaffe, atuwadde bw'atyo Omwana we leero.
Byonna abituwadde mu Mwana we, ffenna atununudde
Ng'asindika Kristu Omununuzi.

2. Tumwebaze nnyo oyo Kitaffe, Y'amutumye Yezu ajje awonye bonna.
Ffenna atununudde mu Mwana we, leero tekitendwa
Avuddeyo Kristu Omununuzi.

3. Tumwebaze nnyo oyo Kitaffe, Y'amuleese Yezu ajje amale byonna,
Byonna abimuwadde mu Mwana we, byonna abimuwadde
Alamule Kristu eggulu n'ensi.

4. Tumwebaze nnyo oyo Kitaffe, ayogedde naffe mu Mwana we leero,
Mujje abantu mwenna abaagala, Mujje abantu mwenna
Ayagala Kristu ababeeremu.

5. Tumwebaze nnyo oyo Kitaffe, atusenze bw'atyo mu Mwana we leero.
Ku nsi teri muntu atamanyi, ku nsi teri muntu
Atamanyi Ddunda anti Mununuzi.

177. KRISTU ATUUSE *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Kristu atuuse - Tusanyuke Alleluia ,Alleluia
Omulokozi azze.
Kristu ssuubi lyaffe
Kristu obulamu bwaffe
Kristu Omulokozi azze
Kristu Katonda waffe.

2. Abamwegaana - Abamwegaana mukyuse emitima gyammwe
Ababadde bawabye - Ababadde bawabye mukyuse amakubo mudde
Abamunoonya - Abamunoonya musanyuke Kristu azze
Abamusenga - Abamusenga musanyuke Kristu azze.

3. Endagaano y'obulamu ey'emirembe n'omukwano ne Katonda y'eno
Y'eno Amazaalibwa ga Kristu Omununuzi
Omukisa guli ogw'edda ennyo gwe baatugamba ogw'obununuzi gwe gwo.
Gwe gwo Amazaalibwa ga Kristu Omununuzi.
Okusuubiza kuli okw'edda okwa Bajjajja n'Abalanzi kwe kwo;
Kwe kwo Amazaalibwa ga Kristu Omununuzi.

Eggulu n'ensi byayawukana, ku luno byegatta olwa Katonda ono azze,
Ono azze Amazaalibwa ga Kristu Omununuzi.

4. Kristu nkwagala Kabaka wange
Kristu nkwagala essuubi lyange
Kristu nkwagala Mulokozi wange nkwagala.

178. LEERO AZAALIDDWA KRISTU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Leero azaaliddwa wamma twejage,**
Y'ono omuto Kristu mu mmanvu
Mujje twejage, Kristu atuuse (Kabaka)
Mwanguwe, mwanguwe, Kristu atuuse.
Mwanguwe, mwanguwe, Kristu azze.

1. Y'ono gwe baalanganga obw'edda

Kristu azaaliddwa n'ajja eno ku nsi,
Omwana mulindwa wuuno, Omwana w'oyo Patri
Omwana mulindwa wuuno, Katonda Mwana atuuse.

2. Mujje tweyanze ono Kabaka
Kristu azaaliddwa eyatonda byonna,
Ye Mwana, ye Mwana wuuno,
Azaaliddwa mu bwavu. x2

3. Atwagala oyo Kitaffe,
Anti ateesezza ffenna atujune,
Awadde ensi eno Omwana
Y'anaatuwonya ennaku. x2

179. MBUUZA ABATAKA

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Mbuuza abataka b'e Buyudaaya
Ne mbayita basseruganda, mumpulire:- Yee!
Kristu alizaalibwa wa? Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

2. Nzize ngubagguba, nkulemberwa mmunyeenye
Nga emmulisiza ekkubo, Yee!
Ng'eboneka lw'oyo: Omuwere Omwana. Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

3. Anti amazima obutalimba, lwa ssanyu
Waggulu kitiibwa nnyo! Alleluia leero Yee!
N'emirembe ku nsi. Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

4. Azze Omununuzi, muwulire ensinda anti
Ennyonyi empuuna-malungu eragula ewuuna: Yee!
Anti Omulokozi azze. Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

5. Maria nkulamusa, Nnakawere Maama
Kulika kuzaala, Taata Yozefu mwembi Yee!
Mundage ku Mwana. Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

6. Ddala eno Nowere, mulembe muggya guno
Bampe omuliro ebikadde mbyokye kati byonna Yee!
Alleluia ffenna. Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.
Eh.....M Eh! M! Eh! M Eh.....M: Yee!
Betelemu gye yalangwa
Omulangira Yezu gy'alizaalibwa.

180. MUJJE MMWE TWEJAGE *(M.H.)*

1. Mujje mmwe twejage, lwa ssanyu lwa ttendo
Tulamuse Yezu ono ali mu mmanvu omwo.
Njuba eyaka wuuno, anti lw'azze atwakidde
Tuva gy'ali eyo: Tudda gy'ali eyo. x2

2. Ayi Yezu omuto, ozze ewaffe abaavu
Ofuuse mwavu olwa ffe, ozaaliddwa okwa ffe,
Yezu Katonda otuuse, Ggwe ozze otulokole.
Ye Ggwe Emmanuel, tuula Ggwe mu ffe. x2

3. Kitaffe saasira, kuba Yezu atuuse

Tubadde n'ennaku anti olw'ebibi eby'edda
Yezu Messiya atuuse ku nsi atulokole
Tukyaye byonna, saasira Ddunda. x2

4. Essanyu lijjula bonna ababa w'oli
Bonna abali eyo naawe bayimba nnyo nnyini
Ggwe Yezu mpa okubeera mu kwesiima ffembi
Kristu ndokola, yamba nze omwavu. x2

181. MU KYALO KYE BETELEMU *(M.H.)*

1. Mu kyalo eky'e Betelemu,
Mu ttumbi waaliwo entiisa,
Bonna abaali awo nga bakuuma
Ezaabwe endiga enkumu
Okutemya ng'atuuse wuuno
Malayika azze ng'eraddu,
Amyansa ng'ayimiridde awo,
Ku olwo baatya ekintu ekiggya.

2. Mwenna essanyu, bw'atyo bw'agamba
Malayika ajjudde essanyu
Mu mpuku Yezu gy'ali, Mwana
Messiya eyalangwa abedda
Banne bangi ku olwo beegatta
Nga bayimba ennyimba empoomu
Azze Omulagaanye wa bonna
Ssanyu lingi, Alleluia.

182. MULOKOZI AZAALIDDWA *(W.F.)*

1. Mulokozi azaaliddwa Alleluia
Leero mpaawo atasanyuka. Alleluia Alleluia

Ekidd.: **Ffenna tusanyuke**
Yezu waffe tumusinze
Nga tumuyimbira.

2. Omwana wa Nnyiniggulu Alleluia
Ye wuuyo eyeefudde omuntu. Alleluia Alleluia

3. Yesammula olubiri lwe ,,
N'asiima ekisibo ky'ente. ,, ,,

4. Yatwenkana mu mubiri ,,
Kyokka nga talina kibi. ,, ,,

5. Malayika ow'omu ggulu ,,
Mu nsi yaleetamu essanyu. ,, ,,

6. Basumba be baabuulirwa ,,
Ng'Omwana oyo ye Mukama. ,, ,,

7. Ne wajjawo Bakabaka ,,
Nga bavudde e Buvanjuba. ,, ,,

8. Ekyabaleeta mmunyeenye ,,
Gye baalaba mu nsi yaabwe. ,, ,,

9. Yabakulembera ekkubo ,,

N’ebatuusa mu kisibo. ,, ,,

10. Omwana baamutonera ,,
Zaabu, Bubaani ne Mirra. ,, ,,

11. Obudde butuuse ekiro ,,
Bonna nga beebase otulo. ,, ,,

12. Malayika n’alabika ,,
N’abulira Bakabaka. ,, ,,

13. Timudda Yeruzalemu ,,
Kubanga Erode mutemu. ,, ,,

14. Muwulire ky’ateesezza ,,
Omwana okumutemula. ,, ,,

15. Awo nno bwe munaddayo ,,
Ewuwe timuyitayo. ,, ,,

16. Bwe baatuusa okutambula Alleluia
Ne bakwata ekkubo eddala. Alleluia Alleluia

17. Erode bw’atyo n’asubwa ,,
Omwana Yezu n’awona. ,, ,,

18. Yezu Kristu tumwebaze ,,
Emirembe n’emirembe. ,, ,,

183. MULOKOZI AZAALIDDWA *(W.F.)*

Ekidd.: **Mulokozi azaaliddwa,**
Tujaganye tujjule essanyu,
Mulokozi azaaliddwa,
Leero tujaguze ffenna.

1. Atuuse gwe twalindanga
Ennaku leero ziwedde,
Atuuse gwe twalindanga!
N’Abalanzi gwe baalanga.

2. Atuuse omwagalwa waffe
Omulokozi w’abantu:
Atuuse omwagalwa waffe,
Ye wuuyo wano mu mmanvu.

5. Mwanguweko Bakabaka:
Mugoberere emmunyeenye:
Mwanguweko Bakabaka:
Musinze Mukama wammwe.

184. NNAMULOOSE *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Nnamuloose ava waggulu Omukama - Ssabalangira
Ng’alabise Katonda eyantonda ,,
Nnamuloose ayakaayaka Yezu ,,
Ng’era amyansa atangalijja nnyo ,,
Ye wuuyo Omununuzi azze ,,
Awanuse Mulindwa w’abangi ,,

A- A- Azze? - Ssabalangira: O -O -Oli Ssabalangira. x2

2. Nnamuloose alebaaleba atalabwa Ssabalangira,
Ng'ali wano eyalangibwako edda ,,
Nnamuloose mmulamusa Yezu ,,
Ng'ate nsinza nsanyuka na nnyo ,,
Atuuse mazima ye Ye ,,
Omufuzi Kabaka w'ensi eno ,,
A- A- Azze? -Ssabalangira: O -O -Oli Ssabalangira. x2

3. Nnawulidde enngoma ezimwaniriza Ssabalangira
Nga zivuga mu budde bw'ettumbi ,,
Nnawulidde abayimbira Yezu ,,
Ennyimba ze baamuyimbidde ,,
Alleluia abantu mwenna ,,
Mmwe Mukama Katonda b'ajjidde ,,
A -A -Azze? -Ssabalangira: O -O -Oli Ssabalangira. x2

185. NOEL NOEL NOEL *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Noel, Noel, Noel, Noel azaaliddwa Emmanuel**
Noel Noel azaaliddwa Emmanuel wuuno atuuse
Azaaliddwa ye Kabaka ye Kabaka
W'ebitonde by'ensi eno.
Ye Messia Omusuubize Ddunda ow'eddembe.

T/B.: **Noel, Noel, Noel, Emmanuel**
Noel Noel azze Emmanuel wuuno atuuse
Ye Kabaka w'ebitonde by'ensi eno.
Messia azze Ddunda ow'eddembe.

1. Ye Messia Omusuubize, Abalanzi gwe baalanga,
Ye Muwere atuweerezeddwa, yeefudde omuntu nga ffe,
Ye Mulokozi, ye Mulindibwa, ye Muyinza Nnantalemwa.

2. Ye Kabaka omulindibwa, Abalanzi gwe baalanga.
Ye Muwere alina engabo, ku bibegabega bye, ye Mulokozi
Ye Mulindibwa, ka tumusinze ffenna.

3. Azze Yezu mu kumyamyansa, Kigambo oyo gwe tulaba,
Olunaku lw'atutuuseeko, lwa kitiibwa lwa ttendo,
Bamalayika batubuulira nti Omulokozi atuuse.

4. Olunaku lutukeeredde, mwenna abantu leero mujje,
Basumba abo tubasimbeko, Kristu oyo tumunoonye,
Tumwanirize, tumukulise, Omulindwa tumusinze.
5. Ali naffe mu kutambira, ali naffe mu Wostia,
Atuyita tubeere wamu, ffe baana Ye b'alyoye, tumuwulire,
Atutwalenga, tutuuke naffe mu ggulu.

186. OMUNUNUZI AZZE *(Joseph Kyagambiddwa)*

Ekidd.: **Omununuzi azze, Omulokozi atuuse**
Ffenna abantu tusanyuke, tujaguze nnyo!

Yee! Yee! Omununuzi atuuse. Nga kya ssanyu leero.
Yezu azaaliddwa! x2

Tutti:

1. (a) Omutonzi lw'ozze ewaffe tukwanirizza

Ffenna tukukkiriza Yezu,
Ng'oli wa kisa Ggwe wenna Katonda Mwana
Saasira, tube mu ddembe.

(b) Emirembe gy'ekko egy'edda giweddewo
Lwaleero tusanyuke nnyo Yezu,
Ng'oli mwagazi kuggwaayo Katonda Mwana
Saasira, tube mu ddembe.

2. (a) Okulinda kw'emyaka kwe tuluddemu
Kati kukomye; w'atuuse Yezu,
Ng'oli wa kitiibwa Ggwe ow'obuyinza
Saasira, tube mu ddembe.

(b) Mu ggulu ekitiibwa ggwe okivuddemu
Obeere wano osule ng'omwavu
Twebaze okutwewa wenna ow'obuyinza
Saasira, tube mu ddembe.

3. (a) Omulangira Yezu Ggwe Nnyina amuzaala
Yogaayoga ddala nnyo Maama!
Twagala otutuuse ffenna ku w'obuyinza
Biikira tuweese ekitiibwa.

(b) Ffe tuyimbira Taata oyo atuzaalira
Omutabani omuganzi Yezu
Twatula awamu ne Mwoyo Katonda mwene
Saasira, tube mu ddembe!

187. OMUNUNUZI KRISTU AZAALIDDWA *(Fr. Expedito Magembe)*

Omununuzi Kristu azaaliddwa, azaaliddwa Kristu wuuno azze
Alleluia Alleluia Alleluia Kristu wuuno azze.
Kristu... azze... azze...azze....Kristu azaaliddwa..... Kristu wuuno azze.

Y'anaatumulisa ..... y'anaatumulisa mu mutima amazima
Y'anaatumulisa .... ne tusobola okulaba bw'afaanana
Y'anaatuwabula ....y'anaatuwabula Ye ye muwabuzi
Y'anaatuwabula ....Y'anaatuwabula ababi ffe abaali bawabye.

Azaaliddwa Mulindwa atuuse ye w'okutuwonya azze Omununuzi.
Azaaliddwa Omusuubize atuuse gwe baatusuubiza azze Omununuzi.
Azaaliddwa Mulindwa wuuno ye w'okutuwonya azze Omununuzi.

A...lleluia Alleluia Alleluia azaaliddwa Omulokozi azaaliddwa.

Azze Omusuubize tumwanirizza, azze Omusuubize tumukkirizza,
Kristu tumukkirizza, Kristu Omulokozi azze:

A...lleluia Alleluia Alleluia azaaliddwa Omulokozi azaaliddwa.

Y'oyo azze okujuna .....abamusaba okulaba bonna
Y'oyo azze okujuna .....atuuse anaatujuna
Y'oyo azze okujuna .....abamusaba okuwona bonna
Y'oyo azze okujuna .....ye wuuyo Nnantalemwa.

A...lleluia Alleluia Alleluia azaaliddwa Omulokozi azaaliddwa.

188. OMWANA W'OMUTONZI *(W.F.)*

1. Omwana w'Omutonzi, alese eggulu lye;
   Mulabe Omulokozi, azaaliddwa ku nsi.
   Ffe abali mu nnaku, Yezu atusaasidde;
   Azze okutuggya mu buddu, n'effugabbi lya sitaani.
   Amutuwangulidde, amutuwangulidde.

2. Abantu, mutegeere Yezu bw'atwagala
   Ffenna ka tumweyanze okutulokola
   Ebyonziira eby'edda leero tibikyagasa:
   Tufunye ekirala ekiggya, Yezu yekka atasingika;
   Ye wuuyo atununula, Ye wuuyo atununula.
3. Ekitwesiimya ku nsi leero, nze nkigaya;
   Anti ndaba Omutonzi bwe yeefudde Omwana.
   Ggwe wamma kya ssanyu! Abantu tuweereddwa!
   Yezu bw'avudde mu ggulu, atuwonyezza obunaku.
   Tumusseemu ekitiibwa, Tumusseemu ekitiibwa.

4. Twala nno omwoyo gwange, Yezu Ggwe Kabaka,
   Ne mu bulamu bwange onfugire ddala.
   Nkulagaanya kino: Okubeera omuddu wo
   N'okukwagalira ddala mu mazima nga sirimba;
   Ggwe Omulokozi wange, Ggwe Omulokozi wange.

189. SIRIKA WULIRA *(M.H.)*

1. Sirika wulira,
   Betelemu weesiimye
   Yezu Kristu gy'ali atuuse
   Mu kabanvu mw'ali wuuno
   Nnyina ng'asanyuse nnyo
   Nnyaffe ali awo atudde.

2. Sirika wulira,
   Betelemu weesiimye
   Bamalayika bazze bangi
   Abasumba bali eyo anti
   Omulindwa Yezu leero ozze!
   Omulindwa atuuse.

190. TULABA KU KI AZZE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd..: **Tulaba ku ki azze Ssabalangira,**
Ku nsi Ssabalangira azze
Kuno ku nsi Ssabalangira azze
Kuno ku nsi tumulamusa azze Ssabalangira.

1. *Akul:* Atuuse Omusuubize azze.....*(Ekidd.)*
   Ggwe jaganya omuwala wa Sion.....
   Kabaka Omusuubize azze,.....
   Ye wuuyo Omufugisa ddembe.....
   Ye wuuyo Omutonzi w'ensi.....
   Weyanze Omununuzi azze.....
2. Atuuse talwa atuuse.... Ssabalangira
   Atuuse gwe banngamba.... ,,
   Ewaffe talwa atuuse.... ,,
   Atuuse gwe twegomba..... ,,
   Leero nze nsaba, nsinza.... ,,
   Atuuse gwe twegomba.... ,,

Mu mmanvu ndabye akaaba.... ,,
Asiimye okuba omwavu.... ,,
Atuuse tagwa ssaawa... ,,
Ye wuuyo e Betelemu.... ,,

3. *Akul:* Atuuse Kiwamirembe .....*(Ekidd.)*
Aliwa emirembe ensi eno n'etereera ng'efunye
Emirembe anti atabaganya azze Ssabalangira
Mufugisa ddembe ,,
Kabaka ow'eddembe ,,
Ku olwo empologoma ewuuna erizannya n'akaliga awatali kabenje .....

Akul: Ensi eno nayo erifuuka nnyo..... *(Ekidd.)*
Abakungu n'abakopi ku olwo baliteesa.....
Obutuufu n'obwenkanya bulisisinkana....
Alifuga amawanga gonna....
Omukama alituula ku ntebe ye
Ng'atuuse aligabula abantu
Ensi eno nayo eribiibyako
Ng'atuuse Kiwamirembe ajja....

4. *Akul:* Mu mirembe gya Messiya teriba kulwana.....
Teri nnyombo, teri nnyombo tewali kuyomba,
Kristu atabaganya azze Omulangira ow'eddembe x2
Akul: Azze.....*(Ekidd.)* Ssabalangira
Azze.....Omulangira ow'eddembe.

Akul: Mu mirembe gya Messiya teriba njala egwa....
Mu mirembe gya Messiya tulirya ne twekkya.....
Mu mirembe gya Messiya n'emiti giryanya.....
Mu mirembe gya Messiya tulinywa ku byaleeta.
Mu mirembe gya Messiya tuliba mirembe.

191. TULI MU SSANYU *(Fr. James Kabuye)*

1. Tuli mu ssanyu, tuli mu ssanyu
atuuse olwaleero Olwaleero
Omununuzi lw'azze tuli mu ssanyu Azaaliddwa. D.C.
Omulokozi atuuse Omwana wa Katonda Ye Messiya, Ye Messiya
Omununuzi atuuse kyewuunyo Ye Messiya, Ye Messiya. x2

b) // Atwagala Omununuzi
Atwagala Kristu nkwewuunya Ggwe
atwewadde Omununuzi x2
Ha.... Omununuzi
Ha.... Omununuzi.

// Leero Omwana azaalidwa ku lwaffe
Lw'atuuse Kristu nneeyanza lwa ttendo azaaliddwa.
Leero atuuse, leero atuuse, twesiimye Omwana anti azaaliddwa.

2. Tuli mu ssanyu...
b) Omwana wo Omununuzi
Omwana wo Patri ataggwaawo y'atwewadde Omununuzi x2
Ha.... Omununuzi
Ha.. Omununuzi

3. Tuli bantu bo, tuli bo Yezu olwaleero Olwaleero
Omununuzi wamma tuli bantu bo Olwaleero x2
Omulokozi atuuse Omwana wa Katonda Ye Messiya, Ye Messiya.

Omununuzi atuuse kyewuunyo Ye Messiya, Ye Messiya.
//Ffe abaana bo Omununuzi
Ffe abaana bo Patri tweyanza otuwadde nnyo Omununuzi x2
Ha... Omununuzi
Ha..... Omununuzi .

//Leero Omwana azaalidwa ku lwaffe.
Lw'atuuse Kristu nneeyanza lwa ttendo azaaliddwa. x2

Leero atuuse, leero atuuse twesiimye Omwana anti azaaliddwa.

192. WULIRA BAMALAYIKA *(W.F.)*

1. Wulira Bamalayika
   Nga bwe bayimba n'essanyu.
   Ne beetaba bonna awamu,
   Mu luyimba olw'ekitiibwa.

   Ekidd..: **Gloria in excelsis Deo. x2**

2. Abasumba ne beekanga,
   Nga balabye Malayika.
   Baamulaba ng'atangaala,
   Atukula amasamasa.

3. Malayika n'abagamba,
   Abange muleke okutya.
   Ka mbabuulire ekigambo,
   Ekinaabasanyusa ennyo.

4. Omulokozi w'abantu,
   Olwaleero azaaliddwa.
   Ye Katonda ow'omu ggulu
   Atuuse okubanunula.

14

193. WUUNO LABA ATUUSE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Wuuno laba atuuse, Yezu azaaliddwa.**
Wuuno laba atuuse, leero atuzaaliddwa!
Noel! Noel! Noel! Yezu azaaliddwa. x2

1. Ensi yalindanga Omulokozi okujja
   Twali tuwabye ffenna, Omulokozi okujja
   Ye wuuyo Omwana wa Katonda Omu gw'azaala
   Yeefudde Omuntu atulokole.
   Mujje tumusinze! Mujje tumusinze.

2. Ensi yali eri etya, Omulokozi okujja
   Yali mu kusinza nte, Omulokozi okujja
   Ye wuuyo Omwana wa Katonda Omu gw'azaala
   Yeefudde Omuntu atulokole.
   Mujje tumusinze! Mujje tumusinze.
3. Ensi yayuuguuma Omulokozi lw'ajja
   Emmunyeenye y'Oli azze, Bamalayika abazibu
   Be baabo Omwana wa Katonda Omu b'aleese
   "Beesiimye abantu abalunngamu!
   Mujje tumusinze! Mujje tumusinze.

4. Mu ssanyu ery'ensusso, ka tumwebaze lw'azze
   Tulina kimu kyokka, okumwagala omuzira
   Ye wuuyo Omwana wa Katonda Omu gw'azaala
   Yeefudde Omuntu atulokole!
   Mujje tumusinze! Mujje tumusinze.

194. YEZU KRISTU AZZE *(M.H.)*

Ekidd..: **Yezu Kristu azze mu ffe!**
Omukondeere ye abunye ekyama
Yezu Kristu azze mu ffe!
Fuuwa enngombe, tujaguze.

1. Mmwe Abasumba mujaganye!
   Leero mwanirize Omukama
   Mmwe Abasumba, mujaganye!
   Akawere kabajjidde!

2. Mmwe abalungi, musanyuke!
   Emirembe tigirizaama;
   Mmwe abalungi musanyuke
   Eggulu libatuukiridde!

3. Mmwe abasobya muwanjage!
   Ebibi ne mubyebalama!
   Mmwe abasobya muwanjage!
   Omuwere abasonyiwe!

4. Twetowalize eyeebase
   Mu kabanvu nga tuvunnama!
   Twetowalize eyeebase
   Tweyanze n'Omuzadde we!

EZEKISIIBO

195. BIKIRA OMUZADDE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Bikira Omuzadde Ggwe ennaku ekusozze,**
Ng'olaba Omuzaale attirwa abatonde.

1. Ng'olaba ebiwundu, emikono agireeze,
   Ku mutwe kutunze, amaggwa amawanvu.

2. Wulira akukwasa, abantu be obazaale,
   Balumwa bataase, twesiga tubeere.

3. Zaaleeta omusajja, ekitala akikutte,
   N'asoya Omuzaale, ng'olaba omuzadde.

4. Nga wafa ekitiibwa, omutima omuzadde,
   Ogwafumitibwa nno, ekitala ekirange.

5. Walaba Omuzaale, bw'alumwa nno ennyonta,
   N'asaba ku tuzzi, n'abulwa amuyamba.

6. Ng'ennaku etukutte, ggwe ow'ekisa tuyambe,
   Tuwonye walumbe, yanguwa otutwale.

196. EBENDERA YA KABAKA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ebendera ya Kabaka evuddeyo**
Omusaalaba guuguno gutemagana.
Nnyinibulamu gwe yafiirako,
N'atuwa obulamu ng'atufiirira.

1. Yasoggwa luli effumu n'obukambwe,
N'avaamu omusaayi n'amazzi,
Yakubwakubwa emiggo n'obuswandi,
Atunaazeeko ekko ly'ebibi.

2. Byonna byalangwa Daudi ku ebyo ebijja,
Ng'agamba amawanga ag'essimba.
Aliramula Kabaka alifuga ensi,
Nnamulondo kw'ali muti kw'afiira.
3. Mwenna Abasatu ensulo y'obuyambi,
Trinita Katonda Omu bw'ati,
Byonna bikuwe ettendo ery'obutonzi,
Wa tuwangule tutuuke gy'obeera.

197. KATONDA WANGE LWAKI OKUNJABULIRA? (*Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Katonda wange, Katonda wange, lwaki okunjabulira?**
Nsuubira mu Ggwe Katonda wange, nziruukirira!

1. Nkwagala, ayi Mukama, amaanyi gange
Olwazi lwange, ekigo kyange, Omulokozi wange;
Katonda wange, ejjinja lyange mwe nneekweka,
Engabo yange omufunngamye obulokofu bwange
Obuddukiro bwange.

2. Kubanga yannywererako ndimuwonya,
Ndimutaasa kubanga yategeera erinnya lyange;
Alinkoowoola nange ne mmuwuliranga,
Ndimuwonya ne mmusukkulumya.

3. Ndimuwangaaza nnyo n'asiima;
Aliraba nga bwe ndi Omulokozi;
Anti Omukama kye kiddukiro kyo,
Ali waggulu ddala gwe wafuula ekigo kyo.

4. Akabi tikalikusemberera,
N'akabenje tikalisemberera weema yo ggwe;
Kuba yalagira Bamalayika be, bakukuume
Wonna wonna w'oyita!

198. LWAKI, LWAKI OSUNGUWALIDDE EGGWANGA LYO? *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Lwaki, lwaki osunguwalidde eggwanga lyo?**
Lwaki, lwaki osunguwalidde eggwanga lyo?
Nyiigulukuka ayi Mukama, Saasira eggwanga lyo lino!

1. Nsaasira ayi Katonda, ng'ekisa kyo bwe kiri,
   Olw'okusaasira kwo okungi sangulawo ekyonoono kyange.
2. Nnyima mu kiwonvu ne nkuwanjagira ayi Mukama,
   Ayi Mukama, wulira eddoboozi lyange.

3. Ggwe asula mu kifo ky'oyo ali waggulu ddala,
   Ggwe abeera mu kisiikirize ky'Omuyinza owa byonna.

4. Mpulira ng'ogerera ku kisa kyo ekingi,
   Ku kuyamba kwo okutasuulirira.

5. Naye nze ndi munaku munakuwavu,
   Obuyinza bwo buntaase ayi Katonda.

6. Nditenda erinnya lya Katonda mu luyimba,
   Ndimugulumiza mu kwebaza.

199. MBONAABONA *(Joseph Kyagambiddwa)*

Bass: Mbonaabona, Mbonaabona, Mbonaabona, Mbonaabona.

Ayi akomereddwa Mbonaabona
Yezu ow'omukwano Mbonaabona
Bambi ozirika ofa Mbonaabona
Ki obonaabona otyo Mbonaabona
Ng'ennaku ekuyinze Mbonaabona
Nze nno nnaakola ntya Mbonaabona
Baaba ofiirira nze Mbonaabona
Nange nzirika nfa Mbonaabona
Nzuuno nkaabira Ggwe Mbonaabona
Yezu gwe nnaganza Mbonaabona.

Ssabanunuzi Mbonaabona
Endwadde olwadde ki? Mbonaabona
Ssabanunuzi Mbonaabona
Ofudde okwagala Mbonaabona

Ensi n'eggulu Mumpe ekyokunywa
Binakuwaza Mumpe ekyokunywa
Anti n'enjuba efuuse teyaka ezaamye... Mbonaabona

Yezu nkwagala Mbonaabona
Ofudde n'ondeka Mbonaabona
Yezu nkwagala Mbonaabona
Ntwala eyo gy'olaga Mbonaabona
Singa abambowa Mumpe ekyokunywa
Nze nno akussisa Mumpe ekyokunywa
Nange banzite nfe tufe wamu naawe .... Mbonaabona

Yezu omwagazi Mbonaabona
Ofudde n'ondeka Mbonaabona
Ntwala eyo gy'olaga Mbonaabona
Mwenna mweraba Mumpe ekyokunywa
Wuuno asiibula Mumpe ekyokunywa
Ye atwagala afudde olw'okubeera ffe... Mbonaabona
Yezu nkwagala Mbonaabona
Ofudde n'ondeka Mbonaabona
Yezu nkwagala Mbonaabona

Ntwala eyo gy'olaga Mbonaabona

Ggwe Nnyabo laba Mumpe ekyokunywa
Wuuno Omwana wo Mumpe ekyokunywa
Bw'atyo alaama: Ggwe Maama
Omwana wo wuuyo..... Mbonaabona
Yezu nkwagala Mbonaabona
Ofudde n'ondeka Mbonaabona
Yezu nkwagala Mbonaabona
Ntwala eyo gy'olaga Mbonaabona
MBONAABONA MBONAABONA MBONAABONA.

200. MU DDUBI SIKAYO OMWOYO GWANGE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Mu ddubi, sikayo omwoyo gwange,**
Ayi Mukama mpuliriza. x2

1. Nnyima mu kiwonvu ne nkuwanjagira ayi Mukama,
   Ayi Mukama, wulira eddoboozi lyange.

2. Amatu go gawulirize leero, eddoboozi
   Ery'okuwanjaga kwange.

3. Oba kujjukira bibi bulijjo Ggwe ayi Mukama,
   Ayi Mukama singa ani aliwo ku nsi?

4. Naye ewuwo y'eri ekisonyiwo ky'ebibi byaffe,
   Basobole bonna okukuweereza n'ekitiibwa kyonna.

5. Nsuubira mu Mukama omuyambi wange, omwoyo gwange
   Gusuubira mu Kigambo kyo.

6. Omwoyo gwange gulindirira Omukama, okukira abakuumi,
   Bwe balindirira mmambya ajja.

201. MU NNAKU ZA KAREMA

1. Mu nnaku za Karema,
   Katonda atuyita:
   Nti mujje musonyiyibwe,
   Ebibi byammwe biggwe.

Ekidd.: **Leero tubonerere**
Tuwone omuliro;
Katonda atusaasire,
Atuwe ekisonyiwo.
Mujje mwenna mwenenye,
Ebibi byammwe biggwe.

2. Bangi bafa bulijjo,
   Nga bali mu ntubiro,
   Ne batasonyiyibwa
   Nga bukomye obw'ekisa!

3. Ogamba, ggwe omukaba,
   Nti: ndibonerera edda!
   Walumbe atalaga
   Ajja kibwatukira!

202. NNAKOOWOOLA OMUKAMA N'AMPULIRA

(Zab: 7) (Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mu nnaku zange nnakoowoola Omukama**
N'ampulira Omukama mulungi asaasira. x2

1. Nkwagala nnyo Mukama wange,
   Mu nnaku zange tondekerera onnyamba.

2. Nkwagala nnyo Mukama wange, wanzigya emagombe,
   Mukama wange wannyamba nnyo.

3. Nkwagala nnyo Mukama wange, Ggwe maanyi gange,
   N'obulokofu bwange.

4. Nkwagala nnyo Mukama wange Ggwe ngabo yange,
   N'olwazi kwe nnyweredde.

5. Nkwebaza nnyo Mukama wange ndikutenda,
   Ne mmanyisa erinnya lyo.

203. NSAASIRA MUKAMA NNEENENYEZZA *(Zab: 50) (Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Nsaasira Mukama nneenenyezza, Nneenenyezza Mukama onsaasire**
Nsaasira Mukama nneenenyezza, Nnasobya Mukama onsaasire.

1. Ekisa ekikyo Mukama nga tekikoma
   N'obusaasizi obubwo bwa mirembe, Mukama nsaasira.

2. Ggwe Omusaasizi Mukama nsaasira
   Nnaazaako ebibi biggweewo Mukama ntukuza.

3. Nze nzikiriza ddala Mukama nnayonoona
   Nze njatulira ddala nga ndi mubi Mukama nsaasira.

4. Nze kye nkusaba Mukama onzize buto
   Nziriza omwoyo omutukuvu Mukama ntukuza.

5. Nze kye nkusaba Mukama tongobanga
   Nteeka mu maaso go bulijjo Mukama ennaku zonna.

6. Nze nneenenyezza Mukama nsaasira
   Nnasobya mu maaso go Mukama nsaasira.

204. N'ABONAABONA N'AYITIRIZA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **N'abonaabona n'ayitiriza, n'abonaabona obutakoma**
N'akomererwa, n'afumitibwa, n'avumirirwa baganzi be.

1. Yayabulirwa bw'atyo n'atayambibwa
   Batume nabo baatya, badduka bubi
   Baamusimbako amaanyi, baasiba eyali owaabwe
   Nga bagwa eyali entiisa y'Omulokozi.

2. Yatunuulira ensi n'agisaasira, yaleka bali abaddu ne bamusiba,
   Baali balina empiiga, baagala batte atatta
   Kyokka teyatya Yezu n'abawulira.

3. Wulira eyali alamula bw'ajegemera;
   Ng'alabye eyali w'ali talina kabi;
   "Twagala tuwe omussi Baraba mute asaanye
   Kabaka tuwe essakki ery'okumuzisa .''

5. Yabonaabona bw'atyo olw'okutwagala,
   Naffe nno tuwe Yezu tube baddu bo
   Tuli baddu bo naffe saasira tuwe amaggya,
   Kaakati tuwe enneema ey'okukwagala.

205. OKUBONAABONA KWA YEZU (Eddaame Lya Yezu) *(Jjuuko Ben.)*

Ekidd.: **Katonda wange, Katonda wange, x2**
Lwaki, lwaki, okunjabulira. x2

1. Kitange basonyiwe, kye bakola tebakimanyi. x2

2 Mukazi, Mukazi, Mukazi, laba omwana wo. x2

3. Mutume, Mutume, Mutume, laba Nnyoko. x2

4. Byonna, byonna, byonna, bituukiridde. x2

5. Ennyonta, ennyonta, ennyonta, ennuma nnyo. x2

6. Kitange, Kitange, Kitange, omwoyo gwange ngukuddiza. x2

206. OMUSAALABA, OMUTI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Omusaalaba, omuti ogwo omwesigwa**
Mu miti egyo gyonna ogutajjika kitiibwa,
Omusaalaba, tiwali kibira mwakula ogugwenkana
Mu bikoola n'ebimuli n'ensigo,
Omuti omulungi, enninga ennungi,
N'obuzito bw'owaniridde bulungi.

1. Ayi olulimi, tendereza olutalo olw'ekitiibwa
   Olwagobwa ku kijjukizo ky'Omusaalaba
   Kw'oba otendera obuwanguzi obw'ekitiibwa;
   Omununuzi w'ensi nga bwe yatambirwa, n'agoba.

2. Omuzadde eyasooka, Omutonzi yanakuwala ng'agudde.
   Olulya olumu nagwa mu lumbe;
   Awo Yezu n'alamba omuti aggyewo omusango ogwo,
   Ogwava ku muti.

3. Ffe okusobola okulokoka, byali biteekwa okugenda bityo,
   Amagezi ne gasangulawo amagezi g'omulimba kalinkwe;

Eddagala n'aliggya omulabe we we yayima
Okututtattana.

4. Awonno obudde obutukuvu bwe bwatuuka,
N'asindikibwa ng'ava mu ggulu ewa Patri omuzaale,
Omukozi w'enkulungo y'ensi n'ava mu lubuto
Lw'Omubiikira, ng'amaze okwefuula omuntu.

5. Bwe yamala okumaliriza emyaka asatu
Ebbanga mu bulamu buno,
Omununuzi ng'aggya mu ye yekka ne yeewaayo okubonaabona.
Akaliga ne kawanikibwa ku muti gw'Omusaalaba, katambirwe.

6. Ayi omuti omulangavvu weta amatabi, gonda wenna,
Oggweemu obukakanyavu obwakukuliramu buddirire;
Omubiri gwa Kabaka ow'omu ggulu guleege ku muti nno,
Ogubeerekako.

7. Ggwe wekka Ggwe wasaanira okuwanirira ekyonziira ky'ensi,
N'okuteekateeka omwalo, ensi eyali etokomose mw'egoba ng'ekyombo;
Omusaayi Omutukuvu ogwayiika nga guva mu mubiri
Ogwo ogw'Akaliga, gwe yakasiiga luli.
8. Trinita afune ekitiibwa ennaku zonna.
Patri ne Mwana bakyenkanye n'Omukubagiza ettendo
Alifune kyenkanyi;
Erinnya ly'omu oyo Nnabasatwe,
Byonna bitenderezebwenga. Amiina.

207. OMUSAAYI GWA YEZU *(Fr. JamesKabuye)*

Ekidd.: **Omusaayi gwa Yezu guttulukuka gira olabe**
Guttulukuka olw'ensi gutununula,
Tewali kisinga bwagazi, Yezu bwalaga ku Musaalaba
Naffe tusabe enneema ey'okumwagala.

1. Singa teyafa Yezu twali basibe.
Singa teyafa Yezu twandigenze wa?
Yatununula abantu n'abaddiramu
N'abasonyiwa ekyejo n'abasaasira.

2. Yabonaabona Yezu n'ayitirira
Yakomererwa Yezu n'atufiirira
Yafumitibwa enninga n'alumizibwa
N'afumitibwa amaggwa ag'omuge guli.

3. Yezu ng'ali mu bbanga ery'okuzirika
Yatunuulira Nnyaffe bw'alumizibwa
N'amulekera abantu n'Omutume we,
"Nnyabo Omwana wo wuuyo gwe ndese ku nsi".

4. Kaakati mmaze Yezu ebibi bye nkoze
Okukola ebibi eby'edda byonna mbyenyiye,
Watunuulira abantu n'otulokola,
Gutuyiikeko, ogwo nno gutulokole.

208. TEWEERABIRA MUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Ayi mwoyo gwange teweerabira Mukama by'akukolera**
Tenderezanga, ogulumizenga erinnya lye.

1. Katonda mulungi era musaasizi - Yee mulungi musaasizi
Katonda y'atuyamba kuba musaasizi
Katonda ye yateesa byonna ne bibaawo - Ayi mwoyo gwange.....
Katonda Mulokozi era musaasizi -
Katonda tumutende kuba musaasizi -
Katonda ye yateesa kuba musaasizi - Ayi mwoyo gwange.....

Katonda y'ayamba kuba musaasizi -
Katonda y'atukuuma kuba musaasizi -
Katonda wa buyinza era musaasizi - Ayi mwoyo gwange.....

Nja kuyimba omukwano gw'Omukama
Nnangirire ebirungi by'ankolera
N'ekisa kye ndikiyimba emirembe gyonna.

2. Siryerabira Mukama wange by'ompadde, wamma onjagala
Ndikutenda Mukama wange obutamala - sirikwerabira
Ndikutenda, ndikusinza Ggwe Omutonzi - oli Mutuukirivu.

Siryerabira Mukama wange by'ompadde - ndaba byewuunyo
Leero olonze nze onzadde buto - sirikwerabira
Bukya oyamba oyambye nze n'okamala - sirikwerabira.

Ekitiibwa n'obuyinza bya Katonda - tumutendereze
Katonda oyo ow'ekitiibwa ali omu - tumutendereze
Nkoowoola abamutya oyo Omutonzi - tumutendereze
Ekitiibwa n'ettendo tubiwe Oli - tumutendereze.

209. TUGULUMIZE OMUSAALABA *(W.F.)*

1. Tugulumize Omusaalaba.
Gwafuuka ntebe ya kitiibwa**,**
Kabaka kwayima okufuga,
Kw'ayima n'okuyigiriza.

3. Tugulumize Omusaalaba,
Leero gutuli ng'ebendera;
Mu ntalo, gwo gwe gututwala,
Guwonya bonna abagweyuna.

Ekidd.: **Tutendereze ffe ffenna**
Yezu gwe baakomerera
Tutendereze ffe ffenna
Yezu gwe baakomerera.

2. Tugulumize Omusaalaba,
Si muti buti gwe tusinza,
Yezu ye yekka gwe tulaba,
Ku muti kwe yatufiirira.

4. Tugulumize Omusaalaba,
Gwamenya enngoma ya sitaani,
Kaakano buli lw'agulaba,
Yeekanga n'aggwaamu amaanyi.

EZAMAZUUKIRA

210. ABAKRISTU MUWULIDDE *(W.F.)*

1. Abakristu, muwulidde
Yezu nga bw'asinze olumbe;
Mujje mumusanyukire.

7. Abatume nabo bazze,
Ne bayingira mu ntaana,
Ne basanga nga njereere.

Ekidd.: **Alleluia. Alleluia**

Alleluia, alleluia.

2. Ne Maria Magdalena
N'abakazi abalala
Bonna baakeera ku ntaana.

3. Tibaludde, batuuseeyo,
Banoonyezza omulambo
Sso ne batagusangayo.

4. Magdalena n'abuulira
Abatume b'Omukama.
Bajja babiri ku ntaana.

5. Yoanna yasinga embiro
N'adduka n'ayisa Petro,
N'amusooka ku malaalo.

6. Malayika atukula
N'abuulira abakyala,
Nti Yezu yazuukidde dda.

8. Obudde nga buwungedde,
Yezu n'ajja mu Baatume
Yabasanga bakunngaanye.

9. Didimo baamubuulira,
Nga bwe balabye Omukama
N'agaana okubakkiriza.

10. Toma laba ebiwundu,
Mu bigere, mu bibatu
Tobanga mukakanyavu.

11. Mu nnaku zonna enkulu,
Luno lwe lusinga essanyu;
Katonda tumubbiremu.

12. Obanga twegendereza,
Naffe y'alituzuukiza;
Olwo ffenna nga twebaza.

211. ABAKRISTU MUTENDEREZE AKALIGA KA PASKA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Alleluia, Alleluia, Kristu azuukidde**.

1. Abakristu mutendereze ekyonziira kya Paska,
Akaliga akanunudde endiga, Kristu ataliiko musango.
Atabaganyizza aboonoonyi ne Kitaawe.

2. Olumbe n'obulamu byalwana obwezizingirire,
Omugabe w'obulamu eyafa luli alamula, nga mulamu.

3. Tubuulire Maria ky'olabye mu kkubo:
Nnalabye entaana ya Kristu omulamu
Nnalabye n'ekitiibwa ky'Azuukidde,
Ssaako Bamalayika abankakasizza,
Ekiremba n'ekyambalo, Kristu essuubi lyange,
Azuukidde, alibeesooka e Galilaaya.

4. Tumanyi nga Kristu yazuukirira ddala mu bafu,
Ayi Katonda omuwanguzi tusaasire, Amiina, Alleluia.

212. AGENDA OMULUNGI YEZU

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Agenda omulungi Yezu
Kristu ow'obuyinza
Atulekawo kati ffe ku nsi
Ye atusiibula ffe
Azzeeyo eri nno gye yava.

Laba!
Laba!
Laba!
Wuuyo!
Laba agenda Yezu, n'ekitiibwa
Ng'alinnya mu ggulu.

2. Ng'avaawo atugambye Yezu
Naffe alitutwala
Mu ggulu ewuwe gye tulibeera
Ye Katonda mwene

4. Ng'agenda Maria wuuno
Ye amutulekedde
Asinga naffe wano ku nsi
Bikira omutiibwa,

Atusuubizza, tusuubire!
Abe Nnyaffe, tumweyune

3. Abantu abatwala baabo,
Bangi mu kitiibwa
Muggulaggulu emagombe b'aggye
N'Adamu eyasooka
Amuggyemu envuba, Laba!

5. Wewaawo atusadde Yezu,
Tusanyuka sso nno,
Ffenna gy'alaze ffe gy'atutwala
Ye akulembedde ffe
Olwaleero tujaguze.

6. Leero tumukulise nno
Ssabawanguzi oyo
Emirembe n'emirembe ffenna
Yezu ow'ekitiibwa,
Ffe gy'otudde tuwanngame.

213. ALLELUIA, AZUUKIDDE

(Fr. Expedito Magembe)

Gano ge Mawulire Agasanyusa Kristu buno bwe bulokofu obuliwo.

I

Tulangirira Omukomerere..... Gano.....Kristu.....
Tulangirira eyakomererwa..... Gano.....Ku lwaffe.....
Tulangirira eyabonaabona..... Gano.....
Azuukidde Kristu oyo..... Gano.....Kristu.....
Awangudde Kristu..... Gano.....Kristu.....
Atambiddwa ku lwaffe ffenna ..... Gano.....Tuwonye.....
Tuli balamu mwoyo ffenna..... Gano.....Tuwonye.....
Alleluia tuyimbe leero..... Gano..... Alleluia x2

Ekidd: II: **Alleluia Alleluia Alleluia Alleluia x2**
Kristu azuukidde Alleluia Alleluia Alleluia.

II

Kristu azuukidde Alleluia Alleluia Alleluia
Kristu awangudde *(Ekidd.: x2)*
Mu ye tuli balamu
Mu ye tununuddwa
Mu ye tuli baggya. *(Ekidd.: x2)*

214. ALLELUIA YEZU AZUUKIDDE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Alleluia, alleluia, alleluia, Yezu azuukidde,**
Agguddewo amagombe olumbe alugobye n'amaanyi azuukidde.
Tuli mu ssanyu leero ku lunaku lwa leero,
Tumukulisa nnyo Yezu Omuwanguzi.
(Alleluia) Naffe tulizuukira oluvannyuma;
(Alleluia) Yezu ffenna alituzuukiza,
Twesiime naye emirembe.
Alleluia, alleluia, azuukidde Yezu.

1. Ku makya kuti abakyala baali bagobye ku ntaana eyo Yezu gye baamuteeka,
Beebuuzizza tebalaba: oguyinja ku ntaana baagutadde wa?
Kyokka gye baakuba amaaso ng'omulyango gw'entaana gwo nga muggule.
Malayika w'Omukama baamulaba, n'abategeeza nti: Azuukidde.
2. Mutubuulire abakyala gwe mukaabira mbadde nngamba Yezu yazuukidde.
Anti munoonya Yezu ow'e Nazareti,
Taliimu, azuukidde nga bwe yagamba.
Taliimu mujje mulabe, we baali bamutadde Yezu.

3. Mmwe abalunngamu abakyala mudduke kufa okubuulira Abatume
nti nzuukidde,
Mugende e Galilaaya Yezu gy'alaga, olwo mumulabe,
Azuukidde nga bwe yagamba, taliimu, azuukidde.

4. Abasanyufu abakyala baamulabako n'agaabwe Yezu oyo muganzi waabwe,
Ng'abalamusa n'omutima yabagumya:
"Muleke kutya; mugambe Abatume, nti Nzuukidde, bagende e Galilaaya,
Nange gye ndaga, tusisinkane".

215. ASULA WA YEZU *(Joseph Kyagambiddwa)*

I *II*

Asula wa Yezu Kristu bwe yazuukira
Kati asula wa ewaabwe? **Gaasamye amalaalo**

Abakuumi badduse wulira Malayika
Ku ntaana abuulira **Eri gye yagamba**

E Galilaaya, wuuli gy'abalinze Basseruganda! x2

Bonna: **Azuukidde anti, leero alleluia!**
Azuukidde anti, leero alleluia! x2

1. Abikirwa nti yafa; kati ani?
Baawa abo abakaabira Yezu?
Timumanyi nti yazuukira jjo?
Muzze mmwe kuziraga ani nno?

2. Abalabye ku yazuukira Oli
Baasonze olunwe ne bekkaanya;
Nga talina ku kanuubule Ye;
Boogedde, banyumirizza ffe!

3. Amazima, ayi baganda bange;
Yeggye nno emagombe n'entiisa;
Alabibwa ye gwe baabetenta,
N'asoggwa okununula ensi eno!

4. Atamanyi ekyo, akibuusabuusa:
Lwaki ggwe olwa notomwanguyira
E Galilaaya akulindiridde
Lwaki nno olema okugenda eyo?

5. Essanyu lye litubukale ffe,
B'agenda okuzuukiza naffe,
Omugobi oyo Kabaka waffe,
Taafenga, alisigala mu ffe.

216. AZUUKIDDE / ALLELUIA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Azuukidde alleluia omuyinza wa byonna wuuno Yezu,**
(Azuukidde) Leero asinze sitaani n'olumbe essanyu lingi
(Azuukidde) mu kitiibwa, n'agenda mu kitiibwa,
(Alleluia) Alleluia; Alleluia,
(Alleluia) Alleluia, Alle-lu-ia.

1. Ne Maria Magdalena, n'abakazi abalala,
Bonna baakeera ku ntaana, nga banoonya Yezu,
Gwe baaziika luli, Taliiwo azuukidde,
Taliiwo azuukidde.

2. Ne Maria Magdalena, n'abuulira Abatume abo,
Ne bajja bombi ku ntaana, nga banoonya Yezu,
Gwe baaziika luli, Taliiwo azuukidde,
Taliiwo azuukidde.

3. Yoanna n'asinga Petro, n'amusooka gye baaziika,
Bombi banoonya, mu ntaana nga baagala Yezu,
Gwe baaziika luli, Taliiwo azuukidde,

Taliiwo azuukidde.

4. Malayika yabuuza nti: Munoonya ani nga munyolwa?
   Nga beewuunya baagamba nti: “Ffe tunoonya Yezu,
   Gwe baaziika luli”, Taliiwo azuukidde,
   Taliiwo azuukidde.

5. Olwaleero lukulu nnyo, lwe lusinga ennaku zonna,
   Tumwebaze Yezu asaana, leero agobye olumbe,
   Ffenna atununudde. Taliiwo azuukidde.
   Taliiwo azuukidde.

217. AZUUKIDDE DDALA DDALA

(Ponsiano Kayongo - Biva)

Ekidd.: **Azuukidde ddala ddala, alleluia**
Abaagalwa tuyimbe, alleluia
Awangudde olumbe ne sitaani byonna
Emagombe n’avaayo ng’ayakaayakana amyansa,
Wa kitiibwa yenna, wa ntiisa, wa ntiisa,
N’abambowa abakuumi bonna ne badduka.

1. Omulwanyi Yezu awangudde, agobye olumbe
   Tusagambiza lwa ttendo, tuyimbe ffenna, alleluia
   Anti b’akulembera tununuddwa, alleluia
   Twejage ddala atubbudde - aluwa walumbe aluwa?
   Aluwa walumbe aluwa? Takyawuuna, takyanyega, takyatala,
   Awanguddwa, mazima ddala aswaziddwa takyatala.

2. Mmwe abamumanyi, ensi mwenna muyimbire Omukama,
   Mwebaze luno lwa ttendo
   Muyimbe mwenna, tweyanze ffe b’akulembera tununuddwa
   Alleluia, mwebaze muyimbe mwenna
   Aluwa, walumbe aluwa? (bis)
   Takyawuuna, takyanyega, takyatala,
   Awanguddwa, mazima ddala aswaziddwa.

3. Omusaayi gw’Oyo ogwayiika okubeera ffe
   Gutubangula, tweyanze
   Kati anti ffe b’alyoye, ddala baana ba luse beebonanye
   Laba ettiibwa, tusagambiza, twaweebwa
   Aluwa, walumbe, aluwa? .....

4. Akulembera ffe ffenna, tuwangule olutalo
   Naffe mu ggulu twesiime
   Tubeerenga eyo ewa Taata, anti tuli baana be, twesuneko
   Alleluia, twebaze tuyimbe ffenna
   Aluwa, walumbe, aluwa? .....

5. (a) Omuwanguzi Kabaka Ggwe, tunyweze nno tuli baana bo b’olonze
   (b) Ggwe akulembera abatabaazi, tuwe amaanyi, Ggwe engabo etuwa obuwanguzi
   (c) Tuwera kimu ab’oku nsi: Kunywera ffe tukuwondere n’obuvumu
   (d) Nga tulumaze olutabaalo, tube Naawe, Ggwe Omulokozi alituweera.
   (Aluwa .....)

218. E GALILAAYA GYE MULIMUSANGA *(Fr. Joseph Namukangula)*

Ekidd.: **Azuukidde, tali muno,**
Yezu agenze nno, tali muno!
E Galilaaya gye mulimusanga,
E Galilaaya gye mulimusanga.

1. Abaakedde eyo gye baamuziika
Baasanzeeyo Malayika n'abagamba:
//Takyali mu ntaana Yezu,
Takyali mu ntaana.//

2. Mmwe eddembe eryange libaddeko mmwe,
Eddembe eryange lye lya Kitange!
//Nzuuno ddala mulabe abaana,
Sikyali mu ntaana.//

3. Abaana be Abatume aboolese ebyo
Mu mbiriizi n'ebibatu n'alaga ebyo
//Bakakasa mazima Yezu,
wuuno ddala muzira.//

4. Atwagala Yezu abaana be ffe,
Awaddeyo obulamu olw'okuba ffe
//Ggwe Musumba omuzira, olwanye
Ssebo tusiimye nnyo.//

5. Luwangula, Omugabe ow'ekitiibwa,
Olwanye nnyo olutalo n'ogoba olwo
//Ssemigero omuzira olwanye,
Ggwe muzira asinga.//

6. Otuggyeeko ekinene eky'akabi ffe
Ffe abaana bo, tufuge, tuli naawe
//Naffe tuli mu liryo eggye eryo
Tuwondera omuzira.//

219. EWA PATRI KATONDA *(W.F.)*

Ekidd.: **Ewa Patri Katonda**
Yezu waffe oddayo,
// Naffe emirembe gyonna
Gy'oli tubeereyo. //

1. Olwaleero olukedde
Kigambo kya ssanyu:
Yezu atukulembedde
Ffe ffenna mu ggulu.

2. Yava Yeruzalemu
Wamu n'Abatume
N'alinnya ku lusozi
Bonna abasiibule.

5. Leero Mukama waffe
   Atudde mu ggulu
   Ku gwa ddyo gwa Kitaawe!
   Abugaanye essanyu!

220. FFE ABANGI *(M.H.)*

1. Ffe abangi abakunngaanye, Alleluia!
   Essanyu litubugaanye: kwe kuyimba!
   Tutendereza Yezu waffe, Alleluia
   Azuukidde, lye ssuubi lyaffe, titwerimba,
   Alleluia, Alleluia, Alleluia!

2. Olumbe y'aluwangudde, Alleluia!
   Era n'eggulu aliggudde, nga twesiimye!
   Aswazizza omulabe waffe, Alleluia
   N'atujuna mu nnaku zaffe, tumusinze,
   Alleluia, Alleluia, Alleluia!

3. Leero sitaani akankane, Alleluia!
   Ka Yezu yekka awanngame! Ye Kabaka
   Oyo yekka ffe gwe tusinza, Alleluia!
   Kuba ye Mukama Omuyinza, ye Kabaka,
   Alleluia, Alleluia, Alleluia!
4. Ayi Yezu Ggwe tukweyunye, Alleluia!
   Ensi ffenna tugidduse, tukulonze!
   Byonna by'onootulagiranga, Alleluia!
   Ffenna tujja kubituusanga; ka tugonde!
   Alleluia, Alleluia, Alleluia!

5. Ekkubo olitusambidde, Alleluia!
   Tusimbenga Ggwe mw'oyise, ng'otulinda.
   Tubeere, bwe tulikusanga, Alleluia!
   Mu ttendo lyo, ayi Omutanda, nga tuyimba:
   Alleluia, Alleluia, Alleluia!

221. KIKI EKIRITUGGYA KU KRISTU?

(Fr. Expedito Magembe)

Kristu yatwagala nnyo, Kristu yeewaayo, Kristu n'atulokola
Kristu yatwagala nnyo..... Kristu n'atufiirira,
Ku lwaffe yeewaayo ..... Kristu n'atulokola,
Kristu yatwagala nnyo ..... Kristu tumwekola nnyo,
Mukama yatuganza nnyo.
Yazuukira n'alinnya ewa Kitaffe gy'atudde, anti y'atuwolereza.
Kristu y'atuwolereza ..... Kristu ffe atuyamba nnyo,
Kristu y'atubeezaawo ..... Kristu atwagala nnyo,
Anti y'atuwolereza ..... Kristu tumwekola nnyo.
Mukama yatuganza nnyo.

Eyatwagala bw'ati, // yatuganza nnyo// .... Omukama atwagala
Yatusaasira owaffe, // yatuganza nnyo// ... Kristu atwagala
Yatubiita owaffe, // yatuganza nnyo// ..... Kristu atwagala

Kristu leero kiriba kiki? ..... Kristu ate ne tumuvaako,
TUTTI:- Kiki ekyo leero ekiritwawukanya?
Kiriva wa Yezu? ..... Kiriva wa?

TUTTI:- Kiki ekyo ekiritwawukanya?
Aliba walumbe yadde akabenje? ..... N'akatono tibirisobola ffe okutuggya ku kwagala kw'Omukama.
Buliba bwavu, yadde okuswala?.....
Buliba bugagga, yadde ebisanyusa .....
Kube kufa nno, yadde ebitiisa? .....
Aliba Malayika, yadde aliba ani? .....
Kiriba kiki Yezu? ..... Kiriba kiki?
TUTTI:- Kiki ekyo leero ekiritwawukanya?
Kristu ate kiriba kiki? ..... Mukama leero tuliba tutya?
TUTTI:- Kiki ekyo leero ekiritwawukanya?
Eyatwagala bw'ati, //yatuganza nnyo// .... Mukama atwagala
Yatusaasira owaffe, //yatuganza nnyo// .... Mukama atwagala
Yatubiita owaffe, ... //yatuganza nnyo// .... Mukama atwagala.

222. KRISTU AZUUKIDDE *(Fr. Expedito Magembe)*

Kristu azuukidde nga bwe yagamba Kristu azuukidde x2
Kristu azuukidde mu ntaana taliimu, Kristu azuukidde.
Kristu azuukidde genda ogambe bonna, Kristu azuukidde.
Azuukidde --- Azuukidde --- Azuukidde. x2

Mutendereze mwenna Akaliga Kristu Paska yaffe atambiddwa
Walumbe amutuggyeeko, amutuggyeeko atuddizza obulamu, tuli balamu
Amenye amagombe oli tununuddwa ffenna atubbudde, (tuli balamu x2)
Alleluia - alleluia - alleluia - alleluia. x2

Tusaana tutende nnyo Kristu Omuwanguzi, tusaakaanye wonna nti Kristu azuukidde.
Amiina Akaliga alleluia
Alleluia - alleluia - alleluia - alleluia.
1. Ekitiibwa n'ettendo biweebwe Akaliga - Kristu Akaliga x2
2. Obuyinza n'amaanyi bitende Akaliga - Kristu Akaliga x2
3. Amawanga mwenna mutende Akaliga - Kristu Akaliga x2
4. Buli kitonde kyonna kisinze Akaliga - Kristu Akaliga x2
   A ..... a .....Akaliga x2
   Amiina Akaliga - Amiina Akaliga - Amiina Akaliga. x2

223. KRISTU PASKA YAFFE ATAMBIDDWA *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Kristu omuwanguzi ye wuuyo Akaliga,
   Bendera emuli mu gwa ddyo, ffenna atubbudde.

,
Ekidd.: **Kristu ..... Paska yaffe**
Kristu ..... Paska yaffe
Kristu ..... Paska yaffe
Kristu atambiddwa.

2. Ddala Kristu atambiddwa, atambiddwa ku lwaffe,
   Ye wuuyo Akaliga akaggyawo ebibi by'ensi - kamalawo olumbe.

3. Ddala Kristu atambiddwa, atambiddwa, atambiddwa ku lwaffe,
   Mu kufa kwe ekibi twakivaamu, mu kuzuukira kwe ffenna twalamuka.

4. Ddala Kristu atambiddwa, atambiddwa ku lwaffe,
   Ebitambiro eby'edda yabidibya ye Musaserdooti, Altari era ke Kaliga.

5. Kristu ke Kaliga, keeko akanunudde endiga,

Atabaganyizza oyo Kitaawe naffe aboonoonyi.

6. Kristu Omununuzi, olwaleero azuukidde.
   Ekitiibwa n'obuyinza bibye, emirembe n'emirembe.

224. MPULIRA EDDOBOOZI LY'OMUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

1. Mpulira eddoboozi ly'Omukama limpita,
   Mpulira eddoboozi ly'Omukama lyogera x2
   Nzuukidde nkyali nammwe abange muleke kutya nzuukidde x2
   Ka mbawe emirembe mwenna.

   Ekidd.: **Nkulamusa Katonda wange gwe mmanyi**
   Nneewaayo Katonda wange tondeka x2
   Ky'oyagala kikolebwe nga bw'osiima
   Ky'oyagala kikolebwe nga bw'olonze x2
   Nngenze ne Katonda wange mweraba
   Nsenze wa Muganzi wange Yezu. x2
   Alleluia leero alleluia
   Alleluia Yezu alleluia. x2

2. Mpulira eddoboozi ly'Omukama limpita,
   Mpulira eddoboozi ly'Omukama lyogera;
   Nzuukidde nkyali nammwe abange mmwe munkwateko nze mwenna x2
   Munzikirize nzuukidde ... Nkulamusa ....

3. Mpulira eddoboozi ly'Omukama limpita,
   Mpulira eddoboozi ly'Omukama lyogera;
   Nzuukidde nkyali nammwe, abange mugume kati mpangudde x2
   Okufa nakwo nkwabudde ..... Nkulamusa .....

4. Mpulira eddoboozi ly'Omukama limpita,
   Mpulira eddoboozi ly'Omukama lyogera x2
   Nzuukidde nkyali nammwe, mmwe nno abajulizi abansenga x2
   Mugibuulire ensi yonna.

225. OBUDDE BWE BWASAASAANA *(M.H.)*

1. Obudde bwe bwasaasaana
   Ensi yali ng'ekankana;
   Eyafa edda n'azuukira
   Olumbe n'aluwangula.

   Ekidd.: **Alleluia alleluia**
   Tusanyuke azuukidde
   Mu matulutulu.

2. Malayika n'awanuka,
   Ng'atukula ng'omuzira,
   N'atoola ejjinja eddene nnyo
   Ku ntaana n'alituulako

5. Awo Yezu n'agamba nti;
   Maria, nze Mulokozi!
   Maria n'amukyukira
   Nti: "Ayi Rabboni omwagalwa!

226. OLWALEERO ALUTUWADDE

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

1. Luno olunaku Katonda alutuwadde Alleluia
   Olwaleero Katonda alutuwadde Ka tumwebaze

2. Tuyimbe nga tujaganya Alleluia
   Luno olunaku Katonda alutuwadde Ka tumwebaze

3. Katonda Kitaffe, akoze, akoze nnyo Alleluia
   Luno olunaku Katonda alutuwadde Ka tumwebaze

4. Yezu Omukama avuddeyo emagombe Alleluia
   Luno olunaku Katonda alutuwadde Ka tumwebaze
5. Yezu amaze kati okuwangula Alleluia
   Luno olunaku Katonda alutuwadde Ka tumwebaze

6. Era naffe tuli baakuwangula Alleluia
   Luno olunaku Katonda alutuwadde Ka tumwebaze

   Omazeewo enzikiza ebadde ekwatiridde
   wonna omazeewo enzikiza Situli baddu ba sitaani
   Oggyeewo okubuzabuza okumalawo emirembe
   oggyeewo enzikiza Situli baddu ba sitaani
   Oggyeewo okulagajjala nga twesiga ebitajja,
   oggyeewo enzikiza Situli baddu ba sitaani
   Ggwe wamma, osinze, otulaze obwakatonda bwo,
   ggwe wamma osinze Situli baddu ba sitaani

V/ Tuwonye olumbe lwa sitaani Kalinkwe oyo
   Kati eggulu litulamidde *R/* Alleluia

V/ Tulina okwenyumiriza ffe Katonda yeebale!
   Kati eggulu litulamidde *R/* Alleluia

V/ Tulina okwenyumiriza ffe Katonda yeebale!
   Kati eggulu litulamidde *R/* Alleluia

V/ Tuzuukire ne Yezu waffe Gwe tukkiriza
   Kati eggulu litulamidde. *R/* Alleluia.

227. TULANGIRIRA AMAWULIRE

(Fr. Expedito Magembe)

Tulangirira Amawulire agaleeta eddembe,
Tulangirira Amawulire ag'obulokofu
Tulangirira Amawulire Agasanyusa
Agaleeta eddembe ag'obulokofu, Amawulire ag'okwesiima.

1. Yezu yazuukira ---- Yezu yazuukira
   Ago ge mazima ----- Ago ge Mawulire Agasanyusa
   Ye nno bwe yafa ---- Ffenna n'atufiirira
   N'atuwonya okufa ---- Ago ge Mawulire agalokola
   Kubanga bwe yazuukira ---- Olwo bwe yazuukira
   Olwo ne tuddawo ----- Ago ge Mawulire Agasanyusa
   Tata kwewaayo ----- Ffe nga atuwolereza
   Yatuwolereza ----- Ago ge Mawulire agatugumya
   Ye muyinza wa byonna ---- Ye muwanguzi

Ye Mukama wa byonna ----- Ago ge Mawulire Agasanyusa

2. Gano gano --- gano ge mazima ge nnangirira
   Ekigambo kino gwe musingi kwe nnyweredde.
   GANO GE MAZIMA

A. Bw'olimwesiga Omulokozi ---- n'omunywererako
   Olibeera n'Omulokozi ----- gy'alibeera
   Talikuleka yalayira ----- emirembe
   Ye muyambi atayabulira ----- amunoonya
   Oluusi lw'oterebuka ------ n'omuvaako
   Akuwondera Omulokozi -----n'akunoonya
   Bw'owuliriza Ekigambo kye ------ n'okikwata
   Olibeera mu kwesiima ------ emirembe
   Bw'olituusa bye wasuubiza ----- n'obinywererako
   Oligabana ebikusike ewa Kitaawe
   Bw'obonaabona ne Kristu ------ n'omunywererako
   Olibeera ne Kristu emirembe
   Bw'olyegaana Omulokozi ---- n'omuvaako
   Nga okutte lya kukuzisa emirembe
   Bw'onywera n'okuluusana ----- n'omunywererako
   Oligabana ebikusike ewa Kitaawe.

B. Olibeera n'Omulokozi ---------olibeera n'Omulokozi
   Bw'olimwesiga Omulokozi ---- n'omunywererako
   Ye muyambi atayabulira ------ ye muyambi atayabulira
   Talikuleka yalayira -------- emirembe
   Akuwondera Omulokozi----- Akuwondera Omulokozi
   Oluusi lw'oterebuka -------- n'omuvaako
   Olibeera mu kwesiima ------olibeera mu kwesiima
   Bw'owuliriza Ekigambo kye ------ n'okikwata
   Oligabana ebikusike -------- oligabana ebikusike
   Bw'olituusa bye wasuubiza ----- n'obinywererako
   Olibeera ne Kristu ------ olibeera ne Kristu
   Bw'obonaabona ne Kristu ------ n'omunywererako.

228. TULI MU SSANYU *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Tuli mu ssanyu, lwaki mulina ennaku,
   Baana battu mmwe lwaki okulira mutyo!
   Tuli mu mbaga esinga okunyuma nnyini:
   Muyabya mmwe lumbe ki olw'omufu wano!
   Ekidd.: **Ka tuyimbe ffenna n'okujaguza**
   Paska anti y'eno, lwe lw'obulokofu.
   Tuyozaayoza Kristu olw'obuzira bwe;
   Tumukulise Yezu lw'agobye entalo,
   Atuggye naffe mu nnaku omugobi.
   Bonna: **Nga musaasizi, Yezu Omuzira**
   Kristu nga muwanguzi sso okuzuukira
   Mutabaazi! Alleluia!

2. Yamaze ssatu ennamba ez'okufa ennaku,
   Sibalimba, mu ntaana n'agolokoka;
   Kye mbanyumiza ab'ensi abalina ennaku:
   Mulina kati eddembe n'okulokoka.

3. Twali banaku, n'ajja Omwagazi atafa,
   N'atufuukira omuntu ajje atulokole
   N'atubeera nga awaayo ky'alina ekifa

Baana b'Adamu twesiimye okukamala.

229. TUTENDEREZE AKALIGA

(Fr. Expedito Magembe)

A--lle--luia Tutende Akaliga,
A--lle--luia Tusinza Akaliga

Ekitiibwa n'ettendo bya Kaliga
Obuyinza n'amaanyi bya Kaliga

Alleluia ka tumwebaze Omukama
Alleluia Atununudde Obuliga
Alleluia wa buyinza Omukama
Alleluia anununudde Obuliga

Twesiimye ffe b'anununudde
Tumutende ffe b'anununudde
Twesiimye ffe b'anununudde
Tumusinze ffe b'anununudde.

230. WALUMBE BAAKUMALA EMPAPALA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Walumbe, walumbe, walumbe nga tokyawaza x2**
Baakumala amaanyi Kristu bwe yava emagombe nga mulamu
Yakumegga - Kati oli lutindo lwe tuyitako okutuuka mu
Kitiibwa kya Kitaffe, mu kusanyuka okw'olubeerera.
// Walumbe nga tukuwonye, walumbe nga tukuwonye, mirembe.//

1. Enngombe erivuga, **Kya mazima**, enngombe erivuga
   Abafu ne bazuukira nga si ba kuvunda, si ba kufa - **bonna bafuuse,**
   Ekivunda kyambadde obutavunda, kino ekifa kyambadde obutafa.
   Yeebale Katonda eyatuwa ne tululinnyako mu Kristu Yezu Omwana we.

2. "Nze kuzuukira, nze bulamu, anzikiriza ne bw'alifa, aliba mulamu,
   Buli mulamu anzikiriza, talifa, talifa, emirembe talifa, talifa,
   Emirembe gyonna, nange ndimuzuukiza , ndimuzuukiza ku
   Lwoluvannyuma."

231. YEZU AZUUKIDDE *(W.F.)*

1. Yezu azuukidde
   Eklezia ejjudde essanyu
   Yezu atununudde,
   Tujjule ffenna essanyu:
   Awangudde olumbe
   Leero mu kitiibwa
   Naffe ffenna tulizuukira.

2. Yoanna ne Petro
   Okutuuka ku ntaana
   Baalaba ngoye nsa
   Yazu nga yagenze dda
   Awangudde olumbe

3. Nnyaffe omwagalwa
   Jjo wali mu kunyolwa
   Olw'Omwana okufa
   Yezu leero azuukidde
   Ku mubiri gwonna
   Mpaawo kinuubule
   Yenna yenna atangalijja.

4. Eddiini tuginyweze
   Yezu okwezuukiza
   Kitegeereza ddala
   Nga ye nnannyini byonna
   Ffe abamukkiriza

Takyali mu bafu
Ye Kabaka nnannyini byonna.

Aliremera wa
Okutuzuukiza.

5. Sitaani tuveeko
Yezu ye Luwangula
Akutte omunyago
Ffe ffenna tuli babe
Yekka ye Kabaka
Owannamaddala
Emitima tugimuwadde.

232. YEZU EYAFA LULI *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Yezu eyafa luli lw'ameggwa olumbe!
Wuuno yalugobye, leero azuukidde!
Bwe yayimuse n'alussa omuggo anti Omusaalaba.

Ekidd.: **Luno alleluia eyimbwe nnyo!**
Lunaku lwa kitiibwa lwawufu
Mazima ddala Yezu azuukidde!
Kristu awangudde!

2. Ye nno amaze mbale, entaana y'eroopye!
Yiiri yagimenye, amyansa yenna!
Okuzuukira kwaziise olumbe!
Naffe tuluwoye.

3. Ggwe nno amudaagira, lwaki nno okaaba?
Oh, kitalo ddala era kyewuunyo!
Abamulabye boogedde nti nno:
Yezu yalamuse!

4. Naaza amaziga go n'ogenda gy'ali
Yezu ddala owuwo alinze otuuke;
Alagiriza n'agamba: "Nzuuno,
Nzuuno gwe mwagala!"

5. Yezu okuzuukira, twesiimye ffe nno,
Nnyiniggulu eyafa ku lwaffe ffenna
Olabikako gy'obadde wa eyo,
Ayi eyatwagala!

6. Kristu tube wamu gy'ogenda okudda,
Naffe totuleka tutwale ffenna,
Nga otuzuukiza n'otuzza obuggya
Ayi eyatwagala.

233. YEZU LEERO ASINZE *(W.F.)*

1. Yezu leero asinze!
Ffenna tusanyuke
N'emmeeme ekube ejjebe
Yezu leero asinze
Asinze sitaani n'olumbe
Mu nsi n'eggulu
Mu nnaku enkulu
Lw'azuukiddemu
Lwe lusinga mu ssanyu;

2. Olumbe sikyalutya
Yezu yalusinga
Yezu yaluwangula
Olumbe sikyalutya.
Kwe nsinziira okukkiriza
Kye yalanga edda
Nti: Ndizuukira
Akituusizza
N'avaayo n'ekitiibwa.

Tumubbiremu,
Tuyimbe wamu;
Alleluia mu nsi n'eggulu.

Bwe tutyo ffenna
Oluvannyuma,
Edda, tulimugoberera.

234. YEZU MWANA WA MARIA *(W.F.)*

1. Mu ggulu Katonda waffe ,
   Atukwatiddwa ekisa;
   Titukyeraliikirira
   Ennaku zonna ziwedde.

3. Bwe yayiwa omusaayi gwe,
   Okusonyiyisa aboonoonyi;
   Yanyiriza emyoyo gyaffe,
   N'atuggyamu ekko ly'ebibi.

Ekidd.: **Yezu mwana wa Maria**
Azuukidde mu kitiibwa
Abakristu bajaguza;
Alleluia, Alleluia.

2. Omukama agobye olumbe,
   Sitaani amuwangudde:
   Agguddewo amagombe,
   Mu buddu atununudde.

4. Yezu bwe yatufiirira,
   Yatuggulirawo eggulu;
   Okwagala kwamuyinga,
   Okufa kwe bwe bulamu.

5. Leero Yezu azuukidde,
   Awo naffe tuzuukire;
   Ebyensi nno, tubigaye.
   Ebyeggulu tubyegombe.

EZOKUFUNDIKIRA

235. ALIBAWEERA EMPEERA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Alibawera empeera ey'olubeerera,**
Alibatuuza Omukama mu kitiibwa kye.

1. Bwe mulikola ne mukuuma ebyo bye mugambye,
   Okuyambagananga buli kakedde,

2. Bwe mulikola byonna Yezu by'agamba,
   Okusonyiwagananga buli wantu.

3. Mu ssanyu ne mu nnaku ne mutuusa ebyo bye mugambye,
   Obutayawukana walumbe yekka.

4. Bwe mulyesiga ne mwagala oyo eyabatonda,
   Essanyu lyammwe lya lubeerera.

5. Munywere mugume bye mwetemye munaabituusa,
   N'Omukama ng'abayambako.

6. Abakuumenga Omukama omuyinza,
   Buli kyonna ekyammwe kirunngame.

236. BYONNA BIWEDDE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Byonna biwedde, byonna biwedde, x2**
Leero tusazeewo, tuli bantu ba Mukama emirembe gyonna.
Ffenna tusazeewo, tunawuliranga Katonda yekka.
Kubanga ye Katonda waffe, ffe ate tuli bantu be,
Endagaano yaffe eno ya mirembe na mirembe.
Amiina, Amiina, Amiina, Amiina.
Amiina; .....Amiina.

1. Omwoyo gw'abantu be Mukama gumulumye wulira agamba,
"Nze nzennyini, nze nzennyini nsituse,
Nkunngaanye abantu bange Ebuvanjuba n'Ebugwanjuba.
Mbayingize mu Yeruzalemu omuggya,
Munaabanga bantu bange mmwe, nnaabanga Katonda wammwe. x2
Nze mbatwala, nze mbaliisa, emirembe x2
2. Omwoyo gw'abantu be Mukama gumulumye wulira agamba,
"Nze nzennyini, nze nzennyini nsituse,
Ka ntaase abantu bange mu buyinike n'okufugibwa.
Mbayingize mu Yeruzalemu omuggya.
Munaabanga bantu bange mmwe, nnaabanga Katonda wammwe x2
Nze mbatwala siribaleka, emirembe x2

3. Nga watwagala nnyo Ggwe, eyatutonda Mukama,
Nga watwagala nnyo Ggwe, eyatusonyiwa nga tuwabye,
Oli wa kisa nnyo eyatugatta mu Kristu Omwana wo.
Tuli baana twegiriisa, tuli basika b'Endagaano mu Kristu Omwana wo x2
Ka tusanyuke ffenna twebaze, Ggwe Kitaffe Katonda,
Eyatwagala bw'otyo n'okamala ffe abantu.

4. Nga watwagala nnyo Ggwe, eyatutonda Mukama,
Nga watwagala nnyo Ggwe, eyatusonyiwa nga tuwabye,
Ffe tukwebaza nnyo, eyatuganza mu Kristu Omwana wo.
Tuli baana twegiriisa tuli basika b'Endagaano mu Kristu Omwana wo x2
Mu buli kimu ffenna twesiga Ggwe Kitaffe Katonda.
Eyatwagala bw'atyo ataamumanye, ava wa?

237. EGGULU YE MPEERA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Eggulu ye mpeera, Kigambo kya kitiibwa nnyo**
Tiwali ssanyu wonna lisinga lino awalala!
Nyiikira mu kwegaana amasanyu g'ensi eno;
Weerezanga Omukama! Eggulu ye mpeera!

1. Nga bwa kitiibwa nnyo, Obwakabaka bwa Yezu
Beesiimye abantu ababutuulamu bonna
Nyiikira fuba naawe, gye watonderwa y'eyo. x2

2. Nga bwa kitiibwa nnyo, Obwakabaka bwa Yezu
Beesiimye abantu Katonda b'ayise bonna
Nyiikira fuba naawe; gye watonderwa y'eyo. x2

3. Nga kya kitiibwa nnyo, okwagala Omutonzi oyo
Beesiimye abantu abamuweereza mu nsi!
Nyiikira fuba naawe; gye watonderwa y'eyo. x2

4. Ssanyu okuba ffenna, mu Yeruzalemu omuggya!
Beesiimye abantu abaligendayo eyo!
Nyiikira fuba naawe; gye watonderwa y'eyo. x2

238. KATONDA ALIBAWEERA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Katonda alibaweera abakola obulungi. Ka tunywere tufube.**
Laba, Yeruzalemu ekibuga ekikulu, lye ggulu y'empeera,
y'eka ewaffe.

1. Obeeranga mwenkanya ng'olamula omugwira, n'omunaku tomugoba.
Bw'oyamba abanaku ng'oyambye Ye. Alikuweera.

2. Ogunjulanga abaana mu ddiini bwe butume obusooka.
Obutume bwa Kristu abutuusa Ye alimuweera.

3. Ekisulo k'ensi eno kya luwunguko ku nsi kuno tuyita lumu.
Emirembe emituufu gye giri eri ew'Omukama.

239. KATONDA WA BUYINZA *(Fr. Gerald Mukwaya)*

Ekidd.: **Asaana kwebaza, asaana kwebaza yeebale**
Asaana na kutenda wonna mu Uganda.

1. Katonda wa buyinza,
Yasindika Mapeera
Ajje eno mu Uganda
Asomese eddini.

2. Twali mu kulagulwa,
Kuwongera Lubaale
Kati ebyo twabisuula
Tusinze Katonda.

3. Yaleeta Ekitangaala,
Ne kyakira Uganda
Ne tumanya Katonda
N'ebiragiro bye.

4. Basaserdooti bangi
Wamu ne bannaddiini
Abeewaayo bulamba
Basomese eddiini.

5. Sitaani twamukyawa
Ayita eyo buziizi
Alimberimbe bw'atyo
Tuve ku Katonda.

6. Eddiini tuginyweze
Eya baganda baffe abo
Abaayiwa omusaayi
Okubeera Yezu.

7. Tubuuke twegiriise
Mu maaso ga Kitaffe
Akuumye eddiini yaffe
Emyaka ekikumi.

8. Tusuubira bulijjo
Empeera ey'eggulu
Gye tulyesiimira eyo
Emirembe gyonna.

240. KA TULAMAGE FFENNA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ka tulamage ffenna ab'oluganda .... ffenna**
B'alyoye ka tulamage abazira.
Tudda wa Kitaffe ka tulamage ffenna ....
Ffenna ab'oluganda ka tulamage ffenna.
Yezu anaatutuusa mu Yeruzalemu Omuggya ...
Ffenna tuli mu lugendo.
Tutambule. *(Tutti)* **Tutambuza maanyi na buyinza,**
Tutambula masajja tuli n'Oyo.
Eyawangula sitaani n'amumegga
Eyawangula olumbe nnamuzisa
Naffe n'atukakasa nti: anzikiriza ndimuzuukiza,
Nze Kkubo nze Mazima nze Bulamu.
Kristu ffenna b'oyise (n'ono gw'oyise) tutuuse gy'obeera
Kristu ffe nno abakulindirira
Tutuuse mu kitiibwa kyo eky'olubeerera.

1. Obulamu bw'ensi buyita kapaalo,
Buli nga omuddo ogw'oku ttale,

Kyokka bwa muwendo: mu bwo,
Mwe tukolera ebirungi, Katonda kw'ayima,
N'atuwa empeera. Anti yasuubiza nti:
Buli ampeereza, Kitange alimuwa ekitiibwa,
Nange we ntudde naye w'alituula.

2. Obulamu bw'ensi butudyekadyeka,
Buli nga roza ey'oku ttale,
Kyokka bwa muwendo; mu bwo,
Mwe tufunira obugagga, Katonda kw'ayima,
N'atusukkulumya. Nga bwe yasuubiza nti:
"Buli ampeereza Kitange alimuwa ekitiibwa,
Kumpi we ntudde, naye w'alituula.

3. Obulungi bw'ensi butulimbalimba,
Buli nga mmambya lw'anaasala,
Kyokka bwa muwendo, mu bwo,
Mwe tulabira ebirungi, Omutonzi w'eggulu by'atuwa abantu,
Nga bwe yasuubiza nti:
Buli ampeereza, Kitange alimuwa ekitiibwa,
Nange we ntudde naye w'alituula.
4. Obugagga bw'ensi butusendasenda,
Bulinga omuddo ogw'oku ttale,
Kyokka tumanye nti: mu bwo
Mwe tuyigira okutoola, kuyaba abalumwa
N'oddiza Katonda, nga bwe yasuubiza nti:
Buli ampeereza, Kitange alimuwa ekitiibwa,
Nange we ntudde naye w'alituula.

5. Obulumi bw'ensi nga butukuza nnyo,
Tuba nga zaabu bw'ayokebwa, nabwo muwendo,
Mu bwo, mwe tufunira ebirungi, Katonda kw'ayima
N'atuwa empeera, nga bwe yasuubiza nti:
Buli ampeereza, Kitange alimuwa ekitiibwa,
Nange we ntudde naye w'alituula.

241. MBEERA, MUKAMA! *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Mbeera, Mukama mpa enneema
Ayi anzaala, Taata,
Katonda omwagalwa, Lugaba
Mu ggulu, nkutuuke! x2

3. Singa mba nnyonyi ng'empungu
Nga mbuuka, nnoonya
Nze nnandiwunguse mu bire
Waggulu nkutuuke.

Ekidd.: **Tonjabulira nga nnwana olutalo mu nsi**
Nkwagala: nkole ntya gy'oli mu ggulu, mbe? x2

2. Bwe mba naawe byonna
Mba mmazeeyo olwo nno
Andaaganya, tega ku matu
Owulirize eno.

4. Ensi n'eggulu ki nno
Mumukweka sso mmwe
Ne mutamwolekanga batonde
Ffe be yatonda?

5. Jangu, timbula entimbe
Ggwe n'okka eri nze,
Katonda ow'ekisa,
Ngabira omukisa, Kitange.

242. MUGENDE MIREMBE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Mugende mirembe Omukama**
Abakuume mirembe,
Mugende mirembe mmwe,
Mukama abakuume ntende.

1. Mugende mu linnya lya Patri Katonda,
Mugende mu linnya lya Yezu Katonda
Mugende ku bwa Mwoyo Mutukuvu abakulembere,
Mube mirembe mu maka gammwe mube mirembe
Mu bye mukola yonna mutwaleyo Yezu Kristu.

2. Mugende mu linnya lya Patri Omutonzi,
Mugende mu linnya lya Yezu Katonda,
Mugende ku bwa Mwoyo Mutukuvu Omukubagiza,
Mube mirembe mu kutegana, mube mirembe
Mu kupakasa yonna mubeereyo ng'Abatume.

243. MUKAMA BEERA NANGE

(Fr. Expedito Magembe)

MUKAMA BEERA NANGE, MUKAMA NNYAMBA YEZU GGWE OMUSUMBA

1. Kristu nkulembera, Kristu onve emabega, onneetooloole.
2. Beera munda muli, omwange nga onnyweza, nze nkwewadde.
3. Nange buli we ndaga Kristu sikwegaane, nze nkwekutte.
4. Omukwano gwe tulina, Yezu nja gukuuma, nga naawe onnyamba.

244. MWERABA *(George Ssebutinde)*

Ekidd.: **Mweraba ..... Mbatuma mugende**
Mu nsi yonna ..... Muyigirize
Eddiini ..... Ebune, mu nsi yonna
Yonna, Yonna, Yonna.

1. Ensi kati erinze,
Mugimanyise Omulokozi
Abatuma nga bw'agamba
Mugimanyise amazima ge.

2. Ensi kati erinze,
Mugimanyize amazima ge,
Sitaani mumuwonye
Era mumuwangule.

3. Ensi kati erinze,
Mugimanyise ekitangaala,
Kristu mumutwale
Ensi yo eyo gy'ekoma.

245. NJA KUNYWERERA KU YEZU

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nja kunywerera ku Yezu nze gwe nnalondawo,**
Luliba lumu ne nngenda n'ampeera.

1. Ka nsimbe mu luwenda olw'Abatuukirivu,
Nange ngobe ku mwalo oguli eri ogw'emirembe.

2. Abatuukirivu mu nsi yabanneegombya,
Mpulira eddoboozi nange nga limpita okugenda.

3. Baagenda nga bakaaba nga bagenda okusiga,

Kyokka mu makungula baakomawo bayimba.

4. Abaamujulira abo yabawunda,
   N'abasembeza oyo Yezu eri Kitaawe.

246. OMUKAMA OKUVA KATI

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Ekidd.: **Omukama okuva kati**
Kye kitundu ky'obusika bwange
N'ekikompe kyange. x2

1. Ayi Katonda, nkuuma nze addukidde gy'oli
   Nngamba Omukama nti: Ggwe Mukama wange!
   Wotoli mpaawo kirungi
   Wotoli mpaawo kirungi kye mba nakyo. x2

2. Abatuukirivu mu nsi nga yabanneegombya!
   Sirina Katonda mulala nze gwe ngoberera
   Balubaale abo bongera ennaku
   Ssetabe, ssetabe nnyini mu kutambira abo. x2

3. Gwe ngulumiza Omukama y'ansalira amagezi
   Ne bwe buba ekiro omutima gumbuulirira.
   Gwe nsinza, tanva mu maaso
   Andi ku gwa ddyo, sijja kunyeenya, nze ndi naye. x2

247. TUGENDE TUDDE EKA *(Alphonse Ssebunnya)*

Ekidd.: **Katonda yeebale**
Tugende tudde eka mu ssanyu mu ddembe lya Yezu. x2

1. Twesiimye ffe abakkiriza, tweyagala, twebuuse
   Ffe ab'oluganda mu Kristu.

2. Mwesiimye bya kitalo nno, abasembedde ku mmeeza
   Ey'Omukama Entukuvu.

3. Twesiimye ffe b'olyoye, tukkiriza ng'oli mu ffe
   Ffe b'okuuma mu nsi eno.

4. Ffe abakristu Kristu b'akunngaanyizza mu Lukunngaana Olutukuvu.
   Amawulire Agasanyusa, agalangiriddwa tugende nago
   Tugatuuse ne ku beeka. Emirembe gya Yezu gibabeereko.

248. TULI BATUME *(Fr. James Kabuye)*

a) Tuli batume Kristu b'atumye ..... *(Ekidd.: II)* Yee Ssebo
   Tugende mirembe ..... Tuli batume Kristu b'atumye

b) Tuli batume Kristu b'amanyi ..... Yee Ssebo,
   Tugende mirembe ..... Tuli batume Kristu b'atumye.

c) Tuli batume naffe twemanyi ..... Yee Ssebo,
   Tugende mirembe ..... Tuli batume Kristu b'atumye

d) Tuli bayite Ddunda b'agaba ..... Yee Ssebo,
   Tugende mirembe ..... Tuli batume Kristu b'atumye

e) Tuli batume twenyumiriza ..... Yee Ssebo,
Tugende mirembe ..... Tuli batume Kristu b'atumye

a) Mu nsi eno mmwe bajulizi, mugisomese amazima .....
Ha!! .... Tuli batume .....

b) Mu nsi eno nze mbasindise, tebababuza amazima .....
Ha ... Tuli batume .....

c) Mwekkaanye nze mbasindise, tebababuza amazima .....
Ha ... Tuli batume .....

d) Mwerinde ensi eno by'ekola, mugimulise amazima ....
Ha ... Tuli batume .....

e) Gye munaalaga Kristu abeereyo, mmwe Kristu .....
Ha ... Tuli batume .....

f) Gye munaalaga Kristu awondera, mmwe Kristu ....
Ha ... Tuli batume .....

Gye munaalaga Kristu ng'agoba mmwe Kristu ....
Ha ... Tuli batume .....

a) Kristu b'ayise ffe ... TULI BATUME,
ffenna..... Tuli batume, tuli batume.

b) Kristu b'amanyi ffe ... TULI BATUME,
ffenna..... Tuli batume, tuli batume.

c) Kristu b'anunudde ... TULI BATUME,
ffenna..... Tuli batume, tuli batume

d) Naffe twesise ffe .... TULI BATUME,
ffenna..... Tuli batume, tuli batume

e) Nange nsenze Yezu .... TULI BATUME,
leero..... Tuli batume, tuli batume

f) Nngenze gy'antumye nze .... TULI BATUME,
leero..... Tuli batume, tuli batume

g) Ntuuse gw'oyise Ggwe .... TULI BATUME,
leero..... Tuli batume, tuli batume

h) Genda obe mutuufu TULI BATUME,
yonna..... Tuli batume, tuli batume

i) Twala gw'ofunye oyo TULI BATUME,
yonna..... Tuli batume, tuli batume

j) Kristu tomusuula TULI BATUME,
yonna..... Tuli batume, tuli batume

k) Kristu anaakutuusa TULI BATUME,
yonna..... Tuli batume, tuli batume

l) Kristu anaakubeera TULI BATUME,
yonna..... Tuli batume, tuli batume

m) Genda anaakutaasa yonna.....
TULI BATUME,
Tuli batume, tuli batume

n) Genda n'Omuyinza yonna.....
TULI BATUME,
Tuli batume, tuli batume

o) Naawe alikutuusa eka.....
TULI BATUME,
Tuli batume, tuli batume

p) N'oba ewa Kitaffe eka.....
TULI BATUME,
Tuli batume, tuli batume.

249. TUSIMBE FFENNA MU KISINDE *(W.F.)*

Ekidd.: **Tusimbe ffenna mu kisinde**
Kya Mukama waffe Yezu,
Tulimulaba mu ggulu lye
Wamu n'Abatuukirivu. x2

1. Ku lwa Batismu twalagaana,
Okuleka amasitaani,
Twegaana n'ebikolwa byonna.
Ebitusuula mu bubi.

2. Yezu era tukulagaanya
Okukwata Evanjili yo,
N'okwebengula ku museemya,
Omanye, nga tuli babo.

3. Yezu Ggwe oli Katonda waffe
Wekka wekka gwe twagala,
Obeeranga Mukama waffe,
Leero n'emirembe gyonna.

4. Maria ggwe nnyina Katonda,
Era nnyaabwe w'Abakristu,
Otusabirenga ffe ffenna,
Tunywerenga ku Yezu.

EZA YEZU KABAKA

250. AMAWANGA GONNA *(W.F.)*

Ekidd.: **Amawanga gonna gakunngaanye,**
Okusinza Yezu Kabaka;
Obuganda nabwo bumulonze
Abeeremu ddala Mukama.

1. Emirembe nga teginnasooka,
Mwana wa Patri Nnyini-ggulu
Yaliwo Kabaka, ye Katonda,
Omuyinza wa buli kantu.

2. Eggulu n'ensi ye yabitonda,
Byonna bikwata amateeka ge,
Mu bantu, abamu bakyagaana:
Yezu ow'ekisa abawangule.

3. Ku Musaalaba, ku Kalvario,
Yezu yatufiirira ffenna;
N'afuuka bw'atyo nnanyini myoyo,
Olw'okuginunula gyonna.

251. ATENDEREZEBWE OMUKAMA

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Atenderezebwe Omukama, atenderezebwe Omukama**
Katonda w'amagye
Atenderezebwe Omukama, agulumizibwe Omutonzi
w'eggulu n'ensi.

1. Mu Kiggwa kye Ekitukuvu — Tumutende
   Mu ddoboozi ery'entongooli — Tumutende
   Mu nngoma ezo ne mu nnyimba — Tumutende
   Mu ngoye envuzi n'amadinda . — Tumutende

2. Ku makya bwe tugolokoka — Tumutende
   Mu mirimu egya buli ngeri — Tumutende
   Mu nngendo eza buli ngeri — Tumutende
   Ekiro bwe twebaka otulo. — Tumutende
3. Mu Kitambiro Ekitukuvu — Tumutende
   Mu ssaala eza buli ngeri — Tumutende
   Mu ssanyu nga tusagambiza — Tumutende
   Mu nnaku bwe tunakuwala. — Tumutende

4. Bassabamalayika eyo mu ggulu — Bamutende
   Bamalayika eyo mu ggulu — Bamutende
   Abatuukirivu aba buli ngeri — Bamutende
   Bannamukisa Abajulizi. — Bamutende

5. Ebinyonyi eby'omu bbanga — Bimutende
   Ebyewalula n'ebiwuka — Bimutende
   Ebisolo eby'eyo mu nsiko — Bimutende
   Ebyennyanja n'ennyanja. — Bimutende

6. Ebinene ebyaka waggulu — Bimutende
   Amasozi n'emitendera — Bimutende
   Ebimuli ebya buli ngeri — Bimutende
   Ebitonde byonna eby'ensi. — Bimutende
` 7. Ffe nga tukyali ku nsi kuno — Tumutende
   Ne bwe tuligenda mu ggulu — Tumutende
   Emirembe gyonna mu ggulu — Tumutende
   Twesiime naye lubeerera. — Tumutende

252. ESSAAWA ENTUKUVU *(W.F.)*

Ekidd.: **Abantu tulumwa olwa Yezu,**
Ye wuuyo eyattibwa ku nsi
Ffe abantu abaasobya olw'ekyejo,
Yatufuula ffenna baana.

1. Yalina ennaku emusogga,
   Ng'ali yekka bw'ati ekiro,
   Obwomu zamuyinga Yezu,
   Ng'alowooza ku ffe aboolo.

2. Amangu baasiba oyo Yezu,
   Ne bakwata ekkubo bonna,
   Ku lulwe yeewa abo abasajja
   Bonna abajja eyo gy'ali.

5. Etti lye baatikka oyo Yezu,
   Nga zzito nnyo nnyini kufa,
   Ne limukooya okuyinga
   Yagwa wansi awo ku kkubo.

6. Enninga empanvu ze beeyamba,
   Ne banyweza oyo ku muti,
   Musaayi ogwava mu ye mungi,
   Yalumwa nnyo nnyini Yezu.

253. GGWE KABAKA *(W.F.)*

Ekidd.: **Ggwe Kabaka Omutonzi w'abantu,**
Ggwe Kabaka w'ensi zonna ddala!
Ggwe Kabaka! Anti tolemwa kantu,
Ggwe Kabaka ! Wonna Ggwe otufuga!
Ggwe Kabaka! Ggwe Kabaka! Ggwe Kabaka.

1. Yezu Omutiibwa Ggwe Kabaka waffe,
   Ka tukusinze kuba watutonda,
   Tulikutenda kuba Ggwe walonda,
   Okuba naffe, okuba naffe.

2. Yezu Omuyinza, Ggwe Kabaka waffe,
   Twali mu buddu, sitaani omujeemu
   Nga y'atutwala n'ojja n'otuzzaamu
   Eddembe lyaffe, eddembe lyaffe.

3. Yezu Omulungi Ggwe Kabaka waffe,
   Byonna by'osiima tujja kubituusa
   Bamanye bonna nga bwe tutakuusa
   Mu mpisa zaffe, mu mpisa zaffe.

4. Yezu Omuteefu, Ggwe Kabaka waffe,
   Tukwesigenga, mbeera watugamba**,**
   Mu ntalo z'ensi bulijjo okuyamba
   Emyoyo gyaffe, emyoyo gyaffe.

5. Ggwe Yezu waffe, beera empeera yaffe,
   Oba twegomba nno okubeera naawe,
   Ka ebibi byaffe byonna tubikyawe
   Katonda waffe, Katonda waffe.

254. GGWE KABAKA GGWE MUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Ggwe Kabaka Ggwe Mukama atutwala, buli kitonde kyonna kifukaamirira erinnya lyo.
Yezu ..... Kabaka
Kristu ..... Mukama
Tuli babo Ggwe Kabaka waffe ... (laba tuli babo Mukama Ggwe otutwala)

1. Ggwe afuga buli Kitonde kyonna mu ggulu ne mu nsi
   Oli wa kitiibwa wonna ... osaana otendebwe
   Obwakabaka bwo Mukama .... bwa lubeerera
   Ebitonde byonna Ggwe obitwala.

2. Obwakabaka bwo Mukama ..... bwa mazima n'obulamu
   Obubwo obwakabaka ...bwa mazima era bwa kwagalana era bwa mirembe.

3. Tuyambe tukolerere emirembe twongere obwakabaka bwo
Tuyambe tukolerere amazima twongere obwakabaka bwo
Tuyambe tukolerere okwagalana tubeere mu bwakabaka bwo.

4. Yezu oli Kabaka nkwaniriza n'omutima gwonna nkwagala
Ggwe maanyi gange, bulamu bwange, ssuubi lyange
Ggwe ampanirira - Mukama wange nkwagala.

255. HOSANNA (MATABI) *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Hosanna, Hosanna, Hosanna, bakugulumize**
Omukama Katonda w'amagye
Hosanna, Hosanna, Hosanna bakugulumize, Yezu Kristu.

1. Abantu nga tusanyuka, nga tuyimba ku luno, nga tugamba:
Hosanna Mulokozi, Hosanna ajja nu linnya ly'Omukama
Hosanna Omwana, wa Daudi eyalangibwa.

2. Abantu nga tusanyuka, nga tuleeta ebirabo, nga tuyimba:
Hosanna Mulokozi, Hosanna ajja nu linnya ly'Omukama
Hosanna Omwana, wa Daudi tuwulire.

3. Abantu nga tusanyuka nga tunyeenya amatabi nga tuyimba:
Hosanna Mulokozi, Hosanna ajja mu linnya ly'Omukama
Hosanna Omwana, wa Daudi tuwulire.

265. KABAKA W'EGGULU *(M.H.)*

1. Kabaka ow'eggulu n'ensi zonna,
Mukama Ggwe ow'obuyinza,
Ye Ggwe gwe tusenga n'obuzira,
Gwe twerondedde, gwe tusinza.
Twayingira dda mu busenze buno
Tubunywereremu,
Titujja kuvaamu
Tufugenga!

2. Mu nsangi ezaayita mu nsi muno
Nga tibakumanyi n'akamu:
Era ne balemwa amateeka go
N'empisa ez'eddiini ennamu.
Kabaka omutiibwa, tukwebazizza
Ku lw'okutuwonya
Mu kwebonyaabonya,
Mu kufa kwo.

3. Enkande ey'ensi y'obukafiiri
Leero nga ye nnimiro ddala,
Emulisizza ebyobujulizi
Ate ebyobubiikira byanya.
Ayi Kristu Mukama gwe twesingira,
Okuume, obutaka
Bukuume, Kabaka,
Mu ddiini yo!

257. KRISTU FUGA *(Ps.) (Fr. James Kabuye)*

Ekidd. **Kristu, Kristu fuga, Kristu, Kristu, Kristu lamula.**

1. Omukama yagamba Mukama wange nti: tuula ku
Gwa ddyo omukono gwange.

2. Omukama alisinziira mu Sioni n'abunya ddamula w'obuyinza
Bwe obwo Ggwe fuga mu balabe bo wakati.

3. Obukungu bubwo okuviira ddala ku lunaku lwe wasituka
Mu kwakaayakana kw'Abatuukirivu; nnakuzaala ne mmambya

Tannasala kyenkana ng'omusulo.

4. Omukama yalayira era tagenda kwejjusa;
   Ggwe oli musaserdooti emirembe gyonna, mu lubu olwa Melkisedeki.

5. Omukama akuli ku ddyo wo Ggwe; bw'alisunguwala
   Alivunjaga Bakabaka.

258. KRISTU LYE SSUUBI LYANGE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd. **Kristu; Kristu; Kristu; lye ssuubi lyange eritagooka,**
Kristu, Kristu gwe musingi kwe nnyweredde,
Nnazimbibwa ku ye tanjabulira,
Y'ampanguza abalabe abannumba
Kristu, Kristu, Kristu lye ssuubi lyange,
Kristu, Kristu lye ssuubi lyange ery'olubeerera.

1. Mu bizibu by'ensi mugumanga, ndi nammwe emirembe gyonna,
   Nze Katonda wammwe atabasuula, atabakiiya,
   Musabe muliweebwa kyonna kye munaasaba nga mukkiriza
   Mulikifuna, ku luuyi lwange ... Byonna bisoboka
   ku luuyi lwange ... Byonna bisoboka.

2. Obugagga bw'ensi butulimba, buli awo tebusimba bwonna,
   Mwesige mmwe byokka ebitafuuka eby'omuwendo.
   Musabe muliweebwa ....

3. Emikwano gy'ensi gitulimba, giri awo gya kuleka gyonna
   Mwesige mmwe yekka atabasuula, atabakiiya, Musabe muliweebwa ...

4. Ebirungi by'ensi bitulimba, tobyewa bya kuleka byonna
   Weesigenga yekka ow'obuyinza n'obutuufu.
   Musabe muliweebwa ...

259. KRISTU SSABAVUBUKA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd. **Kristu Yezu, Ssabavubuka w'ensi yonna,**
Tukwanirizza, tukukkiriza Kristu omuwanguzi,
Ggwe ttawaaza yaffe mu nsi muno,
Ggwe lugero lw'abavubuka bonna.
Wangula, wangula, wangula
Kristu wangula x2 Kristu Luwangula.

1. "Ono ye mwana wange omwagalwa ennyo mumuwulirenga,
   Ono musiige wange omwetowaze omuwulize
   Batonde bonna mmwe mukimanye.

2. "Ono ye Mwana wange abaagala ennyo Omulokozi azze,
   Ono Messiya y'ono n'obulamu abuwaddeyo,
   Batonde mwenna mmwe mumumanye.
3. Wavubukanga mu myaka gyo, ng'ojjude amagezi,
   N'enneema ya Katonda ng'ekuliko.
   Ng'osanyusa Katonda n'abantu.
   Yamba abavubuka, bakufaanane mu mayisa,
   Bavubuke mu kukkiriza.

4. Wavubukanga mu budde bwo ng'ojjudde obulamu,
   Ne mwoyo wa Katonda ng'akuliko.
   Yamba abavubuka bakufaanane mu magezi

Bakakate mu kukkiriza.

260. KRISTU YE KABAKA *(Ponsiano Kayongo)*

Ekidd.: **Kristu ye Kabaka, Kristu Ggwe Kabaka ddala**
Yezu Kabaka wanngama, Yezu Kabaka wanngama
Yezu Kabaka wanngama, Yezu Kabaka ofuge,
Olamule ensi yonna, ofuge, olamule ensi yonna.

1. Ye ..... Ggwe Yezu atalemwa .... Ggwe
   Ye Ggwe omuyinza atalemwa, tweyunye gy'oli
   Kristu tufuge, twa...la yonna ensi
   Kristu tufuge, twala Yezu yonna ensi
   Byonna bikuwulire.

2. Yee ... Yee ... Yezu owanngame
   Olamule ensi, Yezu owanngame
   Ggwe Kristu lamula
   Ne Ddamula wo Kristu lamula
   Ggwe ..... wekka omu
   Ggwe muyinza, wekka omu
   Ensi ekugondere.

3. O ... yo ye nno akankane
   Oyo sitaani ye nno akankane
   Ggwe ..... Yezu gikomye
   N'enngoma ye Ggwe Yezu gikomye
   Twa ..... la yonna ensi.
   Twala bw'otyo yonna ensi
   Ffenna Ggwe kulembera.
4. Nga .... Ggwe ....otukulembedde
   Nga Ggwe omuyinza otukulembedde
   Yee .....naffe tetutya
   N'otuwa amaanyi, naffe tetutya
   Ggwe ..... bw'obaawo
   Ggwe omuyinza bw'obaawo
   Tetutya bikalubo.

261. WANGULA KRISTU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Wangula, wangula Kristu Omununuzi,**
Ebendera ey'obuwanguzi yeewuube mu nsi yonna,
Wangula, wangula twewaanira mu Ggwe Kristu
Omuwanguzi wangula, wangula wangula,
Obwakabaka bwo bubune ensi yonna.

1. Wazaalibwa ng'oli Kabaka Kiwamirembe,
   Omwana wa Katonda amufaanana okukamala
   Bw'olaba ku Mwana ng'olabye Kitaawe; bombi bali kimu.
   Wangula, wangula, Kristu wangula ensi,
   Wangula, wangula lamula fuga ensi yonna. x2

2. Wazaalibwa ng'oli Kabaka Kiwamirembe;
   Walangibwa nti Ggwe olisikira Jjajjaawo Daudi
   N'otuula mu Nnamulondo emirembe.
   Wangula, wangula, lamula fuga ensi
   Wangula, wangula lamula fuga ensi yonna. x2

3. Tumwebazenga yatununula ng'afiirira ensi,
Yalangibwa, ye w'okuwangula sitaani n'ababe,
Alibagoba emirembe.
Wangula, wangula, lamula fuga ensi
Wangula, wangula lamula fuga ensi yonna. x2

4. Tugiggudde, tugiggudde emitima,
Yingira Kristu Omununuzi,
Tusazeewo tunaakuwulira tetukuveeko,
Yingira, yingira, Kristu weebale nnyo,
Yingira, yingira, lamula ensi yonna. x2

262. YEZU KABAKA *(Fr. Expedito Magembe)*

Yezu Kabaka - (ye Kabaka), Yezu Mukama (ye Kabaka) x2
Ye Mununuzi ye Mulokozi, ye Mununuzi Kristu ye Mulokozi
Allelluia, Alleluia, Alleluia, Alleluia, Alleluia.

Yezu yekka gwe twekola — Alleluia Alleluia
Yezu yekka gwe twesiga — Alleluia Alleluia
Ye yatununula ne tuba babe. x2

Ye yawangula walumbe n'ekibi,
Bwe yafa luli — Ku lwaffe twawona,
Bwe yazuukira — Bulamu twafuna,
Ka tumwebaze — Mukama yeebale.

Aaaaaaaaaaa — Alleluia Alleluia
Aaaaaaaaaaa — Alleluia Alleluia.

263. YEZU KABAKA WAFFE *(M.H.)*

Ekidd.: **Tugendere wamu**
Tuweereze Yezu
Ggwe oli Musaale waffe,
Kabaka w'eggulu.

1. Yezu Kabaka waffe,
Mu Ggwe mwe twesiga;
Ggwe oli bugumu bwaffe,
Ggwe oleeta obuzira.

2. Ebendera yeewuuba,
Ey'Obutukuvu;
Essanyu terisuba
Abeewadde Yezu.

3. Enngoma tuziraya,
Tugenda ku bulwa;
Olumbe tulugaya:
Yezu, tugumyenga!

4. Sitaani tumugobe
Amaddu tugatte,
Ensi, kuba ekiwoobe
Kuba tukwesambye.

264. YEZU KATONDA GWE TUSINZA *(W.F.)*

Ekidd.: **Yezu Katonda gwe tusinza,**
Ggwe otufuga, tukwagala:
Ggwe Kabaka ow'obuyinza,
Byonna byonna Ggwe obitwala.

1. Tukwatula Kabaka Yezu,

Wonna wafuna obuyinza:
Patri ye yalagira abantu
Bonna bakuwulirenga.

2. Mu kisa kyo, Kabaka Yezu
Watuwonya; twali baddu.
Masitaani nga ge tusinza,
Amaddu nga gatutwala.

3. Obuganda, leero ttwale lyo;
Ku Myanga lwe yalinyweza,
Abasaale Abajulizi bo
Bwe baafa kye baategeeza.

265. YEZU OMUTIIBWA GGWE EYATUNUNULA *(W.F.)*

1. Yezu omutiibwa Ggwe eyatununula,
Abantu bonna Ggwe wabafiirira
Kwe kutugamba ng'otukuutirira,
Tubasabire.

2. Bangi bakyali mu kisiikirize;
Bwe bwo butuuse, ayi Yezu waffe,
Nabo batuuke mu kitangaala kyo
Ge mazima go.

5. Katonda Patri ne Katonda Mwana
Katonda Mwoyo okwagalana kwammwe
Mu bantu bonna mufune ekitiibwa,
Ab'ensi zonna.

266. YEZU KRISTU, WANGULA *(M.H.)*

Ekidd.: **Kristu, fuga eggwanga lyaffe,**
Wangaala Kabaka waffe
Kristu, fuga eggwanga lyaffe,
Wangaala Kabaka waffe.

1 Yezu Kristu wangula
Amawanga n'ebika,
Tweweeyo n'obwesige
Ggwe wekka tulamule!

2. Ayi Kabaka ow'ekisa,
Tukusingira amaka;
Era ebyaffe bye bibyo,
Mpaawo kisigalawo.

3. Era obwakabaka bwo,
Bubunenga bulijjo,
Mu nsi yaffe ne wonna
Awasangwa abazira.

4. Ka tukwate ebendera
Eya Kabaka omwagalwa;
Tugiwanguze ffenna,
Kristu atukulembera.

267. YEZU LAGIRA, FUGA *(WF)*

1. Nandibadde ng'abantu bangi
Bakugaana nga Katonda
Ffe nno ayi Yezu Mulokozi
Tukwatula nga KABAKA.

Ekidd.: **Yezu lagira, fuga;**

Ffenna tuli babo;
Gaziya ate enngoma yo;
Otwale ensi yonna.

2. Wazaalibwa mu nsi ng'omuntu,
   Ekitiibwa n'okikisa,
   Sso emirembe gyonna mu ggulu
   Watuulanga nga KABAKA.

3. Eyakuzaala mu nsi yattu
   Ye Maria Nnamukisa;
   Nga bombi ne bbaawe Yozefu
   Ba mu lulyo lwa KABAKA.

8. Ng'otudde ku ddyo ogwa Kitaawo
   Abamalayika bonna
   Bakusinza mu kitiibwa kyo,
   Ne bayimba nti: KABAKA.

268. YEZU OKUKUJJUKIRA *(W.F.)*

1. Yezu okukujjukira,
   Lye ssanyu ly'emyoyo gyaffe
   Naye ekisinga byonna,
   Kwe kubeera kumpi naawe.

2. Teri kigambo kya ssanyu
   Na kitabo kitereevu,
   Teri nnyimba mpoomerevu.
   Awatatendebwa Yezu.

3. Tiwali gwe nnyimbirira
   Tiwali gwe mpuliriza,
   Tiwali gwe nzijukira,
   Asinga Yezu ekisa.

7. Yezu beera ssanyu lyaffe,
   Nga bw'oliba empeera yaffe,
   Mu Ggwe wekka tujaguze,
   Emirembe n'emirembe.

269. YEZU WAFFE TUKUSINZA *(W.F.)*

1. Yezu waffe tukusinza,
   Tukutendereza.
   Tukwewadde otufugenga;
   Mukama Katonda.

2. Yezu waffe tukwebaza
   Ebirungi byonna,
   Eby'omwoyo n'omubiri,
   Byonna biva gy'oli.

EZESSAKRAMENTU

270. AYI MUTIMA GWA YEZU *(W.F.)*

Ekidd.: **Ayi, Mutima gwa Yezu,**
Wulira ffe abaddu;
Yezu waffe tukwagala,
Ggwe tufuge, Ggwe Kabaka,
Yezu waffe tukwagala,
Ggwe tufuge, Ggwe Kabaka.

1. Tukwagala mu Batismu;
Watufuula baganda bo!
Otukuumenga bulijjo,
Otutuuse ne mu ggulu.

2. Yezu waffe, tukwagala!
Ggwe ali wano mu Ostia,
Osobole okutuliisa
Awatali kwenyinyala

3. Yezu waffe, tukwagala!
Olw'okutwetambirira
Ku Altari, buli lukya,
Ggwe Kaliga ka Katonda.

271. KATONDA ASSE KU ALTARI YE *(M.H.)*

1. Katonda asse ku Altari Ye
N'enneema ze;
Tuvunname tulamuse
Eyetambidde.

Ekidd.: **Ave Yezu**
Ggwe bulamu bw'Abakristu;
Tunyweze n'obulamu bwo ffe abaana bo.

2. Ku mbaga yo n'osembeza
Omukopi wo;
N'oliisa n'omubiri gwo
Omusenze wo.

3. Tukkiriza nti weekweka
Mu Ostia;
Tiwagaana kusigala
Mu Eklezia.

4. Ojjanjaba n'osanyula
Abakufuna;
N'owummuza mu ddembe essa
Abakweyamba.

272. KATONDA YEZU OMWAGALWA *(M.H.)*

1. Katonda Yezu omwagalwa,
Otwekwese tolabika;
Jangu leero otusanyuse,
N'enneema zo zitujjuze!
Tukwagala, tukwesiga
Ggwe eyekwese mu Ostia.

2. Watwewa dda ng'ekyokulya
Nga wekweka mu Ostia,
Bwe ntyo, nga ndya Omubiri gwo,
Nneme kutya kitiibwa kyo.
Jangu, nnyini butukuvu
Leero nzenna nneevuddemu.

273. MU OSTIA MWE WEEKWESE *(W.F)*

1. Mu Ostia, mw'oli wenna

Tukusinza Yezu waffe;
Tukwewadde, Ggwe Kabaka
Tufugenga ennaku zonna.

Ekidd.: **Adoremus in aeternum**
Sanctissimum, Sacramentum,
Adoremus in aeternum
Sanctissimum, Sacramentum
Sanctissimum Sacramentum.

2. Ku Golgota, ebiwundu
Byalaganga ng'oli muntu.
Mu Ostia ssikulaba,
Sso nga mw'oli wakyogera.

5. Yezu waffe, Ggwe eyeekwese.
Kimu kyokka kye nkusaba:
Okutuuka mu kitiibwa
Mu ggulu obutaka bwaffe.

274. OMUTIMA GWA YEZU OMUGANZI W'EMYOYO *(W.F.)*

1. Omwoyo gwa Yezu ogwaka
Okwagala abantu,
Nneegomba abakitegedde,
Bonna bagwagale.

Ekidd.: **Omutima gwa Yezu,**
Tugwagalenga nnyo.
Gye buva ne gye bugenda,
Bonna bagwagale,
Gye buva ne gye bugenda,
Bonna bagwagale.

2. Yajja ku nsi okukola
Ebyokunjagala,
Nnaasanga wa anaanfiirira
Ng'ono bwe yankola?

3. Sso bangi bajenga batyo
Mu bitaliimu nsa,
Bakaabya Omwagalwa atyo
Nga bamujeemera.

7. Komyawo abajeemu bonna,
Kunga abakafiiri;
Eklezia abe omu yekka
Abatuusa gy'oli.

275. TUDDAABIRIZE YEZU KRISTU *(W.F.)*

1. Ennaku zamubonyaabonya,
Nga yewadde ng'omutango
Bwe zayinga ne zimukaabya,
Yamala gaguma omwoyo.

2. Abalabe bwe baamukwata,
Baamutwala nga musibe;
Yezu yamala gakkiriza
Asasule ebibi byaffe.

Ekidd.: **Tuddaabirize Yezu Kristu**
Eyatwagalira ddala,
Ku lwaffe yasoggwa n'effumu
N'awaayo Omusaayi gwonna.

3. Ne bamutuusa ewa Pilato
Baamuvuma, baamukiina;
Yezu nga tabaddamu kigambo
N'atabanakuwalira.

4. Ku mutwe baamussaako omuge,
Ogw'amaggwa amawanvu;
Baamukuba, baakeesa obudde
Amaanyi ne gamuggwamu

5. Ne bamutikka Omusaalaba
Ogw'omuti omuzito
Gwamumenyaamenya amabega
Nga bwe gumukuba ebigwo.

276. TUKUSINZA YEZU KABAKA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Tukusinza Yezu Kabaka**
Mu Ssakramentu lyo
Tumanyi bw'oli naffe wano
Tweyanze Kabaka waffe
Beeranga mu ffe tunywedde
Ku Ggwe tuweze n'amaanyi
Okukuweereza, tuweze, tukwewa
Kabaka waffe.

1. Ekisa ekingi ky'olaga kyonna Yezu ssikitenda nze,
Wewaayo ddala n'ofa olw'ensi eno n'otununula abantu.
Kati nno tukwekola tuwera n'amaanyi, bulijjo
Ye Ggwe Mukama waffe ddala.

2. Okuva obw'edda toyabulira kiisi eyeeyuna gy'oli,
Ffe abazze wano tusaba Ssebo obuyambi bwo obwawufu
Sitaani tumwevuma, twesiga byogamba, byonna
Tujja kubituusa mu mazima.

3. Ekisa ekingi tulikyekola Yezu ky'olaga eri ffe,
Weeresa byonna Yezu n'otwewa, ye Ggwe mmere y'abantu,
Tuliise n'omubiri gwo, nyweza b'oyagala
Otutuuse mu kwesiima okw'emirembe.

277. TUSINZE SSAKRAMENTU *(W.F.)*

1. Tusinze Ssakramentu,
Omwekisizza Yezu,
Ye mmere y'omu ggulu,
Ge maanyi bwe bulamu.

2. Yezu ng'atwagala nnyo,
Yagaana okutuvaako,
Kye kimutuuza leero,

Mu Ssakramentu lino.

3. Yagamba Abatume be:
"Mukole nga bwe nkoze,
"Kino Mubiri gwange,
"Kino Musaayi gwange".

4. Ne bulijjo mu Missa,
Omubaka bw'agamba,
Awo Yezu kwe kujja,
N'abeera mu Ostia.

5. Tiwakyali mugaati,
Gufuuse mubiri gwe;
N'evviini mu kikompe
Efuuse Musaayi gwe.

278. TUUTUNO FFENNA *(W.F.)*

Ekidd.: **Tuutuno ffenna tukuyimbira**
Essanyu lyaffe Yezu Ostia;
Mu mutima gwo otukuumenga
N'otunyweza mu kwagala.

1. Ayi mwoyo gwange,
Tokoowa kuyimba
Oluyimba lwaffe
Olw'okwagala.

2. Yezu ow'ekitiibwa,
Kabaka Ggwe wuuyo
Ate ne weekweka
Mu Altari yo.

3. Ggwe nnannyini nneema,
Otuwa mu mwoyo
Mu Ukaristia
Obulamu bwo.

4. Ne mu kwagala kwo,
Oddamu bulijjo
Nga ku Kalvariyo
Ekitambiro.

7. Tukutendereza,
Mu bulamu bwaffe
Ne mu ggulu ffenna
Tulikwagala.

279. MUJJE MWENNA OKULABA *(W.F.)*

1. Mujje mwenna okulaba,
Ow'ekisa omuteefu,
Mujje mwenna okusinza
Omutima ogwa Yezu.

2. Ekkomi eribugujja,
Omulyango ogw'eggulu,
Ogujjudde okwagala!
Gwe Mutima ogwa Yezu.

3. Ggwe Patri mwe yeesiimira,
Omwana ye yakujjamu,
Mu Ggwe nno Mwoyo mw'atuula

Ayi Mutima ogwa Yezu.

4. Omukwano omulungi
   Ogw'emyoyo emirongoofu,
   Ogusaanidde obuganzi,
   Gwe Mutima ogwa Yezu.

280. YEZU NKUSINZA *(Fr. James Kabuye)*

1. Yezu nkusinza nze nkwewuunyizza,
   Mu Ssakramentu mw'olabikira,
   Omutima gwange gukwewuunyizza
   Ku lw'obwetowaze bwo mw'olabikira.

   Ekidd.: **Ayi Yezu nkusinza oli wano**
   Ayi Yezu nkusinza ntenda. x2

2. Yezu nkusinza nze nkwewuunyizza,
   Eyekisa ddala n'otubeeramu
   Buli kye ndaba ntya ne bwe kiba kitya,
   Kyonna tekindaga Ggwe Yezu bw'ofaanana.

3. Yezu omulungi otwagala kufa,
   Mu Ssakramentu weetowazizza
   Olunaku lwonna otulindirira nnyo,
   Laba oyaniriza yenna akukyalira.

4. Yezu nkutenda Ggwe eyeetowazizza,
   Ebintu bye ndaba binnimba nnyo
   Kye wagamba kyokka kinnyamba ne nnguma,
   Katonda gwe mmanyi mw'oli n'obukulu bwo.

5. Yezu nkusinza, nze njagala kimu,
   Nkulabeko ddala mu kitiibwa kyo,
   Omutima gwange gukwagaza kimu,
   Ndabe obuyinza bwo era n'ekitiibwa kyo

281. YEZU WAFFE NG'OTWAGALA *(W.F.)*

1. Yezu waffe ng'otwagala!
   Ffe ffenna watulokola
   Watuzaalirwa mu bwavu
   Ffenna tugende mu ggulu.

2. Yezu waffe ng'otwagala!
   Ffe ffenna watufiirira
   N'otuggulira Omutima
   Gubeere ensulo y'enneema.

5. Yezu tuwe tukwagale,
   Fuulanga emitima gyaffe
   Mikkakkamu, miwombeefu
   Gikuweereze n'essanyu.

282. YEZU WAFFE OMUNUNUZI *(W.F.)*

1. Yezu waffe Omununuzi,
   Omutonzi w'ebiriwo
   Abakukkiriza mu nsi
   Bonna beesiga ekisa kyo.

2. Wajjirira kimu kyokka:
   Kwe kutulokola ffenna,
   Mu buddu mwe twakulira
   Ne leero totwabulira.

3. Eky'okwenunula ffekka
   Ffenna wamu kyatulema
   Ggwe wakisobola wekka
   Nga weefudde ng'ekyonziira.

283. YEZU WAFFE TUVUNNAMYE *(W.F.)*

1. Ffenna wamu tuvunnamye, tukusinza Yezu
   Tukwewadde tufugenga, Ggwe Yezu omwagalwa.

2. Leero ffenna tukwebaza ebirungi enkumu
   Eby'omwoyo n'omubiri, biva eyo gy'oli Ggwe.

3. Ggwe eyatutonda tuutuno, tusabire mu Ggwe,
   Ggwe twasuula nga twonoona tuwe ekisonyiwo.

4. Ggwe oli wano Yezu waffe, tukwagala naffe,
   Tunywezenga tube wamu, ffenna mu kwesiima.

284. YEZU WANGE OMUTIIBWA

(Joseph Kyagambiddwa)

Abakulembera: Yezu wange omutiibwa Ggwe alabika wano
Mu Ssakramentu lye nsinza gwe nnyaniriza
Nkwagala, Mukwano Kristu Lugaba
Nkwagala kuyinga, nkwagala kufa.

Ekidd.: **Yezu eyantonda, wanfiirira nze, nneeyanzege**
Weebalege, nkusaba Omuyinza nze nno lukye
Lwe ndiba mponye ensi, mbe eri Taata wo.

2. Nga Katonda mulungi
   Afuuka n'enngano
   Olw'okuliisa b'akwana
   N'okubakkusa.
   N'awa n'ekikompe
   Ffe nno tukinywe
   Mmere ya kuliibwa
   Vviini ya kunywa

285. YEZU WANGE NKUSINZA *(W.F.)*

5.
Yezu ali naffe ye Ostia eno,
Nkubuulira leero kye nneegomba ennyo,
Obudde bw'okufa nga buntuuseeko,
Mbeere kumpi naawe mu kitiibwa kyo.

286. YEZU, YEZU OMUTEEFU DDALA *(W.F)*

Ekidd.: **Yezu Yezu omuteefu ddala.**

1. Kye nkusaba, kwe kumanya Omutima gwo.
2. Singa nange njagala nnyo Omutima gwo.
3. Twala ogwange, ngukuwadde, gwe Mutima gwo.
4. Nneegomba nnyo okufaanana ng'Omutima gwo.
5. Tuwanyise emitima, mpa Omutima gwo.

EZA MWOYO MUTUUKIRIVU

287. AYI MWOYO MUTUUKIRIVU *(W.F.)*

Ekidd.: **Ayi Mwoyo Mutuukirivu,**
Omutonzi waffe jangu,

Otuule mu myoyo gyaffe,
N'enneema zo zigijjuze.

1. Ayi Ggwe Omuwolereza
Ekitone kya Katonda
Omuliro n'okwagala
Mbeere ggwe nsulo y'enneema.

2. Otuwe n'okutegeera
Otusseemu n'okwagala
Otujjuze n'amaanyi go
Mu mubiri ne mu mwoyo.

5. Leero tusseemu ekitiibwa
Katonda Patri ne Mwana,
Tubatendereze wamu
Ne Mwoyo Mutuukirivu.

288. AYI MWOYO MUTUUKIRIVU JANGU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ayi Mwoyo Mutuukirivu jangu otubeeremu,**
Mwoyo Mutonzi waffe tuula mu ffe,
N'ebitone byo, n'obugagga bwo,
N'ebitone byo bitujjuze.

1. Ayi Ggwe Omuwolereza,
Ekitone kya Katonda eky'enjawulo,
Omuliro, n'okwagala,
Mbeera ye Ggwe nsulo y'enneema.

3. Muzzeeyo sitaani omubi;
Emirembe gya Katonda gitujjuze,
Ng'olambika, tunaagoba,
Ennaku zonna ez'ensi.

5. Ayi Ggwe Kitaffe aliwo,
Patri, Mwana ne Mwoyo ffe tubeebaza,
Mwenna wamu mutendebwa,
N'ettendo lyo libune ensi eno.

289. EBITONE BIRI BINGI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ebitone biri bingi, omugabi y'omu,**
Ye Mwoyo w'Amagezi, ye Mwoyo w'Amaanyi akolera mu ffe.
Buli lwe yeeyoleka, buli lwe yeeyoleka ayagala kutugasa,
Kugasa balala .... balala balala x2
Akuume Omubiri gwa Kristu
Nga munywevu, mugumu, mulamu
Gunyiridde n'ebitone bye
Kisulo kya Katonda ekitemagana.

1. Gw'awa ekyamagezi .... Oyo Mwoyo
Y'alanga ebirijja .... Mwoyo y'omu oyo.

2. Gw'awa n'ayagala ..... Oyo Mwoyo
Y'anyweza amazima ..... Mwoyo y'omu oyo.

3. Gw'awa n'ayagala ... Oyo Mwoyo

Y'awaayo obulamu bwe .. Mwoyo y'omu oyo.

4. Gw'awa n'akuguka .... Oyo Mwoyo
   Y'avvuunula amazima .... Mwoyo y'omu oyo.

5. Gw'awa ebyokufuga .... Oyo Mwoyo
   Y'akulira abalala .... Mwoyo y'omu oyo.

6. Gw'awa ogw'Obutume... Oyo Mwoyo
   Awonya n'emyoyo .... Mwoyo y'omu oyo.

7. Twabatizibwa mu Mwoyo omu ne tufuuka mubiri gumu,
   Twanywa ku Mwoyo omu ne tufuuka baana ba boowo.
   Twannyikira mu Mwoyo omu ne tufuuka biggwa mw'asula.

Ekidd.: **Jangu, jangu Mwoyo ggwe, jangu jangu mu nnyumba yo.**

a) Abatwalibwa Mwoyo, be baabo abaana ba Katonda.
b) Abakumanyi Mwoyo be baabo abaana ba Katonda.
c) Abawulira Mwoyo be baabo abamanyi Katonda.
d) Atuwanguza ffenna abeewa Mwoyo wa Katonda.
e) Akuzuukiza bw'ofa, Mwoyo oyo amaanyi ga Katonda.

290. EBITONE BYA MWOYO MUTUUKIRIVU *(W.F.)*

Ekidd.: **Ayi Mwoyo Mutuukirivu Mukubagiza w'emyoyo,**
Vva mu ggulu otubeeremu, otuwe ebitone byo. x2

1. Tuwe ffenna okutya Katonda,
   Nga tumussaamu ekitiibwa,
   Tutyenga nnyo okumujeemera
   Ye Kitaffe gwe twagala.

2. Tuwe Obujjumbizi obw'eddiini,
   Nga twagala Yezu waffe;
   Nga tumwewa n'essanyu lingi,
   Mu byonna tumusanyuse.

3. Era tuwe n'Ekyokumanya,
   Tulabe Omutonzi waffe
   Nga bw'ali mu bitonde byonna
   Ebyava mu mikono gye.

7. N'Amagezi ffe tugetaaga,
   Okutamwa ebyensi byonna
   Ne tuwoomerwa ebya Katonda
   Era nago tugasaba.

291. JANGU, J ANGU MWOYO MUTUUKIRIVU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Jangu, Jangu, Mwoyo Mutuukirivu Omukubagiza,**
Jangu, Jangu, Mwoyo Mutuukirivu omuzirakisa.

1. Kitaffe gwe yagamba omuzirakisa,
   Nti alijja ffe atubeere n'obuyinza bwe.

2. Ggwe Yezu gwe walanga omuzirakisa,

Nti osibuka mu Patri ne Mwana we.

3. Ggwe omwagalwa Omutiibwa gwe nzirinngana,
   Ffe tujjuze abatonde n'ebitone byo.

4. Ggwe ow'ekisa Omutiibwa atuwolereza,
   Kitone kya muwendo eky'olubeerera.

5. Omwagalwa koleeza okwagala okukwo
   Okujjuze ffe aboolo b'okulembera.
6. Ggwe tujjuze ekitangaala ky'obutuufu bwo,
   Eddiini tuginyweze gy'oyigiriza.

7. Atwagala tuwe amaanyi ag'obuyinza bwo,
   Myoyo gyaffe gyole mw'otebenkera.

8. Sitaani mugobenga n'obuyinza bwo,
   Mirembe gyo tuwe ku nsi egy'olubeerera.

9. Kulembera ggyawo entaanya tukuwondera,
   Batuwonye bonna ku nsi abatuwalana.

10. Yamba tuyige Patri n'obuyinza bwe,
    Tumwekolenga Mwana n'obubaka bwe.

11. Kitiibwa tukiwe Patri ow'olubeerera,
    Omwana tumutendenga ow'olubeerera.

12. Ggwe atwagala Omuyinza Mwoyo Kwagala,
    Ettendo mufune mwenna kyenkanyinkanyi.

292. JANGU, MWOYO MUTUUKIRIVU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Jangu, Mwoyo Mutuukirivu**
Yima mu ggulu eyo otumyansize ekimyanso
Eky'ekitangaala kyo!

1. Jangu Ggwe muyambi w'abaavu,
   Omugabi w'ebitone eby'omwoyo
   Jangu Ggwe ekitangaala eky'omwoyo.

2. Omukubagiza atasangika,
   Omugenyi omulungi ow'emyoyo
   Omuweweeza omwagalwa.

3. Kiwummulo mu kutegana,
   Kittuluze mu musana
   Jangu omusanguzi ow'amaziga.

7. Ab'essimba abakwesiga,
   Bawe ebitone byo omusanvu leero,
   Bawe empeera, empisa zaabwe ennungi
   Gye zibasaanyiza.

293. JANGU MWOYO MUTUUKIRIVU, JANGU *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Ekidd.: **Jangu Mwoyo Mutuukirivu Jangu**

Emirembe gibe ku ffe, Jangu!

1. Ggwe Yezu gwe yasuubiza: Jangu
   Ffe abantu bo tukwagala: Jangu.

2. Emyoyo gyaffe gyamule: Jangu
   Obulamu obugiddize .... Emirembe.

3. Ggwe tumulise, titulaba: Jangu
   Ebimyanso byo bitujjule Emirembe.

4. Amagezi gaffe gawubwa: Jangu
   Ggwe tubangule otulunngamye Emirembe.

5. Omulabe waffe yeetala: Jangu
   Mutusaggire omumegguze .... Emirembe.

6. Emirembe gyo tuleetere: Jangu
   Otuwonye buli kyetere..... Emirembe.

7. Ne Kitaffe tumuwulire: Jangu
   Nga ne Mwana bwe tumwekola Emirembe.

8. Ekitiibwa tukiwe Kitaffe: Jangu
   Ne Mwana eyazuukira Emirembe.

9. Ggwe Kitaffe gwe yasuubiza: Jangu
   Ekitiibwa kati kyeddize: Emirembe.

10. Emyoyo gyaffe giigino: Jangu
    Ebitone byo yiwa muno Emirembe.

294. JANGU OMUGABI W'EBITONE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mwoyo Mutuukirivu ..... Jangu**
Mwoyo Kiwamirembe .... Jangu
Jangu jangu Mwoyo otuyamba jangu otubeeremu.

1. Omugenyi omulungi ..... jangu
   Kitaawe w'abanaku ..... jangu, jangu
   Omugabi w'ebitone ..... jangu
   Mukubagiza w'abanaku .....jangu, jangu
   Kiwummulo kyaffe ..... jangu
   Omulyoyi w'emyoyo ..... jangu, jangu.
2. Ggwe eyayogeza Abatume ennimi ze batamanyi jangu
   JANGU MWOYO OTUBEEREMU.
   Ggwe eyagabira Abatume amaanyi amazibu jangu
   Ggwe eyakozesa Abatume bali ebyamagero jangu
   Ggwe eyayiwa mu Batume amagezi amazibu jangu
   Ggwe eyayamba Abatume ne baba abazira jangu.

3. Ebitone byo by'ebituyamba okumanya, ne twawula ekirungi n'ekibi,
   Ebitone byo by'ebituyamba okumanya ne tutegeera ebyamagezi by'otuwa,
   Ebitone byo by'ebituyamba okuguma ne tunyweera mu bulungi ne mu bubi.
   Atabirina ekirungi takimanya, atabuka ekibi n'akyettanira
   Gwotayambye byonna olwo abitabula, ebitagasa by'afuula obulamu bwe.
   Ebitone byo gw'obigabira ali wagumu, lwe lukomera, ekigo mwe yeewogoma.
   Kye tukusaba jangu ffe otubeeremu
   Ggwe omuyambi, jangu tukwagala nnyo - Mwoyo.

295. MWOYO OMUTONZI YANGUWA! *(M.H.)*

1. Mwoyo Omutonzi, yanguwa,
   Okyalire abakwegomba;
   Jjuza be ddu n'enneema yo
   Emmeeme z'abatonde bo.

2. Ggwe oyitibwa Musaasizi,
   Ggwe nsulo y'obuwanguzi;
   Kitone ekitatondebwa,
   Ggwe muliro, Ggwe kwagala.

3. Ggwe otwogeza ebyamazima,
   Nga Patri bwe yasuubiza;
   Ggwe lunwe lw'omukono gwe
   Mugabi ng'otugabidde.

7. Katonda Patri atakoma,
   Ne Mwana Ggwe eyazuukira,
   Era Ggwe Omukubagiza:
   Mutendebwe lubeerera!

296. NNINA OMUWOLEREZA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Nnina Omuwolereza omulala,**
Ye Mwoyo Mutuukirivu,
Asibuka mu Kitange,
Bw'alijja oyo alinjulira,
Alitoola ku byange n'abivvuunula.

1. Aliyigiriza byonna, n'abajjukiza bye nnabagamba,
   Ye Mwoyo ow'amazima; ye Mwoyo w'ebitone,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

2. Anaababeeramu Mwoyo, ne mukkiriza bye nnabagamba,
   Ye Mwoyo ow'amazima, ye Mwoyo w'ebitone,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

3. Anaabasulamu Mwoyo, mube baawufu mubeere bange,
   Ye Mwoyo w'okwagala, ye Mwoyo w'amagezi,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

4. Anaabasomesa byonna, n'eby'enjawulo mumanye bingi,
   Ye Mwoyo ow'amazima, ye Mwoyo w'amagezi,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

5. Ababakonjera bonna banaamenyeka, Mwoyo ali nammwe,
   Ye Mwoyo ow'obuzira, ye Mwoyo w'ebitone,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

6. Amaanyi anaabawa mwenna, mube beesigwa ng'oyo ali nammwe,
   Ye Mwoyo ow'amazima, ye Mwoyo w'ebitone,
   Alinjulira nammwe mulinjulira.

297. WAMMA WAMMA ATENDEREZEBWE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Wamma wamma atenderezebwe**
Wamma wamma atenderezebwenga Omukama
Atuwadde Mwoyo we.

1. Katonda Kitaffe nze mmwebaza,
Yanfuula mwana mu Nnyumba ye
Yampa anaantukuza Omusuubize
Mwoyo wa Kristu Omwana we.

2. Yalangwa luli edda nti alijjula,
Abantu abangi abamumanyi,
Bonna ne balanga ebikusike
Ebintu ebikulu ebirijja.

3. Katonda Kitaffe yamutuwa,
Mwoyo wa Kristu n'atujjula
Mwoyo ow'amagezi atwagala,
Mwoyo ow'amaanyi y'antambuza.

4. Mmusinza Kitaffe butakoma,
Nneewuunya nnyo nze ekisa ekikye;
Ampadde ekirabo ekikusike,
Mwoyo ow'amaanyi Mutalemwa!

5. Mwoyo wa Kristu ankozesa,
Ebisinga nze mbisobola
Afuula abanaku ku nsi kuno,
Biggwa mw'asiiba ng'alamula.

EZA BIKIRA MARIA

298. AMATENDO GA BIKIRA MARIA *(W.F.)*

1. Tukunnganidde gy'oli Nnyaffe
Tukutende mu nnyimba zaffe.

Ekidd. **Ave, Ave. Ave Maria**
Ave, Ave, Ave Maria.

2. Ggwe oli Muzadde, ayi Bikira,
Eyatuzaalira Omukama.

3. Nnyina Katonda, Nnyina enneema,
Eyakutonda yakutuwa.

6. Endabirwamu y'obulungi,
Omwerabirwa empisa ennungi.

7. Abali naawe bakuyita
Kabaka waabwe, ayi Maria.

8. Ggwe ow'obuyinza, Ggwe ow'ekisa
Ffe abateyinza totuleka.

9. Mubeezi waffe, Ggwe Kabaka
Wa Bajjajjaffe abaakulanga.

4. Tolina bbala mu mwoyo gwo,
Kuba wazaala Mukama wo.

5. Ye Ggwe asaanidde okwagalwa,
Ye Ggwe asaanidde okutendwa.

10. Ku ffe abalwala Ggwe bulamu,
Olitutwala ne mu ggulu.

11. Tusabirenga ffe abaana bo,
Tuyagalenga Omwana wo.

299. AVE, AVE MARIA *(W.F.)*

1. Tukutendereza
Nga tusanyuka
Ne Bamalayika
Ave Maria.

Ekidd. **Ave, Ave. Ave Maria!**
Ave, Ave. Ave Maria!

2. Ggwe omuwolereza,
Bikira Nnyaffe
Goba ekizikiza
Mu myoyo gyaffe.

3. Nnyaffe ojjukiranga
Ng'abantu bangi
Mu Ggwe basuubira
N'essanyu lingi.

4. Maria sanyusa
Yezu Kabaka,
Ng'ojuna, ng'okyusa
Abamwegaana.

5. Abafrika ffenna
Totwerabira;
Bw'olitusonyiyisa
Tulikutenda.

6. Naffe nno Abaganda
Ka tusse kimu
Tuyimbire wamu
Ave Maria.

7. Toyabuliranga,
Buganda bwaffe;
Ffenna tukwesiga
Ggwe Nnamasole.

8. Twala emyoyo gyaffe,
Ayi Maria;
Mulokozi waffe
Lw'anaagisiima.

9. Ka tulowoozenga
Nnyaffe Maria
Tumulamusenga
Ave Maria.

300. AVE MARIA *(M.H.)*

1. Ave Maria nzuuno nkutenda
Ggwe eyazaala Yezu waffe
Wulira ennyimba Nnyaffe omulungi,
Zo zigeza okulojja bw'oli.

Ekidd.: **Mmange nkutenda, Nnyabo nkuyimba,**
Ng'oli mulungi, azaala Yezu.

2. Ave Maria Mmange Omutiibwa,
Nzuuno nnyimba siwummula
Enkya, mu ttuntu ntenda ggwe Nnyaffe,
Ntuusa ekiro nga mbuuza Mmange.

3. Ave Maria yamba nzije eyo.
Nange nkutuuke, gy'oli eyo.
Mu bulamu tube ffembi naawe,
Ku olwo nga nfa, jangu ontwale nze.

301. AVE MARIA NNYINA KATONDA *(M.H.)*

Ekidd.: **Mmange nkutenda n'obutakoowa,**
Kampegawano n'edda lyonna.

1. Ave Maria, Nnyina Katonda
Ng'oli mulungi, nkwewuunyizza!
Ennyimba zonna ezikusuuta,
Zigezaageza, Togereka!

2. Ave Maria, nnamusa bwe ntyo
Mmange Omutiibwa buli lukya,
Enkya, mu ttuntu ne bwe buziba,
Mbuusa Maria mmwesiimamu.

3. Ave Maria, singa nno mpeebwa
Okukulaba, Nnamasole!
Ayi Mmange, mbeera, nga ndi mulamu,
Tonvaako, Nnyabo nga nzirika!

302. AYI MARIA NNYIMBE LEERO *(W.F.)*

Ekidd.: **Ayi Maria nnyimbe leero ettendo lyo.**

1. Nnyaffe, wafunibwa mu nda
Ng'oli mutukuvu ddala,
Buli kibi, buli bbala
Wabiwona.

2. Wazaalwa Yeruzalemu
N'okulira mu Eklezia;
Wazaalira e Betelemu
Omukama.

5. Nnyaffe mu ggulu tolabwa!
Ofuga Bamalayika
Tukuumire entebe ennungi
Kumpi gy'oli.

303. AYI MARIA OMUTIIBWA *(M.H.)*

Ekidd.: **Ayi Maria Omutiibwa,**
Omuyambi ow'ekisa:
Tukutenda ne tukwewa,
Ggwe oli Nnyaffe omwagalwa.

1. Ggwe mukyala
Eyatuzaala
Eri ku Kalvariyo;
Tuneewanga buli bbanga
Nnyaffe atalituvaako.

2. Era Nnyabo,
Beera ngabo,
Ngabo y'abavubuka;
Obabeere batereere
Mu kukemebwa kwonna.

5. Bwe tugenda
Mu luwenda
Oluva mu nsi muno:
Nnyaffe, yamba
Okulusamba
Tuzze mu mikono gyo!

304. BAANA BA BIKIRA MARIA *(W.F.)*

Ekidd.: **Baana ba Bikira Maria,**

Tukunngaane tusanyuke,
Tutende Nnyina wa Katonda
Ffenna tuweereze Nnyaffe.

1. Maria ggwe otuwolereza,
   Bulijjo tweyamba gy'oli
   Yanguwa okutudduukirira
   Otulokole mu bubi.

2. Obuyinza wafuna bungi,
   Obw'okugoba sitaani;
   Abaseemya leero bayinze
   Batutaseeko obagobe.

5. Entuuko zaffe nga zituuse
   Tugende twesiime naawe;
   Yezu Omulokozi waffe
   Naye atujjuze essanyu lye.

305. BIKIRA MARIA NNYINA YEZU ERA MMANGE *(M.H)*

1. Nnyina Yezu era Mmange,
   Bikira nkulamusa;
   Nzuuno Nnyabo, essanyu lyange
   Nzize okukuyimbira.
   //Ayi Maria, Nnyina essuubi
   Eritanyumizika.//

2. Oyo Ddunda eyakutonda,
   Ng'akukuuma embeerera;
   Omukama yakulonda,
   Ggwe wekka mu nsi zonna.
   //Ayi Maria, Nnyina Yezu
   Nnyimba nga nkukulisa.//

306. BIKIRA MARIA OWA ROZARI *(W.F)*

1. Maria tukulamusa;
   Titwosa kukujjukira,
   Mu ssanyu lyo, mu nnaku zo,
   Era ne mu kitiibwa kyo.

2. Wabuulirwa Malayika,
   N'okyalira muganda wo,
   N'ozaala, n'owaayo Yezu,
   Bwe yabula n'omulaba.

3. Yezu yanyolwa n'akubwa,
   Amaggwa gaamufumita,
   Ne yetikka Omusaalaba,
   N'afa okutulokola.

307. BIKIRA MARIA OW'E FATIMA *(W.F.)*

1. Mmunyeenye y'oku nnyanja, liiso ly'aboonoonyi,

Fatima watuyita, ffenna tujje gy'oli.

Ekidd.: **Nnyina Yezu Kristu ku Kalvario,**
Watuzaala ffe abantu tuli babo;
Nnyina Omulokozi Mugole waffe,
Kabaka wa Rozari beera Nnyaffe.

2. Maria gutusinze, gutusse ne mu vvi,
Sonyiyisa ffe aboonoonyi tuggye ku sitaani.

3. Abalungi banyweze nga baagala Yezu,
Tuwe ne mu nsi yaffe Abatuukirivu.

4. Ggwe nsulo y'ebirungi, Mugabi w'enneema.
N'okutuuka ku Yezu, kkubo eritakyama.

5. Tukukwasizza byonna: essanyu n'ennaku,
Bye biwonge by'asiima, biweereze Yezu.

6. Akaseera katuuse otuwolereze,
Laba bwe tunyiikidde; ssaala ne ssapule.

7. Tukwate ku mukono mu budde obw'okufa,
Otutwale eri Yezu kumpi ne Katonda.

8. Beera Kabaka waffe, naddala jjukira,
Ng'ensi yaffe Uganda bagikusingira.

308. YEZU NDABA

1. Yezu nzuuno; Ggwe gy'oli nzize
Nteesezza nze okwewala emize.

Ekidd.: **Ayi saasira, Yezu nze awanjaga, nkaaba,**
Nnasobya lwe nnajeema x2 Yezu, yamba!

2. Nze akuyita nga nneeyala wansi
Nninga Ssebo (nange), Maria eyeenenya.

3. Ggwe sonyiwa olw'Omusaayi gwo;
Gwe wayiwa gunnaaze ndokoke!
Gunnaaze mu mwoyo (okunnaazaako ekko).

309. EBYOKUNYOLWA *(W.F.)*

Ekidd.: **Ebiwundu ebya Yezu,**
Ayi Maria obyolanga,
Mu myoyo gy'abaana bo.

1. Yezu yalumwa n'anyolwa, olw'ebibi by'aboonoonyi,
Abagaana okwenenya.

2. Eyakubwa omwagalwa, eyalumwa okubeera ffe:
Tufunire okwenenya.

3. Amaggwa gaamufumita, Omusaayi gwatiiriika,

Yezu wange omwagalwa.

4. Ne yeetikka Omusaalaba, omuzito okubeera nze:
   N'ogwange ngutwalenga.

5. Yezu ng'ali awo alengejja, yasasula ebibi byaffe:
   Ka tujjule okwenenya.

310. EKITIIBWA KYA MARIA *(W.F.)*

1. Mu ggulu Bamalayika,
   Bakuyita Kabaka,
   Naffe abantu mu nsi zaffe
   Tukuyita lya Nnyaffe.

   Ekidd.: **Ekitiibwa kya Maria, kibune mu nsi yonna;**
   Tumweyune atujune, atwale emyoyo gyaffe.

2. Ebibi byaffe nga bingi
   Tugende eri Maria.
   Ye agonza Katonda nnyini
   Okubitusonyiyisa.

311. GGWE NNYAABWE W'ABAYIZI *(W.F.)*

1. Ggwe Nnyaabwe w'abayizi
   Tuutuno tuzze gy'oli
   Ffe abaana b'essomero,
   Twanjule ew'Omwana wo.

   Ekidd.: **Mirembe Maria, Nnyaffe tukulamusa.**
   Mirembe Maria, Nnyaffe tukwesingira.

2. Ggwe Nnyaabwe w'abayizi,
   Tusaba otuyambe:
   Mu byonna eby'omubiri
   Ne mu mwoyo otubeere.

5. Ggwe Nnyaabwe w'abayizi
   Tukwekwasizza ffenna,
   Ggwe Nnyaffe Ggwe ow'ekisa
   Tufugenga bulijjo.

312. GGWE NNYAFFE TUKUTENDA *(W.F)*

1. Ggwe Nnyaffe tukutenda,
   Wamu n'Omwana wo,
   Tukaaba nga tusinda
   Ku kifaananyi kyo.

   Ekidd.: **Tusaasire Maria Nnyaffe omubeezi ow'ekisa**
   Ogonze Omwana wo, n'otusonyiyisa.

2. Tuzze okukulagaanya
   Wano mu maaso go;

Laba bw'otukunngaanya,
Abakulu n'abato.

3. Omwana wo bw'akoowa
Ng'akola emirimu,
Ng'avuddeyo n'akwewa
Beera kiwummulo.

7. Awo leero endagaano
Tugiddemu buggya:
Beera Nnyaffe Maria,
Tubeere baana bo.

313. KABAKA W'EMIREMBE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Kabaka w'emirembe Maria omuzadde atalemwa**
Kabaka w'emirembe Nnyaffe tusabire emirembe.

1. Oyo alagira ennyanja yonna n'eteeka
Tusabire Omukama byonna abikomeko.

2. Oyo agolola omukono n'amayengo ne gateeka
Tusabire Omukama byonna abikomeko.

3. Oyo ayogera ekigambo kye byonna ne bimuwulira
Tusabire Omukama atunyweze mu mirembe.
Muyambi w'abateyinza -
Omuzadde atalemwa Nnyaffe tusabire emirembe.
Kiddukiro ky'aboonoonyi
Ssuubi ly'abanaku ku nsi
Ndabirwamu y'ebirungi byonna
Nsibuko y'essanyu lyaffe
Nkuluze y'ebirungi byonna
Mukubagiza w'abanaku ku nsi
Mubeezi w'abanaku ku nsi
Nnyina Katonda Omulokozi oli
Omuzadde w'abatonde bonna.

314. ERINNYA ETTUKUVU ERYA MARIA *(W.F)*

1. Erinnya lyo, Mmange Maria
Lye njagala leero okutenda.

Ekidd.: **Ave, Ave, Ave Maria.**

2. Erinnya lyo tirisingika
Lya Yezu lyokka lye likira.

3. Erinnya lyo lisinga n'eggye
Eryetegekedde omulabe.

4. Amasitaani galitya nnyo,
Ligakanga ne ligazzaayo.

9. Erya Yezu n'erya Maria
Ge njagala okusinga gonna.

315. MARIA GGWE MMUNYEENYE YAFFE EY'EVANJILI *(Fr. Expedito Magembe)*

Maria ggwe mmunyeenye yaffe mu kukkiriza, tunyweze ffe abaana bo.
Mmunyeenye yaffe ey'Evanjili, tuwe ekitangaala eky'obulamu.
Mmunyeenye yaffe ey'Evanjili, oli ttawaaza yaffe mu kukkiriza.

1. Ggwe wazaala oli gwe baalinda, ggwe wazaala oli gwe baalanga - Messiya
   Oli Nnamukisa mu batonde era, Oli Nnamukisa mu baanunulwa - Maria.
   Mu kutondebwa yakweroboza n'akutaliza buli kibi kyonna - Maria.
   Wakkiriza Kristu afe alokole ffe aboonoonyi - Maria.
   N'akutukwasa ye ng'afa, okumeekume ffe abaanunulwa - Maria.
   Ekidd.: **Mmunyeenye yaffe ey'Evanjili,**
   Maria nkwekwasizza ndi mwana wo. x2

2. Wazaala Kristu Omununuzi era wazaala naffe abanunuddwa,
   Nnasenga Kristu Omununuzi, naawe njagala nkusenge mbeere wuwo,
   Nze ndayira ku lwange nga ndi wuwo, kyokka njagala okunyweza kye nkutte.
   Okuva obuto nze nga ndi mwana wo, naye ate njagala nkubeere mu mikono gyo.

   Ekidd.: .....

3. Nze ndi mwana wo Maria - Nze ndi mwana wo
   Nkwekwasizza, mu byonna onnyambanga.
v Nkwekwasizza Maria - Nkwekwasizza
   Onsabiranga, bulijjo ew'Omwana wo.
v Ew'Omwana wo Yezu - Gwe nnoonya
   Onnyambanga, mu byonna mmutuukeko.

   Ne mu bw'okufa Maria - Onnyambanga
   Onnyambanga, mu byonna mmutuukeko.

   Byonna obisobola Maria - Bye nkusaba
   Gw'ozaala, y'Oli nnannyini byo.

   Okuva obuto Maria - Onnyambye nnyo
   Mu biyise, mu byonna onnyambye nnyo.

   Bingi ebiyise mbirabye - Onnyambye nnyo
   Ggwe nneekola - Wekka onnyambye nnyo.

   Byandiremye omunaku - Ne mbulawo
   Byandiremye, leero ne mbulawo.

   Toba kubeera Ggwe - Ng'onnyamba nnyo
   Byandiremye, byonna ne mbyonoona.

   Kye nva nkusaba Maria - Kye nva nkusaba
   Mbeere mwana wo, bulijjo gw'owembejja.

4. Bikira Omuzadde - nsaba nkubeere mu mikono gyo ng'ompanirira.
   Bikira Omuzadde - nsaba nkufaanane mu mpisa zo mbeere wuwo.
   Bikira Omuzadde - nsaba mmutuuke Omwana wo tubeere kimu.

316. MARIA MU GGULU *(W.F.)*

Ekidd.: **Maria mu ggulu,**

Bwe nkwesiga leero,
Maria mu ggulu,
Ndikulaba Nnyabo.

1. Ndikulaba Nnyabo!
   Kuba nnasenga Yezu,
   Ne ku lwa Batismu,
   Nnafuuka mwana wo.

2. Ndikulaba Nnyabo!
   Bwe mba nga nneenenyezza
   Mu Penitensia
   Nfuna ekisonyiwo.

3. Ndikulaba Nnyabo!
   Kuba bwe mba omukoowu
   Amaanyi gaddamu
   Nga nfuna Komunyo.

317. MARIA NNYAFFE *(W.F.)*

Ekidd.: **Maria Nnyaffe tukukwasizza**
Emyoyo gyaffe ogikuumenga
Twagala mu nsi okukusenga
Mu ggulu n'okukutenda.

1. Wawona sitaani
   Mu kutondebwa kwo,
   Tiwakola kabi
   Mu bulamu bwo.

2. Wasenga Katonda
   Ng'oli mwana muto,
   Bulijjo ng'onyweza
   Endagaano zo.

3. Yezu yakulonda
   Mu bakazi bonna,
   N'akuyita Nnyina
   Eyamuzaala.

318. MARIA NNYAFFE OTUYAMBE *(W.F.)*

Ekidd.: **Maria Nnyaffe, otuyambe;**
Ennaku zitusanze, otuwolereze. x2

1. Tuzze gy'oli ayi Bikira Nnyaffe,
   Tuvunnamye ffenna mu maaso go,
   Tega okutu, Muwolereza waffe,
   Owulire essaala z'abaana bo.

2. Laba ebyalo biweddemu abantu,
   N'enju zonna leero bifulukwa.
   Tuwulira ebiwoobe n'enduulu,
   Tunadda wa Ggwe bwototuyamba?

3. Twayonoona, ggwe wamma gutusinze,
   Naye leero tumenyese emyoyo
   Ggya amaaso go ku bibi bye tukyaye,

Tusaasire ng'oggya mu kisa kyo.

4. Ayi Mukama watutonda Ggwe nnyini,
   N'otubumba ffenna n'engalo zo;
   Weerabire nga bwe tuli aboonoonyi,
   N'ojjukira nga tuli baana bo.

5. Oba ogaya amaziga ge tukaaba,
   Omwana wo ye atuwanjagira;
   Tunuulira ku biwundu bya Yezu;
   Notogaana kusaasira bantu.

6. Ayi Mukama, Ggwe Omutonzi wa byonna,
   By'olagira biwulirwa mangu,
   Obulwadde bujja okumala abantu,
   Bukomeko ffenna tunaawona.

319. MARIA NNYINA YEZU KRISTU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Maria, Nnyina Yezu Kristu wa bonna,**
Maria, Nnyina Yezu Kristu, tuyambe.

1. W'obeera mu Kitambiro tobula,
   W'obeera ng'oweereza,
   Nnyaffe ow'ekisa ennyo tuwolereze.

2. W'obeera mu kutambira tobula,
   W'obeera ng'otambira,
   Yezu anti agatta, ffenna abantu be.

3. Nnyaffe Ggwe, ffe abaana tuutuno,
   Tweyunye obuyambi bwo,
   Gonza oyo Kitaffe, kuba twasobya.

4. Ssuubi lya bonna abakwesiga,
   Tumanyi ekisa kyo ekyo,
   Yamba ffe abadaaga, mu nsi eno enzito.

320. MARIA TUYAMBE TULI BAANA BO

(George Ssebutinde)

Ekidd.: **Maria, Nnyina Katonda, tuyambe tuli baana bo,**
Tusabire eri Katonda, atuwe bye twetaaga.

1. Paapa, Abepiskoopi, Abasaserdooti bonna,
   Bayambe bulijjo ng'obasabira, batutuuse gy'obeera.

2. Ensi Uganda ogitaase, yakukwasibwa kuva dda,
   Ogitaase omulabe agimalawo, Maria oli Kabaka wa Mirembe.

3. Amaka Nnyaffe ogataase, gabeere ga ddembe
   Gakuze abaana mu kwagalana, nga banywevu mu kukkiriza.

4. Abaana abo abawere, bawambaatire mu mikono gyo,
   Obataase era ng'obasabira, bakule nga ba mugaso.

5. Endwadde ezo zimaze abantu, enju ezo bifulukwa,
   Atuwenja walumbe atumalawo, Maria tusabire tuggwaawo.

321. MIREMBE AYI MARIA *(M.H.)*

1. Mirembe ayi Omuzadde, ffe tuli baana bo
   Ayi tuzze okukutenda n'okukulamusa.
   Ggwe Nnyina wa Katonda, yennyini yakulonda,
   Maria, Maria, tukulamusa.

2. Mirembe ayi Kabaka, ffe tuli baana bo,
   Ofuge emyoyo gyaffe, obeere nnyini gyo!
   Nnamasole wa Yezu, Omuzadde ggwe omuteefu:
   Maria, Maria, tukulamusa.

3. Mirembe ggwe Omutiibwa, atiibwa mu ggulu,
   Ojjudde enneema zonna, ggwe oli mutukuvu.
   Ayi ggwe omulungi ddala, mu ggwe timuli bbala:
   Maria, Maria, Ggwe mutukuvu.

4. Mirembe Omuzadde ataayonooneka,
   Ggwe wekka ggwe wazaala ng'obeera Bikira;
   Awonno buli ggwanga likugulumizenga:
   Maria, Maria, Nnyina, Bikira!

5. Tommanga kutuyamba, Maria omwagalwa,
   Mu nnaku, mu kibamba, leero ne mu kufa!
   Ayi tujunenga, Nnyaffe Ggwe oli mukuumi waffe,
   Maria, Maria, tukukoowoola.

322. MIREMBE EMBEERERA *(M.H.)*

1. Mirembe embeerera!
   Ggwe oli nga eddanga eryanya
   Ery'obubiikira;
   Katonda tiyaganya
   Mu Ggwe kibi kyonna.
   Embeerera, Ggwe twesiga
   Tusabire kaakano,
   Naddala nga tufa.

3. Ayi Ggwe, Nnamasole,
   Katonda yakulonda,
   Ofuuke Nnyina we:
   Ayi Nnyina we:
   Tukugulumize.
   Nnamasole, tukwewadde,
   Tusabire kaakano,
   Naddala nga tufa.

323. MIREMBE GGWE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Oh, Mirembe Mmunyeenye y'ennyanja Ggwe,**
Nnyina Katonda, Nnyaffe oyo embeerera,
Walondwa Ggwe gyonna emyaka,
Ye Ggwe mulyango omuva enneema, ogw'eggulu.

1. "Mirembe nnyo Nnyaffe", ffenna tugamba nga Gabrieli,
   Tunyweze nnyo tugumye, fuula bw'otyo erinnya ly'Eva.

2. Tulamuse Nnyaffe, nga tweyamba embuuza y'Elizabeti,
"Mirembe ojjudde sso, enneema enkumu ennonde Nnyaffe."

3. Kivudde wa nze nno? Nnyina w'Oyo Yezu okujja gye ndi!
Kino kya ssanyu leero, nfunye wamma bingi, nange.

4. Tukulamuse Nnyaffe, Maria ajjudde enneema ya Yezu,
Mirembe ssanyu lyaffe, kuuma abazze gy'oli, yamba.

324. MIREMBE GGWE NNAMASOLE *(W.F.)*

1. Mirembe ggwe Nnamasole,
Muzadde w'Omulokozi;
Mugole waffe Omusaale,
W'abatabaazi ab'oku nsi.

Ekidd.: **Ayi Maria tuwanjaga;**
Tuyambe tutuuke mu ggulu.

2. Ndabirwamu etemagana,
Ayi Bikira Omusaasizi;
Ekitebe ky'amagezi,
Nsibuko y'essanyu lyaffe.

5. Kiddukiro ky'aboonoonyi,
Ggwe atuwa enneema zonna
Abaana bo tuzze gy'Oli,
Tusabire, tukwesiga.

325. MIREMBE NNYAFFE OW'EKISA *(M.H.)*

1. Mirembe Nnyaffe ow'ekisa, O Maria!
Kabaka tukulamusa, O Maria!

Ekidd.: **Twetabe ffe ffenna ne Bamalayika;**
Nnyabo tukuyimbira:
Salve! Salve! Salve Maria!

2. Laba tukoowoola gy'oli, O Maria!
Ffe abaana ab'Eva omwonoonyi, O Maria!

3. Tukaaba tukusindira, O Maria!
Mu nnyanga eno ey'amaziga, O Maria!

4. Amaaso go amagonvu ennyo, O Maria!
Gasimbe nno ku baana bo, O Maria!

5. Ne Yezu Omwana wo ddala, O Maria!
Mutwolese mu bwokufa, O Maria!

326. MU GGULU DDALA MARIA *(Ben Jjuuko)*

Ekidd.: **Mu ggulu, mu ggulu, mu ggulu ddala Maria**
Ggwe oli mu ggulu. x2
Nnyaffe oli mu ggulu Nnamasole oli mu ggulu

Nnyaffe oli mu ggulu n'omubiri gwo oli mu ggulu.

1. Mukyala omulondemu, muzadde omulondemu
   Mukyala atemagana, omuzadde amasamasa,
   Mmambya etemagana, omuzadde amasamasa,
   Naffe ffe abaana bo, Ggwe Nnyaffe omuzirakisa.

2. Ddunda Nnamugereka ye yakulondamu,
   N'oba omuzaana we eyazaala Omwana we,
   Mukyala oli magero, omulungi ddala ddala,
   Ddunda Nnamugereka yakuwunda ddala ddala.
3. Ggwe wazaala Omwana wo, Omulokozi ddala ddala,
   Ye Mwana ddala ddala owa Kitaffe nnamaddala,
   Wa luganda nnamaddala ggwe muzadde ddala ddala,
   Twesiimye ffe abaana bo ggwe Nnyaffe ddala ddala.

4. Nnabakyala omuzirakisa, ng'obudde buweddeyo,
   Obwaffe okusomoka tujje eyo eri Lugaba,
   Beera omwanjuzi ggwe Nnyaffe eri Lugaba.
   Twesiime mu lubiri lwe ng'abaana abawanguzi.

327. MMUNYEENYE EY'OKU NNYANJA *(W.F.)*

1. Mmunyeeye ey'oku nnyanja,
   Ggwe Nnyina Katonda,
   Mulyango gw'eggulu,
   Tukulamusizza.

   Ekidd.: **Tukutendereza nga tukuyimbira**
   Ave Maria, Ave Maria.

2. Siima ennamusa yaffe,
   Evudde mu mwoyo
   Tunyweze mu ddembe,
   Tuteme mu nvuba.

3. Abazibi b'amaaso
   Bawe balabenga,
   Ebibi byaffe byonna
   Bitunaabuleko.

328. NNYABO OMULUNGI ENNYO *(M.H.)*

1. Nnyabo omulungi ennyo,
   Ggw'oli kiddukiro,
   Eky'abasenze bo!
   Nkweyanzizza!
   Oli musanyufu, oli mukkakkamu,
   Oli mutukuvu ng'omuzira!

   Ekidd.: **Ayi nno ggwe Nnyabo, beeranga ngabo;**
   Tondeka ttayo nga ndi mu kabi,
   Ntaasa sitaani n'amaddu g'ensi!
2. Mmange omugagga ennyo,
   Yezu ye Mwana wo,
   Ssanyu n'essuubi lyo
   Nkwejagidde!

Ye yakutukuza, Ye yakubiibiita,
Ye yakuwanngamya, kulika ggwe!

3. Nnyabo ndi mwana wo,
Ndi mu mikono gyo,
Leero ne bulijjo
Mpolereza!
Ndiisa n'enneema yo, nzijuza eggezi lyo,
Nnyamba n'amaanyi go, mpambaatira!

4. Nnyabo omusaasizi,
Ssuubi ly'aboonoonyi
Nnyina Omulokozi,
Nkwesize ennyo!
Rooza ey'okwagala, Ddanga ery'okwekuuma,
Ddembe lye nneegomba, nkwesize nnyo!

329. NNYAFFE OW'AFRICA *(Fr. James Kabuye)*

1. Ye Ggwe Maria, omuzadde amakula,
Asinga Ggwe abazadde bonna;
Kuba Messiya, mu nda yo mwe yava.
Wazaala Yezu otendwa Maria.

Ekidd.: **Abafrica ffenna tukwewa,**
Tuyambenga Ggwe Nnyaffe ow'Africa.

2. Ye Ggwe Maria eyayamba Abatume,
Luli Yezu ng'avudde ku nsi
Ye Ggwe eyasaba, Mwoyo ajje agumye,
Bonna Kristu oyo, be yajja okuyita.

3. Luli abakulu lwe bajja gye tuli
Wala nnyo eno mu nsi Africa.
Ne bagikuwa, ensi eno na byonna,
Ffenna Ggwe Nnyaffe tuyambe Maria.
4. Ensi etabuse tuyambe tuwonye,
Ffenna abaana jangu otubbule,
Laba omulabe ajja atusaanyeewo
Tuyambe Nnyaffe, tutaase abalabe.

5. Leero Maria Uganda ekuyita,
Juna nyweza eddiini wonna,
Bonna abakulu, gwe beesiga ye Ggwe.
Bakuume Nnyaffe, bataase Maria.

6. Laba abanaku, bayambe Maria,
Ggyawo endwadde wonna mu Africa,
Juna abanaku, bawe akokulya
Babeere kumpi, bayambe Maria.

7. Laba Maria, abaana abanaku,
Jangu Ggwe nnyaabwe bawambaatire,
Bawe okuyiga nti: Yezu ye yekka,
Afuula abaana, abalungi amayisa.

330. NNYAFFE YAMBA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Ggwe Nnyaffe Omuyinza - Ggwe Nnyaffe, Nnyaffe ow'ekisa,**
Ggwe Nnyaffe Omuyinza - Maria tuyambenga.

1. Bikira Maria Ggwe Nnyaffe omwagalwa
   Kuuma yamba ffe abaana bo.
   Bikira Maria Ggwe Nnyaffe omwagalwa
   Tuutuno tuyambe tuli baana bo.

2. Bikira Maria Ggwe Nnyaffe omwagalwa
   Kuuma Uganda etebenkere.
   Bikira Maria Ggwe Nnyaffe omwagalwa
   Tusabire ensi eno etebenkere.

3. Bikira Maria nga bangi abavuma
   Baagala eddiini mbu bagizise.
   Nnyaffe twagaze Kristu Omulokozi
   Taasa eddiini etinte.

4. Bikira Maria Nnyaffe tusaba kino
   Tutaase endwadde etumalawo.
   Tusaba tuyambe Nnyaffe Ggwe ow'ekisa
   Tusabire tuyambe tuggwaawo.

5. Bikira Maria Nnyaffe tukudaagira
   Twagaze Omukama tubeere babe.
   Obulamu nga bukomye obw'eno obw'ekiseera
   Tuwungule otutuuse mu bw'olubeerera.

331. OGENZE N'EKITIIBWA *(W.F.)*

Ekidd.: **Ogenze n'ekitiibwa**
Okwesiima Nnyaffe Maria;
Ogenze n'ekitiibwa,
Ofuga Bamalayika.

1. Nnyina Yezu Kristu,
   Maria osinze,
   Nnyina Yezu Kristu,
   Osinze olumbe.
   Yezu Ggwe omugoberedde
   Weesiimye leero naye.

2. Ebitonde byonna,
   Nnyina wa Katonda.
   Ebitonde byonna
   Bikuweerezenga.
   Naffe nno tuwolereze,
   Eri Katonda waffe.

5. Edda tuligenda,
   Naffe okukutenda
   Edda tuligenda
   Gy'oli Ggwe mu ggulu.
   Otusabire eri Yezu
   Tutuukeyo n'essanyu.

332. OLWALEERO BIKIRA MARIA *(W.F.)*

Ekidd.: **Olwaleero Bikira Maria, omwoyo gwange guuguno;**
Olwaleero Bikira Maria, omwoyo gwange guuguno,
Omwoyo gwange guuguno, omwoyo gwange guuguno.

1. Maria goba amasitaani, gatutwala mu bibi.
2. Jjukira: titulina maanyi, sabiranga aboonoonyi.
3. Tuyambe otuwonye ekyejo, tulongooke mu mwoyo.
4. Saasira Baganda bannaffe, obaggyanga mu lumbe.
5. Twagaze Omwana wo Yezu, atutwale mu ggulu.

333. OMUZADDE NG'OMYANSA *(W.F.)*

1. Omuzadde ng'omyansa,
Ggwe eyazaala Yezu,
Tukuume mu kkubo,
Tuleme kukyama.

Ekidd.:**Tukutenda Nnyaffe**
Nga tukuyimba
Mirembe Nnyaffe atasingwa,
Nnyaffe mirembe.

2. Ggwe omulungi bw'otyo,
Ffenna tukutenda,
Nyweza mu ffe enneema,
Gobawo sitaani.

334. SAASAANA BUNA ENSI

Ekidd.: **Saasaana buna ensi; Nnyaffe ow'ekisa**
Ekitiibwa kyo kituuse wonna: Nnabakyala
Tukutenda Omuzadde w'Omukama: Ggwe Nnamukisa.

1. Nnamukisa Maria ow'ekisa Ye Ggwe
Nnamukisa Maria tokirwa ”
Nnamukisa Maria eyakkiriza ”
N'ozaala Omwana eyandokola. ”

2. Nnantalemwa omuyinza ow'ekitalo Oyo
Yakukolamu ebirungi eby'amagero ”
Weewaayo Maria wakkiriza ”
N'ozaala Omwana eyandokola. ”

3. N'oweebwa ekitiibwa eky'ekitalo Ye Ggwe
N'oweebwa obuyinza n'emikisa ”
Mu mazima ffenna otusukkulumye ”
Mu mikisa Ggwe Nnyaffe Ggwe osinga. ”

4. Njogera ku Nnyabo Omutuukirivu Oyo

Gwe ntenda ye Eva owokubiri ”
Nnakazadde Omukyala eyakkiriza ”
N’ozaala Omwana Yezu. ”

5. Nnamukisa Maria otweyagaza Ye Ggwe
Tukweyune Ggwe Nnyaffe ow’omukisa ”
Tukwesiga buvune onooyamba ”
Tukweyunye era tukwekutte. ”

335. TUKULAMUSIZZA *(W.F.)*

1. Tukulamusizza,
Nnyaffe ow’ekisa;
Tukuvunnamidde,
Tukwewombekedde.

2. Abaana abawere
Tubakukwasizza;
Obawambatire
Obaleze ekisa.

5. Abazadde baffe,
Tobeerabiranga;
Batukuumirenga,
Mu bukadde bwabwe.

6. Abanakuwadde
Wamu n’abalwadde:
Obajjukiranga
N’obakubagiza.

336. TUKUYIMBIRA GGWE NNYAFFE

(Fr. James Kabuye)

A. Tukuyimbira Ggwe Nnyaffe omuganzi,
Tukukulisa Ggwe eyazaala Katonda,
Tulikwekola ffe abaana otuyamba,
Toyabulira akwewa omukuuma,
Abawakanyi baggyeeyo ng’obagonza,
N’abaseerera ku ddiini bayambe,
Ng’obamatiza amazima, tobegaana ababuundabuunda,
Ensi Uganda laba ebonyeebonye nnyo,
Tunuulira entalo, endwadde n’obwavu
Bwe bibiindabiinda, tunadda wa Nnyaffe,
Obuzibu bweyongedde.

B. Mujje gye ndi ababonaabona.... ffe twesiga Lugaba,
Mujje gye ndi mbakubagize..... tutuuse ewa Nnyinimu.

b) Ku nsi bingi ebibonyaabonya....
Mujje gye ndi mbakubagize;

c) Mujje gye ndi mbaagala kufa....
Mujje gye ndi mbakubagize;

d) Mujje abakulu n’abavubuka....
Mujje gye ndi mbakubagize;

e) Mujje gye ndi n'abavubuka....
Mujje gye ndi mbakubagize;

f) Mujje gye ndi be njigiriza....
Mujje gye ndi mbakubagize.

C. Ddala kituufu tebawuliranga,
Tewali mu Uganda yaddukira gy'oli,
N'omugoba nga tomukkirizza.
Abakwesiga obayamba, obakuuma, obasiima, obawanguza
Mu byetaago, bali wagumu muzadde w'oli,
Abamenyese emitima obaagala,
Abakusaba amagezi obaagala, abalwadde n'abaavu obaagala,
Mu bizibu byaffe w'oli, w'oli Nnyaffe otuwanguza.

337. TUKWEWADDE LEERO *(W.F.)*

Ekidd.: **Tukwewadde leero, Nnyaffe Maria;**
Tubeere ku bubwo, ennaku zonna.

1. Tukukwasizza
Emibiri gyaffe,
Era n'emyoyo gyaffe
Giigyo Maria.

2. Tukukwasizza
Ebikolwa byaffe,
N'ebirowoozo byaffe,
Biibyo Maria.

3. Tukukwasizza
Okwesiima kwaffe
Era n'ennaku zaffe
Biibyo Maria.

4. Tukukwasizza
Olugendo lwaffe
Otukuumanga Nnyaffe
Ayi Maria.

338. TUTENDE MARIA *(W.F.)*

1. Ggwe oli mutukuvu,
Toliiko bbala,
Lwe watonderwamu,
Wajjula enneema.

Ekidd.: **Tutende Maria, ye Nnyaffe ow'ekisa**
Tutende Maria, ye Nnyaffe omwagalwa.

2. Anna yakuzaala,
Nga wa mukisa,
Bbaawe Yoakimu,
Naye wa ttendo.

3. Sitaani yalemwa
Okukufuga,
Ggwe wamubetenta,
N'atakubojja.

7. Mu Batuukirivu,
Ggwe oli mukulu
Otuula mu ggulu,
Kumpi ne Yezu.

339. WAZAALA KRISTU *(Fr. Expedito Magembe)*

A.

Ekidd.: **Wazaala Kristu Omulokozi n'atulokola**
Oli muzadde omulungi, omutiibwa. x2

1. Weema y'Omukama gye yakuba mu ffe,
Ye Ggwe - Ye Ggwe
Ye Ggwe - Ye Ggwe Maria.
Ggwe kisulo kya Katonda - mu ffe be yalonda mu Mwana we.

2. Ekisulo ky'Omukama kye yakola mu ffe,
Ye Ggwe - Ye Ggwe
Ye Ggwe - Ye Ggwe Maria
Ggwe kisulo kya Katonda - mu ffe be yalonda mu Mwana we.

3. Ekisulo kya Katonda - mu ffe be yalonda Omwana we.
Maria gwe yalonda abeere naffe. x2
4. Nnyumba ya Katonda - mu ffe be yaganza Omwana we.
Maria gwe yalonda abeere naffe. x2

5. Kkubo lya Katonda,- mu ffe be yaganza Omwana we.
Ekkubo lye yakwata yali Maria. x2

B. Omuzadde kitiibwa ky'abatonde abanunuddwa.
Omuzadde Nnyumba ya Zawabu etimbiddwa.

Omuzadde kitiibwa ky'abatonde abanunuddwa
Omuzadde nsibuko y'essanyu erijjudde.

Omuzadde nsibuko y'obulamu mu kukkiriza
Omuzadde kitebe ky'amagezi agajjudde.

Omuzadde nsibuko y'obulamu mu kukkiriza
Omuzadde bulamu bw'abalwadde, ababonaabona.

Omuzadde ssuubi ly'abanaku ab'oku nsi
Omuzadde weema y'abalamu ab'oku nsi.

Omuzadde ssuubi ly'abanaku ab'oku nsi
Omuzadde sanduuku y'endagaano ey'olubeerera.

Omuzadde asaanira ekitiibwa eky'olubeerera
Omuzadde nnamukisa mw'abo abalondeddwa.

Omuzadde kitiibwa ky'abatonde abanunuddwa
Omuzadde weema y'Omukama mw'abeera.
Ye Ggwe Maria.

340. YALI MARIA *(Joseph Kyagambiddwa)*

I II

1. Yali Maria eky'okuzaala Yezu Mirembe
   Ye nno ng'akigaana, Maama! Mirembe
   "Laba, Mwoyo akujjira mu mwoyo Mirembe
   Yezu wa kuzaalibwa atyo!" Mirembe

   Ekidd.: **Mm! Maria ye yazaala Yezu, mirembe**
   Yozefu ye bba w'Omukyala. mirembe. x2

2. "Nze nzuuno, kale nja kuba Muzaana Mirembe
   Nzuuno nkolerwe ekigambwa" Mirembe
   Awo mangu ne Kigambo ng'ajja Mirembe
   Yezu mu lubuto abadde! Mirembe
3. Yali Yozefu olwo Maria atidde Mirembe
   Ky'atya kwe kumuwasa oyo: Mirembe
   "Eky'omu nda, kyakolebwa Mwoyo; Mirembe
   Twala eka Omugole wuuno! Mirembe

4. "Kye ki, Yozefu, eky'okutya empeta eno? Mirembe
   Wuuno Gabulyeri abuuza: Mirembe
   "Funa mu ddya Bikira, otereere! Mirembe
   Ye leero akufumbirwe ggwe!" Mirembe

5. Bombi Maria ne Yozefu, baabo Mirembe
   Beesiima, abagatte ab'edda! Mirembe
   Katonda ajja, bo bakuumi ku ye, Mirembe
   Wuuyo ye Mukama Yezu. Mirembe

341. YIMBA, YIMBA *(M.H.)*

1. Yimba, yimba tenda Nnyaffe, mwoyo olw'essanyu biibya,
   Tenda nnyo eyazaala Yezu, asaanye okwagalwa.

   Ekidd.: **Tumutende ffe Maria,**
   Tuyimbe ffenna wamu.
   Ekkula lyaffe Nnyaffe Ggwe.
   Enteeka ebbanga lyonna.

2. Nnyaffe yamba beera kumpi nga sitaani atukema,
   Mu eno ennyanja ensunda bw'eti, jangu Mmange nze ntaasa.

3. Ddunda Ggwe yakwasa anti eggwanika ly'ebirungi
   Tuusa abaana w'ali Yezu, tajja kumma Ggwe by'osaba.

4. Vva ku aseemya n'oyo ow'enkwe, odduke omussi wuuyo,
   Koowoola, yita oyo Nnyaffe, anaamukugobera.

5. Beera kumpi nange Mmange, mugole wa Yozefu
   Yamba nve ku nsi eno nange, mbeere naawe mu ddembe.

6. Nnyaffe tuusa abaana gy'oli, tugumye nnyo nga tufa.
   Mu eyo essaawa entiisa nnyingi, tutwale mangu gy'obeera.

342. YIMBA, YIMBA, MWOYO GWANGE

(M.H.)

1. Yimba, yimba mwoyo gwange,
Sanyuka ng'olamusa
Nnyina Yezu era Mmange
Omuteefu omwagalwa.

Ekidd.: **Ebitenda Ggwe Maria,**
Tubiyimbe ffe ffenna;
Ggwe omutiibwa, kkula lyaffe,
Mbeerera, totendeka.

2. Ye muyambi w'abanaku,
Nnyina w'abakemebwa;
Amayengo bwe gansunda,
Bw'ajja gatebenkera.

3. Ebitonde bya Katonda,
Abiteeka byonna;
Bw'omusaba n'obitenda,
Akuweesa na kisa.

4. Omubi bw'aba akuseemya.
Tomutegera kutu;
Nnyina Yezu anaamulemya
Nnyina oyo omukkakkamu.

EZA YOZEFU

343. AYI YOZEFU GGWE KITAFFE *(W.F.)*

1. Yezu Kristu Katonda,
Bw'alimpita gy'ali,
Nze omwonoonyi ndisinda,
Ba mukubiriza.

Ekidd.: **Ayi Yozefu, Ggwe Kitaffe,**
Ffenna mu mikono gyo tufe.

2. Ggwe oli bba wa Maria,
Yezu ye Mwana wo,
Amannya ago ngagatta
Wamu n'erinnya lyo.

3. Bwe ndiraba ng'ebyensi
Binsumattukako,
Ggwe olinfunyisa amaanyi,
Mpangule olutalo.

4. Mu kaseera ak'okufa,
Bwe ndiba ntintima,
Okubeera emisango,
Onsabiranga nnyo.

5. Nga mmaze okukutuka.
   Onkulemberanga.
   N'ontwala eri Mmange.
   N'eri Yezu wange.

344. AYI YOZEFU KITANGE *(M.H.)*

Ekidd.: **Ayi Yozefu, nzize gy'oli.**
Ggw'omuteefu nnessa w'oli,
Ssebo nkusaba: ntaasa akabi!

1. Ayi Yozefu Kitange,
   Leero gira ekisa,
   Beera nnannyini byange,
   Nneme kujeeruka,

2. Ntiisa y'amasitaani.
   Jangu onnwanirire,
   Nnaagagoba ku bw'ani?
   Mu ggwe nneesize.

3. Nzibira mu lutalo,
   Nngume ennaku zonna;
   Ontasaanga mu ngalo,
   Eza Kaseemeza.

4. Ayi Yozefu omulungi,
   Ggwe Omutuukirivu,
   Nkwasa ekkubo eddungi,
   Nnyingiza mu ggulu.

5. Ayi Yozefu Omukuumi,
   W'abagenda okufa,
   Omponyanga obulumi,
   Obw'olubeerera.

345. AYI YOZEFU SSABAZADDE *(M.H.)*

1. Nnanga ki nze gye nnaavuumya,
   Mannya ki nze ge nnaatuumya
   Oluyimba lwo luno?
   Ayi Yozefu!

Ekidd.: **Ayi Yozefu Ssabazadde:**
Ebinkooyesa mbitadde
Mu mikono gyo byonna.
Ayi Yozefu.

2. Ggwe mukuumi atannasangwa,
   Abalabe gwe bakangwa,
   Bwe nkutenda sikoma,
   Ayi Yozefu!

5. Beera nange mu lugendo,
   Mbalirwe ntyo mu muwendo,
   Ggwe Kitange gw'owonya;
   Ayi Yozefu!

346. FFENNA TUTENDE YOZEFU KITAFFE *(W.F.)*

1. Ffenna tutende Yozefu Kitaffe
   Ku lw'ekitiibwa, leero ky'aweereddwa;
   Ennyimba zaffe zinaamutegeeza
   Essanyu lyaffe.

2. Katonda Patri, mwene yamusiima
   Kwe kumulonda, n'amuwa okukuuma

Omwana Yezu, wamu ne Maria.
Mu kabi konna.

347. KUUMA, KUUMA *(W.F.)*

1. Ayi Yozefu tutenda
Obutukuvu bwo
Ggwe oli bba wa Maria
Kuuma abaana bo.

Ekidd.: **Kuuma, kuuma abaana bo,**
Kuuma, kuuma abaana bo.

2. Omuyinza wa byonna
Yeefuula omwana wo,
Naawe wamuleranga,
Kuuma abaana bo.

3. Katonda wamukuuma,
Ye ng'akyali muto;
Wajjanjaba Omukama,
Kuuma abaana bo.

4. Erodde ng'amunoonya,
Wamuddusa ekiro,
Naffe bw'oba otuwonya,
Kuuma abaana bo.

348. MMWE ABANTU ABATEEFU *(M.H.)*

Ekidd.: **Mmwe abantu abateefu,**
Mmwe Bamalayika
Mutende Yozefu
Kitaffe omwesigwa.

1. Mu ggulu Katonda
Yakwatirwa ekisa
Ku nsi n'akulonda
N'akugulumiza.

2. Erodde bwe yatta
Abaana abato
Ggwe Yozefu wataasa
Nnyina n'Akaana ke.

349. TUZZE AYI YOZEFU *(W.F.)*

Ekidd.: **Tuzze okukutendereza,**
Ayi Yozefu Omutiibwa,
Ggwe omukuumi wa Maria
Ggwe Kitaawe wa Yezu
Obuyinza bwo bwa maanyi,
Bw'ofunye eri Katonda
Butuyambenga lutata,
Tujje gy'oli mu ggulu!

1. Lwe wagenda e Betelemu
Awamu ne Maria,

N’omunoonyeza Akayumba;
Bambi! Ne kabulayo!
Ne mweddira mu kawuku,
Omwali obusubi,
Mwe mwazazika Kayezu,
Akazaalirwa abantu.

3. Omwana ng’avubuseeko,
   N’abula mu Eklezia;
   Ennaku ne zikukwata,
   N’omunoonya mu banno
   Nnaku ssatu nga ziyise,
   Ng’oweereddwa omukisa.
   N’omusanga mu Bakugu
   Ng’abawuniikiriza.

350. YOZEFU OLI MUYAMBI *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Oli muyambi Ssebo tuyambe tubeere mirembe.**
Ayi Yozefu totusuula tuli baana bo.

1. Tukoowoola Taata yanguwa okujuna,
   Ffenna tusabirenga emikisa.

2. Ggwe Omukuza wa Yezu, Taata,
   Yanguwa okujuna, eddiini mu ffe bangi etulema.

3. Tukoowoola Taata yanguwa okujuna;
   Anti amaka gafa gaggwaawo.
4. Omukuumi omwesigwa totusuula yanguwa;
   Okujuna, ebyensi taata bitumalawo.

5. Tukukoowoola Taata yanguwa okujuna,
   Tuwe okunywera ku Mutonzi.

351. YOZEFU OMUKUUMI *(W.F.)*

1. Ggwe omukuumi omutukuvu
   Owa Yezu Katonda waffe
   Okuumenga ffe abaana bo
   Tusobole okujja gy’oli.

2. Ggwe omukuumi wa Maria
   Onyweze mu myoyo gyaffe
   Empisa ey’obutukuvu
   Ereme okufaafaagana.

352. YOZEFU OW’EKISA *(W.F.)*

1. Yozefu ow’ekisa,
   Tukukunngaaniddeko,
   Tutende bwe wayisa,
   Mu nnaku n’emirimo:
   Ayi Yozefu.

2. Yezu yakweroboza,

Obeerenga Kitaawe,
Omwoyo n'agujjuza,
N'emikisa emironde.
Ayi Yozefu.

3. Wafumbirwa Maria,
Ng'owulidde ekigambo,
"Ono mutwale totya.
Abeere mugole wo".
Ayi Yozefu.

7. Omuzigu bwe yafa,
Mwaddayo e Galilaya,
N'obeerayo ng'obajja,
Awamu n'Omukama,
Ayi Yozefu.

8. Yezu bwe yasuumuka,
N'alyoka akusiibula,
Naawe nno olwo kwe kufa
N'ogenda ewa Katonda.
Ayi Yozefu.

9. Yozefu, Omukuumi,
Oli leero mu ssanyu
Tuwe okukyawa ebibi
Tukulabe mu ggulu
Wamu ne Yezu.

4. Kyaddaki ne mugenda,
Mutuuse e Betelemu,
Nnamasole n'azaala,
Omulokozi Yezu.
Ayi Yozefu.

5. Yezu ggwe wamulera,
N'omuwambatiranga,
Katonda Mukama wo,
Ng'akuyita lya Ssebo,
Ayi Yozefu.

6. Erode n'ayagala,
Okutta Omulokozi;
Naye Ggwe bwe wamanya,
N'omuddusiza e Misiri.
Ayi Yozefu.

353. YOZEFU YABANGA BBA NNYINA KATONDA *(M.H.)*

1. Yozefu yabanga bba Nnyina Katonda
N'akuuma Omukama bwe yajja mu ffe
Kye tuva ffe abaana ba buli nsonda
Tutenda Kitaffe mu bwesige bwe. x2

2. Tulaba Yozefu ng'asuuta Omwana
Ng'akuuma Omutonzi, Omwana omuto
Yozefu bw'asaba, gw'akuuma tagaana
Kayezu tekamma Mukuumi waako. x2

3. Mu nnaku, mu bwavu, odduukirirenga
Ffe abaana kinnoomu, ku lw'ekisa kyo
Yozefu Kitaffe, kati tukusenga
Tukwewadde leero mu kwagala kwo. x2

4. Walumbe ng'atuuse, Yozefu tubeere
Tujune, tutaase nga tuzirika
Otwale abalonde mu ssanyu ejjereere
Mu kwesiima naawe emirembe gyonna! x2

EZA MALAYIKA

354. MALAYIKA OMUKUUMI *(W.F.)*

1. Malayika, ali nange,
Ye Ddunda eyakumpa onkuumenga,
Ontaasanga abannumba,
Ennaku zonna beera nange.

2. Tuba ffenna yonna gye mba,
Ng'omujulirwa eri Omukama,
Nze bye nkola, ne bye nngamba,
Byanjule mu maaso ge biibyo.

5. Tova we ndi, ku ssaawa eyo,
Walumbe bw'aliba ankankanya,
Byonna ku olwo, mbikwasa ggwe,
N'okumpolereza eri Yezu.

3. Sirwa nngenda, mu bwangu anti,
Ensi embonyaabonya lutata,
Tonvangako, Ggwe ow'amaanyi,
Bwe mba naawe nze siitye nnaku.

4. Nsaba kino, mu nngendo eyo
Jangu omperekere ontaasenga,
Galunngamye, gonna agange,
Ntuusanga mirembe eka ewaffe.

355. MALAYIKA WANGE NKWEBAZA *(M.H.)*

1. Malayika wange nkwebaza
Ku lw'okunkuuma okuva edda;
Ndi mwana wo omuwereke,
Musaale wange, nkwesize.

2. Katonda bwe yanteekawo
Ku nsi ne mu mikono gyo,
Wanfuula omwana wo nzenna
N'onkuuma era n'onjagala,

5. Mukwano gwange omwesigwa
Tondeka mu kusomoka,
Ontakabanire nnyini
Nga ntuuse eri Omulamuzi.

3. Bwe mpummula mu bw'ekiro
Ku buliri ggwe obeerawo
N'ontaasa mu kabi konna

N'onngumya mu kukemebwa.

4. Bwe nnyonoona olw'ekitigi
Nga nkyamidde mu kkubo ebbi;
Ggwe onkyamula n'ekisa kyo
N'onfunira ekisonyiwo.

356. OLWA MALAYIKA OMUKUUMI *(W.F)*

1. Malayika ggwe omubaka,
Omukama gwe yanteekera;
Onkuumanga nga bw'ontaasa
Bulijjo ne mu kabi konna.

2. Nzikiriza ng'oli wano
Ng'omujulirwa eri Katonda;
Bye ndowooza ne bye nkola
Byanjule mu maaso ge byonna.

5. Bwe ndituusa okugenda,
Obulamu nga bumpweddemu,
Obanga awo okunnyanjula
N'okumpolereza eri Yezu.

357. SSEBO OMUKUUMI GWE MPEREKERWA *(M.H.)*

1. Ssebo omukuumi gwe mperekerwa,
Wulira omwana akuwanjagira!
Mbuliddwa ekkubo, nga ndebettuse,
Ntiisibwa, obudde bunzibiridde,
Ssebo, ayi Ssebo, nziruukirira,
Tondeka ttayo, nkwesengereza!

2. Ayi Ggwe omusaale omulungi, jangu!
Samba oluwenda olundaga eggulu;
Tangaaza ekkubo, limbuze ekiro
Nneewala enkonko, zintiisizza nnyo;
Nsomosa omugga awatali kabi,
Ntuusa bulungi emitala w'eri.

3. Awo nga ntuuse ku nju y'eggulu
Koona ku luggi lwa Nnannyinimu.
Yingira nange, tugende ffembi,
Nneme kwekanga nga ntuuse gy'ali.
Woza bulungi, nga nnamulibwa,
Ntebenkerenga emirembe gyonna.

EZABATUUKIRIVU

358. BENEDICTO OMUTUUKIRIVU

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Benedicto Omutuukirivu, Katonda yakuganza n'akulonda**
N'akuwa okole by'akutuma, abantu bamumanyenga.

1. Olw'obunyiikivu n'obuzira; yakuyamba oyo Katonda
   N'osobola okulambika Eklezia ayunga.

2. Olw'obunyiikivu n'obuzira yakuyamba oyo Katonda
   N'atuwa ffe abayuugayuuga ekkubo ly'obutuukirivu.

3. Tuyambe tuwe okumanya ekkubo ly'obutuukirivu ly'oyigiriza
   Tunywezenga amateeka agalunngamya omuntu.

4. Katonda oyo ow'ekitalo asaanira kutendwa obutoosa
   Eyatuwa mu ggwe, ekkubo ly'obutuukirivu.

359. MARIA TEREZA AJUNA ABANAKU

(Sebastiane Musoke)

Ekidd. **Maria Tereza Ledochowska, ajuna abanaku n'obafunyisa essanyu, Tuyambe Nnyabo, tukulembere otutuuse eri Yezu Omulokozi waffe.**

1. Walumirwanga nnyo ababonaabona,
   Ng'olwanyisa obuddu obwali mu nsi muno,
   Nga bakuwakanya tewaterebuka,
   Ng'oweereza Yezu n'omutima ogumu.

2. Wayagalanga nnyo okubunya Evanjili,
   Wano mu Africa era n'ensi yonna,
   Amawulire mangi agakwata ku ddiini,
   Gasaasaanidde ensi mu mpenda ze watema.

3. Weesammula ebyensi n'osenga eri Yezu,
   Obugagga n'obwami wabisuula bbali,
   Wasiima obutume, osaasaanye eddiini,
   Onyweze Eklezia mu nsi ya Africa.
4. Watunda n'ebintu byo lwa kwagala Yezu,
   Ng'oyagala abantu bamanye amazima,
   Tusabire naffe tuyagale Yezu,
   Tunywerere gy'ali tutuuke mu Ggulu.

360. TEREZA LEDOCHOWSKA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Ledochowska (Omutuukirivu) Omwesiimi Katonda yakuyamba N'oba wuwe, n'akuwa okole by'akutuma, abantu bamumanyenga.**

1. Olw'obunyiikivu obw'ekitalo yakuyamba oyo Katonda,
   N'osobola okulwanirira abanaku n'abadooba.

2. Olw'obunyiikivu n'obuzira yakuyamba oyo Katonda,
   N'osobola okulangirira Amawulire Agasanyusa.

3. Olw'obunyiikivu n'obuzira wamwagala oyo Katonda,
   Ne weerekereza by'olina olw'okulokola abalala.

4. Tuyambe tube abazira okugoberera ebyo by'oyigiriza,
   Tunywezenga amateeka agalunngamya omuntu.

5. Katonda oyo ow'ekitalo asaanira kutenda obutoosa,
   Eyatuwa mu ggwe ekkubo ly'Obutuukirivu.

361. TEREZA OMUTO OWA YEZU

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Tereza omuto owa Yezu**
Ka tumusabe
Ka tumusabe akole ebyo bye yasuubiza
Atutuuse mu ggulu. x2

1. Anti obuto mu mwoyo, ke kakubo k'oyigiriza
Okwesiga Omukama Kitaffe nnyini-bulamu. x2

2. Ayi Tereza gwe ngoberera nange nkusaba
Nkufaanane mu mpisa zo:
i. Amasanyu agasikiriza : Ng'ago ngagoba
ii. Omukemi siimukkirize : Ng'oyo ngoba
iii. Eddiini gye ndimu kati : Nga nnyiikira
iv. Omukama by'anjagaliza : Nga mbyagala
v. Nga nsanze ebinnyigiriza : Ng'olwo nnguma
vi. Akakubo k'ondagirira : Nga mpondera
vii. Bwe ntuuka we nnemererwa : Ng'oyambako
Omutima gwange ngusse ku Mukama.

362. TEREZA OW'OMWANA YEZU *(W.F.)*

Ekidd.: **Tereza ow'Omwana Yezu.**

1. Tereza Omutuukirivu
Tuzze gy'oli
Tusabirenga eri Yezu,
Ffe ab'oku nsi.

2. Ku lunaku lwa Batismu
Wasingirwa
Maria Omutuukirivu
N'akukuuma.

3. Mu buto bwo bakadde bo
Baanyiikira
Okukuyigiriza ennyo
Okwekuuma.

4. Ng'owezezza emyaka esatu
N'olagaana
Okutuukiriza Yezu
By'akusaba.

5. Weegomba nnyo okufuna
Omukama
Yezu n'ajja mu mwoyo gwo
Ng'asiimye nnyo.

363. TEREZA, TUKUTENDA *(M.H.)*

Ekidd.: **Tereza tukutenda nga tussizza kimu**
Mu byonna bye waweebwa ku nsi ne mu ggulu.

1. Yezu ye yakwerondera,
   Obe mugole we;
   Naawe n'omweweera ddala
   Nga weesiimye naye.

2. Wasuubiza ng'oli ku nsi
   Okutujunanga;
   Leero nno mu buli kabi
   Oyamba akweyuna.

5. Ka twebaze Patri nnyini
   Wamu ne Mwana we,
   Ne mwoyo Omusaasizi,
   Bonna batendebwe.

364. SISTER ULRIKA *(Fr. Expedito Magembe)*

Kristu atugamba ... Tukwate ekkubo ly'obutuukirivu erirokola
Atugamba ..... Buli awatanya awonye obulamu bwe oyo tafuna!
Atugamba ..... Naye alibuwaayo ku lwange alibusanga.

Kigasa ki okulya ensi eno n'ozikirira n'oggwaawo?
Kigasa ki okulya ensi eno omwoyo gwo n'oguzisa?

Atugamba ..... Angoberera akwate Omusaalaba ajje
Atugamba .....Yeveemu n'obulamu oyo abuweeyo.

Ulrika tuwe okumanya, Ulrika tuwe okumanya
Ebigambo byo bye wakwata n'olokoka.

Sister Ulrika	Tusabire Ulrika abaana bo
Tusabire	Tusabire Ulrika abaana bo
Ggwe eyeewaayo obuteddiza	
Ne weemaliza Omukama	Kristu
N'ogoberera oyo	Kristu
N'obagalira otyo	Omusaalaba
N'obulamu wabumuwa	Kristu
Wamwagala nnyo Yezu	Tumwagale
Wamwemaliza Omukama	Tumwagala
Ffe abaana bo tutuuno	Tusabire
Situlina buwonero	Tusabire
Twagaze nnyo Yezu	
Tuleme okugudduka	Omusaalaba
Tufube okutuuka	Gy'oli
Mu ggulu ew'Omukama	Twesiime twesiime twesiime naawe.

365. ULRIKA TUSABIRE *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Ulrika Nnyaffe tusabire tuli baana bo**
Tusabire eri Yezu atuddiremu.

1. Ababonaabona obayambanga, n'abanaku n'okumaakuma.

2. Mu bijja gawanye otuyambanga, n'otusabira tubeere bagumu.

3. Ffe tuli babo abakwewadde, totusuula otuyambanga.

4. Mu kusoberwa ng'otukwatirako ne mu bulwadde n'otukumaakuma.

5. Mu mikono gyo ffe mwe tutadde ebituluma n'ebitulema.

EZOBUNNADDIINI

366. AGGYA MU KISA KYE N'ALONDA

(Fr. Expedito Magembe)

1. Buli Kabona aggyibwa mu bantu - Buli Kabona aggyibwa mu bantu
   Buli Kabona aggyibwa mu bantu - Buli Kabona aggyibwa mu bantu x2
   Buli Kabona aggyibwa mu bantu n'assibwawo ku lwabwe
   Okuweereza ebirabo byabwe ewa Katonda.

   Ekidd.: **Tiwali kwesaanyiza bwakabona - tiwali**
   Tiwali kwesaanyiza buweereza - tiwali
   Tiwali kwesaanyiza bwakabona - tiwali
   Ye gw'aba ayagala gw'alonda - tiwali
   Nga bwe yayita Aroni bw'alonda - tiwali
   Ne bw'oba mulungi otya - tiwali
   Ne bw'oba mugagga ku nsi - tiwali
   Ne bw'oba n'ebitiibwa byonna - tiwali
   Nga bwe yayita Aroni bw'alonda - tiwali

2. Ye gw'aba ayagala era gw'aba asiimye gw'alonda
   Ye gw'aba ayagala gw'alonda, gw'alonda
   Aggya mu kisa kye n'alonda ,, ,,
   Tatunuulira bisaanyizo ,, ,,
   Tatunuulira bye tulina ,, ,,
   Aggya mu mukwano n'alonda ,, ,,
   Aggya mu kisa kye n'alonda ,, ,,

3. Tatuwoomya buwoomya n'obusaserdooti obwa bonna
   Naye alonda b'ayagala ne bassibwako emikono
   Bagabane ku busaserdooti obukulembeze.

(i) Beebo abazzaawo obuggya ekitambiro ekyanunula abantu
(ii) Ne bategekera embaga ya Paska abantu be
(iii)Ne babaliisa n'Ekigambo kye ne babanyweza.

4. Omuzadde omulungi ddala asaana kwebazanga Omutonzi - Omutonzi
   Omuzadde omulungi ddala asaana kwebazanga obutoosa - Obutoosa
   Atuwadde ebirungi ddala Katonda ow'ekisa ennyo Omutonzi - Omutonzi
   Atuwadde ebirungi ddala Katonda ow'ekisa ennyo atulyowa - Atulyowa
   Atuwadde ebirungi ddala Katonda ow'ekisa ennyo atuwunda - Atuwunda.

1. Tutendereze ekitiibwa kya Katonda n'erinnya lye - n'erinnya lye
   Tutendereze ekitiibwa kya Katonda n'amaanyi ge - n'amaanyi ge
   Atuwunda n'obusaserdooti obw'Omwana we - obw'Omwana we
   Atulyowa n'obusaserdooti obw'Omwana we.

2. Laba abanafu b'atunuulira n'alonda - n'alonda
   Laba abatene b'atunuulira n'alonda - n'alonda
   B'aba alonze n'abawoomya abo n'akamala - n'akamala
   B'aba alonze n'abiita abo n'akamala.

   Wamma Omukama ddala atulyowa - Tumwebazenga
   Ddala atuwunda - Tumwebazenga
   Atuwunda n'obusaserdooti obw'Omwana we
   Atulyowa n'obusaserdooti obw'Omwana we.

367. AMAKUNGULA NGA MANGI!

(Fr. Expedito Magembe)

A -(i) Laba abantu balinga endiga ezitalina musumba

MUSABE KITANGE ASINDIKE ABASUMBA
ASINDIKE ABAKOZI BANGI ABANAAMALA.

(ii) Laba amakungula mangi bulala tewali bakunguzi
(iii)Laba abantu bankwasa ekisa balinga endiga ezitalina musumba.

B -a Amakungula mangi naye abakunguzi tewali
Tiwali tiwali tiwali bakunguzi, abakozi tiwali mu makungula.
b. Ennimiro nnene naye amakungula mazibu
Mazibu mazibu mazibu amakungula, abakozi tiwali mu makungula.
c. Endiga ddala nnyingi naye abasumba tibamala
Tibamala tibamala tibamala abasumba, abakozi tiwali mu makungula.
d. Omulimu munene abakozi tibamala
Tibamala tibamala tibamala abakunguzi, abakozi tiwali mu makungula.

C-Tumusabe omuzadde AWEEREZE ABAKOZI MU NNIMIRO
Mukama ..... ATUWE ABAKOZI ABANAAMALA

Tumusabe Kitaffe
Mukama ,, ,,

Tumusabe atuyambe
Mukama ,, ,,
Atuwe abakozi AWEEREZE ABAKOZI MU NNIMIRO
Mukama ..... ATUWE ABAKOZI ABANAAMALA

Asindike abakozi
Mukama ,, ,,

Tumusabe omuyinza
Mukama ,, ,,

Tumusabe atuwe ffe
Mukama ,, ,,

Tumusabe oyo
Mukama ,, ,,

Tumweyune oyo
Mukama ,, ,,

Oyo atuyamba
Mukama ,, ,,

Oyo atulunda
Mukama ,, ,,

368. EMIREMBE N'EMIREMBE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Emirembe n'emirembe ..... Emirembe**
Emirembe n'emirembe ..... Twalonda Ye
Emirembe n'emirembe ..... Emirembe
Emirembe n'emirembe ..... Tuli babe
Tuli babe Kristu, emirembe n'emirembe, tuli babe.

1. Twasenga Kristu ..... ne tuba babe,
Twasenga Kristu ..... n'atuganza oyo,
Twalina okwegomba okuva obuto tubeere ba Kristu
Emirembe, emirembe emirembe:
Twegomba era ne tumalirira tubeere mu weema y'Omukama
emirembe.

2. Omukama gwe mugabo ogwaffe ..... gwe tulina
Ekikompe kyaffe kijjudde ebyaffe .....biri mu Ye
Ye bwe busika, ...bwe tulina
Mu nsi muno .....ne gye bujja,
Ye bwe busika .....bwe tulonze
Ebyaffe .....biri mu Ye
Eminyololo gigudde ku ddyo, gigudde ku ddyo, gitugudde walungi,
gitugudde ku ddyo. x2

3. Tukwagala nnyo Mukama waffe, twalonda Ye,
Mukama waffe tumwagala nnyo.
Kiriba kibi nnyo, eriba ntaanya ne tumuvaako,
Mukama waffe tumwagala nnyo.
Ekirituggya ku Katonda oyo ne kitwawukanya,
Tusaana tukiboole mu bitonde bye.
Alituggya ku Katonda oyo n'atwawukanya,
Asaanira kuboolwa mu batonde be.

4. Twalonda Mukama ffe nno tuli bantu ba Mukama emirembe;
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
Twalayira lumu byaggwa ebyaffe, tuli bantu ba Mukama emirembe
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
Twetema kimu gy'Ali okunyweza bye tugambye emirembe
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
Twalayira lumu byaggwa ebyaffe, okuwondera Kristu Omutukuvu
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
Twalayira lumu byaggwa ebyaffe, okuwondera Kristu omuwulize,
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
Twalayira lumu byaggwa ebyaffe, okuwondera Kristu omwavu
Tuli bantu ba Mukama emirembe.
A.....MIINA A.....MIINA.

369. EMPEERA Y'ABAGOBERERA KRISTU *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Bw'omwewa Omukama, ne weemaliza Omukama**
Talikujuza Omukama oyo, talikujuza emirembe.

1. Abamugoberera ....Talibajuza emirembe
Talibajuza .....Yabasuubiza okubaweera mu nsi muno ne gye bujja.

2. Entalo zo alizirwana, obulamu bwo alibukuuma, Talikujuza emirembe,
Aliba wuwo Omukama, aliba wuwo, naawe olibeera eyo, eyo mu ggulu. x2

i Buli eyeevamu n'amugoberera alimuwa - empeera
ii Buli eyeeresa ebyensi eno alimuwa - empeera
iii Buli alireka n'abazadde alimuwa - empeera
iv Buli alireka n'emikwano alimuwa - empeera
v Buli alireka n'abaana alimuwa - empeera.

1. Olifuna kikumi ku nsi kuno ne gye bujja, oligabana,
Ku mpeera y'abalungi emirembe.
2. Olifuna kikumi ku nsi kuno ne gye bujja, oligabana,
Ku mpeera y'abanyiikira obutoosa.
3. Olifuna kikumi ku nsi kuno ne gye bujja, oligabana,
Ku mpeera y'abalwana abazira.

N'omusalaba olifuna - n'obonaabona
N'obonaabona ku lulwe - olwa Kristu
N'ebizibu olifuna - ogumanga
Ne weewaayo ku lulwe - eyakuganza
//Osaana onywerere ggwe - ku Katonda
Omusaalaba togutya - gwe gulokola.// x2

Omukama Yezu alikuwa, alikuwa empeera ng'omusenze.
Omukama Yezu alikuwa, alikuwa empeera ng'onywedde.
Omukama Yezu alikuwa, alikuwa empeera bw'omwewa.

Kwata ekkubo ery'akanyigo, kwata ekkubo era effunda
Nywera ssebo, ggwe toddirira.
Alikutwala obeere waggulu eri, waggulu awaladde ng'omuli ku gwa ddyo.
Ddunda alikuwa empeera, ... alikuwa,
Ddunda alikuwa empeera ..... alikuwa,
Alikuwa, empeera.

370. ENNIMIRO *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Ennimiro ..... Nga nnene bulala!
Ennimiro ..... Nnene nnyo bulala!
Ebikungulwa ..... Nga bingi bulala!
Amakungula ..... Nga mangi bulala! x2
Naye abakozi be b'omunyoto
Naye abakozi be batamala. x2

2. Kristu anoonya, abuuza, aluwa anaamuyamba
Mu nnimiro ..... Nze nnaatuma ani?
Abuuza ..... Nze nnaatuma ani?
Omukama abuuza ..... Anaatuma ani?

3. Kristu Ssabasomesa oli ..... Akuyita
Kristu Ssabasomesa omukulu .... Y'akuyita omuyambe mu nnimiro.
Ggwe bigere bye ..... By'atambuza
Ggwe ngalo ze ..... Z'akozesa
Ggwe maaso ge ..... G'alabisa, ggwe maaso ge

Ggwe ddoboozi lye ..... Eriwulikika
By'oyogera ..... Biba bibye
Ggwe ddoboozi lye eriwulikika era ly'akozesa.

4. Oli mubaka we, oli mutume we,
Oli mubiri gwe, gw'akozesa ..... Gobereranga enkola ye.
Oli mubaka we, oli mutume we,
Oli mubiri gwe, gwakozesa ..... Mufaanane mu mpisa zo.
Oli mubaka we, mubeere kimu, oli mubiri gwe gw'akozesa.

5. Kristu atajja kuweerezebwa Oyo atajja kuweerezebwa naawe y'akuyise.
Naye yajja kuweereza .... Oyo eyajja okuweereza naawe y'akuyise
Kristu omwetowaze ..... Kristu omwetowaze anti y'akuyise
Genda mu bwetowaze .... Genda mu bwetowaze Kristu gy'akutumye.
Kristu omuwulize ..... Kristu omuwulize anti y'akutumye.
Genda obe muwulize ..... Genda obe muwulize Kristu gy'akutumye.
Kristu omwavu oyo ..... Kristu omwavu oyo anti y'akutumye.
Naawe mufaanane ..... Naawe mufaanane anti y'akutumye.
Kristu Omutukuvu ..... Kristu Omutukuvu anti y'akuyise.
Kristu mufaanane ..... Genda obe mubaka we, Omutukuvu gy'akutumye.

6. Kristu lwe lugero (lwe lugero) - Kristu kw'olabira.
Anti yakutumye (y'akutumye) - omuyambe mu nnimiro.
Gobereranga Omusumba (Omusumba) - atalundira mpeera.
Awaayo n'obulamu (n'obulamu) - olw'okubeera obuliga.
Gobereranga Omusumba (Omusumba) - Kristu lwe Lugero
Tokoleranga mpeera (si mpeera) - teweekaanya mulimu.
Nga n'emu ogiwondera (ng'ogiwondera) ng'owaayo n'obulamu.

371. FFE ABAALEKA BYONNA *(Ponsiano Ssali)*

Ekidd.: **Ffe abaaleka byonna ne tukugoberera, Mukama tulifuna ki?**
Bass: **Emirundi kikumi**
Sopr: **Muliddizibwawo mu nsi muno, n'empeera mu ggulu ey'olubeerera. x2**
Bass: 1. **Mmwe abaleka abazadde ne mujja, ne mungoberera Nze mbasuubiza,**
Mmwe abaaleka abazadde ne mujja, alibaweera Taata mu ggulu.

2. Mmwe abaaleka amaka ago ne mujja .....
3. Mmwe abaaleka ebibanja ne mujja .....
4. Mmwe abaaleka ebitiibwa ne mujja .....
5 Mmwe abaaleka emikwano ne mujja .....
6. Mmwe abaaleka obugagga ne mujja .....

372. GENDA OLANGIRIRE EVANJILI

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Genda olangirire Evanjili,**
Genda omenyeemenye amawanga ogazze buto,
Nkutaddewo tobatya bonna,
Oli kigo ekinywevu,
Wera ojja kuwangula.

1. Nze Omukama nkutuma genda,
Nze eyakukola nkutuma genda

Oli Mulanzi ow'amawanga gonna,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto gansobedde,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto.

2. Nze Omukama nkutuma genda,
Ekigambo kyo kitala kiikyo
Oli Mulanzi ow'amawanga gonna,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto gansobedde,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto.

3. Nze Omukama nkutuma genda,
Ng'obabuulira yogeza maanyi,
Oli Mulanzi ow'amawanga gonna,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto gansobedde,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto.

4. Nze Omukama nkutuma genda,
Bakuvuvuba nkimanyi nywera
Oli Mulanzi ow'amawanga gonna,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto gansobedde,
Gaabuluze ogazimbe ogazze buto.

373. JANGU MUGOLE WA YEZU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Jangu, jangu, jangu mugole wa Yezu omwagalwa,**
Jangu, jangu, jangu otikkirwe engule yo.
Kwako engule yo, Mukama Katonda gye yategeka,
Ebe yiyo emirembe x2 n'emirembe.

1. Ddala ddala Mukama akwagala,
Ddala ddala Mukama akwagala nnyo ggwe omuzaana we;
Wulira agamba: "Nnakulondamu tonnazaalibwa,
Mu lubuto lwa nnyoko wo ng'omwoyo guli ku ggwe".
Jangu otikkirwe engule yo,
Jangu otikkirwe engule yo. x2

2. Ddala ddala Mukama akwagala,
Ddala ddala Mukama akwagala nnyo ggwe omuzaana we;
Wulira agamba: "Nnakulondamu sijja kwenenya,
Nze nnasalawo nkutume, osomese amawanga".
Jangu otikkirwe engule yo,
Jangu otikkirwe engule yo. x2

3. "Mpa omutima gwo, mpa omutima gwo gwonna,
Leeta by'olina, tunda by'olina byonna,
Naabikuwa emirundi kikumi,
N'obulamu obw'olubeerera,
Ndayidde onoobufuna".

4. "Nzuuno gw'oyise, nzuuno gw'oyise ntuuse,
Okuva kati Ddunda, Ggwe Katonda wange,
Ggwe muganzi wange, nzenna nkwewadde,
Nzenna nkwewadde nze ndi wuwo".

374. KATONDA Y'ALONDA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Mu busaserdooti - Katonda y'alonda**

Mu busaserdooti - Katonda y'atuyita
Mu busaserdooti - Katonda y'alonda
Ye gw'asiimye, ye gw'ayagala, gw'alonda.

1. Naye atubuuza obanga tukkiriza - ddala ddala era atubuuza tawaliriza n'omu
   Tawaliriza ..... Tawaliriza n'omu. // x2

   Ani gwe nnaatuma agende ng'alangirira
   Ani gwe nnaatuma akulembere abantu bange abo nze nnaatuma ani?

   Ekidd.: **//Nzuuno ntuuse Mukama wange nze, NTUMA**
   Nzuuno, ntuma nze, gw'olonze.// x2

   Nze nnaatuma ani, nze nnaatuma ani, nze nnaatuma ani, abeere omubaka wange?
   Nze nnaatuma ani, nze nnaatuma ani, mbuuza abange, nze nnaatuma ani?

   Ekidd.: **//Nzuuno ntuuse Mukama wange nze, NTUMA**
   Nzuuno, ntuma nze, gw'olonze.// x2

2. Buli eyeewaayo ye wange - gwe nnoonya
   Buli eyeevaamu gwe nsiima - gwe nnonda
   Okwagala okubeera owange - kwa bonna
   Kyokka abeevaamu ba munyoto - ba munguuba
   Abansenga be bangi - buli wantu
   Abannywererako ba lubatu - batono ddala.

   Ani gwe nnaatuma ani, agende ng'alangirira
   Ani gwe nnaatuma akulembere abantu bange abo nze nnaatuma ani?

   Ekidd.: **//Nzuuno ntuuse Mukama wange nze, NTUMA**
   Nzuuno, ntuma nze, gw'olonze.// x2

3. Laba mmalirira Mukama wange nneevuddemu, naawe ng'onnyambye nneewaddeyo.
   Nze mmalirira Mukama wange nkulagaanya, nzuuno nze nkwewa ndi wa lubeerera.
   Ebyo ebizibu Mukama wange ebirijja, sigenda kunyeenya nneewaddeyo.
   Nze mmalirira Mukama wange nneevuddemu, nzuuno mmaliridde nze ndi wuwo.
   Mu busaserdooti .....
4. Mwoyo ow'amaanyi nze gwe nkuwa, era n'omukono gwange nga gukugumya
   Genda okulembere abantu bange.

   Ekidd.: **//Nzuuno ntuuse Mukama wange nze, - NTUMA**
   Nzuuno, ntuma nze, gw'olonze.// x2

   Osiigiddwa ggwe n'oyawulwa, oli kabona wange ggwe nnonze.
   Genda olangirire Ekigambo kyange.
   Oli Musaserdooti olubeerera, sigenda kwejjusa era nkirayira
   Genda olambike abantu bange.
   Oli Musaserdooti wa mirembe - nga Melekisedeki ow'emirembe.
   Genda okuluusane muganzi wange.

5. Ebitambiro ebyokye tewabyagala - Laba nzuuno nze ka nkole by'osiima by'oteesa. x2

6. Laba mmalirira Mukama wange nneevuddemu, naawe ng'onnyambye nneewaddeyo.
   Nze mmalirira Mukama wange nkulagaanya, nzuuno nze nkwewa ndi wa lubeerera.
   Ebyo ebizibu Mukama wange ebirijja, sigenda kunyeenya nneewaddeyo.

Nze mmalirira Mukama wange nneevuddemu, nzuuno mmaliridde nze ndi wuwo.

Mu busaserdooti .....

N.B.: *Mu kifo kya* **"Mu Busaserdooti"** *oyinza okweyambisa* **"Mu Bunnaddiini"**

Bw'omala No. 4, obunyiriri obubiri obusooka, weeyambise bino wammanga:

Oli Mutume wange gwe nnonze, sigenda kwejjusa era nkirayira
Genda osaasaanye Ekigambo kyange.

Laba ebikungulwa bya kitalo, kyokka abakungula leero ndibaggya wa?
Ggwe genda okuluusane, muganzi wange.

Nnyini bikungulwa wa kusaba, aleete abakungula leero abanaamala
Genda olangirire Ekigambo kyange.

375. MUNAAYITIBWANGA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Munaayitibwanga Basaserdooti luse lulondobe,**
Eggwanga lya Katonda, abantu ba Katonda n'obwebange
Ab'obwebange, ab'obwebange, ab'obwebange
Bantu ba Katonda ab'obwebange.
Mwagattibwa ne Kristu Omusaserdooti,
Ne musiigibwa ne Chrisma n'abajjula,
Mwoyo wa Katonda n'abatukuza,
Muli basaserdooti, ggwanga nnamukisa, ery'abalondemu.

1. Katonda yagamba nti; Ggwe oli mwana wange,
Kristu olwaleero nkuzadde, ndibeera Kitaawo n'oba mwana wange,
Oli Kabona ow'olubeerera".
Ennyumba ye be baffe, tuli baana, kasita tusigala nga tunywedde mu ssuubi lino erisanyusa.

2. Omulimo gw'omusaserdooti kwe kuweereza ebirabo n'Ebitambiro ewa Katonda
Ebitambiro ebyokye tebyakusanyusa Ggwe Kitange.
Nzuuno nzize, nzuuno nzize okukola ky'oyagala
Nzuuno nzize, nze Kristu Omwana wo
Ennyumba ye be ba ffe tuli baana
Kasita tusigala nga tunywedde, mu ssuubi lino erisanyusa.

3. Kati Kabona ow'okuleeta ebiggya yatuuka dda,
Yayingira lumu mu Kitukuvu, ku lwa bonna
Omusaayi gwe yatambira, gwe gugwe ddala,
Omusaayi gwe Kristu gwe yatambira,
N'atufunira ennunuza ey'olubeerera,
Ebitundu bye be ba ffe, tuli baana,
Kasita tusigala nga tunywedde, mu ssuubi lino erisanyusa.

376. MPA OKULWANIRIRA KY'ONKUUMIDDE *(Fr. Expedito Magembe)*

A

Ekidd.: **Mpa okulwanirira ky'onkuumidde okuva obuto bwange,**
Nyweza ky'onkuumidde okuva obuto bwange.

1. Wanjagala Mukama wange nga nkyali mu lubuto lwa maama,
N'onnonda nze n'onjawula, mbeere wuwo nzenna.

2. Wankuuma Mukama wange ng'oli bw'akuuma eriiso lye,
   N'onkuuma obuto bwange n'obulamu bwange.
3. Wampa mu mutima gwange omuliro ogwaka ekitalo,
   Okwagala okwo kumpujja, nsaba okukuumenga.

4. Okuva obuto Mukama wange nnakwagala obutamala,
   Njagala nkwekuumire Mukama wange emirembe n'emirembe.

5. Nkuume ettawaaza y'obutuukirivu Mukama wange ng'eyaka,
   Mu butukuvu n'obuwulize nga ndi wuwo.

OKUKWEMALIZA KYE KIRABO KYANGE

B.

Ekidd.: Okukwemaliza kye kirabo kyange kye nkuwadde
Okukwemaliza kye kirabo kyange mu maaso go
Okukwemaliza kye kirabo kyange ekisinga
Ggwe Katonda wange, muganzi wange nkulagaanya
Obutukuvu, obubeererevu bwe nkuwadde
Emibiri gyaffe obulamu bwaffe ebyo birabo byo.
Ebirabo ebirala Katonda waffe bya munguuba.

TUYAMBE FFENNA MIKWANO GYO

C

Ekidd.: Tuyambe ffenna mikwano gyo baganzi bo otuyambanga.

1. Tuyambe ffenna mikwano gyo baganzi bo otukuumanga.
2. Ku nsi bye tulina twabireka, essanyu lyaffe ye Ggwe Mukama.
3. Ku nsi kuno twafuuka bafu, olw'okubeera obwakabaka bwo.
4. Mu Ggwe byonna tubisobola titulemwa ng'otukwatirako.
5. Obwomuntu obwesiga kitono, amaanyi gaffe ye Ggwe Mukama.
6. Obwomuntu obwesiga kitono, Mukama waffe otuyambanga.

MUKAMA WAFFE FFE B'OLONZE

D

Mukama waffe ffe b'olonze - Ab'okukolanga mu nnimiro
Tuwe okukolanga mu nnimiro - N'omutima omwetowaze
Tuwe okukola nga sitweganya - Tukuleetere amakungula
Tubeere abakozi abakusanyusa - Mukama waffe ab'emyoyo
Tubalirwe mu abo abeetegese - Abakulindirira lw'olijja
Ettawaaza zaffe zaake nnyo - N'omuzigo ogugenderako
Mukama waffe nno lw'olijja - Ne batugamba nti otuuse kiro
Leero nno ffe abeetegese - Mukama waffe olitusanga eri
Tubeere mu abo abalisooka - Abaligenda okwaniriza
Ng'otuuse bw'oti amazima - Mukama waffe tulisanyuka nnyo.

MU BWAKABAKA TULISANYUKA NNYO

E

Emirembe n'emirembe nga tuyimba - Amiina
Tulisanyuka nnyo ,,
Nga tuwangudde ,,
Tuliyimba nnyo ,,
Nga tuwangudde ,,
Tulibeera eri ,,
Nga tuwangudde ,,
Tulisanyuka nnyo ,,
Tulitenngeenya ,,

377. NDITENDEREZA OMUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Nditendereza Omukama oyo by'atukoledde n'omukwano gwe nze ndiguyimba emirembe, emirembe, emirembe; ndirangirira wonna ndigutenda omukwano gw'Omukama gwa mirembe tigukyuka.

Ndirangirira obulamu bwonna - by'atukoledde
Katonda waffe - by'atukoledde.

Yatuwa okwagala okw'omutima gwonna - yatuganza nnyo
Katonda owaffe - yatuganza nnyo
Yamanya obutene bw'emitima gyaffe - n'atuddiramu
Katonda owaffe - musaasizi.

Ka ntende mbabuulire **by'atukoledde** ffe abaana be mikwano gye **by'atukoledde.**
Yatuyitayo ewaffe **n'atuleeta**, tubeere babe baganzi be **mikwano gye**
Tiyeenenya yatuyita **yatulondamu** tuli babe talyejjusa **yakimala**
N'atuteeka w'ali **mu weema ye** n'atujjuza buli kalungi **atwagala**.

Entalo zaffe azirwanye nnyo, obulamu bwaffe abukuumye nnyo.
Emyaka leero giyise nnyo, nga Katonda waffe atuwanirira,
Ffenna tugambe nti atwagala, oyo Katonda waffe Nnantalemwa.
Ffenna tuyimbe ettendo lye oyo Katonda waffe atuwanguza.

Tulezeeko - Tulezeeko essanyu ly'Omukama bwe libeera
Tulezeeko - Tulezeeko omukwano gw'Omukama guwooma nnyo
Twerabiddeko - Twerabiddeko, Katonda omulungi bw'alokola
Tuyize nnyo - Tuyize nnyo ebyama by'Omukama eby'Omutima gwe
Katonda oli - Katonda oli asula mu ffe tuli naye.

A Tuwera kimu ffe okwagala n'obuzira Mukama waffe oyo gwe tumanyi.
Tuwera kimu ffe okuwondera n'obuzira Kristu eyatuganza tubeere babe.
Tuwera kimu ffe kumalirira titukyaddirira, emirembe n'emirembe tuli babe - Mikwano gye.

378. NJAGALA NZE *(Fr. James Kabuye)*

Sop: Njagala nze, njagala kimu nze, okubeera mu Nnyumba y'Omukama emirembe, emirembe, emirembe, mpulire obuwoomi bw'Omukama:

Nneerolere nneerolere Ekiggwa kye

Bass: Mu Weema ye Entukuvu
Sop: Nneerolere, nneerolere Ekiggwa kye
Bass: Mu Weema ye
Sop: Mu Weema ye Entukuvu, nkutambirire ebitambiro eby'okujaguza, n'entongooli zikuvugire Mukama wange
Bass: Nja kuyimba
Sop: Nja kuyimba obutamala
Bass: Nja kuyimba
Sop: Nja kuyimba
Sop.& Bass: Nja kuyimba, nja kuyimba, Ggwe Mukama wange
Sop: Omutima gwange *Bass:* Gukugamba
Sop: Amaaso gange *Bass:* Gakunoonya
Sop.& Bass: Ayi Mukama nnoonya amaaso go, tonkweka maaso go
Nze omuddu wo, tongobaganya, tonjabulira
Sop: Ababi bwe bannumba abalabe bange ababi bwe bannumba okunzita
Bass: Bawanattuka ne bagwa, bawanattuka ne bagwa
Sop: Eggye bwe linnumba okunzita, eggye bwe linnumba okunzita

Bass: Bawanattuka ne bagwa, bawanattuka ne bagwa.

Ggwe bulokofu bwange, ayi Mukama. Ggwe kigo ekinywevu eky'obulamu bwange -Nnaatya ki? Nnaatya ki? Ani nze gwe nnaatya?

Ne bwe njabulirwa Taata ne Maama, kasita Omukama antutte, tanjabulira, ampanguza.

Tonjabulira ayi Mukama, tonsuula ayi Mukama, nnindirira Omukama alijja,
Nzikiriza ate nga ndiraba ebirungi by'Omukama mu nsi y'abalamu.

379. NKUYITA MWANA WANGE

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Nkuyita Mwana (muwala) wange weeveemu ojje onsenge**
Nze Mukama Katonda wo akuyita nkulonzeemu
Tunda byonna, leeta byonna, vva mu byonna,
Osange byonna onoobula ki? Nze nsibuko ya byonna
//Mpa omutima gwo mwana (muwala) wange nkwegombye
Mpa obulamu bwo mwana (muwala) wange olibusanga.// x2

1. Nkusuubiza mukwano ogw'olubeerera,
   Nkusuubiza buyambi obw'enjawulo,
   Nkusuubiza bizibu gwe Musaalaba,
   Gwe nneetikka ku lwange, beera muzira
   Ndi naawe, Nze ndi naawe nkuwanirira.

2. Nkusuubiza bugagga obw'olubeerera,
   Nkusuubiza obuganzi ew'Omukama,
   Nkusuubiza mirembe nga nkuwa essanyu
   Beera muzira ndi naawe,
   Nze ndi naawe nkuwanirira.

3. Nkusuubiza bulamu obw'olubeerera,
   Nkusuubiza omugabo ogw'enjawulo
   Nkusuubiza Mwoyo Mutukuvu ow'amaanyi akuyambe
   Beera muzira ndi naawe,
   Nze ndi naawe nkuwanirira.

4. Nkusuubiza bulamu obw'olubeerera,
   Nkusuubiza olituuka ew'Omukama,
   Nkusuubiza entebe yo ng'omaze ennaku ewa Taata mu kitiibwa.
   Beera muzira ndi naawe,
   Nze ndi naawe nkuwanirira.

380. NZE NNAKUMANYA DDA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nze nnakumanya dda, nze ne nkuganza nze ne nkulonda,**
Aaaaaa nze ne nkutukuza;
Nga tonnabaawo nze ne nkuganza nze ne nkulonda,
Aaaaaa obeere mutume.
Obeere mutume, obe mulanzi, obeere mutume obe mulanzi,
Obeere mutume obe mulanzi, obeere mutume obe mulanzi
ddala. Oba **(Obeere musaserdooti ddala)**

1. Genda eri gye nkutuma - Genda nze nkutumye:
   Nange nnaakuyamba buli wantu.

2. Genda olangirire bye nkutuma - Genda nze nkutumye
   Nange nnaakuyamba buli wantu.

3. Nga ndi musiru nze nga ndi muto!
   Nga ndi munaku nze nga ndi munafu.

   Kati nkutadde ebigambo byange mu kamwa ko genda nnaakuyambanga;
   Kati nkutadde ebigambo byange mu kamwa ko genda nnaakuyamba.

381. NZUUNO MUKAMA WANGE NTUUSE *(Leonard Kizza)*

Ekidd.: **Nzuuno Mukama wange ntuuse x2**
Nzuuno Mukama wange ntuuse gw'olonze
Onfudde mwana gw'obiita, nzuuno nzize, nzuuno nzize.
Okukola ky'oyagala, nzuuno nzize.
BASS: **Nzuuno Mukama wange gw'olonze**
Nzuuno nzize, nzuuno nzize, ky'oyagala nzuuno nzize.

1. Katonda Taata nneeyanze, wamma kituufu onjagala nnyo
   Katonda w'ensi ow'obuyinza, nzenna nkusenze ndi mwana wo.

2. Bubaka Taata bw'ogambye, wamma bulungi mbwagala nnyo,
   Yonna gy'abeera naabutuusa, ensi ekusinze Nnamugereka.

3. Katonda wampa by'oyagala, n'Eddiini entuufu ne ngikwata,
   Nkusuubiza nnyo sigisuule, mponya sitaani annimbalimba.

4. Ffenna tuyambe n'amaanyi, tube eggwanga ery'awamu,
   Tube kibiina ky'onunudde, tutwale gy'Oli, tuli baana bo.

382. NZUUNO NTUMA *(Fr. James Kabuye)*

1. Yanguwa jangu x3 Mukama Katonda nze nkuyita jangu.

   Ekidd. **Nzuuno ntuma x3 ntuuse nzuuno ntuma**.

2. Ssembera jangu x3 Mukama Katonda nze nkuyita jangu.

3. Weebaze leero x3 Mukama Katonda nze nkuyita leero.
4. a) Ojja kuva mu bantu bo, ojja kuva mu bantu bo beera muzira.

   Ekidd.: **Nneevuddemu, nneevuddemu okukola ky'oyagala**
   Mukama Katonda,
   Ne bw'onoosaba obulamu nze nnaabuwaayo olw'okuba
   Ggwe.

   b) Ojja kuba n'Evanjili, ojja kuba n'Evanjili yiino gye nkuwa.
   c) Empisa zo n'Evanjili, empisa zo n'Evanjili bikuwanguza.
   d) Obuzira n'obwenkanya, obuzira n'obwenkanya byo tobireka.
   e) Ng'osomesa b'onoolaba, ng'osomesa b'onoolaba nyweza amazima.
   f) Ebizibu by'onoolaba, ebizibu tobyewala beera muzira.
   g) Addirira tansaanira, omunafu tansaanira beera muzira.

383. OLI MUSASERDOOTI *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: Bass: **Oli Musaserdooti emirembe gyonna.**
Sop: **Mu lubu olwa Melekisedeki emirembe. x2**
Bass: **Oli Musaserdooti .....** *(chor)* **Mirembe gyonna. x3**
Tutti: **Musaserdooti emirembe gyonna**
Mu lubu olwa Melekisedeki
Mirembe gyonna, emirembe gyonna.
Sop: **Mu lubu olwa Melekisedeki**
Tutti: **Mirembe gyonna, emirembe gyonna.**
Sop: **Ndayidde sigenda kwejjusa....** *Bass:* **Oli Musaserdooti x4**
Sop: **Oli Kabona aweereza Katonda,**
Ebitambiro n'ebitone ebimusanyusa.
Bass: **Kabona waffe.....** *Sop:* **Oli Kabona**
Ddala oli Kabona.
Sop: **Ggwe agatta Katonda n'abantu,**
Tutti: **Oli Kabona, oli Kabona**
Sop: **Ggwe Kristu alabika**
Tutti: **Oli Kabona, oli Kabona.**

1. Sikyabayita baddu wabula mikwano gyange enfiirabulago
Byonna bye nnaggya ewa Kitange nange nnabibamanyisa,
Musigalenga mu mukwano gwange, muli bange ba ndagaano ey'olubeerera,
Endagaano yange ey'olubeerera, tegenda kudiba ya mirembe gyonna.

2. Nnabalondamu muli bange, muli bange ba ndagaano
Mbasiize n'omuzigo ogw'essanyu muli basiige bange be nnonzeemu
Mwoyo Mutukuvu ababeeremu n'obuyinza bwe
Mulangirire Evanjili mu bitonde byonna,
Munaababuulira okukwata bye nngamba.
Mubatukuzanga masakramentu gonna nga mugabawa
Mubaweerezenga timwebalira mukolenga kye njagala
Mweveemu mbayise, mweveemu mbayise mweveemu mbayise leero x2
mwenna.

3. Sirikuleka mukwano gwange bw'olikwata bye nngamba, ssirikuleka
Siridibaga ndagaano yange, sirimenyawo nze bye nnayogera
Nnalayira lumu sikwenyakwenya sirikuleka.
Sirikuggyako mukwano gwange nnalayira.
Bw'olikwata bye nngamba omukwano gwange gulikubeerako.

384. TULI LUSE LULONDOBE BASASERDOOTI BA NNGOMA

(Fr. Expedito Magembe)

Tuli luse lulondobe basaserdooti ba nngoma
Tuli luse lulondobe basaserdooti ba nngoma
Tuli luse lulondobe ggwanga lya Katonda
Bantu ba Katonda ab'obwebange.

Ffe ggwanga lya Katonda ..... Ffe ggwanga lya Katonda eddonde.
Tuli bantu ba Katonda .....Abantu ba Katonda ab'obwebange.
Ffe ggwanga lya Katonda .....Ffe ggwanga lya Katonda eddonde.
Tuli luse lulondobe eggwanga lye ddala.

Tuli baana be Omukama ffe ggwanga lye, basaserdooti abaana b'enngoma
Yatulondamu Omukama ye n'atweyitira tubeere baana be ddala basaserdooti.

Tuli basaserdooti ffe okuweereza - Tuli basaserdooti ffe okuweereza;
Ebitambiro ebisanyusa Katonda - N'okulangirira oyo Nnamugereka.

Tuli ggwanga lya Katonda - Tuli basaserdooti okuweereza;
Okulangirira wonna obutuukirivu bwe - N'okulangirira oyo Nnamugereka.

Tuli Basaserdooti, tuli Basaserdooti ..... Tuli Basaserdooti okuweereza abaweere

Tutti: N'okulangirira oyo Nnamugereka
N'okulangirira oyo Nnamugereka
N'okulangirira oyo Nnamugereka. x2

385. TUMAZE EBBANGA *(Fr. Expedito Magembe)*

Tumaze emyaka, (ebbanga) Tumaze
Nga tuli wamu naawe Naawe Katonda

Tumaze emyaka (ebbanga), abiri mu etaano (tumaze)
Nga tuli wamu naawe mu nnyumba yo, mu weema yo mwe watussa ffe.

1. Ggwe atukuumye n'otunyweza mu bunnaddiini: Tukwebaza nnyo
Ggwe atuyambye n'otunyweza buli kaseera Tukwekola nnyo
Ffe okunywera mu busenze eyo nneema Gye twekola
Nneema Gye twekola
Nneema Gye twekola ffe
Ggwe watuyita Tujje
Ggwe watuyita Tujje gy'oli
Ggwe watuyita Tujje tukugoberere
Mu bwavu, mu butukuvu ne mu buwulize.

2. Watugamba okuleka byonna Twabireka
N'otugamba okwevaamu Ne twevaamu
Watugamba tubagalire emisaalaba Buli kakedde
N'otugamba okwevaamu Ne twevaamu.

Twaleka byonna Twalonda Ggwe Katonda
Twaleka byonna Ne tukusenga
Twaleka byonna N'otusiima Ggwe Katonda
Twaleka byonna N'otulonda
N'otusiima, n'otulonda, n'otuyita mu busenze bwo, tubeere babo emirembe. x2

3. Tuli bagole gy'oli Baganzi
Mikwano gyo Mukama Katonda
Watulondamu Mukama Ng'osiima
Tiweenenya walayira Wakimala
Waggya mu kisa kyo Ggwe Ng'osiima
N'otusembeza w'oli Tube babo.

Ffe bimuli bya Roza by'olina, tukuume tunyweze mu mukwano gwo Mukama.
Ffe bimuli bya Roza by'olina, tuyambe endagaano tuginyweze Mukama.
Ffe bimuli bya Roza by'olina
Ffe ttawaaza z'okoleeza okwakira abantu
Bakulabe, bakumanye, bakwagale, babeere babo.

386. SINGA OMUKAMA TIYALI NAFFE

(Fr. Expedito Magembe)

Singa Omukama teyali naffe twandibuze,
Twandibuze, twandibuze ffenna ne tuggwaawo:
Singa Omukama teyali naffe banditumize,

Banditumize ffenna ne tuggwaawo.

1. Yatuwonya enzikiza ekutte, yonna eyo ne tugivaamu
   Yatuwonya ebingi ebizibu, byonna ebyo ne tubivaamu
   Yatuwonya ebingi ebigezo, byonna ebyo ne tubivaamu
   Lwe baali bwaswakidde, bonna abo Omukama n'awugula.

Singa Omukama teyali naffe .....

2. Nzijukira emyaka emizibu, nzijukira ebiseera ebizibu
   Nzijukira amaanyi amatono, nzijukira obulamu obuzito
   Nzijukira ebingi ebirema, nzijukira olutalo oluzibu. x2

Singa Omukama teyali naffe .....

3. Tiyampaayo .... Lwe baali bannoonya
   Tiyanvaamu ..... Lwe gwali gunsinze
   Tiyansuula ..... Lwe baali bandeese
   Tiyegaana ..... Ffe abamukoowoola. x2

Ndimuwa ki nze eyanjagala era n'ambiita, ndimuwa ki okumwebaza oli?
Ndimuwa ki nze eyanzibira era n'ankuuma, ndimuwa ki okumwebaza oli?
Ndimuwa ki nze eyannwanirira .... Ddunda, ndimuwa ki okumwebaza oli?

KYE NVA NTENDA: KATONDA OLI EYANNGANZA
ASAANA KUTENDWA KATONDA OLI NNANTALEMWA. x2

1. Amaanyi ampadde nnwanye nnyo nze mmwebaza Asaana kutendwa
   Katonda oli Nnantalemwa
   Eyansenza oyo n'andeeta nze mmwebaza. ,,
   Eyannonda oyo ne mba wuwe nze mmwebaza ,,
   Ankuunye bw'ati ndimwebaza ntya Katonda wange? ,,

KYE NVA NTENDA: KATONDA OLI EYANNGANZA
ASAANA KUTENDWA KATONDA OLI NNANTALEMWA. x2

2. Obweyamo bwange kwe kulonda oyo nno oyo annonze
   Obweyamo bwange kwe kubeera n'oyo oyo anneewadde
   Obweyamo bwange kwe kunywerera ku oyo oyo annywezezza.

KYE NVA NTENDA: KATONDA OLI EYANNGANZA
ASAANA KUTENDWA KATONDA OLI NNANTALEMWA. x2

Kiriba kiki leero nno ekirinzigya ku Ggwe: Ddunda? - Njagala nnyamba?
Ne bw'aliba walumbe ndyewaayo ne nkufiirira
Ne bwe buliba bugagga ndibuwaayo mbeere wuwo
Ne bwe giriba mikwano ndyevaamu mbeere wuwo
MMALIRIRA MUKAMA NDI WUWO: EMIREMBE, EMIREMBE NZE NDI WUWO.

EZA BATISMU

387. ABABATIZE *(Ben Jjuuko)*

Ekidd.: **Ababatize mujje tujaguze**
Ababatize mujje tuyimbe
Twazaalwa mu Batismu
Ne tuyingira mu kika,
Twazaalwa mu Batismu
Ne tufuuka baana ba Katonda.

1. Twesiimye ffe abaana ba boowo,
Olwa Batismu oyo atutukuzza,
Olwa Batismu oyo ne tuzaalibwa,
Tuli ba kika mu Katonda Omu.

2. Ku lwa Batismu ffe atugamba
Mmwe baana bange abeebonanye
Mmwe baana bange mbatukuzza
Mubeere bange emirembe.

5. Tumaze Kitaffe okutukuzibwa
Mu Eklezia ono ow'oku nsi
Tulina okwaza obwakabaka bwo
Tuwera okutuusa by'oyigiriza.

388. GGWE MWANA WANGE *(Fr. James Kabuye)*

1. Ggwe mwana wange, olwaleero nkutukuzza,
Ggwe mwana wange, olwaleero gwe nfunye x2
Nkutukuzza, obeere mwana ansanyusa, obeere mwana emirembe, x2
Anti nkulonze, olwaleero, mu Batismu gy'ofunye.

Ekidd.: **Ssirina bigambo, ssirina kirala,**
Okuggyako Taata okukwebaza,
Ssirina mulala, ssirina kirala,
Wabula okubeera omwana akusanyusa,
Taata (Taata) nga nsiimye nnyo Taata, nneeyanzizza. x2

2. Ggwe mwana wange, nze gwe nnonze nkubatizza,
Ggwe mwana wange, nze gwe nzadde gwe mmanyi x2
Oli muggya, kati oli mwana ansanyusa, kati oli mu nze, nze Katonda x2
Anti nkulonze ku lwaleero, lwa kukwagala kwe nnina.

3. Ggwe mwana wange, nze gwe nnonze nkusiseeyo,
Ggwe mwana wange, nkukyusizza nkwagala x2
Nkutukuzza, obeere wange emirembe, obeere mwana ampulira x2
Kwata bulungi, ebiragiro, ongoberere gye ndaga.

389. KRISTU ABAAMUKKIRIZA

(Fr. Expedito Magembe)

1. Kristu abaamukkiriza amazima, yabawa obuyinza, okufuuka abaana ba Katonda,
   Bonna abaamwaniriza mazima, yabawa obuyinza, okufuuka abaana ba Katonda.
   Abo abaakkiriza mu linnya lye, yabawa okuzaalibwa mu Katonda.

2. Era bwe kiri - Buli abatizibwa akkiriza Kristu.
   Era bwe kiri - Buli abatizibwa aba mujulirwa we.
   Era bwe kiri - Buli abatizibwa ayaniriza Kristu.
   Era bwe kiri - Buli abatizibwa aba mujulirwa we.

3. Afuuka mwana owa Kitaffe, muganda wa Yezu olwa Batismu
   Afuuka musika owa Kitaffe, muganda wa Yezu olwa Batismu
   Afuuka musiige ew'Omukama, muganda wa Yezu olwa Batismu
   Afuuka mwana ow'enngoma muganda wa Yezu olwa Batismu.

4. Batismu lituyunga, Batismu litugatta x2
   Litugatta kinnoomu ne tuba wamu,
   Lituyunga ku Kristu ne tuba omu,
   Ne tuba kimu, ne tuba omu.

5. Batismu, Batismu, Batismu lituyunga ku Katonda
   Batismu, Batismu, Batismu lituyunga mu kibiina
   Mu Batismu, mu Batismu mu Batismu tuzaalibwa mu mwoyo Katonda

6. Tuli baana ba Katonda, - Tuli baana ba Katonda mu Batismu
   Twakkiriza Kristu Katonda.
   Tuli baana ba Katonda, - Tuli baana ba Katonda mu Batismu
   Twayambala Kristu Katonda.
   Tuli baana ba Katonda, - Tuli baana ba Katonda mu Batismu
   Twayaniriza Kristu Katonda.
   Tuli baana ba Katonda, - Tuli baana ba Katonda mu Batismu
   Twafuuka baana ba Katonda
   Tuli baana ba Katonda, - Tuli baana ba Katonda mu Batismu
   Tufaanana Kristu Katonda.
   Batismu lituyunga .....

390. KUUMA EBISUUBIZO *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Kuuma ebisuubizo bye wasuubiza**
Nga obatizibwa Kristu n'omusenga
Wamalirira toddirira.

1. Nnyaffe Eklezia akusaba, nywera okule mu kukkiriza.
   Katonda ani oyo gw'onoonya?
   Gwe bataakuwa ku luli nga obatizibwa?

2. Kristu yatugamba twerinde abalanzi ab'obulimba bali ababuzaabuza;
   Bakuwa eddiini ennyangu, werinde mwattu ozaawa
   Bakuwa Kristu omwangu, werinde mwattu ozaawa
   Bakuwa obugagga obwangu, werinde mwattu ozaawa.

3. Eddiini si byewuunyo, ne sitaani naye abikola nnyo
   Eddiini si kwesanyusa, ne sitaani naye asanyusa nnyo.

4. Empeera y'abalungi ekusuba, obanga tofubye tonywedde
   Empeera y'abalwana ekusuba, obanga togumye tonywedde
   Empeera y'abalungi ekusuba, okusamira kuleke ozaawa
   Empeera y'abalwana ekusuba, eddiini ziizo zibuna.

391. MU BATISMU *(Fr. Expedito Magembe)*

MU BATISMU:- Mwafuuka baana aba Kitange, Katonda wammwe, muli balonde bannamukisa.
MU BATISMU:- Mwafuuka bange, mikwano gyange, baganda bange, bitundu bya mubiri gwange munywerere ku nze, mube balamu.

1. Temusobola kantu ku bwammwe we ssiri, temusobola nga sibayambye
Musigale mu nze, musigale mu nze, musigale mu nze, nange mu mummwe, mube balamu.
Nze muzabbibu, nze muzabbibu, mmwe matabi, mmwe matabi
Munywerere ku nze, munywerere ku nze, mube balamu
Munywerere ku nze, munywerere ku nze, munywerere ku nze.

2. Oyo anvaako afuuka mukalu be nngwa, yenna n'akala n'aggwaawo
Aba ng'ettabi lye batemye, lye batemye ku muti bwe likala ne liggwaawo
Alikwata ebigambo byange n'abinyweza, aliba mu nze, ne mmubaamu.
Ne mmubaamu, ne mmubaamu, ne mmubaamu, ne mmubaamu
Ne mmubaamu, ne mmubaamu, ne mmubaamu, ne mmubaamu
Ne mmubaamu, ne mmubaamu, ne mmubaamu.

3. Nze muzabbibu mumanye muli matabi mmwe, muli matabi mmwe,
Munywerere ku nze mufune obulamu, munywerere ku nze, mube balamu,
munywerere ku nze mube balamu.

392. MUJJE TUKUZE BATISMU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mujje, mujje, mujje abaana battu tukuze Batismu ffe abalondemu ffenna Eklezia atudde mujje, mujje tumutende Ddunda:**
Mujje, mujje twatule abaana ba Katonda wano mu luggya lwe
Wano we muzze we wa Taata, mukimanyenga (mukimanyenga)
Wano we muzze we wa Nnyammwe Eklezia Katolika,
Temudda mabega, mufubenga mube batuufu,
Temudda mabega mufubenga mutambule naffe abasoma
Taata, Taata, Mwana, Mwana, Mwoyo Mutuukirivu weebale,
Atuzadde, atugasse mu kibiina ekinunuddwa.

1. Tukwanjulira Ddunda abaana bo bano be tuleese,
Wabalondamu Ddunda babeere babo;
Tubamanyisizza naffe amakubo go.
Ekigambo kyo Taata bakikkiriza.
Banyweze mu mukwano gwo Ddunda ne mu kukkiriza.
Babeere abajulirwa bo mu nsi muno emirembe.

2. Tukwanjulira Ddunda abazadde b'abaana be tuleese,
Kye bakusaba Ddunda kwe kukkiriza,
Tubakubirizza Ddunda bakusimbeko,
Okubakuza abaana bakikkirizza;
Banyweze mu mukwano gwo Ddunda ne mu kukkiriza
Babeere bajulirwa bo eri bano abasooka.

3. Tukwanjulira Ddunda eggwanga lyo lino egganzi,
Wabalondamu Ddunda babeere kimu.
Bamulamusizza Kristu ono Omwana wo.
Ekigambo kyo Taata bakikkirizza.
Banyweze mu mukwano gwo Ddunda ne mu kukkiriza

Babeere bajulirwa bo mu nsi muno, emirembe.

393. NDI MUSOMI *(W.F)*

Ekidd.: **Ndi musomi ndi mukristu**
Mu Eklezia Katolika;
Ne njatula nga sirimba,
Nga nze ndi mukristu ddala.

1. Edda nnali mu busiru
Sitaani ng'ampita muddu
Ne nsaasirwa Nnyini-ggulu
Ne nnaazibwa mu Batismu.

2. Erinnya eryo ery'Abakristu
Lye likira erya kabaka
Yezu Kristu yalintuuma
Erinnya eryo lya kitiibwa.

3. Ndi musomi, ku kifuba
Kubeerako Omusaalaba,
Gwe nkwata nga nzijukira
Yezu wange eyanfiirira.

4. Ndi musomi kwe kwambala
Omudaali gwa Maria,
Nfuna amaanyi nga ndowooza
Nti nnina Mmange ambeera.

9. Ndi musomi nze ssemotya
Yezu Kristu yandokola;
Bwe yafa ku Musaalaba
Nampa mmange ye Maria.

394. NAABAYIWAKO AMAZZI

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Ekidd.: **Naabayiwako amazzi amatukuvu**
Gabamaleko kazambi yenna mutukule
Ebyo Omukama y'abitugamba.

1. Ayi Mukama, Mukama waffe, mu nsi yonna yonna
Lyewuunyizibwa erinnya lyo ekkulu eryo;
Ggwe eyasukkulumya bw'otyo ekitiibwa kyo n'okikiza n'eggulu.

2. Ayi Mukama, Mukama waffe, abawere n'abayonka leero
Bagenda okuziyiza omulabe omuzigu
Mu kamwa kaabwe mwe wategeka ettendo ly'obalumbisa.

3. Omwezi n'emmunyeenye Ggwe bye wawangawo
Bwe ndaba eggulu bwe liradde
Ndaba omulimo ogukoleddwa n'engalo zo ezo
Naye omuntu y'ani naawe gw'ojjukira n'omussaako omwoyo?

4. Ettendo n'ekitiibwa wamutikkira, byonna y'abitwala
Wamuwa okulamula, emikono gyo bye gikola.
Wasukkulumya bw'otyo obuyinza bwe n'omufuza n'ensolo.

5. Beera n'ekitiibwa Patri Katonda, ne Mwana kibe kikye

Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu.
Nga bwe kyaliwo olubereberye na kaakano na bulijjo
Emirembe n'emirembe Amiina.

395. NNALONDWA TAATA *(Alphonse Ssebunnya)*

Bass: Nnalondwa Taata n'ambeera n'anzisa mu babe abeebonanye
Sop: Abeebonanye mu luse lwe,
Abakkiriza nga babatizibwa,
Nga babatizibwa, nga babatizibwa.

Ne bansiiga omuzigo mu Kigambo ky'Omukama
Ne nzibuka aa ne nnunulwa.

Nnaatya ki, nnaatya ki, nnaatya ki nkakasa
Lwe nnabatizibwa Kristu gwe nneekola,
Nnabatizibwa mu kufa kwe, nnamwambala
Ye bwe bulamu Ye bwe bulamu naatya ki?

	Soprano:	*Bass:*
1.	Mu Ye ku bbatirizo	Twabbulwa, twabbulwa
	Ekiremba ekyeru ekyankwasibwa	,,
	Nkituuse ew'Oyo azaala Mwana	,,
	Mwoyo Mutuukirivu Omukubagiza	,,
	Nnyamba ettaala gye nnakwasibwa	,,
	Ereme okuzikira ngituuse ng'eyaka	,,
	Batismu ebe nnywevu.	,,

2. Endagaano za Batismu ze twakuba
Nga tubatizibwa tuziddemu,
Okukakasa era nga tuwera tetukyadda mabega,
Sitaani n'emitego gye gyonna
Tugidduka awatali kutunula mabega,
Ebyabakulu eby'edda, abalongo n'amasabo nabyo tubyegaanye,
Temuli kirungi wabula effuga bbi lya sitaani.

396. TULI BAANA - TULI BASIKA

(Fr. James Kabuye)

Sop & Alto: Mwoyo ayogerera mu ffe n'atukakasa
Nti: Ffenna abaabatizibwa mu Kristu
Tuli baana, tuli basika, tuli baana, bantu ba Katonda abeebonanye.

Bass: TU.....LI.....BAA.....NA
Sop: Tuli baana, tuli basika, tuli baana, tuli basika,
Bantu ba Katonda abeebonanye
Kristu ye ntabiro, ffenna atugasse wamu,
Ffe abaayungwa mu Mwoyo omu, ku lwa Batismu twafuuka omu,
Muntu omu, Kitaffe atenderezebwe.

Sop & Alto: Okutukuzibwa omutima guteekwa okukkiriza
Okulokoka, akamwa kateekwa okwatula nti:
Yezu ye Mukama, eyazuukira n'atulokola
Teri linnya, teri linnya ddala lyonna mwe twalokorerwa
Wabula mu linnya lya Yezu Omuwanguzi.
Tuli baana, tuli basika .....

Sop & Alto: Abatwalibwa Mwoyo, abatwalibwa Mwoyo,
Be baana ba Katonda, naffe twafuna ku Mwoyo omu ow'abalondemu

Kristu twamutwala n'olukoba, ye muggulanda ffe baganda be
Oba nno tuli baana, tuli basika ne Kristu,
Tuli basika ba Ggulu.
Tuli baana, tuli basika .....

397. TULIBUYINGIRA OBWAKABAKA BWE *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Tulibuyingira obwakabaka bwe, tulibeera eyo mu bwakabaka bwe
   Ffe ababatize abalondemu abaana b'enngoma ab'obwebange
   Tuli baana mu bwakabaka bwe, ffe be yatukuza abeebonanye
   Mu Batismu tuzaalwa buto, tuli baana ba Katonda oli
   Tuli baana ba Katonda oli, eggwanga lye ddala ery'obwebange
   Tulibeera eyo mu bwakabaka bwe, bwe yategeka olw'abalondemu.

2. Tuteekwa buteekwa --- kya mazima: Okuzaalibwa mu mazzi ne mu Mwoyo
   Tuteekwa buteekwa --- kya mazima: Okuzaalibwa okuzaalibwa ogwokubiri.

3. Mu mazzi ne mu mwoyo - Yee - bwe yalagira atyo - Tuteekwa buteekwa
   Okuzaalibwa ogwokubiri, tulyoke tuyingire mu bwakabaka bw'ategese.

4. Ekizaalibwa omubiri - ekizaalibwa omubiri - guba mubiri - guba mubiri wamma
   Naye ekizaalibwa omwoyo - guba mwoyo mazima - guba mwoyo, guba mwoyo - guba mwoyo.

5. Mwoyo oli y'atuzaala, tuzaalibwa mu Mwoyo wa Katonda
   Mwoyo oli y'atuzaala, Mwoyo ye, ye gwe twanywako
   Ago leero gatutukuza amazzi ga Batismu gatuzza buto
   Ago leero gatutukuza ne tunaazibwa ebibi ne biggwaawo.

6. Ffe ababatize - tusaana tufube - okutuuka - mu bwakabaka bwe
   Kati tweraba - nga tuli baggya - mu kitiibwa - eky'olubeerera
   Ffe ababatize - ffe tulituukayo - mu kitiibwa - eky'olubeerera
   Eyo Mukama - Katonda - eyo gy'Ali - tulituukayo, tulituukayo
   Ffe ababatize - tulituukayo mu bwakabaka bwe.

398. WANNONDA DDUNDA *(Fr. James Kabuye)*

*Ekidd.:***Wannonda Ddunda** **Ddunda**
Wannonda Ddunda **Ddunda**
N'osiima mbeere wuwo **N'osiima mbeere wuwo**
Wanfuula mwana, nga mbatizibwa **Nga mbatizibwa**
Wansiiga omuzigo,
N'onkakasa mu butume bwo **N'onkakasa mu butume bwo**
Nnafuuka kiggwa mw'osiiba **Mw'osiiba**
Mw'otuula, Ggwe Katonda **Ggwe Katonda**
Ha! Nneesiimye, **Nneesiimye**
Ha! Ng'onjagala. x2 **Ng'onjagala. x2**

1. Mujje mulabe Omukama by'akola, bya magero,
   Bisamaaliriza by'akolera abantu.
   Tukwekola, Ggw'atubumba,

Tukwekola, Ggw'atutaasa,
Tukwekola, Ggwe Ddunda Lugaba.

2. Mujje mulabe Omukama by'akola, bya magero,
Bisamaaliriza waddiramu abantu.
Tukwebaza, Ggw'atulokola,
Tukwebaza, Ggw'omusaasizi,
Tukwebaza, Ggw'alunda ffenna.

3. Mujje mulabe Omukama by'akola, bya magero,
Bisamaaliriza wangobako obutamanya
Ssirimbibwa buli ekijja,
Ssirimbibwa mangu nnyo,
Ssirimbibwa nze Kristu gwe mmanyi.

4. Mujje mulabe Omukama by'akola, bya magero,
Kristu Katonda, Ggwe mmere y'abantu!
Tukwebaza Ggw'atuliisa,
Tukwebaza Ggw'entanda,
Tukwebaza Ggw'atwewa wenna.

5. Mujje mulabe Omukama by'akola, bya magero,
Bisamaaliriza by'akolera abantu.
Tuba naye buli wantu,
Tuba naye mu nngendo
Tuba naye ewaffe mu maka.

399. YEE TUSANYUKE NGA TUYIMBA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Yee: tusanyuke nga tuyimba abaana ba Katonda**
Kitaffe be yaganza bw'atyo n'atwebonanya,
Twesiimye tuli baana be.

1. Oh! Kitalo nnyo ffe abantu okufuuka tuti abaana ba Katonda,
Mu Batismu Kristu yatulokola, Mwoyo Mutukuvu n'atujjula Kitaffe n'atuganza.

2. Oh! Kitalo nnyo ffe abantu obuntu okufuuka tuti eggwanga lya Katonda.
Mu Batismu Kristu yatusonyiwa, Mwoyo n'atujjamu, Kitaffe n'atuganza.

3. Oh! Kitalo nnyo ffe abantu obuntu okufuuka tuti abaganzi ba Katonda
Mu Batismu Kristu yatuwa enngoma, Mutukuvu n'atubbula, Kitaffe ye muzadde.

4. Oh! Kitalo nnyo ffe abantu obuntu, okufuuka tuti ennyumba ya Katonda;
Mu Batismu Kristu ffe tumwambala, Mwoyo Mutukuvu atusulamu Kitaffe wa buyinza.

EZOBUFUMBO

400. AYAGALA OBUFUMBO *(Fr. James Kabuye)*

1. Ayagala obufumbo wulira, ekibunyweza Katonda
   Amayisa amalungi mu buvubuka, ge gategeka obufumbo (nyweza)
   Wesseemu ekitiibwa, wekuume tojeerajeera,
   Weeyise bulungi, ng'ogoberera amayisa amalungi.

   Ekidd.: **Ddunda ..... yamba abavubuka**
   Ddunda nyweza... nyweza abafumbo
   Ddunda yamba nnyo ... yamba abavubuka
   Ddunda yamba ... yamba abavubuka
   Ddunda nyweza abavubuka, beetegekere obufumbo.

2. Ng'oyagala abavubuka abavumu, ababazaala bafumbo,
   Amayisa amalungi mu bufumbo; ge gatendeka ababaamu (nyweza)
   Eddiini gikwate, wekuume tokyukakyuka,
   Weesigenga Yezu, y'alikulaga obulamu obulungi (y'akulaga).

3. Ayagala obufumbo tegeka, embeera y'ensi nzibu nnyo (obufumbo)
   Mu kumanya okusonyiwa asobezza, mwe musibuka okuganja (nyweza)
   Weveemu walondwa, mu ddiini toyuugayuuga,
   Nywerera ku Yezu, ng'ogoberera amayisa amatuufu.

401. BABAKUUME MU BUFUMBO BWAMMWE *(George Sebutinde)*

Ekidd.: **Babakuume mu bufumbo bwammwe**
S + A:- **Babakuume mu bufumbo bwammwe**
Yozefu, Maria awamu ne Yezu
Babakuume mu bufumbo bwammwe
Leero babayambe mu bulamu bwammwe
Babakuume mu bufumbo bwammwe.

1. Yezu, Maria tubabakwasizza - Babakuume mu bufumbo bwammwe.
   Muyambe abafumbo be tubakwasizza - ,, ,,

2. Patri, Mwana, Mwoyo Mutuukirivu - ,, ,,
   Muyambe abafumbo be tubakwasizza - ,, ,,

402. BULI KITONDE N'AKITONDA KINNABABIRYE *(Alphonse Ssebunnya)*

Ekidd.: **Mu masooka g'ensi, Bugingo n'atonda omusajja n'omukazi,**
N'abawunda n'abawoomya.
Buli kitonde n'akitonda kinnababirye, ekisajja n'ekikazi
nga bwe bufumbo.
Mugirye ensi yonna mugibugaane, wamma yasiima
Bw'atyo ddala Omutonzi ow'ensi bwe yasiima.

1. Ssabasaasizi wasaasira omuntu n'omuwa omubeezi we
Nga ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu obwannamunigina.
Ligulumizibwe erinnya lyo, ligulumizibwenga erinnya lyo,
Eyagamba nti omuntu alireka kitaawe ne nnyina n'anywereranga ku
mukazi we tewali kugattululwa.

2. Beesiimye abakwagala abakwata by'ogamba ayi Omutonzi
Omukazi olimufaananya omuzabbibu ogubala ennyo mu nnyumba ya bba
Ng'obulokolerwa bw'Oliva n'obwana bwe bube butyo.
Omukisa gwa Sion guyiire Eklezia okutinta mu nsi y'abalamu eno gye tulimu.

3. Tukoowoola gy'oli Ggwe, ayi Katonda wa Jjajja Yibraimu eyakkiriza,
Tukoowoola gy'oli Ggwe, ayi Katonda wa Jjajja Yizaake ne Yakobo
Tukoowoola gy'oli Ggwe, Eklezia abune ensi yonna mu kkubo ly'obufumbo
Ng'abuna, ng'abuna, ng'abuna ng'abuna.
Tusazeewo, tusazeewo, tusazeewo x3 okubeera ababiri mu bufumbo
Tukuume Ekigambo kya Katonda, nga mmwe bajulirwa
Tetubaswaze; tusazeewo - tusazeewo, tujja kukuumagana. x2

403. EKISA KYA KATONDA *(Fr. Gerald Mukwaya)*

1. Ekisa kya Katonda
Nga tekitendeka
Ggwe bwe watonda omuntu edda
Wabakola bombi.

2. Adamu ye yasooka
N'Eva muganzi we
Wabagatta Ggwe nnyini
N'obawa omukisa.
5. Tukuza endagaano
Ze bakuba bombi
Babeerenga babiri
Okuva olwaleero.

6. Basanyuke bulijjo
Mu bufumbo bwabwe
Bakubagizibwe nnyo
Nga bafuna abaana.

404. KATONDA KY'AGASSE AWAMU

(George Ssebutinde)

Ekidd.: **Katonda ky'agasse awamu, yagamba tekigattululwa,**
Kati mufunye omukisa gwe, abagasse mufuuse omuntu omu,
Abayiweko emikisa gye, muzaale mwale mufuge ensi eno
Katonda ky'agasse awamu, tebangayo akigattulula.

1. Edda mu masooka g'ensi, Mukama yakisalawo,
Nti si kirungi musajja kuba bw'omu
Tumufunire omuyambi amufaanana,
Naawe ofunye omubeezi wo, mukuume mu mukwano gwo,
Mwagalane bulijjo, mukuume okutuusa okufa.

2. Edda mu masooka g'ensi, Mukama yakisalawo,
Omukazi okuwulira bba nga bali mu bufumbo
Naawe wulira akulagira, muwenga ekitiibwa kye,

Mwagalane bulijjo, omuyambe okutuuka mu Ggulu.

3. Mmwe nno abafumbo, Yozefu mumulabireko,
   Maria yamukuumanga mu bwesige ne mu kwagalana
   Nammwe munywere mu bufumbo, mu bwesige ne mu kwagalana.
   Mumwesigenga Katonda, abakuume okutuusa okufa.

4. Mmwe nno abafumbo, Ekika Ekitukuvu mukirabireko,
   Maria ne Yozefu nga bali ne Yezu bassa kimu,
   Nammwe munywere mu bufumbo, nga mufunye abaana mubalabirire nnyo
   Mubagunjule bulijjo, Katonda abakuume okutuusa okufa.

405. KATONDA OYO OWA YIBRAIMU JJAJJAFFE *(Fr. James Kabuye)*

1. Katonda oyo owa Yibraimu jjajjaffe Mwembi abagatte wamu
2. Katonda oyo eyakola obufumbo ,,,,
3. Katonda oyo ayagala obutuufu ,,,
4. Mmwe abalangasa ,,,,
   Mmwe abavubuka ,,,,
   Ng'abasaasira ,,,,
5. Gye munaalaganga yonna abeere nammwe Mmwe ababadde abalangasa n'abasaasira
6. Mu buvubuka obwo, yonna abeere nammwe ,, ,,
7. Nga muli balwadde, yonna abeere nammwe ,, ,,
8. Nga muli bulungi, yonna abeere nammwe ,, ,,
9. Mu bizibu ebingi, yonna abeere nammwe ,, ,,
10. Mmwe nga mumutenda, yonna abeere nammwe ,, ,,

Ekitiibwa kibe kya Patri n'ekya Mwana ne Mwoyo. Bonna kibaweebwe
Nga bwe kyaliwo olubereberye na kaakano na bulijjo
Emirembe n'emirembe gyonna. Amiina ..... BONNA KIBAWEEBWE.

406. KATONDA WA YIBRAIMU *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Katonda wa Yibraimu - abagatte wamu**
Owa Yizaake - ,, ,,
Owa Yakobo - ,, ,,
Ababadde abalangasa, ababadde abalangasa n'abasaasira,
N'abatuusa ku kitiibwa eky'obufumbo leero atenderezebwe
Leero atenderezebwe.
Ddunda eyakola obufumbo, atenderezebwe.

1. Mu masooka g'ensi, Katonda yagamba omusajja bw'ati:
   Ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu,
   Tumukolere omubeezi we, amufaanana.

2. Mu masooka g'ensi Katonda eyatonda omusajja n'omukazi,
   Katonda yabawa omukisa nti "muzaale mwale".
   Mujjuze ensi yonna, mugifuge yonna.

3. Mu masooka g'ensi Katonda yagamba omusajja n'omukazi,
   Omusajja anaaleka kitaawe ne nnyina,
   N'anywereranga ku mukazi we, ne bafuuka mubiri gumu.

407. MU MASOOKA G'ENSI *(Fr. James Kabuye)*

1. Mu masooka g'ensi - Mu masooka g'ensi
   Mu masooka g'ensi - ,, ,,

Omutonzi w'ensi n'agamba bw'ati omusajja:
Ssi kirungi - ssi kirungi x2
Ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu:// x2
SSI KIRUNGI N'AKAMU.
Tumukolere omubeezi we, tumukolere amufaanana omubeezi we.

Ekidd. **Katonda, Katonda, Katonda wa bajjajja abagatte wamu,**
Abagatte wamu, mmwe ababadde abalangasa n'abasaasira,
N'abatuusa ku bufumbo, mu kitiibwa eky'obufumbo,
//Abanyweze mu mukwano gwe ne mu mukwano
gwammwe emirembe. x2

2. Mu masooka g'ensi - Mu masooka g'ensi x2
Omutonzi w'ensi n'agamba bw'ati omusajja:
Ssi kirungi - Ssi kirungi x2 *Bass:* Ssi kirungi ekyo - Ssi kirungi
Ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu. x2
SSI KIRUNGI N'AKAMU.
Oyo ye Adamu eyasookawo, omukyala Eva n'addako; omubeezi we.

3. Mu masooka g'ensi - Mu masooka g'ensi x2
Omutonzi w'ensi n'agamba bw'ati omusajja:
Ssi kirungi - Ssi kirungi x2)
Ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu. x2
SSI KIRUNGI N'AKAMU.
Omukisa gwe olwo n'abawa, okuzaala n'abaliddako, ku buyinza bwe.

4. Mu masooka g'ensi - Mu masooka g'ensi x2
Omutonzi w'ensi n'agamba bw'ati omusajja:
Ssi kirungi - Ssi kirungi x2
Ssi kirungi omuntu okubeera obw'omu. x2
SSI KIRUNGI N'AKAMU.
Omusajja ng'amukuutira, okunywera ku mukyala we, oyo gw'afunye.

408. MUGENDE MIREMBE *(Fr. James Kabuye)*

1. Katonda ow'obuyinza,
Mmwe abawe omukisa
Obufumbo bwammwe mmwe,
Ddunda abunywezenga.

Ekidd.: **Ggwe omwami ggwe omukyala**
Mugende mirembe, mugende mirembe
Abagole baffe byonna biwedde,
Mweraba, mweraba, gye munaalaga yonna,
Kristu abeere nammwe, mweraba.

2. Obufumbo obutuufu
Mubunywezenga
Okubumenya kivve,
Ddunda abuwandiise.

3. Abaana mubazaale,
Nga balungi ddala,
Bakule nga ba ddiini
Mpisa ez'abantu.

4. Katonda abayiire,
Mmwe okwagala kwe,
Kubanyweze mwembi mmwe,

Ddunda abawe eddembe.

409. MUKAMA YAMBA ABAFUMBO

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mukama Ggwe kuuma yamba abafumbo**
Banyweze obufumbo obutuufu bwe wassaawo
Ensibuko y'obulamu, ekkubo ly'obutuukirivu.

1. Endagaano y'ababiri wamma wagiwa omukisa omusukkirivu,
Gwe musingi gw'obulamu n'okulokoka gwe wassaawo.

2. Ekikolo ky'eddiini wamma akabonero ka Kristu alokola
Bwe bufumbo obutuufu bwe wassaawo.

3. Abavubuka baffe wamma bawenga okwagala n'okwettanira
Obufumbo obutuufu bwe wassaawo.

410. MUKAZI WO ABEERENGA NG'OMUZABBIBU *(Fr. James Kabuye)*

1. Mukazi wo abeerenga ng'omuzabbibu ogubala ennyo, mu nnyumba yo.

Ekidd.: **Bw'atyo bw'afuna omukisa ogw'enjawulo, omuntu oyo atya Omukama bulijjo.**

2. Obwana bwo, bubeerenga ng'obulokolerwa bwa oliva, mu nnyumba yo.

3. Ennyumba yo, esakaatire okukira ne Cedro ez'oku Libano, mu nnyumba yo.

4. Ennyumba yo ebeerenga n'obugagga obutagambika, mu nnyumba yo.

5. Ezzadde lyo, libeerenga n'obuyinza mu nsi gy'ekoma, mu nnyumba yo.

411. NKUKWASA MUNNO ONO *(Fr. James Kabuye)*

1. Nkukwasa munno ono, ng'etteeka ly'Omukama bwe ligamba,
Nkukwasa munno oyo, ye mwannyoko era mukyala wo,
Mutwale, mutwale ewammwe ng'omutima gukuli wamu,
Katonda ow'omu ggulu abayambe, abakuume, mutambule bulungi mu ddembe.

Ekidd.: **Katonda wa bajjajjaffe ogulumizibwe, otenderezebwe,**
Ggwe eyakola obufumbo ng'otonda byonna.
Nkukwasa mwannyinaze ono omusaasire nange onsaasire,
Ffembi otuwangaaze otutuuse ku bukadde obwegombwa. x2

2. Endagaano y'obufumbo, ng'etteeka ly'Omukama bwe ligamba,
Endagaano y'obufumbo gye mukuba era mu maaso ge,
Muginyweze; muginyweze yiino ng'omutima gubali wamu,
Katonda w'omu ggulu abayambe muginyweze,
Mutambule bulungi mu ddembe.

412. NYWEZA OBUFUMBO BWAFFE

(Fr. Vincent Bakkabulindi)

Nyweza obufumbo bwaffe Mukama omuzirakisa.
Tobwabuliranga Mukama omuzirakisa.
Tuwe emikisa gyo Mukama omuzirakisa.
Twagalane bulungi Mukama omuzirakisa.
Mu maaso go tulagaana Mukama tuwerekere
Okubeeragana Mukama tuwerekere
Ffembi tusse kimu Mukama tuwerekere
Nga tugumira n'ebizibu Mukama tuwerekere
Tuleme kwawukana Mukama tuwerekere
Mukama tukwekwasizza Mukama tuwerekere.

Tutti: //Ggwe nno omubeezi wange kwako empeta eno
Kw'onootegeereranga nti nno nkwagala.//

413. OBUFUMBO *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Ekidd.: **Obufumbo bwava wa Katonda Kitaffe**
Obufumbo bugatta ababiri abaagalana
Ddala ddala - Nga Kristu bw'ali n'Eklezia
Era tebagenda kugattululwa.

1. Ekyamagero ekyamagero kiikino - Yee
Obufumbo Kristu Omukama yabutukuza - Ddala
Bwafuuka kabonero ak'amakulu - Yee
Aka Kristu, n'Eklezia - Ddala
Oyo gwe yanunula n'amutukuza.

2. Ekyamagero abasajja mukiwulire - Yee
Obufumbo Kristu Omukama yabutukuza - Ddala
Mwagalanga bakazi bammwe, muli omubiri gumu - Yee
Akyawa mukazi we, olwo nga yeekyaye - Ddala
Labira ku Mukama alyoowa Eklezia.

3. Ekyamagero abakyala bino byammwe - Yee
Obufumbo buba bwa babiri abalagaanye - Ddala
Omutwe gw'omukazi abeera musajja - Yee
Ne Kristu gwe mutwe gw'Eklezia - Ddala
Omukazi atyenga bba, munne bwe baagalana.

414. OBUFUMBO KWAGALANA *(Ben Jjuuko)*

Ekidd.: **Ssebo Omwami, oyo ye Mukyala wo gw'olonze mu bangi,**
Nnyabo Mukyala, oyo ye Mwami wo gw'olonze mu bangi,
Mukuumaganenga, muyambaganenga, munywezaganenga,
mwagalane nnyo,
Mukuumaganenga, muyambaganenga, munywezaganenga,
Lugaba abakwatireko.

1. Olubereberye Omutonzi ng'atonda omuntu,
Yakisalawo okutonda Adamu ne Eva omubeezi we.
Yabagatta wamu kubanga bombi anti bali omu,
Yabayiwako emikisa bazaale nga bali wamu.

2. Olwaleero mugattiddwa mu bufumbo obw'olubeerera,
Olwaleero musazeewo ne mulondawo okukuumagana
Mugattiddwa walumbe yekka y'alibaawula
Mugattiddwa kaakati mwembi mufuuse omu.

3. Obufumbo, obufumbo ekibunyweza kwagalana,

Kukuumagana kuyambagana nga mussa kimu, nga muba omu
Okussa ekimu ne mugunjula abaana be muzaala
Okuyambagana mu bulungi bwonna ne mu bubi.

4. Abafumbo kye mulina kuyambagana na kusabiragana,
Nga musaba Kitaffe Katonda Lugaba abanyweze bulungi mu bufumbo.
Mulyoke muwangule mu bufumbo bwammwe obwo bwe mutandise,
Mukuumagane walumbe yekka y'alibaawula.

415. OBUFUMBO OBUTUUFU *(W.F.)*

1. Obufumbo obutuufu
Katonda yabuleeta;
Anti buba bw'omu n'omu
Ne butagattululwa.

Ekidd.: **Ayi Yozefu, tukutenda.**
Kuba ggwe bba Maria
Abaana bo abafumbo
Obateereko omwoyo.

4. Abafumbo abeesigwa
Nga beewaayo bulala
Okukuza abaana baabwe
Yozefu obayambe.

416. OBUFUMBO OBUTUUFU *(Fr. James Kabuye)*

1. Obufumbo obutuufu, gwe musingi gw'eddiini kw'emera,
Obuvubuka obutuufu bwe butegeka amaka amatuufu
Ky'osimba, ky'osimba ky'ofuna,
Omuvubuka omulungi y'asobola obufumbo obutuufu.

Ekidd.: **//Kitaffe ... yamba abavubuka,**
Kitaffe ..... nyweza abafumbo.// x2

2. Obufumbo obulungi, ye ttawaaza y'abaana b'olina,
Obuvubuka obunywevu, bye bibala by'amaka amalungi
Ky'osimba, ky'osimba ky'ofuna,
Omuvubuka omulungi y'asobola obufumbo obutuufu.

3. Abafumbo abatuufu, z'ezo empagi z'eddiini z'erina,
Abavubuka abatuufu, abo gye miti emito emirungi
Ky'osimba, ky'osimba ky'ofuna,
Omuvubuka omulungi y'asobola ebigambo by'eddiini.

4. Obufumbo obutuufu, kye kitiibwa ky'eggwanga erisoma,
Abavubuka abatuufu, be bannansi b'enkya abatuufu,
Ky'osimba, ky'osimba ky'ofuna,
Omuvubuka omulungi y'asobola okuganja mu nsi ye.

417. ONO GWE NNONZE *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Ekidd.: **Ono gwe nnonze - Mukama nkwanjulira**
Nze mmwesiimidde - era mmulagaanya
Tujja kubeera wamu okutuusa lwe ndifa,
Nga tuli omuntu omu tetukyagattululwa.

1. Ayi Mukama Mukama waffe mu nsi yonna yonna
   Lyewuunyizibwa erinnya lyo ekkulu eryo,
   Ggwe eyasukkulumya bw'otyo ekitiibwa kyo
   N'okikiza n'eggulu.
2. Ayi Mukama Mukama waffe abawere n'abayonka
   Leero bagenda okuziyiza omulabe omuzigu,
   Mu kamwa kaabwe mwe wategeka
   Ettendo ly'obalumbisa.

3. Omwezi n'emmunyeenye gwe bye wawangawo
   Bwe ndaba eggulu bwe liradde ndaba omulimu
   Ogukoleddwa n'engalo zo ezo,
   Naye omuntu y'ani naawe gw'ojjukira
   N'omussaako omwoyo.

4. Ettendo n'ekitiibwa wamutikkira, byonna y'abitwala
   Wamuwa okulamula emikono gyo bye gikola,
   Wasukkulumya bw'otyo obuyinza bwe
   N'omufuza n'ensolo.

5. Beera n'ekitiibwa Patri Katonda
   Ne Mwana kibe kikye awamu ne Mwoyo Mutuukirivu
   Nga bwe kyaliwo olubereberye na kaakano na bulijjo
   Emirembe n'emirembe. Amiina.

418. TUSAZEEWO MUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tusazeewo Mukama mu maaso go leero,**
Okufuuka omu, Mukama tetujja kwawukana,
Kiriba ki Mukama, aliba ani ate?
Alituggya ku Ggwe Mukama, atugasse olwaleero.
Ffe mu ssanyu ne mu nnaku, - tetujja kwawukana
Mu bulwadde ne mu bulamu - ,, ,,
Mu bugagga ne mu bwavu - ,, ,,
Tuli bantu ffe tetujja kwawukana - ,, ,,
Tusaba Mukama atukuume mu kwagalana,
Endagaano yaffe eno ebeere ya mirembe.

1. Twewuunya nnyo entereeza yo Mukama ennungi ey'ekitalo,
   Ggwe wasalawo emirembe gyonna tubeere wamu mu bufumbo,
   Tukkiriza entereeza yo Mukama, ntuufu nnyo ya mikisa,
   Ky'okakasa, kiba kituufu,
   Ky'osalawo, kya mirembe gyonna.
   Ggwe okakasizza, obufumbo bwaffe,
   Ky'okakasa, kya mirembe gyonna
   N'endagaano yaffe eno tuyambe ebeere ya mirembe.
2. Twewuunya nnyo entereeza yo Mukama ennungi ey'ekitalo,
   Ggwe wagatta Adamu n'Eva babeere wamu mu bufumbo
   Twaniriza entereeza yo Mukama egatta naffe mu kwagala.
   Ky'okakasa, kiba kituufu,
   Ky'osalawo, kya mirembe gyonna.
   Ggwe okakasizza, obufumbo bwaffe,
   Ky'okakasa, kya mirembe gyonna
   N'endagaano yaffe eno tuyambe ebeere ya mirembe.

3. Twewuunya nnyo entereeza yo Mukama ennungi ey'ekitalo,
   Gw'otulondera ababeezi baffe, tubeere wamu mu bufumbo.
   Twaniriza entereeza yo Mukama egatta naffe mu kwagala.
   Ky'okakasa, kiba kituufu,
   Ky'osalawo, kya mirembe gyonna.

Ggwe okakasizza, obufumbo bwaffe,
Ky'okakasa, kya mirembe gyonna
N'endagaano yaffe eno tuyambe ebeere ya mirembe.

4. Twewuunya nnyo entereeza yo Mukama ennungi ey'ekitalo,
Ggwe otereeza n'obukuuma bwonna, bunywere wamu obufumbo.
Tukkiriza obuyinza bwo Mukama, nyweza nnyo ffe mu mpeta.
Kyokakasa, kiba kituufu,
Ky'osalawo, kya mirembe gyonna.
Ggwe okakasizza, obufumbo bwaffe,
Ky'okakasa, kya mirembe gyonna
N'endagaano yaffe eno tuyambe ebeere ya mirembe.

5. Ayi Mukama eyaleeta embeera y'obufumbo,
Ggwe ogirabirira, Ggwe ogitereeza ne Mwoyo wo.
Tukukwasa endagaano yaffe eno, n'omukwano gwaffe
Gwe tutandise, tuyambe tugikuume butiribiri,
Tugende naawe mu maka gaffe, ng'oli naffe,
Byonna tunaabisobola.

419. YEZU MARIA YOZEFU *(W.F.)*

Ekidd.: **Yezu, Maria, Yozefu**
Amaka gaffe mugakuumenga.

1. Mugakuumenga mu kwagalana;
Tuyambagane buli lunaku,
Tubeere ffembi, n'omwoyo gumu,
N'emmeeme emu okutuusa okufa.

2. Mugakuumenga mu butukuvu
Ennyumba zaffe zibeere nnungi;
Tuziyizeemu byonna eby'ensonyi,
N'abantu ababi n'abagwenyufu.

3. Mugakuumenga mu buwulize
Bassemaka abo babe n'ekisa;
Nga balagira abakyala baabwe,
Bateese kimu okufuga abaana.

EZABAJULIZI

420. ABAJULIZI *(Sr. Peter)*

1. Abakungu bangi, abawanngamye, ku Nnamulondo ez'ettendo, mu ggulu,
Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda.**

Mwe muli n'abaffe bannakayonga, be tutenda leero nga tujaganya.
Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda.**

Tutti: Mwatusookayo Abajulizi bakulu baffe
Mu nju ya Kitaffe engazi ebisenge,
Mutusabire naffe twejuube,
Tubagwe mu buwufu, tubawondere,
Tugulumize Nnamugereka Ddunda,
Tugulumiza Nnamugereka eyabatuwa
Okutwoleka ennamaga engolokofu,
Tugulumize Nnamugereka.

2. Mmwe mikwano gya Yezu Omulokozi, baana ba Maria Omusaasizi,
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda.**

   Mmwe minaala gya Uganda egyasoolooba, ...
   Mmwe abazira bannamige ffe be twesiga .....
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda.**

3. Ab'okukkiriza okugumu, abaagala Yezu, mu kuyiwa omusaayi
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda .....**

   Leero tweyuna gye muli nga tuwanjaga, mutuwagirenga, tube bavumu:
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda .....**

(Tutti)
4. Ffe batusingira abaana n'abakulu, n'eggwanga lya Uganda, mulirunngamye:
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda .....**

   Eklezia yeetaaye ayitimuke, akunge bonna mu kisibo
   Ekidd.: **Abatendereza Ddunda Katonda.**

421. ABAJULIZI AB'ETTENDO *(Fr. James Kabuye***)**

Ekidd.: **Abajulizi ab'ettendo, bannaffe abazira mu Africa wakati**
Nga mwesiimye abeewaayo olw'eddiini,
Nga mwesiimye mmwe abazira, mmwe abazira mu Uganda.
Nga muli ne Yezu mutusabire,
Tukwate naffe eddiini n'obuzira ng'obwammwe obw'ettendo.

1. Mukulike abazira, mukulike omuliro, obuzira obwammwe bwa ttendo,
   Mwanywera nga babatiisa, gwe mwasenga Katonda omu temwamuleka
   Tubakulisa okuwangula, Yezu mwamusanyusa n'Eklezia yonna ebakulisa.

2. Mukulike abazira, mukulike ebizibu, okusibwa n'enga bya ntiisa,
   Gwe mwasenga nga babanoonya, timwegaana Katonda omu nnyini bulamu
   Tubakulisa okuwangula, Yezu mwamusanyusa n'Eklezia yonna ebakulisa.

3. Katonda yeebazibwe, Katonda ng'akuuma, abatene nga mmwe ng'anyweza,
   Twewuunya okwagala okwo, okwasukka ne mwewaayo ne babazisa,
   Tubakulisa okuwangula, Yezu mwamusanyusa n'Eklezia yonna ebakulisa.

4. Tuwondere abazira, ka tuwere abasoma, okusoma eddiini entuufu,
   Twegaane ebya sitaani, tumwekwate Katonda omu Nnantalemwa.
   Tulina kati okunyiikira, Yezu ffe be yeesiga, ffe Eklezia eva mu Bajulizi.

422. ABAJULIZI BA UGANDA *(W.F.)*

1. Leero tujaguze ffenna,
   Olw'essanyu olw'ekitiibwa!
   Nga tulowooza bannaffe
   Abazira nga bwe beesiimye
   Abaganda Abajulizi
   Basaale baffe mu ddiini.

Ekidd.: **Abajulizi ba Uganda**
Beesiimye nnyo mu kitiibwa
Batikkiddwa engule
Za baluwangula
Batukulembedde ffenna

Ka tubagobererenga;
Naffe nno tuwere nti:
Yezu! Maria!
Naffe nno tuwere
Nti: Yezu Maria!

4. Mu kkomera mu ttambiro,
Mu bulumi obutagambwa!
Obuzira bwa kitalo!
Nga timuta kwegayirira;
Ne musabira Uganda
Yonna esenge Katonda.

423. ABAVUBUKA *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Abavubuka sso abangi baawa?
Mu ggulu abatudde Yezu w'atudde?
Abaddugavu abato abalungi baani?
Balenzi ki abo sso abanekaaneka.

Ekidd.: **Oh, Mutuyambe, bannaffe Abafirika ab'ettendo**
Oh, Mututuuse ewa Yezu
Abaddugavu abeesiimye.

2. Be bawanguzi abaafa ku lwa Yezu
Omusaayi mu nsi ogwabwe abaawaayo;
Be Baafirika be yatta Mwanga,
Leero Omutonzi mwene ye abagulumiza.

3. Ka mbayiteko amannya; nsooke ani?
Omujaasi Lwanga ko nno ne banne
Abajulizi Omukama Yezu
Bonna bali makumi abiri na babiri.

4. Abakiramu emyaka Mulumba;
Kizito abasinga obwana atendwa nnyo
Kaggwa, Kuketta, Kibuuka, Ggonza,
Muzeeyi ne Mugagga, Kiriwawanvu ate.

5. Ba Kiwanuka, Balikuddembe;
Ba Ssebuggwaawo, ko Sserunkuuma oli;
Ba Baanabakintu, Nngondwe, Buuza,
Ba Mbaaga ne Ludigo ko ne Gyaviira ye.

6. Kati ebulayo wuuno Mawaggali
Ne Kiriggwajjo, olwo nga baggwaayo
Abaayagala Omulokozi abo,
Abaafa olw'okugaana eddiini okugireka.

7. Otuyambeko, Yezu Katonda,
Ffe tukusaba nneema gye twetaaga
Ey'obuzira Abajulizi eyo
Gye baafuna eyasukka naffe ogitujjuze.

424. ABAZIRA ABAALUWANGULA

(Benedicto Lubega)

Ekidd.:

	Bass	*Soprano*
Ekidd.:	**Abazira be ndayira bannamige abo ...**	**Abaaluwangula**
	Ffe be tutenda abo baalulwana	**Abaaluwangula olutalo**

Baalumala amaanyi **Baalulwana baalulinnyako:**
Ne balulinnyako
Abajulizi **Abaluwangula**
Abajulizi Bannauganda **Abaaluwangula**
Sitaani baamumegga **Sitaani baamumegga**
Baamulinnyako **Baamulinnyako**
Amazima ne bagalaga ensi eno **Amazima ne bagalaga ensi eno.**

1. Kabaka Mwanga n'abayigganya abasoma Abatte
   Era bo maama ne bateesasa Beebo
   Ne batekweka; Beebo
   Ne basoma nnyo eddiini obuteemotya Beebo
   Ne balulwana Bo, baabo.
   Ne balumegga olumbe nnamuzisa.

2. Era ye Mukama omuzirakisa yalaba abaana
   Basomye eddiini ne bagimanya Beebo
   Olwo n'abayamba Beebo
   N'abawanga amaanyi obutayosa Beebo
   Ne bamuganza Bo, baabo.
   Ne basomanga eddiini obutagita.

3. Abaasoma eddiini ne bagimanya nga bato nga ffe
   Tusabye naffe mutuyambeko Ffenna
   Tusimbe mu luwenda Ffenna
   Tulwane masajja nga mmwe abateemotya Ffenna
   Tubenga nammwe Ffe, baabo.
   Tubenga w'ali Kristu Omununuzi.
4. Nga tuli nammwe abatakabanyi mu kitiibwa eyo
   Awamu ne Yezu eyabalagayo Ffenna
   Eri ne Kitaffe Ffenna
   Mu ggulu ddala eyo ewaffe etemagana Ffenna
   Tube mu kitiibwa Ffe, baabo.
   Gye tulyesiima ewaffe eri Lugaba.

5. Mukama Yezu ggwe Omununuzi tolekanga ffe
   Abajja gy'oli tube bagumu Ffenna
   Tube banywevu Ffenna
   Tube basajja nnyo nga tetwemotya Ffenna
   Tube babo Ggwe Ffe, baabo.
   Tubenga naawe Kristu Omununuzi.

425. BAJJAJJAFFE MU KUKKIRIZA

(Fr. Joseph Namukangula)

Ekidd.: **Bajjajjaffe bano mu kukkiriza,**
Be bazira ennyo ab'oluganda,
Kye tubasaba baganda baffe ab'ekitiibwa,
Tweyongere mu kukkiriza, eddiini tuginyweze.

1. Okukkiriza kwe kwabayamba,
   Okugoba entalo ez'amaanyi,
   Ne musoma eddiini n'ebayingira,
   Yezu owammwe n'abasingira.

2. Okukkiriza kwe kwabayamba,
   Okusoma nnyini obutakoowa,
   Ne muleka ebingi ebyali biwabya
   Tusaba tuleme okuterebuka.

3. Okukkiriza kwe kwabayamba
Ne babavuma olw'eddiini
Kye tusaba naffe ebituyigganya
Timuta mmwe nga mutuyambako.

4. Mutudde wamu nga muli n'oyo
Mu ggulu ssebo mumutenda,
Katonda owammwe oyo ow'olubeerera
Naffe tufuba tulituukayo.

426. B'ASIIMA B'AGEZA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Aboluganda, aboluganda, aboluganda**,
Bwe mufuna ebizibu ebitali bimu, mugambanga nti:
Twesiimye nnyo twagalwa nnyo, Mukama atusiimye
Anti b'asiima anti b'asiima b'ageza.
Tumanyi kimu nti ekizibu ky'okukkiriza, kibaviiramu kugumiikiriza.
Olwo ne mufuuka abantu abakuze, abajjuvu abatalina kibabula,
Kibabula, abajjuvu, zaabu atukuziddwa mu kabiga amasamasa.

1. Musajja agumira ebizibu yeesiimye, yeesiimye,
Bw'alimala okugezebwa, alifuna engule y'obulamu, y'obulamu engule y'obulamu.

2. Omwavu agumira ebizibu yeesiimye, yeesiimye,
Bw'alimala okugezebwa, alifuna engule y'obulamu, y'obulamu engule y'obulamu.

3. Omulwadde agumira endwadde ye yeesiimye, yeesiimye,
Bw'alimala okugezebwa, alifuna engule y'obulamu, y'obulamu engule y'obulamu.

4. Saba ky'osaba tobuusabuusa ojja kufuna, Ddunda wa kisa nnyo
Buli alina okukkiriza y'awangula ensi. Beera mugumu n'ennaku zo,
Ennaku y'ensi tewoneka, ne Kristu yagiyitamu, nywerera ku ye ojja kuwangula.

427. BEEBO ABAAYOZA ENGOYE ZAABWE *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Laba laba eri mu ggulu ewala eri
Ddala anti k'owulire Yoanna by'atunyumiza ebiri eri
Laba laba y'eyo mu ggulu ewala eri
Ddala leka abinyumye Yoanna bye yalaba ebiri eri
Laba anti k'owulire, ddala ebisangwa eri
Ddala anti k'owulire Yoanna by'agamba ebiri eri
Nze ndabayo abayimba Eyo mu ggulu
Era ndabayo abalungi Abanekaaneka abo
Balina emirembe Mazima abali eri
Era balina ekitiibwa Abaaziwangula abo. x2
Laba amawanga gonna bwe gali eri bwe gali eri, laba amawanga gonna bwe gali eri
Buli luse, buli ggwanga, buli muntu buli muntu, laba amawanga gonna bwe gali eri
Beebo Abajulizi era abayimba abayimba, beebo Abajulizi era abayimba.

2. Bambadde byeru, beesibye ebimyu ebyo, bamuli mu maaso Omukama
Bambadde ebyeru banyumye nkugambye, bakute n'ensaansa ez'obuwanguzi.

Beebo Abaaziwangula entalo mazima ddala obalaba beebo
Beebo Abajulizi obalaba, mazima ddala baabo beebo
Beebo Bamuyimbira Omukama, mazima ddala baabo beebo
Beebo Bali mu ssanyu obalaba, mazima ddala baabo beebo
Beebo Bayimiridde obalaba, nga bakutte n'ensaansa beebo.

3. Abazira abanywevu abali mu kitiibwa, nga batudde n'Akaliga
Ebyambalo ebyabwe be baabyoza abo nno mu Musaayi gw'Akaliga
Emitego gya sitaani bonna abo baagibuuka ne babonaabona olw'Akaliga
Ne babonaabona abo wonna ne babakyawa ne babonaabona olw'Akaliga
Baatemaatema abo era ne babasogga nga babalanga ogw'okusoma
Baayita mu bingi nga babonaabona abo ne banywerera ku Katonda
Omusaayi gw'omuwendo guli gwe gwabanaaza, Omusaayi gw'Akaliga.

Beebo Beebo abazira bannamige abo
Beebo Laba abali wamu n'Akaliga
Beebo Tibakyalumwa njala baatuuka
Beebo Anti bali wamu n'Akaliga
Beebo Ennyonta n'enjala byaggwa dda
Beebo Anti bali wamu n'Akaliga
Beebo Tibakyabonaabona beesiima
Beebo Anti bali wamu n'Akaliga
Beebo Okwo okukaaba kwaggwa dda
Beebo Anti basanyuka n'Akaliga.

Beewaayo baalwana Abali eri
Eeeeeee baalwana Abali eri
Ky'ava abasanyusa Omukama oli N'abaweera
Eeeeeeeeeeeee baatuuka Oyo n'abaweera
Ky'ava abatikkira engule zaabwe N'abaweera
Eeeeee eeeeee beesiima Beesiima nnyo
Abajulizi mbeegomba Abali eri
Eeee eeeeee mbeegomba Abali eri
Ffenna tuli mu ddene twesunga Okugenda
Eeeeeeeeeee lulikya nno Ne tubatuuka, eyo, eyo, eyo.

428. KAROLI LWANGA *(Joseph Kyagambiddwa)*

Ekidd.: **Karoli Lwanga wuuno omulwanyi ow'amaanyi,**
Tumulina omugabe era omujaasi w'eggye!
Katonda yeebazibwe olw'ono gw'atuwadde
Akulembere eggye lye ery'abalwanyi ku nsi,
Atweyagaza omumegganyi
//Tumusiimye ow'ettutumu omuganzi Lwanga.//

Tenor Leader:
Abatudde mwenna Omulwanyi Lwanga
Mbanjulira mukulu waffe Omujaasi wa Yezu,
Omuzira nnamige ye oyo Omulwanyi Lwanga,
Mukama gw'atusindikidde Omujaasi wa Yezu,
Akulire entabaalo zaffe, Omulwanyi Lwanga,
Nnalukalala atameggebwa ngo; Omujaasi wa Yezu,
//Ye wuuyo Karoli Lwanga, Omulwanyi Lwanga
Ye wuuyo bwe twatabaala! Omujaasi wa Yezu//

Ekidd.: KIZITO *(Solo):*

Balubaale bakangawadde, Omulwanyi Lwanga
N'emmandwa zikambuwadde, Omujaasi wa Yezu
N'abafuzi batweweredde, Omulwanyi Lwanga
Batulanga obusomi bwaffe, Omujaasi wa Yezu,
//Siitye nze Karoli w'ali! Omulwanyi Lwanga
Nnaanywera Karoli w'ali! Omujaasi wa Yezu.//

Ekidd.:

429. KIZITO OMUTO *(Joseph Kyagambiddwa)*

(A) *Leaders: Chorus:*

Kizito omuto oyo wange Kizito omusomi
Mwana w'embuga gwe mbiita Kizito omusomi
Kizito omwagalwa omuganzi asiimwa Kizito omusomi
Nkugumya ennaku gwe nsuuta Kizito omusomi
Omwana w'abakungu atalabwa Kizito omusomi
Atunula ng'amata obuta olw'enneema Kizito omusomi
Nkuuma ekkula lya Katonda zzaabu Kizito omusomi
Nkuuma emisana n'ettumbi Kizito omusomi

(B) *Ekidd.:* **Bwe tulittibwa naawe ffembi olw'okuba eddiini**
Nze ndikugumya gy'ogenda tolindeka.
Bwe balinjokya ne nfa nze ndijaguza owange,
Nze ndiwondera, ne ngwa ggwe eri gy'oligwa. (B x2)

(C) Kizito onnumya omwoyo, mazima totya, ewa Yezu laba nnyini ffe anti gye tulamaga. (C x2)

(D) Zannya, zannya, omwana wa Yezu zannya,
Zannya, nnyo omulenzi wa Yezu omwana,
Jaagaana omulongo w'olukoba owange,
Jaagaana omulongo w'olukoba ow'edda. (D x2)

(E) Eh! Eh! Eh! .....Eh! Eh!
Kizito onsagasaganya ka nkusabire,
Gy'ogenda wala ntalo, nywera tuziyabule. (E x2)

2. Kizito omugagga enneema Kizito omusomi
Ne Nnamasole aweese ggwe Kizito omusomi
Mukama w'eggulu Katonda awa ggwe Kizito omusomi
Nnyina Maria atwesiimya Kizito omusomi
Okaabiranga ki nga ndi wano? Kizito omusomi
Ntunula sitemya nkukuuma owange Kizito omusomi
Nkwasa Bikira omuyambi Nnyaffe Kizito omusomi
Gwe mmulerera Owemmamba Kizito omusomi

3. Kizito mukwano ow'edda Kizito omusomi
Ziriba bbiri ne nngenda Kizito omusomi
Nngenda eri Omutonzi nga nze nfa nno Kizito omusomi
Nfiirira ssebo eyantonda Kizito omusomi
Ffe tulifa lumu ffembi wamu Kizito omusomi
Ndayira sirikuleka bw'omu ggwe Kizito omusomi
Liisoddene waggulu gy'ali eyo Kizito omusomi
Tulimulaba n'oweera. Kizito omusomi

430. MATIA NE KAROLI *(W.F.)*

1. Matia ne Karoli 2. Ababaka ba Yezu

Ne bannammwe abiri,
Mmwe abaafiirira eddiini,
Mwatugulumiza dda.
Mu nsi Uganda.

3. Nnyini mikisa gyonna,
Katonda, yabeegombya
Eddiini ey'amazima;
Mmwe yasooka okulonda.
Mu nsi Uganda.

4. Mmwe abaasookera ddala,
Mwaweebwa okusoma
Eddiini ya Katonda,
Ne mugitutumula.
Mu nsi Uganda.

5. Mwasenga Yezu Kristu,
Ne muba bakakafu;
Eddiini gye mwakwata,
N'ebasingira byonna.
Mu nsi Uganda.

6. Empisa ze mwayisa
N'obutukuvu nnyini,
Byategeezanga bonna,
Obulungi bw'eddiini.
Mu nsi Uganda.

7. Sitaani n'akalala
Ng'alaba bw'asengukwa
Abangi mu Buganda,
Tibaalwa baamugoba.
Mu nsi Uganda.

8. N'alyoka abayigganya,
Ng'asiikuula abakulu,
Babatiise okuttibwa,
Mulekeyo okusoma.
Mu nsi Uganda.

Bwe bajja mu nsi muno,
Mwabasanyukira nnyo,
Ne babayigiriza.
Mu nsi Uganda.

431. MBUUZA ABAJULIZI *(Fr. James Kabuye)*

Solo: Mbuuza Abajulizi baffe mmwe abawanguzi, amaanyi gaava wa agaabawanguza omuliro guli! x2

Ekidd. I **Katonda ow'amaanyi Ssabalangira Mukama waffe Yezu Omuwanguzi, bw'omwekwata oliba munywevu amazima, Mu Ukaristia mw'ali n'obuyinza bwe. x2**

Sopr: Anti yakakasa dda Alinjagala nange ndimwagala, tulijja gy'ali ne tumubeeramu.

Yezu yagamba ffenna ,, ,,
Yezu alagidde ky'ekyo ,, ,,
Yezu lye kkubo lyokka ,, ,,
Kkubo ggolokofu nnyo ,, ,,
Yezu akukuuma y'ono ,, ,,
Yezu omuyinza mw'ali ,, ,,

Kwata kituufu ky'ekyo ,, ,,
Mwewe akutaase ku nsi ,, ,,

Tutti: Tuli bagumu nga Yezu ali naffe x2 okuyokebwa, okuttwa twabinyooma n'obulamu bw'ensi obuyita twabuwaayo Mwana wa Katonda Yezu ng'atuyamba.

Ekidd. II : Yezu nkusenze nange Lye ssuubi ly'abalwana amazima,
ge maanyi g'abalwana Yezu omuwanguzi.

Nzuuno omutiibwa Yezu ,, ,,
Nteesa okukyaza Yezu ,, ,,
Beera mu nnyumba omwange ,, ,,
Ntuuse nkufune Yezu ,, ,,
Nkwewa omulungi Yezu ,, ,,
Gy'ali walungi Yezu ,, ,,
Yezu ndayidde nange ,, ,,
Yezu okuywera ku Ggwe ,, ,,
W'oli sigenda kwetya ,, ,,
W'oli entalo nziyinza ,, ,,
Twala n'ebyange biibyo ,, ,,
Ndijja nkulabe Yezu ,, ,,

Coda: Ndayidde nja kuwangula
Ensi eno nja kuwangula
Nkutuuke nja kuwangula
Ewaffe nja kuwangula.

432. MU BE BAGUMU *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Timutyanga abo abazigu bali abayigganya mmwe abayigganya mmwe
Timutyanga abo abazigu bali abawalana mmwe abawalana mmwe
Timutyanga abo abazigu bali abayigganya mmwe abayigganya mmwe.

Ekidd.: **Mubanga bagumu, mubanga bagumu, mubanga bagumu,**
Nange bampalana, mubanga bagumu nange bampalana.
Mbanyweza nze Mukama wammwe mmwe
Ensi eribakaabya, eribadoobya olw'okuba nze,
Olutalo nnalulinnyako bangi bangoberera,
Nammwe kwe musimbye, munywere nnyo.

2. Timutyanga abo abazigu bali mube bagumu
Timutyanga abo abazigu abo ababawalana
Oluusi batta ne balowooza nti babamalawo
Sso muli bangi olw'amaanyi Katonda g'abawa
Nze nnabasuubiza nti ndibaweera bye munaddamu
Bwe baba babatutte mu kkomera eyo tuliba wamu.

3. Balibatwala mu kkomera olw'okubeera nze Kye baakola nze kye balikola nammwe
Balibayigga ne mudooba olw'okubeera nze ,, ,,
Balibatwala ne muttibwa olw'okubeera nze ,, ,,
Muliba bajulizi ne mwewaayo olw'okubeera nze ,, ,,

4. Laba mbagamba nti: mbagamba: Bali bwe batta tibatta mwoyo, mube bagumu
Laba mbagamba nti: mbagamba: Tibalina buyinza bwa kutta mwoyo timubatya
Laba ali omu ati: Katonda y'alina obuyinza, Mukama yekka mumutye nnyo.

5. Alinyiikira n'atuuka ku nkomerero y'alirokoka Tufube abange
Omukama atugamba
Alinyiikira n'abonaabona nga taddirira y'alirokoka ,, ,,
Alinyiikira alinyiikira n'atuuka ku nkomerero y'alirokoka. x2

433. MU GGULU SSANYU JJEREERE

(Ben Jjuuko)

Ekidd.: **Alleluia mu ggulu, ssanyu jjereere leero,**
Alleluia Abalenzi abaaka enneema. x2
Alleluia, gye muli ewa Kitaffe mu ggulu
Alleluia Abalenzi abaaka enneema.
Bass: **Oh! Mweyagale Alleluia**
Mwesiimye Alleluia
Mumutende Alleluia
Yabaagala Alleluia. x2

1. Tubatenda Abajulizi abazira,
Olutalo mwalulwana - Sitaani mwamumegga
E Namugongo gye mwattirwa abazira,
Eddiini mwagiganza - Yezu n'abasiima,
Yezu n'abatikkira muli eyo waggulu ewuwe,
Engule ez'ebitiibwa muli eyo ewa Kitaffe.

2. Oyo Mukajanga omumbowa omuzibu
Naye nno mwamuswaza - bambi mwamuswaza.
Ng'ateekera omuliro mmwe nga musoma busomi
Eddiini gye muganza - nga mmwe mwagisiima
Abambowa abalala nga basamaalirira
Okulaba abazira mmwe - Omukama n'abayamba.

3. Abajulizi abazira mwawangula ebizibu
Muli eyo ewa Kitaffe - muli eyo mu kitiibwa
Muli eyo mu ddembe nga mumutendereza
Ddunda ow'obuyinza - Omukama ow'ekitiibwa.
Tubadaagira abazira naffe mutukwatireko
Olutalo tulumegge - tujje eyo ewa Kitaffe.

434. MUJJE BAANA BANGE ABATUKUVU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Mujje mujje abaana bange, mujje mujje mulamule**
Mujje mujje mweyanze, mu ssanyu ery'olubeerera.

1. Baatuyigganga olw'eddiini, twaleka byonna okubeera erinnya lyo;
Tulifuna ki ffe Yezu, ku lunaku lw'oluvannyuma?
2. Twali mu nvuba ez'amaanyi, baageza byonna okutubonyaabonya,
Twali basibe ffe Yezu, okutuusa n'okuyokebwa.

3. Ayi Yezu, ayi Yezu, ayi Yezu, otuyambe tuzikirira.

4. Baatukonjera olw'eddiini, baanyaga byonna byonna bye twalina,
Baatuyiikamu beeyanze, beenyagire ebyaffe eby'obuwa.

5. Twebaza ddala olw'enneema, twaleka byonna okubeera erinnya lyo,
Twali bagumu ffe Yezu, okutuusa n'okuyokebwa.

6. Ayi Yezu, ayi Yezu, ayi Yezu otuyambe tuzikirira.

435. MUKULIKE NNYO ABAZIRA

(Fr James Kabuye)

Ekidd.: **Mukulike nnyo mwasoma, mmwe abeewaayo sso okuttibwa,**
Muli ne Yezu mwesiimye, mu kwesiima kwonna.
Mutikkiddwa mwenna engule, za baluwangula. x2

1. Mukulike abazira, mmwe abaagoba olutalo,
   Mwanywerera ku Yezu gwe mwasenga mwenna,
   Mwewaayo nnyo ku olwo, olw'okuba eddiini,
   Temwatya kuttibwa, tubeewuunya naffe.

2. Mukulike okusoma, eddiini mwaginyweza,
   Mwagisoma n'ekiro temwebaka tulo**,**
   Mwasoma nnyo eddiini, mwagimanya bw'eri,
   Ddunda tumwebaza, yabajjuza amaanyi.

3. Mwalina okukkiriza, okunywevu ng'ejjinja,
   Mwanywerera ku ddiini, gye mwasoma mwenna,
   Zaabanyiga ennaku, ne muguma nammwe,
   Temwatya kuttibwa, nga mujjudde essanyu.

4. Mujjukire bannaffe, baganda bammwe bonna,
   Abakyali ku nsi eno ekyamya abangi leero,
   Nga musabye Ddunda, alituwa enneema,
   Ey'okuba ffenna, mu kwesiima nammwe.

436. MULUKULIKE OLUTALO

(Joseph Kyagambiddwa)

Mulukulike olutalo mululwanye Mulukulike olutalo mululwanye
Mulukulike okuluwangula Mukulike okuluwangula
Tubaaniriza abawanguzi mmwe Tubaaniriza abawanguzi
Wano we wammwe! Mmwe muyingire abazira!
Leka mbateeke engule amatendo
Nze ku mitwe gyammwe x2
Laba mbawadde ebirungi
Buli kimu kyonna
Eeeeeeeeee.....

Mutangalijja
Mumyansamyansa
Nnyini abalungi
Nnyini abasajja
Nnyini abalenzi
Muzaawuse
Yee.

Kati kati kati mulabe Ensi mugisudde nga
Ensi mugisinze nga ne sitaani Ne sitaani omukemi agudde
Omukemi agudde mu luwonvu Laba mbawadde .....

Ggula Omulyango omugazi
Ggwe abakulu bayite
E .....E x2

437. MUYOGEEYOGE MMWE ABAZIRA

(Ben Jjuuko)

Ekidd.: **Muyogeeyoge nnyo, muyogeeyoge mmwe abazira**
Mmwe mukulike nnyo okuwangula. x2

1. Mwewaayo Abajulizi abazira,
Tubakulisa olutalo luzibu
Mwamuwangula sitaani alimba
Ne mutikkirwa engule ey'obuwanguzi
2. Bwe mwegaana sitaani omuzigu
Mwewaayo okufiirira amazima
Gwe mwasenga Kristu abamala
Ka tusabe naffe obuzira.

3. E Namugongo mwayokebwa omuliro
Ne muguma nga musaba Omutonzi
Baabasalaasala obulere
Ne muwangula mu bulumi obuzibu.

4. Omusaayi gwammwe, Abajulizi abazira
Ye nsibuko, eddiini yo etinta
Naffe kati ye ddiini gye tusoma
Ka tusabe naffe obuzira.

5. Baganda baffe Abajulizi abazira
Mutusabire naffe obuzira
Tumwegaane sitaani omuzigu
Tuluwangule olutalo oluzibu.

438. MMWE AB'EKITIIBWA *(W.F.)*

Ekidd.: **Mmwe, ab'ekitiibwa**
Mubugaanye essanyu mwesiimye,
Tubawanjagidde,
Mutuyambe mu kwerokola.

1. Ayi Mukama! Abajulizi,
Be tutenda mu nnyimba zaffe,
Baakukiza obulamu bwabwe,
Baalabira ku Mununuzi.

2. Ggwe wabawa okuwangula,
Abambowa abakanga ddala,
N'obazibira nga balwana,
Olutalo oluvannyuma.

3. Abazira abaatufiirira,
Tubatenda okukkiriza;
Tubatenda n'okusuubira,
Era tubatenda okwagala.
7. Baganda baffe Abajulizi,
Tunyiikire okubeeyuna;
Be baganzi b'Omulokozi
Tubasabenga okutujuna.

439. NJOZAAYOZA BANNAFFE

(Fr. James Kabuye)

Sop: Yee, njozaayoza bannaffe Abajulizi

Abaafa baalulinnyako *(Bass)* Mukulike Namugongo
Basajja mwalwana ,, ,,
(a) Bajulizi abaafa ,, ,,
Basajja mwalwana ,, ,,
(b) Basajja mmwe abaafa ,, ,,

Sop: Mwalulinnyako olutalo nnamuzisa temwekanga mwali bagumu
ng'ejjinja temwekanga
Olutalo lw'omuliro nnamuzisa mwaluwangula ngeri ki?
Sop: Hi ha hi, sso abaana abangi abaabonaabona omuliro. x2

Bass: Baabalanga ki nze mpa ensonga Mwanga ebassisa abasomi?
Sop: Baabalanga ki abaffe? Baana baabalanga ki? x2
Bass: Bwe mutalekeeyo kusoma, mwenna ka babayokye e Namugongo
Sop: Ssiva ku Yezu nze, sijja kumwegaana ne bw'atta nneesiima.
Tugenze kwesiima.
Bass: Bwe mutalekeeyo kusoma, mwenna ka babayokye e Namugongo.

Sop: Namugongo olyotya? Ettambiro ekkambwe ozisa abakuzzeeko?
Bass: Mwanga nnaakugamba ki ggwe nno! Ggwe atta abasomi n'obookya!
Sop: Gy'ali gy'ali asala omusango; Mwanga olimudda wa ggwe ate?
Bass: Olikala ng'omuddo ogutannakuulwa, obuyinza bwo obwonoonye
Sop: Munywere, munywere abaana abawanguzi b'entalo.
Bass: Munywere *Sop:* Munywere
Munywere Munywere abaana abawanguzi ntalo
anaabatiisa anaava wa, munywere.

Bass: Munywere x2
Munywere *Sop:* Munywere abaana abavubuka Katonda ageza.
Ageza x4 (a) Mukulike omukka - mukulike obulumi
Katonda ageza (b) Mukulike ebbabe - mukulike effumu
Sop: Kati nno, kaakati mutudde ntende *Bass:* Mbatenda
Mu ssanyu mutudde ntende - ewaffe.

(b) Kaakati muli mu ddembe - mbatenda
Ennaku ziwedde amangu - kafuuwe.

(c) Abaafa muli mu ddembe - mbatenda
Entalo ziwedde ez'ensi - ezammwe.

Sop: Tusaba kimu bannaffe *Bass:* - Abeewaayo
Mutusabire tweveemu - bulamba
Eddiini tuginyweze ffenna - n'amaanyi.

Tutti: Tugyagale okusinga ebirala bye tulina ffe,
N'obulamu bwaffe, n'ekitiibwa kyaffe bye tweresa mu nsi muno
Byonna mu ggulu tubifuna mu bujjuvu, ate bya lubeerera.

440. NOA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Noa ffe tukutenda olw'obuzira bwo, Noa,**
Bakambwe abambowa
Wabeeranga, Noa, bwe baakufumita tiwesasa,
Wafa nga Yezu mu buwulize;
//Tuyambe tunywerere ku Yezu
Tutuuke ewa Kitaffe mu ggulu// x2
Tutuuke ewa Kitaffe mu ggulu.

1. Wazaalibwa Nkazibuku eyo mu Busujju.
   Bakadde bo: Musaazi ne Mmeeme baakugunjula
   Wayigirayo n'ogw'okubumba waguva buto
   Gwe gwakusenza ewa Mukwenda mu Kirumba.

2. Wasomera Kiyinda kumpi ne Mityana,
   Wayolesa amagezi n'obuvumu obutagambika
   Wagumalako ogw'obulonde n'okakasibwa.
   Wakulira ewa Mukwenda e Mityana.

3. Omulimo gwo, mubumbi w'embuga nnakinku
   Wagukoza magezi n'ossaako n'obugunjufu
   Wali muwazi ow'amaliba omuwulize
   Mulimo gwo nga bagusiima mu Kirumba.
4. Wasomesa ogw'obulonde mu Kiyinda
   Kye mwakola, Matia ne Luka kyatutumbula
   Ne wasituka abasomi bangi mu Mityana.
   Nga basoma emisana n'ekiro mu Kirumba.

5. Wasangibwa ewa Luka wano e Kiyinda
   Abambowa lwe bajja n'ovaayo n'obuzira bwo
   Ng'oli mugumu nga bakubuuza ggwe wabaddamu:
   "Ffe tuutuno, tetutya n'akamu buli ekijja".

6. Watwoleka bw'olumirwa ennyo ebikukwasibwa.
   Mirimo gyo wagikoza buvumu ko n'obwesigwa.
   Kye tukusaba emirimo gyaffe gye tusiibamu
   Tuyambe tugikolere Kristu oyo Katonda.

441. OLWATUUKA *(Joseph Kyagambiddwa)*

1. Olwatuuka, ku mirembe gya Mwanga nze mbabulire,
   Ekyaliwo e Buganda ayi abasomi bannange ekyaliwo e Buganda,
   Kye ky'Abajulizi abaafa ekyaliwo e Buganda.

Ekidd. **Waggulu ewala abaana, Katonda ab'ettendo be yalinnyisa**
Leero abakulu mu ggulu ddala ku lwa Yezu bo omusaayi
Mu nsi eno baagubundula, tubakulise.
Nze ngulumiza ntenda, abazira abaana abo Abafirika,
Era abalungi mu ngeri, kati ku lw'enneema ey'obuzira
N'amaanyi baabali wali, be Bajulizi.
Alleluia, alleluia abalenzi abaaka enneema x2
Abatuukirivu.

2. Ng'eddiini ezze, eyaleetebwa Yezu nno Omulokozi,
   Ekyaliwo e Buganda, mu basomi b'eddiini ekyaliwo e Buganda,
   Kye ky'Abajulizi abangi abaaliwo ku Mwanga.

3. Bwe batuuka, abatume b'eddiini mu Bufirika
   Ekyaliwo e Buganda, ku basomi b'eddiini ekyaliwo e Buganda
   Kye ky'Abajulizi abattwa, ewa Kabaka Mwanga.

4. Abaanyweza, amateeka ga Yezu mu bulunngamu,
   Ekyabagwira kiikyo, abakwasi b'eddiini ekyabagwira kiikyo,
   Kye ky'okubatta bonna abo, ekyabagwira kiikyo.

442. SITAANI NG'EMPIIGA EMUYINZE *(M.H.)*

1. Sitaani ng'empiiga emuyinze

N'eddiini ya Yezu ng'esinze:
N'akwasa Mawanda ku kkooba,
Wamma ggwe Buganda n'ewooba.

Ekidd.: **Mu magezi Katonda**
Aswaza ab'amaanyi;
Abanafu b'alonda
B'afuula abalwanyi.

2. Tutende Yozefu omusaale,
N'eggye lye eriswaza lubaale.
Lizze e Namugongo liyimba,
Ku lyo kwe tubanga tusimba.

443. TETUKYADDA MABEGA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ffe bazzukulu b'abo abasooka okukkiriza Kristu mu Uganda
Tuli bazzukulu b'Abajulizi: ffe ggwanga eppya erya Katonda mu Uganda
Tetukyadda mabega - tetukyadda mabega.

Ekidd.: **Ababaka b'Omukama abaaleeta eddiini, laba be baatuwa ffe okukkiriza**
Baakola na maanyi nga bakuluusana abo, laba be baatuwa ffe amazima
Tutambule ne Yezu mu kkubo ery'abatuufu, laba gwe baatuwa oyo atumala
Baakola bulungi abo abaatema oluwenda, laba eddiini yiino etinta.

1. Twebaze Katonda — Nnannyini buyinza
Oyo atuwadde ebingi — Mu Uganda yonna
Twebaze Katonda — N'omutima gwonna
Akolera mu ffe — N'ayitiriza
Yatuma abalangirizi — Ne batumanyisa amazima
Ne batuwa ekitangaala — Ye Kristu oli
Twebaze Katonda — Emyaka kikumi ddu
Nga ali wamu naffe — Tuli baana be **(Ababaka ...)**

2. Omulimo gwe baakola abo — gwali munene
N'ebirungi bye baatuwa — wamma byali bikulu
Okukkiriza kwe baatuwa abo — baatema kkubo
Ffe- abakkiriza mu Kristu — wamma tuli mu ddene
Baatuwa Mukama Yezu — ne tumatira
Tunyiikire okutuusa byonna — by'atulagira
Ekigambo kya Mukama Yezu — basiga ensigo
Esaasaane Uganda yonna — ebeere mu ssanyu **(Ababaka ...)**

3. Bingi mazima Bajjajja — bye baatuteerawo
Bonna baafuba n'amaanyi — nga tebeeganya
Eddiini mazima yabassa — abo abazira
Bonna baalina kimu kyokka — kya kunyiikira
Naffe mazima kituufu — ffe kye tulina
Ffenna tusaana tufube nno — okuwangula
Sitaani amazima tumwegaane — mu buli ngeri
Ffenna tunywerere ku Yezu — olw'omukwano gwe
Centenary ddala gye tukuza — etusanyusa
Kirabo kyava wa Kitaffe — olw'omukwano gwe.

4. Okumwebaza ddala okutuufu — kwe kuwondera
Bonna abazira abaasooka — tubalabireko
Naffe twevuma sitaani — n'emitego gye
Leero twetema okutuusa — ebiragiro

Batismu - etubanja okunyiikira
Ffenna - twogere kimu kyokka kya kuwangula
Okunywerera ddala ku Yezu bwe buwanguzi
Yezu tusaana tumunyweze atubeeremu
Mu ffe nga ddala atubeera ng'atulambika
Leero ebijja gawanye byonna ng'atuwanguza.

TUMALIRIRE:

Tweweeyo tweveemu - tweweeyo okuwondera Abazira
Tweweeyo tweveemu mu kyasa ekiggya kye tulimu.

Tuli baana ba Mapeera tumuwondera, Katonda ye yekka gwe tusinza
Twasenga Kristu ne tuba babe, oyo ddala ye yekka gwe tunoonya
Okwagala Kristu kutuwujja, laba ddala olwo ffenna twewaddeyo
Okukkiriza okunywevu kwo ye ngabo, laba ddala ye yokka gye tukutte
Twayambala Kristu tuli baggya - Kristu gwe tulonze emirembe
N'emirembe tetukyadda mabega.

444. TWEWUUNYA OBUZIRA BWO

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Twewuunya obuzira bwo ggwe ataatya kuyokebwa,**
Omuto ddala weewaayo okubeera Yezu,
Ayi Kizito omwesiimi Luwangula,
Ggwe tufunire eri Yezu Omukama Katonda,
Enneema ey'obuwanguzi. x2

1. Mu mirembe egy'edda, mu nsi ya Uganda
Nga tetumanyi na ddiini,
Yezu n'atuyamba, n'atuma abasaale,
Bagobye e Buganda
Ne batandika okusomesa.

2. Ku mirembe Emyanga, nga kiri mulaala,
Ne batandika olwo eddiini
Bangi bagikutte, basoma obutezza,
Ne Mapeera ku olwo,
Ng'abayamba okweyatulira.

3. Ggwe Kizito omwana, okuva obuto bwo,
Weeragirawo ggwe bw'oli
Weewala ebikyamu, n'okola ebirungi
N'ozikyawa emmandwa,
Okuva obuto oli muzira.

4. Wasoma kironde, ng'otegeera bingi
Amagezi go nga mangi
Yezu n'akuganza, n'akuwa ggwe enneema,
N'osobola bw'otyo,
Okuva ku byokulagulwa.

5. Nga bakutte bangi abasomi enkwata,
Wasigalawo ng'onywedde,
Bangi baakugamba: weewale abajeemu,
By'osoma bisuule,
Oleme kufa obumbula.

6. Nga muli bakwate wasaba Karoli,
Kubatizibwa mu ddiini,
Yezu n'akufuula omwana gwe yalonda,

Ow'olulyo olulonde,
Okuva olwo n'oba Kizito.

7. Omuzadde wo oyo ng'alira amasajja,
   Yakukangamu ggwe omwana,
   Naawe n'omugamba, ssebo nze nkugaanye,
   Nja kufa ku lwange,
   Ffe tugenda waffe mu ggulu.

8. Ku kikoomi erudda, ng'otunula bw'oti
   Ne bakuttisa ggwe ekiggo,
   Bw'otyo n'osirikka, olw'oyo gwe waganza,
   N'osomoka bambi
   Mu ggulu okuba ne Yezu wo.

445. YE MMWE EKITIIBWA KYA UGANDA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ye mmwe kitiibwa kya Uganda eky'emirembe,**
Mu nsi yonna ttaala za Yezu ezitemagana,
Musingi gw'eddiini entuufu
Mmwe Abajulizi abasaale,
Mutusabire mutuyambe tubeesiga.

1. Ebimuli by'eddiini byayanya mu nsi yaffe,
   Katonda ow'obuyinza bwe yalonda abazira nnantagobwa,
   Yabawa gali ate, ne bagumira amasamba n'okunyoomwa
   Baabasalako emikono, abalala baabookya nga balaba.

2. Ebimuli bya Roza byayanya mu nsi yaffe,
   Katonda ow'obuyinza bwe yanyweza abazira nnantawetwa,
   Yabawa gali ate, ne basobola okunywera ne Katonda,
   Baabatiisa nnyo abalabe, abasomi beewaayo nga balaba.

3. Ebimuli eby'ettendo byayanya mu nsi yaffe,
   Katonda be yalonda abataasa, abakuuma n'abagobya,
   Omusaayi ogwayiika ne gumerusa emitunsi egibala ennyo
   Kyababuukako okulaba nga abasomi baaze nnyo okukamala.

4. Ebimuli bya Yezu byakula mu nsi yaffe,
   Katonda tumuganze be yalonda, okumanya bw'alokola,
   Yatuma Mapeera ajje, eyatusomesa okubeera aba Katonda.
   N'ayigiriza nga tatya, abasomi n'abagumya okukamala.

446. YOZEFU MUKASA *(Joseph Kyagambiddwa)*

Soprano

Ekidd.: **Yozefu Mukasa eyasooka**
Ng'afiira eddiini ye, - Mulabe Mukasa agasa (Yozefu) abeera mu ggulu.
Oh! Kati yeesiimye yesanyukira! - Mulabe Mukasa agasa (Yozefu) abeera mu ggulu
Yezu gw'aganza era bali wamu! - Mulabe Mukasa agasa.

Abakulembera:

1. Kitawe olwamutemako ensingo eddaamu n'eyiwa
   Mukasa n'agenda waggulu ewala.
   Mulabe Mukasa agasa*///* *(Ekidd.:)*

Abakulembera:

2. Balikuddembe emussisa eddiini sirigireka,
   Ndayira ssegomba kintu kirala.
   Mulabe Mukasa agasa*///* *(Ekidd.:)*

Abakulembera:

3. Mukama omuzirakisa ambeere; ekkubo lye ndimu,
   Mukasa ly'asambye nze ngoberera.
   Mulabe Mukasa agasa*///* *(Ekidd.:)*

EZABEPISKOOPI

447. ABEEREWO ALUNDE ABANTU BO

(Fr. James Kabuye)

(Tusabire Omusumba waffe....)
Ekidd.: **Abeerewo alunde abantu bo,**
Mu buyinza bwo ayi Mukama
Abeerewo alunde abantu bo,
Mu kitiibwa ky'erinnya lyo.

1. Wayogera dda ng'olabise n'ogamba Abatuukirivu bo nti:
   Owobuyinza mmutikkidde engule, omulondemu mmuggye mu ggwanga.

2. Nzudde Daudi omuweereza wange,
   Mmusiize Omuzigo gwange Omutukuvu.

3. Ekiseke kyange kimubeerako bulijjo
   N'omukono gwange gumugumyenga.

4. Omulabe tajja kumukwenyakwenya,
   N'omubi oyo taamunyigirize.

5. Obwesigwa bwange n'omukwano gwange biri naye,
   Era mu linnya lyange obuyinza bwe buliyitimuka.

6. Emirembe n'emirembe ndimukuumira nze omukwano gwange,
   N'endagaano yange teribaako gy'edda.

448. AWANGAALE PAAPA WAFFE

(Fr. Expedito Magembe)

1. Ye lwe lwazi - Omukama
   Kwe yazimba - Eklezia atutwala
   Ye lwe lwazi - Paapa
   Ddala ddala - Eklezia
   Kw'enyweredde n'abeera omu n'Omusumba omu.

2. Kristu - Ye Musumba
   Paapa - Ye musigire akumaakuma obuliga.
3. Mukama kuuma - Paapa waffe
   Kuuma - Paapa waffe
   Awangaale ng'alamula - Eklezia abeere omu. x2

4. Paapa - Mukuume
   Paapa - Muyambe
   Paapa - Munyweze Paapa waffe.
   Omukuume, omuyambe
   Lugaba Ddunda Nnantalemwa.

   Omukuume, omuyambe
   Paapa waffe omukuume
   Ddala omukuume, omuyambe Paapa waffe.

449. AYI MUKAMA ATAGGWAAWO *(W.F.)*

1. Ayi Mukama ataggwaawo!
   Amaaso go ag'ekisa,
   Gateeke ku mugole wo,
   Eklezia Nnyaffe ddala.

   Ekidd.: **Omukuume, Omukuume**
   Paapa waffe Omukuume.

2. Ayi Mukama ataggwaawo!
   Kitaffe oyo gwe wassaawo!
   Muwe amaanyi mu mwoyo,
   Awangule abalabe be.

450. GGWE MUSUMBA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tukwanirizza, ggwe Musumba,**
Atalundira mpeera gw'atuwadde, ggwe Musumba
Tulambike otutwale ew'Omusumba,
Ssabasumba Yezu,
Tube kimu ffenna, tube kimu ffenna.

1. Ggwe musika anti ow'Abatume, Ggwe mugabe Ddunda, gw'agabye
   Tukwanirizza, tukukkirizza, ggwe mugabe waffe.
   Tukwanirizza, tukukkirizza, Ddunda akukuumenga.
   Ggwe kabonero akalabika, nti Kristu Omusumba, ali naffe.
2. Ffe mubiri ogwa Kristu, ggwe mugabe ayunga b'oyise,
   Tukwanirizza, tukukkirizza, Ssebo mutwe gwaffe,
   Tukwanirizza, tukukkirizza, Ddunda akukuumenga.
   Ggwe kabonero akalabika, nti Kristu Omusumba, ali naffe.

3. Lunda endiga ggwe n'amagezi. Ggwe mugabe yamba eziwabye.
   Tukwanirizza, tukukkirizza, Ddunda akunywezenga,
   Tukwanirizza, tukukkirizza, Ddunda akuwe byonna,

Ggwe kabonero akalabika, nti Kristu Omusumba, ali naffe.

451. KATONDA KUUMA OMUSUMBA

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Ye.....**
Ye Musaserdooti omukulu mu ffe.

1. Abakristu ffenna
Tusabe Katonda
Akuume Omusumba
Akuume naffe ffenna b'alunda.

2. Katonda Lugaba
Okuume Omusumba
Abe mulamu nnyo
Omusumba mwesigwa ewuwo Ddunda.

452. TWANIRIZE *(Ben Jjuuko)*

Ekidd. I: **Twanirize, twanirize,**
Twanirize, twanirize.

1. Ani oyo — Omugenyi w'ettendo atuuse
,, ,, — Omusumba w'Abatume atuuse
,, ,, — Omusumba omulungi owaffe
,, ,, — Omutume w'Omukama atuuse.

2. Twesiimye — Omutume atuuse
Tweyanze — Omusumba omulungi
Lw'azze luno — Anti aleese
Wano ewaffe — Mwoyo w'amaanyi.

Ekidd. II: **Mmwe muyimbe - musaakaanye**
Mmwe muyimbe - musaakaanye.

3. Kubanga — Omusumba waffe wuuno
Atuuse — Omusika wa Kristu Omukama
Kikuuno — Omusumba w'endiga wuuno
Ffe endiga zo — Tukwagala nnyo ggwe Kitaffe.

Ekidd. II: **Mmwe muyimbe - musaakaanye**
Mmwe muyimbe - musaakaanye.

4. Twesiimye — Ayi Kristu
Tweyanze — Omutume wa Kristu
By'oyogera — Eri ffe endiga zo
Tubikakasa — Bigambo bya Yezu.

Ekidd. I: **Twanirize, twanirize,**
Twanirize, twanirize.

453. YE WUUYO OMUSAALE WA YEZU

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Ye wuuyo omusaale wa Yezu gw'atuwadde.**
Ye wuuyo Katonda gwe yalonda n'amuteekawo,

Afuge, alamule Eklezia we, abune wonna,
Tweyanze ssanyu lya nsusso.

1. Katonda yeebale,
Atuwadde anti olwaleero luno,
Musumba omwagalwa.
Ffenna twejage, tujaguze,
Twebaze Ddunda wamma.
Wuuno gw'asiimye okufuga wamma,
Gy'ekoma Eklezia.

3. Ye ggwe eyalayira,
Ng'omuwa omuggo azimbe Essaza,
Ng'alunda abantu bo
Endagaano yo temenyeka,
Gy'okuba enywera ddala
Yamba gw'osiimye, Kitaffe ono,
B'afuga tunywere ffe.

EZAMAZIIKA

454. BAKWANIRIZE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Bakwanirize, Abatuukirivu ab'eyo mu ggulu bakwanirize,**
Kristu eyakuyise, akutuuse gy'ali.

1. Abatuukirivu b'Omukama ne Bamalayika, bakusisinkane,
Bakutwale gy'atuula Oyo ali waggulu ddala.

2. Oyo eyakuyise, Kristu Omusaasizi, akusisinkane,
Bamalayika wamma bakutwale eri Yibraimu jjajjaawo.

3. Muwe ekiwummulo ekitaggwaawo ayi Mukama, ng'omusisinkanye,
N'ekitangaala eky'olubeerera kimwakirenga bulijjo.

455. BALINA OMUKISA BANO *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Balina omukisa bano ew'Omukama,**
Omulokozi w'ensi alibasaasira,
Balina omukisa bano ew'Omukama.
Ezzadde ly'abanoonya Mukama Katonda.

1. Ensi ya Mukama na byonna ebyo ebigijjuza,
Enkulungo y'ensi n'abo bonna abagisulamu.

2. Anti yagizimba ku mayanja, n'aginyweza ng'agiteekamu emigga,
Omutonzi w'ensi, mmwebaza mmutenda.

3. Ani alyambuka ku lusozi lw'Omukama, n'ayimirira mu kifo kye Ekitukuvu?
Ow'emikono omutali musango, ow'omutima omutukuvu.

4. Atateeka mwoyo ku ebyo abitagasa, n'atakwenyakwenya munne ng'alayira.
Ow'emikono omutali musango, ow'omutima omutukuvu.

5. Ono alifuna omukisa ew'Omukama, n'empeera ewa Katonda eyamulokola.

Lino lye zzadde ly'abanoonya, amaaso ga Katonda oyo owa Yakobo.

6. Emiryango nammwe musitule obubuno, n'enzigi mwenna ez'edda mwesitule,
   Kabaka nnyini ow'ekitiibwa. ayingire kati.

7. Kabaka sso ow'ekitiibwa y'ani oyo? Omukama
   Omuzira omuyinza, omuzira kayingo mu ntalo.

456. BAMALAYIKA BAKWANIRIZE

(Ben Jjuuko)

Ekidd. I: **Emirimu gyo ogimaze ku nsi, owoluganda ogenze ozzeeyo,**
Ozzeeyo ewaffe eyo, ewa Kitaffe Ddunda.

1. Obugagga bwo obulese bwonna,
   Ebitiibwa byo obirese byonna
   N'emikwano gyo ffenna otulese,
   Ozzeeyo ewaffe eyo, ewa Kitaffe Ddunda.

Ekidd. II: **Bamalayika ng'otuuse eyo, bakwanirize,**
Abatuukirivu ng'otuuse eyo, bakwanirize
Kristu eyakuyise, akuwummuze mirembe.

2. Ffe mikwano gyo kaakati ffenna,
   Ffe kye tulina okukola kyokka
   Kwe kuwanjaga eri Omukama,
   Akuyingize mu nju ewaffe, ewa Kitaffe Ddunda.

3. Kati ffe b'olese nga tuli ku nsi,
   Ekyo kye tulina okukola ffenna,
   Kwe kulwanyisa byonna ebikemo,
   Tukusangeyo eka ewaffe, ewa Kitaffe Ddunda.

457. BAMALAYIKA OBUTABALA BAKUTWALE *(Fr. James Kabuye)*

1. Bamalayika obutabala naawe,
   Bakutwale gy'ali mu ggulu wamma.

Ekidd.: **Tukukwasa omwoyo gw'omugenzi ono**
Ggwe Kristu eyamuyise.

2. Eggulu lijaguze ggwe lw'ogenze
   Nga likulisa ggwe omuzira wamma.

3. Ng'olamula omugenzi ng'atuuse
   Ggwe musaasizi atasingika gy'azze.

4. N'Abatukuvu bannaggulu abangi,
   Bayanirize ono mu ggulu wamma.
5. Yeruzalemu omugenzi gy'ogenda,
   Kye kibuga gy'oba mu ddembe wamma.

6. Ggwe omuyinza wa buli kimu Ddunda,
   Zuukiza munnaffe ono lw'azze ewuwo.

7. Ggwe eyazuukiza Lazaro oyo omwavu,
   Tukukwasa n'ono gw'oyise n'ajja.

458. BEESIIMYE ABO ABAFIIRA MU MUKAMA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Ba mukisa abafiira mu Mukama,**
Ba mukisa abafiira mu Mukama.
Beesiimye, beesiimye, beesiimye abo:
Nga beesiimye, nga beesiimye, nga beesiimye abafiira mu Mukama.

1. Baali beesigwa ku nsi ne bamuweereza oyo Katonda,
   Kati bali wamu n'Omukama mu kiwummulo eky'olubeerera.

2. Mwoyo agamba: okuva kati okukola kuwedde,
   Mwoyo agamba: okutegana kuwedde.
   Ebirungi bibagoberera, bye baakola bye bagenze nabyo.

3. Bawummudde, bawummudde, bawummudde mu Mukama;
   Bawummudde mu ddembe.

459. BWE TUFA *(W.F.)*

Ekidd.: **Bwe tufa, bwe tufa, byonna tubireka;**
Bwe tufa, tugenda ffekka ffekka.

1. Mujje abantu, mujje mwenna
   Mujje mulabe mu ntaana,
   Byonna bye mugoberera
   Olumbe bwe lubikola.

2. Ng'omubbi bw'ajja ekiro
   Bonna nga beebase otulo,
   N'olumbe bwe lututwala
   Mu budde bwe tutamanya.

5. Byonna by'okunngaanya ku nsi,
   Mugagga, biriba bya ki?
   Ku ebyo bye wesiimamu
   Tojja kusigaza kantu.

460. EGGYE LYA BAMALAYIKA

(Fr. James Kabuye)

Ekidd.: **Eggye lya Bamalayika likwaniriza sso,**
Ofune ne Lazaro omwavu, ekiwummulo eky'emirembe.

1. Omukama mmwagala kubanga yawuliriza
   Eddoboozi ly'okuwanjaga kwange,
   Kubanga yantegera okutu nze, ku lunaku lwe nnamukoowoola.

2. Emiguwa gya walumbe gy'anzingirira,
   Emitego egy'emagombe gintuukirira,
   Ne ngwa mu kweraliikirira ne mu nnaku.

3. Nnakoowoola bukubirire erinnya ly'Omukama,
   Lokola obulamu bwange, ayi Mukama nze nkwesiga.

4. Omukama wa kisa, mutuufu Katonda waffe ng'asaasira.

Omukama y'akuuma abatene, nnali mu nnaku Ye n'andokola.

5. Mwoyo gwange weddire mu nteeko,
   Kubanga Omukama yakukolera bulungi bulala.

6. Kuba anti Ye yawonya omwoyo gwange mu kufa okutiisa,
   Yawonya amaaso gange mu maziga, n'ebigere byange kugwa mu mutego.

7. Nze nditambulira mu maaso g'Omukama
   Nditenda Omukama, mu nsi y'abalamu eyo.

461. EMYOYO GY'ABATWALIBWA *(M.H.)*

1. Emyoyo gy'abatwalibwa,
   Mu Purgatori,
   Ginyolwa nga gisasula
   Ebbanja ery'ebibi.
2. Kimu kyokka gisuubira,
   Okulaba Yezu,
   N'okwesiima n'okubbira
   Mu ssanyu erijjuvu.
3. Ensinda gye gisindamu,
   Ku nsi tesangika;
   N'enkaaba gye gikaabamu
   Nayo tegambika.

5. Katonda yamba abaana bo,
   Ababonaabona;
   Era tuma ababaka bo
   Babawonye bonna.

462. FUBA, FUBA, EGGULU YE MPEERA *(W.F.)*

Ekidd.: **Fuba, fuba, eggulu ye mpeera**
Fuba, fuba, eggulu ye mpeera.

1. Eggulu ye mpeera
   Kigambo kya kitiibwa
   Noonya mu ssanyu lyonna
   Lino lye lisinga.

2. Eggulu ye mpeera
   Mu nnaku zo, omukristu
   Toterebuka nywera
   Ng'osuubira eggulu.

3. Eggulu ye mpeera
   Emikwano gy'oku nsi
   Gyonna giriba gya ki
   Yezu bw'omufiirwa.

463. KRISTU ONZIJUKIRANGA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Kristu onzijukiranga, ng'otuuse, mu bwakabaka bwo onzijukiranga**
Kristu onzijukiranga, ng'otuuse, mu bwakabaka bwo nzijukiranga.

1. Omukama annunda nze, mpaawo kye njula nze,
   Yantuusa mu malundiro amalungi gonna ne ngalamira.

2. Yantwala eri amazzi amangi, gye mba mpummulira nga nnywa nze,
   Omwoyo gwange n'aguzzaamu, endasi mmutenda.
3. Ku olwo yampisa mu bukubo, obugolokofu obutuusa amangu,
   Olw'okubeera erinnya lye ekkulu eryo, eritukuvu.

4. Ne bwe ntambula mu kiwonvu eky'enzikiza, ekikutte be ppo,
   Sitya nze bubenje bwonna, kubanga Ggwe oli nange.

5. Oluga wamu n'omuggo gwo, nange binkubagiza,
   Ontegekera olujjuliro nga batunula, abalabe bange.

6. Ogwange omutwe ogusiiga omuzigo, ekikompe kyange ne kibooga,
   Ekisa kyo n'omukwano bingoberere ennaku zonna, ez'obulamu bwange.

7. Nnaasulanga mu nju eno ey'Omukama, emirembe gyonna nze,
   Nnaasulanga mu nju eno bulijjo, emirembe gyonna.

464. LUGENDO LUNENE *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Lugendo lunene Mukama y'amanyi,**
Obulamu obw'oku nsi lugendo lwa kufa.
Lugendo luzibu, wamma lugendo,
Lugendo lunene, si lwangu.

1. Bwotomutuuka Katonda wo, olugendo terukoma,
   Bw'omutuuka Katonda wo, olwo olugendo nga lukoma,
   Obulamu bw'olina lugendo lwa kufa, bw'otuuka gy'olaga nga lukoma
   Anti oluzaalibwa ggwe n'olutandika, emyaka gy'omala gibeera gya kufa
   Mu buno obw'okufa ggwe mw'oyita, n'ogenda gy'olaga mu bw'olubeerera.

2. Okufa kulungi kw'abo abamwagala Omukama, kulinga omulyango mwe bayita
   Okusisinkana Kristu, Kristu abatuusa eri Kitaawe. x2

3. Mukama gw'omanyi ..... bw'oba omusanze,
   Ng'okyali ku nsi ..... n'eri bwe guliba.
   Obulamu bw'olina ..... nabwo yabukuwa,
   Era akulambika..... ggwe nywera beera mwesige.
   Ebirungi by'olina ..... ku nsi eno bikoma,
   Kyokka ebiri eri ..... byo tebikoma.
   Bw'oba ng'onyiikira ..... era nga weegayirira,
   Olibeera wuwe ..... walumbe n'akoma.
   Mukama atalemwa ..... era omuyinza,
   Bw'ofa ng'omwagala .... oba omutuuse.
4. Yee bwe tulituuka tulisangayo Mukama n'atuweera.
   Yee bwe tulituuka tulisanyuka nnyo, kubanga tuliba babe.
   Yee ffe abaamusenga, tuliba babe, Mukama n'atuweera.
   Yee alitugamba, mmwe abannywererako, mujje eno ne mbaweera,
   Yee alitusiima nti mwalumwa nnyo, kyokka ne muguma nnyo,
   Mmwe abantu bange, njagala mbawe ku byange eby'obusika.

5. Bw'olimalirira (mu mutima) ne weewaayo olibeera eri abalungi gye babeera,
   emirembe gyonna.
   Bw'olimalirira (mu mutima) ne weevaamu olibeera eri abalungi gye babeera. Emirembe n'emirembe.

465. MU KRISTU TULI BALAMU

(Fr. Expedito Magembe)

Kristu bwe bulamu bwaffe - Kristu kwe kuzuukira kw'abafu
Kristu bwe bulamu bwaffe - Kristu mu ye tuli balamu emirembe.

1. Tuli ba kiseera ku nsi tuggwaawo -
   Tuli nga omuddo ogw'oku ttale oguliwo kati, enkya ne guggwaawo.

2. Tuli ba kiseera era batambuze
   Tugenda wa Kitaffe gy'atulinze ensi eno - Tugivaako.

3. Yatununula era yatuwonya nnyo
   Yatuwonya walumbe n'atuwa Mwoyo nga gwe musingo nno ogw'obulamu.

   Essuubi lyaffe liri mu ye - Liri mu ye
   Amaanyi gaffe gatuli mu oyo eyatununula - Tumwekola nnyo.

   Kristu Tumwekola nnyo
   Kristu Tumwesiga nnyo
   Ye bwe bulamu, kwe kuzuukira buli amukkiriza:

   Ne bw'alifa aliba mulamu
   Ne bw'alifa aliba mulamu.
   Ne bw'alifa aliba mulamu.

466. MU NFUUFU MW'OLIDDA

(Ben Jjuuko)

Ekidd.: **Muntu ggwe oli nfuufu**
Muntu ggwe oli nfuufu
Mu nfuufu omwo mw'olidda.

1. Omubiri obubiri ogwo gw'obiita,
   Gwa kuvundira ddala ddala ogwo gw'obiita!
   Guggweewo gubule, guggweewo gwonna!
   Okusuubira kwaffe kwe kuzuukira ffenna,
   Kristu eyezuukiza yekka, naffe alituzuukiza.

2. Emikwano gy'oku nsi kuno n'ennganda,
   Obugagga bw'oku nsi kuno n'obwami,
   Ng'obireka byonna aaa! Ng'ogenda wekka.
   Okusuubira kwaffe kwe kuzuukira ffenna,
   Kristu eyezuukiza yekka, naffe alituzuukiza.

3. Obulamu obw'oku nsi eno bw'oyagala
   Bwa luwunguko ddala ddala owoluganda,
   Ggw'asanyuka leero oo! Amangu ago ofa, aa!
   Okusuubira kwaffe kwe kuzuukira ffenna,
   Kristu eyezuukiza yekka, naffe alituzuukiza.

4. By'okunngaanya owoluganda,
   Obirekerera n'ogenda
   Ogenda wekka aa! Obireka byonna aa!
   Okusuubira kwaffe kwe kuzuukira ffenna,
   Kristu eyezuukiza yekka, naffe alituzuukiza.

467. MUTUSAASIRE *(W.F.)*

Ekidd.: **Mutusaasire, mutusaasire,**
Ennaku zaffe nga zituyinze.

Mutusaasire, mutusaasire,
Mmwe mikwano gyaffe, tubeyunye.

1. Abakristu ab'oku nsi,
   Mujjukire ffe bannammwe,
   Tulumwa mu Purgatori
   Okubeera ebibi byaffe.
2. Omutango ogusinga,
   Bwe butalaba Katonda
   Tumumanyi nga wa kisa,
   Sso talema kututanza.
3. Era kye tulaba muno,
   Ekitusasuza ebbanja,
   Gwe muliro ogutwokya ennyo
   Awatali kuwummula.
4. Obanga mutulowooza,
   Mmwe mwenna baganda baffe
   Mutusabire mu Missa,
   Omukama atuwonye.

5. Abekisa mutuyambe
   Nga muwaayo essaala zammwe;
   Tukaaba mutusabire,
   Mutuwonye ennaku zaffe.

468. NNALWANA MASAJJA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nnalwana masajja embiro nzimalirizza,**
Okukkiriza okwo ddala nkukuumye nnyo,
Nnoonya ngule ey'amayisa amalungi,
Omulamuzi omulungi ampe empeera.

1. Obwokusomoka butuuse, nnalwana masajja nze,
   Embiro nzimalirizza.

2. Okuyisa obulungi, ye ngule ekyambulako,
   Alyoke ampeere oyo empeera, alyoke ampeere oyo empeera.

3. Na bonna abeegomba, abamulinda Omukama,
   Ddala alibaweera oyo empeera, ddala alibaweera oyo empeera.

4. Ye yannyamba Omukama, ye yampaniriza nze,
   N'ampa amaanyi ne mpangula, n'ampa amaanyi ne mpangula.

5. Atenderezebwe Omukama, aweebwe ekitiibwa,
   Aweebwe ekitiibwa emirembe n'emirembe
   Aweebwe ekitiibwa emirembe n'emirembe.

469. NZIKIRIZA NGA NDIRABA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Nzikiriza, nzikiriza nga ndiraba ebirungi by'Omukama**
Mu nsi eyo, mu nsi eyo ey'obulamu.

1. Nsaba kimu, nsaba kimu, nnoonya kino okusula mu nnyumba
   ey'Omukama obulamu bwonna.

2. Nsaba kimu, nsaba kimu, nnoonya kino mpulire nze Omukama bw'awooma, mbeere
   mu maaso ge.

3. Nsaba kimu, nsaba kimu, nnoonya kino Omukama annyambe ansaasire, mbeere ddala wuwe.

4. Nnaatya ki? Ng'Omukama bwe bulokofu, kye kigo ekinkuuma bwe bulamu bwange.

470. NZE KUZUUKIRA NZE BULAMU

(Ben Jjuuko)

Ekidd.: **Nze kuzuukira, nze bulamu,**
Angoberera ne bw'alifa aliba mulamu
Nze kuzuukira nze bulamu
Angoberera ne bw'alifa aliba mulamu.

1. Mmwe munywere, mmwe mugume
Mmwe munywere, kubanga anzikiriza mmuzuukiza.
Mmusuubiza alibeeranga mu ssanyu.

2. Ba mukisa abo mu kuzuukira be ndisanga nga batunula;
Nange ndibawa empeera ey'obuwanguzi.

3. Mmwe muyimbe mwenna
Mmwe muyimbe essuubi ery'okuzuukira.
Alleluia, alleluia - alleluia. x2

471. OBUYINZA BWA MUKAMA

(Fr. Expedito Magembe)

Obuyinza bwa Mukama bwa kitalo, obuyinza bwa Mukama bwa nsusso,
Obuyinza bwa Mukama mu ffe, bwa kitalo nnyo.

Bass: Tuli bibya bya bbumba ebyatika, mwe tutwalira ekkula ly'Obutume
Sop: Kkula ly'Obutume litwalirwa mu bibya, kubanga tuli bibya bya bbumba ebyatika.
Bass: Tuli bibya bya bbumba ebyatika, mwe tutwalira ekkula ly'Obutume
Sop: Ekkula ly'Obutume litwalirwa mu bibya, kw'olabira obuyinza bwa Mukama
Bass: Obuyinza bwa Mukama bwa kitalo, obuyinza bwa Mukama bwa nsusso. x5
Sop: 1 Ennaku zitudaaza buli wantu, naye tezitugonza.
2. Tubulwa gye tuva ne gye tulaga, naye tetwabulirwa
3. Tufuna oluusi ebituyuuya, naye tebitumegga.
4. Tufaanana okukenena ne tuggwaawo.
5. Ennaku ezitukaabya ez'oku nsi, nazo ziriggwaawo.
Tuli bibya bya bbumba ebyatika, mwe tutwalira ekkula ly'Obutume.

Bass: Buli wonna we tubeera, okufa okwa Yezu kuli mu ffe
Buli wonna we tubeera okufa okwa Yezu kuli mu ffe. x3
Sop: Kuli mu ffe, obulamu bwa Yezu bulyoke bweyoleke mu mibiri gyaffe, era ebitundu bye.

Tumanyi bulungi ffe, kino ekisulo kyaffe eky'oku nsi bwe kyabizibwa, Waliddawo ekyo eky'olubeerera, a a a a.

Tumanyi bulungi nnyo, buno obulamu bwaffe obw'oku nsi bwe buggwaawo, Tulifunayo obwo obw'olubeerera, a a a a.

Tumanyi bulungi era, ng'eyazuukiza Yezu mu bafu,

Naffe alituzuukiza, olwo ne tuddawo.

Sop: Eyazuukiza oyo naffe alituzuukiza Mwoyo x3.

Bass: 1. Mwoyo ow'obulamu
2. Ky'ava atugumya.
3. Kye tuva tunywera - kye tuva tunywera ffe

Sop: Kye tuva tunywera ffe.

472. TITULABANGA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Titulabanga wadde okumanya wadde okulegako,**
Ku birungi by'ategese -Ddunda
By'ategese olw'abo abamwagala, mikwano gye -Ddunda
By'ategese olw'abo abamwagala, mikwano gye.

1. Tuli balamazi ffe batambuze, ku nsi kuno tuli bayise,
Twesunga ffe tulinda nnyo, okutuuka gye tulibeera,
Bye tuyita ebyaffe bitono nnyo, ebingi biriba eri,
Eby'eno biyita ne biggwaawo, eby'eri bye by'olubeerera.
Obulamu obw'eno bwa luwunguko, obw'eri bwe bw'olubeerera.

2a. Abaliba balwanye - Abazira ennyo
Abaliba bakuumye - Endagaano
Be balibeera eyo mu ggulu eri ffe gye tulaga abalamazi.

b. Abeevaamu abo - Ne bamusenga
Abeewaayo abo - Ne bamuweereza
Be balibeera eyo mu ggulu eri mu maaso g'Akaliga.

c. Abaliba bakuumye - Ebiragiro
Ne babonaabona abo - Olw'erinnya lye
Be balituula abo ku mukono gwe, ku gwa ddyo gw'Akaliga.

3. Ffenna twesunga - Tulituukayo
Singa tulinyweza - By'atugamba oli
Singa twekemba - Ne twevaamu
Bwo obulamu era - Tulibufuna eri
Nga walungi nnyo - Gye tulibeera
Nga beesiima - Abamwagala oli
Ku nsi tulidooba - Olw'erinnya lye
Eri tulisanyuka, talitujuza oli, Katonda, Katonda, Katonda.

473. TULIZUUKIRA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tulizuukira, ffenna tulizuukira**
Tulizuukira ffe mu kitiibwa kya Yezu
Ku lw'oluvannyuma, kw'olwo. x2

1. Nga Kitaffe bwe yazuukiza Omuweereza we oyo Yezu,
Naffe twesiga, era tukakasa,
Ffenna abamumanyi, ng'alituzuukiza!
2. Ng'omukama bwe yayogera, nga ye w'obuyinza obungi;
Naffe twesiga, era tukakasa,
Ffenna abamumanyi, ng'alituzuukiza!

3. Yezu Mukama yayogera, nti: Omuweereza we ng'afudde,
Tafa bumbula, kuba alizuukira,
Ng'ensi eno eweddewo, ku lwoluvannyuma.

4. Yezu Mukama yayogera, nti: Omugaati gw'awa gwa maanyi

Anti gw'ofuna ye Yezu Mukama,
Ajja okuzuukiza bonna abo b'amanyi.

474. TWALA BYONNA BYE NNINA

(Fr. James Kabuye)

1. Mu mikono gyo Ayi Mukama, mwe ntadde omwoyo gwange,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

   Ekidd.: **Twala byonna bye nnina, twala byonna bye nnina**
   Twala omutima guugwo, twala, twala, twala Lugaba
   Byonna bye nnina.

2. Mu buyinza bwo ayi Mukama, mwe ntadde essuubi lyange,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

3. Mu magezi go ayi Mukama mwe ntadde omwoyo gwange,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

4. Nze mba mugumu ayi Mukama Ggwe bw'oba mu mwoyo gwange,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

5. Mu mikono gyo ayi Mukama mwe nzigya eddembe lyange,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

6. Abakumanyi ayi Mukama mu byonna bakwesiga sso,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

7. Okuzuukira ayi Mukama nze bwe nfa nkulindiridde,
   Siibula omuddu wo agende kati,
   Siibula, omuddu wo agende mirembe. x2

475. WA GYE NDISANGA YANTONDA?

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Wa gye ndisanga eyantoda? Mm x2
   Anandaga ekkubo ani? Laba gye tugenda x2

Ekidd.: **Ffe gye tulaga, ka tulamage; Liiryo ekkubo mwe tusimbye,**
Sso nno olugendo luwanvu ddala; ewa Katonda, laba gye tugenda!
Ka tusanyuke, ali mu ggulu, ye Mukama, tumuganze,
Gy'ali wala, Lugaba Ssenkulu, ewa Katonda laba gye tugenda.

2. Ki, gwe njagala atakka eno! Mm x2
   Waggulu gy'asula ave! x2 Laba gye tugenda x2

3. Bo, b'ayagala beesiimye! Mm x2
   Atabajuza kantu! Laba gye tugenda x2

4. Oh, Ssebirungi omwegombwa! Mm x2
   Erinnya lyo litiibwe! Laba gye tugenda x2

5. Ggwe, gwe ndowooza, ojje ontwale, Mm x2
   Katonda, gy'oli, mbeere! Laba gye tugenda x2

ENDALA ZONNA

476. ABAANA TWEGIRIISA DDA *(MH)*

1. Abaana twegiriisa dda
Tuyimba leero kwebaza;
Bassenkulu abasaale
Mmwe mutwesunyaako;
Tutwoggye. Kabona wakutendekwa,
Mutuufu wa balungiya;
Mmwe b'omu nnyumba beene,
Abamutwala embeera ye.

3. Empingu mwatutuusa nka,
Tegooka yiino yeebuga;
Etwaza kaya kayage,
Ebunzabunza mwaza nkwe.
Ka Yezu akaalekaale nno,
Yatwoleka obugambiro,
Kitaawe alyoke awongerwe,
Tuwanngamyemu Omwoyo gwe.

477. ABAFUGA EKLEZIA *(W.F.)*

Ekidd.: **Abafuga Eklezia**
Okubeera Katonda
Byonna bye balagira
Tujjanga kubikwata.

1. Ennaku ez'etteeka
Mu Buganda ziri nnya,
Ozinyiikiriranga
Nga Sande bw'esomebwa

2. Ennaku ezo zonna;
Onojjanga mu Missa
Ng'ogibeeramu yonna,
Ekibi n'okiwona.

3. Ojjukiranga etteeka
Erya Penitensia;
Libaawo buli mwaka,
N'abato libakwata.

479. AMATENDO G'ABATUUKIRIVU

(Fr. James Kabuye)

Ayi Mukama tusaasire — Ayi Mukama tusaasire
Ayi Kristu tusaasire — Ayi Kristu tusaasire
Ayi Mukama tusaasire — Ayi Mukama tusaasire

Maria Omutuukirivu, Nnyina Katonda — Otusabire
Mikaeli Omutuukirivu — Otusabire
Bamalayika ba Katonda Abatuukirivu — Mutusabire
Yozefu Omutuukirivu — Tusabire
Yoanna Batista Omutuukirivu — Tusabire
Petero ne Paulo Abatuukirivu — Mutusaabire
Andrea Omutuukirivu — Tusabire
Yoanna Omutuukirivu — ,,
Maria Magdalena Omutuukirivu — ,,
Stefano Omutuukirivu — ,,
Laurensio Omutuukirivu — ,,
Inyansio ow'e Antiokia Omutuukirivu — ,,
Anyense Omutuukirivu — ,,
Perpertua ne Felista Abatuukirivu — Mutusabire
Gregori Omutuukirivu — Tusabire
Augustino Omutuukirivu — ,,
Atanansi Omutuukirivu — ,,
Basilio Omutuukirivu — ,,
Martini Omutuukirivu — ,,
Benedikito Omutuukirivu — ,,
Fransisko Zaverio Omutuukirivu — ,,
Fransisko ne Dominiko Abatuukirivu — Mutusabire
Yoanna Maria Vianney Omutuukirivu — Tusabire
Tereza Omutuukirivu — ,,
Katalina ow'e Sienna Omutuukirivu — ,,
Lwanga, Mulumba ne Bannammwe Abatuukirivu — Mutusabire
Mwenna Abatuukirivu ba Katonda abasajja n'abakazi — Mutusabire
Tukwatirwe ekisa — Tuwonye ayi Mukama
Buli kabi konna — ,,
Okufa emirembe gyonna — ,,
Olw'okuba weefuula omuntu — ,,
Olw'okutuyiira Mwoyo Mutuukirivu — ,,
Ffe aboonoonyi — Tukusaba tuwulire
Klezia wo Omutukuvu, kkiriza omulambike n'okumukuuma,
Paapa na bonna abali mu madaala g'Eklezia, banyweze mu ddiini obakuume — Tukusaba tuwulire
Amawanga gonna gawe eddembe n'okussa ekimu — ,,
Naffe ffennyini tunyweze mu kukuweereza otukuumiremu. — ,,
Bano b'olonze bawe omukisa — ,,
Bano b'olonze bawe omukisa, obatukuze .... — ,,
Bano b'olonze bawe omukisa, obatukuze, obafuule babo — ,,
Yezu Omwana wa Katonda omulamu — ,,
Ayi Kristu tuwulirize — Ayi Kristu tuwulire.

480. AYI KATONDA KUUMA EGGWANGA LYAFFE *(Fr. Gerald Mukwaya)*

1. Ayi Katonda
   Kuuma eggwanga lyaffe
   Libeere mu ddembe
   Mukama atuyambe.

2. Ayi Kagingo
Kuuma abantu bonna
Bamanye ekisa kyo
Tusaba tuyambe.

5. Ayi Katonda
Yamba abantu ffenna
Tuyise bulungi
Naffe tukusenge.

481. AYI KATONDA YEZU KRISTU *(W.F.)*

1. Mu kiwonvu kino eky'ensi
Oluusi nnyonoona;
Mu lubiri lwo olulungi
Wamma ndiwona.

Ekidd.: **Ayi Katonda Yezu Kristu**
Ng'onnumya nnyo omwoyo!
Olunaku lukye mangu
Ndabe eggulu lyo.

481. AYI OMUTIMA GWA NNYAFFE

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Ayi Omutima gwa Nnyaffe Maria Omuddaabiriza, nzuuno nkwekwasizza.**
Ayi Omutima gwa Nnyaffe Maria Omuddaabiriza, nzuuno nkwewadde.

I. Njagala mu Ggwe mwe mba mbeera nga ndi wamu naawe, ntuuse bye nsuubiza, Batismu yange gye nziramu mu mutima gwo, Mmange nnyamba edde buto.
Okwagala mu Ggwe kwe nnoonya mu mutima gwo, Mmange nnyamba nkutuukeko,
Omulimu gw'Obutume gwe nnoonya mu mutima gwo, Mmange nnyamba ng'onkwatirako.
Omulimu gw'okuddaabiriza gwe nneetemye, Mmange nnyambanga Onkwatireko.

II.
a. Ekitambiro ky'obulamu bwange mu Ggwe mwe mba nkituukiriza ku lwa bannange, nange Omukama asiime.

Ekidd.: **Nkwesingira Mmange onkuume ng'omwana ku mugongo**
Nkwesingira Mmange onnyambe, mu mutima gwo mwe mba mbeera.

b. Omulimu gw'okuddaabiriza ku lwa bannange, nange Omukama asiime
Ekidd.: **Nkwesingira .....**

c. Omulimu gw'okulokola mu Ggwe mwe mba ngutuukiriza ku lwa bannange nange Omukama asiime.
Ekidd.: **Nkwesingira .....**

III. Maria nzuuno — Mbikkirira n'omunagiro gw'obulamu
Nzuuno onkuume — Mbikkirira n'obuzadde bw'onninako

Obulamu bwange — ,, ,,
Maama mbukuwadde — ,, ,,

Byonna ebyo byange — ,, ,,
Maama mbikuwadde — ,, ,,

Okulokoka okwange — ,, ,,
Maama nkukukwasa — ,, ,,

Mu kutegana okwange Mbikkirira n'omunagiro gw'obulamu
Mu bunaku obwange Mbikkirira n'obuzadde bw'onninako

Onnyambe Maria ,, ,,
Ontuuse gy'Ali ,, ,,

Omulokozi Yezu ,, ,,
Ontuuse gy'Ali ,, ,,

482. BAKUUME BALEME KUGWA

(Ponsiano Ssali)

Ekidd.: **Bakuume baleme kugwa mu kabi,**
Batukuze mu mazima g'Ekigambo kyo. x2

1. Erinnya lyo nnalimanyisa abo be wampa
Baali babo n'obampa ng'obaggya mu nsi
Ne bakwata Ekigambo kyo.

2. Ebigambo byo nnabibabuulira ne babisiima
Ne bategeerera ddala ne bakkiriza nga Ggwe wantuma.

3. Beebo nze be nsabira, anti si ba nsi eno wabula babo ku bubwo
Kitange era beebo abangulumiza.

4. Kitange Omutuukirivu abo be wampa sikusaba kubaggya mu nsi
Wabula banyweze mu linnya lyo babeere kimu nga ffe.

5. Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe mbatumye mu nsi
Nze nneetukuza okubeera bo, nabo balyoke beetukuze mu mazima.

483. BAYAMBE AYI MUKAMA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Bayambe ayi Mukama anti bakwemaliddeko. x2**

1. Weewale ekibi, kola bulungi,
Olyoke osigalewo emirembe gyonna. x2

2. Kubanga Omukama ayagala obutuufu,
Talekerera, batuukirivu be. x2

3. Bo batuufu wonna, balirya, ensi eno,
Ne bagibeerako emirembe gyonna. x2
4. Weesige Katonda, ekkubo lye likwate,
Alikusenvuza n'olya ensi. x2

5. Bwo obulokofu obw'abatuufu, bwava wa Mukama,
Kye kiddukiro, mu budde obw'ennaku. x2

484. EBITALIIMU NSA *(W.F.)*

1. Eby'omu nsi byonna,
Bwe tubigoberera,
Bitulimbira ddala
Byonna bitusiriwaza,
Ne bwe tubyagala bituggwaako
Bituleetera n'emisango.

Ekinaasinga;
Tugoberere Katonda.

2. Ekitaliimu nsa:
Kwe kukuluumulula
Ebyobugagga byonna
Obutali bwa kusimba
Ebikolwa byaffe ebirungi
Bwe bugagga bwaffe bwennyini
Bwe bw'amazima,
Bwokka bwe butalimba.

3. Ekitaliimu nsa:
Kwe kululunkanira
Ekitiibwa eky'omu nsi,
Era n'okwegomba obwami,
Ekitiibwa kyaffe ffe abakristu;
Kwe kubeera abatuukirivu:
Bwe bwami bwokka
Obusiimibwa Katonda.

485. EKLEZIA *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

// Eklezia .... Eklezia .... Eklezia .... Eklezia //

1. Eklezia, Eklezia .... Nnyaffe akoowoola, akoowoola, akoowoola
Abatonde ffenna, ng'atulaga Katonda waffe,
Ng'atulaga baganda baffe
Ayagala aboluganda tusse kimu
Atujjukiza gye twava ffenna
Atulaga oluganda lwaffe
Atutabaganya atutwale mu Ggulu
// Eklezia .... Eklezia .... Eklezia .... Eklezia. //

2. // Lwaki akoowoola abantu, nze naawe, ne munno oyo gundi,
Lwaki akoowoola abantu? //

3. // Kubanga waliwo ebitasaanye, EBIKYAMU by'ayagala tugolole,
Kituufu waliwo ebitatuuse, EBIKYAMU bye tuteekwa okuleka. //

4. // Mwoyo Mutuukirivu Omukubagiza afuuyirira ne tutangaala //
// Eklezia awabula .... Abajeemu
Eklezia akomako .... Ke kadde
Eklezia mulanzi .... Mukomeewo eri Kitaffe Katonda ke kadde
Eklezia agamba .... Nti: Tojeema okuva kati togeza. //

5. // Aboluganda .... Okwagala kulemye nfaafa
Obukyayi ..... Obukyayi bwatta dda ensi
Emirembe ..... Bannaffe tukaabya bakaabye
Emisango ..... Emisango tuzza ntakera
Ebya bandi ..... Ebyo nabyo tutwala butwazi
Ekyomuwendo ..... Obulamu muzannyo nga kigwo.

6. Buli avaayo yefaako yekka bw'ati:
// Teri mulala ku nsi ..... Nze nzekka
Ne Katonda taliiwo ..... Nze nzekka
Njagala nsigale bwe nti ..... Nze nzekka. //

7. // Sso tulina Katonda omu ..... Atweyagaza
Eyakola byonna ..... bye tweyamba
Kyokka tugudde mu ntata ..... Ffe abeepanka

Twezze buto ffenna ..... Tubeere balungi
Eklezia .... Eklezia .... Eklezia .... Eklezia. x2

486. ESSAAWA ENTUKUVU *(W.F.)*

Ekidd.: **Abantu tulumwa olwa Yezu,**
Ye wuuyo eyattibwa ku nsi
Ffe abantu abaasobya olw'ekyejo
Yatufuula ffenna baana.

1. Yalina ennaku emusogga,
Ng'ali yekka bw'ati ekiro,
Obw'omu zamuyinga Yezu,
Ng'alowooza ku ffe aboolo.

2. Amangu baasiba oyo Yezu,
Ne bakwata ekkubo bonna,
Ku lwe yeewa abo abasajja,
Bonna abajja eyo gy'ali.

3. Ewa Pilato gye yasooka,
Abaayo baamukonjera,
Ne baleeta bingi ebijinge,
Ensonga entuufu temwali.

4. Baamussaako amaggwa amawanvu,
Ne bagunuubula omutwe,
Ne bamukuba n'obuswanyu,
Atalina oyo gwe yazza!

487. GGWE KATONDA TWATULA *(M.H.)*

1. Ggwe Katonda twatula
Ow'erinnya Nnantayimbwa,
Ggwe muyinza twesiga,
Omuzadde mmo mutiibwa,
Ggwe basinza mu ggulu
Mw'ofuga n'ettutumu.

2. Abaserafimu sso
Ggwe batwaza okuyimba
Eddoboozi ly'eggono!
Ffenna twaza okuyimba
Okutenda Ggwe nnyini
Atabangako kabi.

5. Mu nkulungo - nsi fuga:
Gwe Kitaffe, omuyozi
Atutwala n'ekisa;
Mu kibiina Ggwe ye mboozi
Ggwe kkula lye beebaza,
Ggwe kigo kye beesiga.

7. Naawe Mwoyo muzza - nsa:
Ffe wasiiga ku Katonda,
Otuwomye empeereza,
Ne tuteeganya kugonda,
Wonna twetaleetale;
Lunnabe gumweyiwe.

488. KATONDA AGULUMIZIBWE *(W.F.)*

1. Katonda agulumizibwe Agulumizibwe.

2. Erinnya lye ettukuvu,
   ligulumizibwe, ligulumizibwe.

3. Yezu Kristu Katonda ddala era omuntu ddala,
   agulumizibwe, agulumizibwe.

4. Erinnya lya Yezu
   ligulumizibwe ligulumizibwe

5. Omutima gwe omutukuvu ennyo,
   gugulumizibwe gugulumizibwe.

6. Omusaayi gwe ogw'omuwendo ennyo,
   gugulumizibwe, gugulumizibwe.

7. Yezu mu Ssakramentu Ettukuvu ennyo erya Altari,
   agulumizibwe, agulumizibwe.

8. Mwoyo Mutuukirivu Omukubagiza,
   agulumizibwe, agulumizibwe.

9. Bikira Maria Omutuukirivu Nnyina Katonda atenkanwa,
   agulumizibwe, agulumizibwe.

10. Okutondebwa kwe okutukuvu okutaliiko kamogo,
    kugulumizibwe, kugulumizibwe.
11. Okutwalibwa kwe mu ggulu okw'ekitiibwa,
    kugulumizibwe, kugulumizibwe.

12. Erinnya lya Maria eyagatta obubiikira n'obuzadde,
    ligulumizibwe, ligulumizibwe.

13. Yozefu Omutuukirivu, Bbaawe Omutukuvu ddala,
    agulumizibwe, agulumizibwe.

14. Katonda mu Bamalayika be ne mu Batuukirivu be,
    agulumizibwe, agulumizibwe,

489. KATONDA ALAMBUDDE EGGWANGA LYE

Ekidd.: **Katonda alambudde eggwanga lye x2**
N'alinunula mu mikono gy'abatukyawa abazigu
Ng'ajjukira Endagaano ye Entukuvu ne Daudi,
Alokole amawanga gonna.

1. Atenderezebwe Omukama Katonda w'amagye,
   Alambudde eggwanga lye n'alinunula
   Asitudde n'amaanyi ag'obulokofu
   Mu nnyumba ya Daudi omuweereza we.

2. Nga bw'ayogera mu kamwa k'abo abatukuvu,
   Be Balanzi abaaliwo mu mirembe egy'edda,
   Ajja kuwonya abamwesiga abalabe baabwe,

Mu mikono gy'abo bonna abatukyawa.

3. Ajja kusaasira Omukama Bajjajjaffe,
   Ng'ajjukira endagaano ye ey'okutujuna,
   Gye yakuba ne Jjajja Yibraimu
   Nga ya kutuukiriza mu mirembe gyaffe.

4. Nga tumaze okuwonyezebwa abalabe baffe,
   Tumuweereze Omukama awatali ntengero
   Mu butuukirivu ne mu bwenkanya n'obwesigwa
   Mu maaso g'Omukama, ennaku zaffe tumwebaze.

5. Naawe Omwana oliyitibwa mulanzi w'Oli mu ggulu,
   Olikulembera Omukama n'omutegekera amakubo ge ggwe,
   Otegeeze obulokofu abantu be,
   Basonyiyibwe ebibi nga balinda Amajja.
6. Olw'okusaasira okunene Katonda kw'alina,
   Waggulu eyo aliggyayo enjuba atulambule,
   Amulise abatudde mu kizikiza,
   Alambike ebigere mu kkubo eddamu ery'eddembe.

7. Ekitiibwa kibe kya Kitaffe mu ggulu,
   N'Omwana we omu Omulokozi,
   Wamu ne Mwoyo gw'atusuubiza,
   Emirembe gyonna, obutakoma.

490. KU LWAFFE KATONDA *(W.F.)*

1. Ku lwaffe, Katonda waffe
   Yayiwa Omusaayi gwe
   Okusaanya ebibi byaffe,
   Byonna bitusonyiyibwe.
   Ffe abakristu tulire nnyo
   Nga twekkaanya Omukama
   Nga tulowooza mu mwoyo
   Ennaku ze yalaba.

2. Ng'atuuse e Getesemani
   N'agamba ng'azirika,
   "Kitange mpweddemu amaanyi
   Omponye omusalaba."
   Naye olw'okutwagala ennyo,
   N'amugamba nti: Ssebo,
   Kola Ggwe ky'onjagaliza,
   Tokola kye njagala.

3. Omutume omulyakuzi
   N'atuuka ku Mukama,
   N'alamusa Omulokozi,
   N'amugwa mu kifuba,
   Awo Yezu n'amubuuza:
   "Ekikuleese wano?
   Gwe nnayita ow'omukwano
   Ompaayo ng'onnywegera!"

7. Ne bamuzingira amaggwa:
   Ye ngule ya Kabaka;
   Baagimusimba mu kyenyi,
   N'atiiriika omusaayi.

Ffe ababi nga titufaayo
Kulowooza mu mwoyo
Omukama bwe yalumwa
Ng'atwagalira ddala.

9. Omutonzi n'alabika
Mu kaseera ak'okufa,
Ensi yonna n'ekankana,
Enjazi ne zaatika.
Omulokozi bwe yafa,
Byonna, byonna byakaaba.
Naffe nno, tubonerere,
Olwaleero twenenye.

491. MARITHA OTAWUKA *(Fr. Expedito Magembe)*

1. Maria ne Maritha baayaniriza Kristu mu maka gaabwe,
Maria ye n'asiima okunyumya n'Omukama ky'aba asooka,
Maritha ye yadda mu kutawuka, Omukama n'amwerabira
Omukama yanenya Maritha nti otawuka, Maritha olimba otawuka nnyo.

Ekidd.: **Maritha otawuka, otawuka nnyo,**
Ekikulu ekikira ky'oba osooka,
Ebyensi biyita ne biggwaawo,
Sooka ew'Omukama ye nnannyini byo.

2. Katonda wo y'asinga by'oyagala gw'oba osooka x2
Katonda wo y'asinga bye weegomba ne by'otegeka osookanga wuwe.

3. Ensi eno erimba nnyo erimba bulungi n'ekamala
Bw'ekusanyusa oluusi ematiza, ne Katonda omulungi n'omuleka
Ng'otawuka ng'odda muli, ng'onoonya sente y'esinga
Munno oyo akudaagira, obuuka mubuuke ng'ogenda
Eddiini by'ekusaba, oziimula ebyo n'okamala
Nga otawuka ng'odda muli, nga ebyokusoma ebyo obisambajja.

4. Leka obunafu, fuba naawe, ebyensi eno bikulimba nnyo,
Nyweza eddiini olyooke otawuke
Leka obunafu mu ddiini, ebyensi eno olibituusa wa?
Nyweza eddiini olyooke olokoke
Oligamba otya ng'Omukama ng'akugobye n'akwegaana,
Nti watawuka n'okamala.
Luliba lumu atuyita nti: Mujje eno mmwe abaanfaako,
Mu baganda bange ababonaabona ne twesiima.

492. MMWE ABANGOBERERA

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd.: **Mmwe abangoberera, sikyabayitanga**
Mmwe baddu n'akamu - Yee
Mbayita mikwano gyange - Nze nnabalonda mmwe ne mbaganza mbayita balangira.

1. Mwaleka ebirungi - Mwenna mwaleka ebirungi ne mujja.
Mwaleka abazadde - Mwenna mwaleka abazadde ne mujja.

2. Mwaleka amaka ago - Mwenna mwaleka amaka ago ne mujja.
Mwaleka ebibanja - Mwenna mwaleka ebibanja ne mujja.

3. Mwaleka obugagga - Mwenna mwaleka obugagga ne mujja.
   Mwaleka ebitiibwa - Mwenna mwaleka ebitiibwa ne mujja.

4. Mujje mu kitiibwa - Mwenna abaaleka ebitiibwa ne mujja.
   Kitange k'abaweere - Mwenna Taata k'abaweere Omutonzi.

493. MUJJE MMWE *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

Ekidd.: **Mujje mmwe Katonda b'awadde omukisa:**
Mufune obwakabaka obwabategekerwa
Okuva ensi lwe yatondebwa.

1. Ng'ennangaazi bw'erookeralookera emyala egy'amazzi,
   N'omwoyo gwange bwe gutyo bwe gukwegomba ayi Katonda.

2. Ennyonta ya Katonda omulamu**,** Omwoyo gwange eguluma,
   Oba nno nze ndijja ddi eyo ne ndaba amaaso ga Katonda?

3. Amaziga gange nnagalyanga bumere emisana n'ekiro,
   Bwe banngambanga buli kadde, nti Katonda wo, Katonda wo aliwa?
4. Mu budde obw'emisana Katonda alaga okwagala kwe okw'enjawulo,
   Nnaamuyimbira ekiro ne ntenda oyo Katonda ow'obulamu bwange.

5. Nngamba olwazi lwange, nti lwaki onneerabira nze?
   Lwaki nngenda nga nnakuwadde ntyo ng'omulabe annyigiriza?

6. Amagumba gambwatuka ng'abalabe bange banvuma,
   Bwe bambuuliriza buli kadde, nti Katonda wo ali luuyi wa?

7. Suubira mu Katonda, bwe bulokofu bwo, tewennyika
   Mwoyo gwange, tobuguutana Ggwe ndiddamu okumugulumiza.

494. MUJJE TUTAMBULE *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Mujje tutambule ffe ab'oluganda,**
Nga tuli wamu ffenna abayitiddwa,
Ddunda b'atukuzza mu Kristu Omwana we,
Tuli kimu ffenna Kitaffe y'omu,
Tuli kimu anti Omununuzi omu
Tumwatula, tumwekola, tumwebaza nnyo oyo Kristu Omununuzi
Tumusimbeko mujje tutambule, tumusimbeko mujje twanguwe,
Atutuuse eri Kitaffe eyo mu ggulu.

1. Leero, leero, leero, mpita eggulu n'ensi ng'abajulirwa bammwe,
   Munaakoma wa okulinnya mu bibiri?
   Oba muli bange mwogere, oba temuli bange musalewo,
   Mulina kulonda bulamu oba lumbe, mukisa oba kikolimo,
   Mulondewo obulamu bubajjule, n'abaana bammwe.

2. Leero, leero, leero, mpita eggulu n'ensi ng'abajulirwa bammwe,
   Bwe munaatuusa ebiragiro nze Mukama bye mbawa,
   Bwe munaayagala nze Mukama n'amakubo gange,
   // Mujja kulama, mujja kulama//
   Mulifuuka bangi, omukisa gwange gulibabeerako.

3. Tusazeewo, tusazeewo, tusazeewo Ddunda, ffenna tuli babo. x2
   Tukumanyi Ddunda Ggwe Katonda wekka,
   Tukumanyi Ddunda oli wa buyinza,
   Byonna by'otugambye tunaabituusa, tunaabituusanga emirembe gyonna.

Bass: Tusazeewo, tusazeewo, tusazeewo Ddunda ffenna tuli babo. x2
Tukumanyi Katonda wekka.... tukumanyi buyinza,
Byonna by'otugambye tunaabituusa, tunaabituusa,
Emirembe n'emirembe, mirembe.

495. MU LINNYA LYA TAATA

(Joseph Kyagambiddwa)

1. Mu linnya lya Taata n'erya Mwana
   Ne Mwoyo Mutuukirivu:
   "Mugende musomese amawanga gonna, amawanga gonna. x2
2. "Nga mubatiza abantu nga balokoka abantu nga balokoka. x2
   "Mubuulire abatonde Evanjili eno ey'eddembe,
   Evanjili eno ey'eddembe. x2
3. "Nngenda nsibula nze okudda gye nnava
   'Nngenda, edda mulindaba ewa Ssebo! x2
   "Mwoyo abagumyenga, abajjukizenga,
   Muyagalanenga, mutabaganenga. x2

496. MUSANYUKE MMWE ABEESIIMI *(M.H.)*

1. Musanyuke mmwe Abeesiimi mwenna,
   Wamu naffe ab'oku nsi;
   Mwetuukira we mutaliggyibwa,
   Mwawona ennaku n'ekibi,
   Mmwe Bamalayika abaganzi
   Nammwe Abatume n'Abalanzi,
   Bajjajja n'Abajulizi;
   Mujaguze mmwe Abeesiimi!
2. Mmwe abaavu n'abateefu mwejage,
   Ab'ekisa, abalongoofu
   Leero mu ggulu gye mutumbidde,
   Mmwe muli basanyufu.
   Mwenna abaagumiikirizanga;
   Mwenna abaayigganyizibwanga;
   Mwawangula mukulike!
   Muli mu ddembe, mwebale!
3. Mmwe nno mikwano gyaffe emyesigwa
   Mu ssanyu lyammwe erijjuvu:
   Musaasire ffe ababawondera,
   Ffe abantu abonoonefu.
   Musaasire ffe ababawondera,
   Musabire ffe abakyalinda
   Mu zzaayiro ery'okusinda:
   Tutuuke mu ggulu lyammwe
   Ewa Katonda omwagale.

497. MUYIMBE MMWE AMAWANGA *(M.H.)*

1. Muyimbe mmwe amawanga,
   Mutende lutata
   Mu nngoma ne mu nnanga
   Paapa n'Eklezia.

Ekidd.: **Paapa wangula,**
Nyweza Eklezia
Tusenga enngoma yo
Etajja kuggwaawo. x2

2. Mu lubu lw'abasaale,
   Ggwe mukulembeze;
   Ggwe ojeemula lubaale
   Wamu n'abaddu be.

498. MWAGALANENGA NGA BWE NNABAAGALA *(Fr. Expedito Magembe)*

Ekidd.: **Mwagalanenga nga nze bwe nnabaagala**
Mwagalane nga nze bwe nnabaagala.

1. Ekiragiro ekiggya kye mbawa nze mwagalanenga mwenna.
2. Tiwali ayagala nga oyo awaayo obulamu bwe okubeera munne.
3. Muliba mikwano gyange, bwe mukwata bye mbalagira byonna.
4. Sikyabayita baddu mbayita mikwano gyange, munywerere mu kwagala.
5. Bye nnawulira eri Kitange nnabibamanyisa byonna.
6. Munywerere ku mukwano gwange, musigale nga mbaagala.

499. NDI MUKRISTU *(W.F.)*

1. Nkakasa ndi mwana wa Katonda,
   Ggwe sitaani wenna nkwegaana
   Era ate ndi mwana wa Maria
   Bulijjo n'emirembe gyonna.

Ekidd.: **Ndi mukristu, ndi mukristu:**
Nzikiriza leero ne bulijjo;
Nzikiriza leero ne bulijjo.

2. Nkusinza Ggwe oli Mutonzi wange,
   Ggwe eyatonda ensi n'eggulu,
   Nkusinza Ggwe Patri, Ggwe Mwana we,
   Naawe Mwoyo Mutuukirivu.

5. Ndeseeyo okwesiga ebintu by'ensi,
   Kaakano sikyafa ku lumbe;
   Obanga Yezu ye mulamuzi,
   Maria Nnyina we ye mmange.

500. NDI MUKRISTU NDI MUSOMI

(Fr. Gerald Mukwaya)

Ekidd.: **Ndi mukristu ddala ddala nze**
Mu Eklezia Katolika
Ne njatula nga ssibalimba -a

Ndi mukristu ddala ddala.

1. Erinnya erya Batismu
   Lye lisinga gonna ge nnina,
   Yezu Kristu yalintuuma,
   Mu Ssakramentu lya Batismu.

2. Kitaffe Paapa Omutukuvu,
   Ng'ali wamu n'Abasumba be,
   Y'akulembera Eklezia,
   buyinza bwe ayi Mukama.

3. Ndi mukristu ndi musomi,
   Maria Nnyabo Ggwe mmange,
   Ggwe Nnyina wa Eklezia,
   Eyatuzaalira Omulokozi.

4. Ebiragiro bye watuwa,
   Olw'okutwagala ayi Mukama,
   Mpa okubikwata okubinyweza,
   Olw'okukwagala ayi Mukama.

5. Amasakramentu ge watuwa
   Ka ngeyune ennaku zonna,
   Olwo nga nkuza Obukristu, Mu
   Mbe mukristu ddala ddala.

6. Okwegayirira okukristu,
   Mu bulamu buno obw'oku nsi,
   Sikirekeka wakyogera,
   Ayi Mukama nkukkiriza.

501. KATONDA KUUMA PAAPA

(Fr. James Kabuye)

1. Katonda ow'obuyinza kuuma Kitaffe Paapa.
   Musumba w'abatonde, nyweza Kitaffe Paapa,
   Akulembera Eklezia wo, ayigirize Ekigambo kyo.
   Mwoyo Mutukuvu amuyambenga,
   Ng'alunda abaana bo be wanunula.

Ekidd.: **Paapa wangaala, Paapa wangaala,**
Paapa ggwe Petro, Ddunda akukuume Paapa.

2. Katonda ow'obuyinza, yamba Kitaffe Paapa,
   Ebizibu by'asanga bingi, abalabe bangi.
   Abakugaya nabo baweere, abatamanyi na Kigambo kyo,
   Ettaala y'eddiini eyake mu Africa,
   Abakuweereza beeyongere.

3. Katonda ow'obuyinza, yamba Kitaffe Paapa,
   Amakungula amalungi mangi, abakozi leeta.
   Tuwe Mwoyo wo ffenna atujjule, tulangirire Ekigambo kyo.
   Ensi eterebuse efune eddembe lyo,
   Kuba emulisibwa Ekigambo kyo.

502. OSINZANGA KATONDA *(W.F.)*

1. Osinzanga Katonda
   Ye yekka ye Mukama;
   Atumalira byonna
   Emmandwa n'ozeegaana.

3. Ku Sande onyiikiranga
   Okwegayirira ennyo;
   Notokola mirimo,
   Katonda gye yagaana.

Ekidd.: **Katonda gwe twagala,**
Byonna by'atulagira
Tubisiimira ddala,
Tujjanga kubikwata.

2. Lekanga kulayira
   Ng'ojulira Katonda
   Mu nsonga ezitaliimu
   Kubanga ye Mukulu.

4. Bakadde bo obatyanga
   Okubeera Katonda;
   Bw'onoobawuliranga
   Tolisubwa mukisa.

5. Okutta togezanga
   Era tosunguwala,
   Tokozesanga ttima,

Obeeranga n'ekisa

6. Emboozi z'obukaba
   N'emizannyo egizira,
   Ebyo nno ng'obireka
   Bulijjo wekuumenga.

7. Ng'otunda toseeranga,
   Toliikanga ne banno;
   Sasulanga amabanja.
   Ebibbe obizzangayo.

503. TOMA LEKA EMPAKA EZO

(Mr. Joseph Kyagambiddwa)

1. Toma leka empaka ezo,
   Ffe anti twalabye Omukama
   Mulamu Yezu, eyafa, eyattibwa!

   Ekidd.: **Kristu azuukidde, amenye amagombe!**
   Kristu azuukidde, amenye amagombe!
   Kristu azuukidde, amenye amagombe!
   Ng'ayakaayaka, ng'atemagana, Yezu leero azuukidde!
   Omuwanguzi Kristu lw'agobye lwa ssanyu na kitiibwa!
   Yezu omugobi olumbe lw'agobye alusse.
   Kristu eyaakafa, baaba!
   N'okuziikibwa eyakaziikibwa, baaba!
   N'okuzuukira eyakazuukira, baaba!
   Kristu Yezu! Alleluia!

2. Toma leka kugaana
   Genda, tolema, kkiriza
   Nze Yoanna gye nkedde ne ndaba.

3. Buuza oyo Madalena
   Anti by'anyumya binyuma!
   Mu malaalo gye nkedde ne ndaba.

4. Toma, leka kukyala!
   Linda, ojje olabe Omukama!
   Yeerage gy'oli ng'azze gw'ojula!

5. Toma, kati laba eno
   Wuuno, gw'omanyi ali wano;
   Akutuuse nno, empaka zikomye!

6. Kwata ggwe ku biwundu
   Yezu enkovu ze ziraga:
   Nga ye Ye ow'edda omulamu tteke!

7. Toma, kati omatidde!
   Ggwe nno atalabye, akkiriza,
   Olina okwesiima, era otendebwa!

8. Ggwe Mukama omuyinza
   Ggwe Katonda, Ggwe nsibuko!
   Ffe tube naawe, sigala wano!

504. TULI BABO GGWE OMUSIKA *(M.H.)*

Ekidd.: **Ffe abaana bo tukwagala,**
Tukwesiga wonna wonna.

1. Tuli babo, Ggwe Omusika
Wa Petero, Paapa omwagalwa;
Eklezia lye lyato lyo;
Mw'ogobera abakristu bo,

2. E Roma ku butaka bwo
Gy'olundira eggana lyo;
Ggw'oli Musumba ow'ekisa,
Eyeewaayo ku lw'endiga.

3. Ng'olangirira ku ntebe yo.
Amazima agataggwaawo,
Towubisa tiwerimba,
Eklezia tawunjuka.

4. Entalo bwe zitaagula
Ensi n'abantu n'ebika;
Ggwe Paapa ggwe obasaasira
N'owembejja abanyoleddwa.

5. Bbugwe gw'okuuma n'ababo
Tosobolwa, taweebwayo;
Lwe lwazi olw'olubeerera;
Eklezia tawanguka.

505. TULI KIMU MU KRISTU *(Fr. James Kabuye)*

1. Ekitiibwa kyo nkibawadde, balyoke babeere kimu,
Ekitiibwa kyo nkibawadde basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu nga ffe.
Bayambe basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu bonna.

Ekidd.: **Tuli kimu mu Kristu tuli kimu ffenna,**
Tuli kimu mu Kristu tuli kimu ffenna. x2

2. Obuyinza bwo mbubawadde balyoke banywere wamu,
Obuyinza bwo mbubawadde, basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu nga ffe,
Bayambe basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu bonna.

3. Ebitone byo mbibawadde, balyoke basinze kimu,
Ebitone byo mbibawadde basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu nga ffe,
Bayambe basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu bonna.

4. Abakumanyi mbalagidde, banywere mu kwagalana,
Abakumanyi mbalagidde basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu nga ffe,
Bayambe basse kimu Kitange,
Bayambe basse kimu bonna.

5. Kati kye nsaba kubakuuma, balyoke balangirire,
Kati kye nsaba kubakuuma ng'obagumya Kitange,
Bayambe ng'obagumya Taata,
Bayambe ng'obagumya Kitange,
Bayambe ng'obagumya bonna.

506. TWEBAZE MAPEERA *(Fr. Gerald Mukwaya)*

Ekidd.: **Beebale Amansi ne Mapeera**
Beebale abaaleeta ekitangaala.

1. Twebaze Mapeera
Ne munne Amansi
Abasaale baffe
Abaaleeta eddiini eno.

2. Leo Omugenzi
Paapa mu budde obwo
Ko ne Laviziri
Be baabasindika eno.

3. Kkumi na musanvu
Februari omwezi
Lukumi mu lunaana
Nsanvu mu mwenda.

4. Baayita mu nkoola
Mu bibira ebingi
Mu mayengo mangi
Ne bagoba e Kigungu.

5. Basanga Muteesa
Ng'abalindiridde
N'abawa ekyalo
Ye Lubya mu Kyaddondo.

6. Baasomesa abantu
Baawonya abalwadde
Baabonaabonanga
Kyokka nga basanyufu.

7. Muteesa yafa mangu
Mwanga Omusika we
N'ayigganya eddiini
Ng'ayagala eve mu nsi.

8. Abasomi bangi
N'abayigganya atyo
Abamu n'abookya
Mu kifo Namugongo.

507. TWESIIMA MU NSI *(W.F.)*

1. Twesiima mu nsi tuguma mu nnaku,
Nga tulowooza ng'empeera lye ggulu,
Gye tulyesiima emirembe gyonna.
Ewa Katonda.

2. Katonda waffe omu mu Basatu
Tukukkiriza, tukugulumiza,
Kubanga wekka Ggwe Mutuukirivu
Ffe gwe tusinza.

3. Ave Maria, ggwe abugaanye enneema,
Ggwe eyaweebwa emikisa gyonna,
Ffenna Maria, mu nsi ne mu ggulu
Tukubbiramu.

4. Mmwe Abajulizi leero muli bangi
   Mwenna muwoomye, mumyuse omusaayi;
   Lye kkula lyammwe eribafaananya
   Nga bakababaka.

5. Mmwe Ababiikira nga mutemagana!
   Muli ne Yezu omuganzi wammwe,
   Nga musanyuka, nga bwe mujaguza,
   Owa! Mwesiimye.

508. YE GGWE KATONDA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.:**Ye ggwe Katonda wa Bajjajjaffe bonna**
Kagingo eyaliwo ebbanga lyonna
Ye Ggwe Katonda, ye Ggwe Katonda,
Ye Ggwe Katonda w'emirembe, emirembe n'emirembe.
Tuli ggwanga lyo, tuli baana bo, tuli bantu bo emirembe. x2

1. Munaabanga bantu bange mmwe,
   Bwe munaakwata nze bye mbalagira byonna.
   Mukazenga omukwano gwange mmwe,
   Endagaano gye nkoze kati nammwe
   Terimenyeka, terimenyeka emirembe n'emirembe.

2. Munaabanga ggwanga lyange mmwe,
   Bwe munaawulira nze bye mbakuutira byonna,
   Mugakwate amateeka gange mmwe,
   Leero muli ggwanga lye nfuga eddonde
   Nze mbatwala, siribaleka, emirembe n'emirembe.

3. Munaabanga bantu bange mmwe,
   Gye munaagenda ku nkingi z'ensi eno yonna,
   Mukazenga omukwano gwange mmwe,
   Bonna bamanye Omulokozi Ddunda,
   N'oyo gwe ntumye, Yezu abe nammwe,
   Mwoyo gwe ntumye Katonda.

509. YEE MMANYI, MMANYI NZE

(Joseph Kyagambiddwa)

I

1. Yee! Mmanyi mmanyi nze
   Gy'ali Omutonzi wange
   Nzikiriza nnyo ssibuusabuusa

2. Nze nnali mmunoonya
   Atonda, Taata byonna;
   N'asindika Mwana wuuno mu nsi!

3. Omukama Yezu
   Omu ku lwaffe ffenna
   Ddala Omutonzi yanunula ensi.

4. Bwe yatuuka Yezu,
   Ng'ensi yafa dda yonna:

II

Katonda gy'ali
Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo.
Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda,
Muwamirembe.

Katonda gy'ali
Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo.
Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda,
Muwamirembe.

Katonda gy'ali
Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo.
Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda,
Muwamirembe.

Katonda gy'ali
Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo.

Sserumenya mpiima olumbe lwasse! Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda, Muwamirembe.

5. Ka naye mmusinze, Katonda gy'ali
   Mwoyo Mutuukirivu Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo
   Nnabasatwe: Taata, Mwana, Mwoyo. Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda, Muwamirembe.

6. Otusaasire ffe, Katonda gy'ali
   Era otuyambe ffenna: Byonna yabikola, ye Lugaba nnyini byo
   Tukwesiga nnyo Katonda waffe. Katonda gy'ali Ssewannaku Ddunda, Muwamirembe.

7. Gwe nsinza, gwe nsinza - Juna
   Gwe nsinza, gwe nsinza - Juna
   Gwe nsinza, gwe nsinza - Juna
   Gwe nsinza, gwe nsinza - Juna

8. Mbikkulira, ayi amazima, Ssebo - Juna
   Gamulisenga ne nkulaba - Juna
   Bwe ndiba nkutuuse gy'olamula - Juna
   Nze sikuvengako mu bwakabaka - Juna x2

9. Ndayira Katonda wange, mmumanyi eyantonda,
   - Ndayira Katonda wange mmumanyi w'ali!
   Ndayira Katonda wange, mmumanyi eyantonda,
   - Ndayira Katonda wange mmumanyi w'ali!
   Ndayira Katonda wange, mmumanyi eyantonda,
   - Ndayira Katonda wange mmumanyi w'ali!

510. YEZU YABATUMA *(W.F.)*

1. Yezu yabatuma nti: Mugende
   Musaasaanyenga eddiini wonna,
   Era muyigirizenga abantu
   Essanyu ery'okukkiriza.

   Ekidd.: **Abatume Abatuukirivu,**
   Eddiini enywere mu nsi muno.
   Abatume Abatuukirivu,
   Eddiini enywere mu nsi muno.

2. Okubunya eddiini mu nsi zonna
   Timwatyanga nnaku na bulemu
   Naffe okugikuuma mu mitima
   Titutya bitukaluubirira.

3. Ku lw'okwagala Yezu mwawaayo
   Obulamu bwammwe mu bujulizi,
   Okutaasa eddiini mu nsi yaffe
   Mubeere ng'ekyokulabirako.

4. Tubatenda babeezi ba Yezu,
   Mmwe empagi z'Eklezia yonna,
   Tubasaba tugobe sitaani
   Tumwegaane n'emitego gye.

MISSA

511. MISSA HOSANNA *(Ben Jos Jjuuko)*

Ayi Mukama - Ayi Mukama
Ayi Mukama - Ayi Mukama
Ayi Mukama - Ayi Mukama

Ayi Mukama - Tusaasire

Ggwe Kristu tusaasire - Ggwe tusaasire
Ggwe Kristu tusaasire - Ggwe tusaasire
Ggwe Kristu tusaasire - Ggwe tusaasire
Ggwe - Kristu - tusaasire
Ayi Mukama - Ayi Mukama .....

EKITIIBWA KIBE ERI KITAFFE

Ekitiibwa kibe eri Kitaffe eyo mu Ggulu.

Chorus: **Ne mu nsi yonna kibe bwe kityo**
Ne mu nsi - yonna kibe bwe kityo

Refrain: **Tukutenda ffe tukusinza - tukugulumiza**
Tukussaamu ekitiibwa.

1. Bye wakola byonna nga bya kitiibwa, bya kitibwa nnyo - weebale.
2. Ggwe Mukama Katonda Kabaka ow'omu Ggulu
   Patri omuyinza wa byonna.
   Refrain ne Chorus:

3. Ggwe Mukama Omwana azaalibwa omu wekka Yezu Kristu.
4. Ayi Mukama Katonda Akaliga ka Katonda Omwana wa Patri.
   Refrain ne Chorus:

5. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
   Ggwe aggyawo ebibi by'ensi wulira okwegayirira kwaffe
6. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Kitaffe
   Ggwe atudde ku gwa ddyo - tusaasire
   Refrain ne Chorus:

7. Kubanga Ggwe Mutuukirivu wekka, Ggwe Mukama wekka.
8. Ggwe osukkiridde wekka Ggwe - Yezu Kristu
   Refrain ne Chorus:

9. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu
10. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu
    Mu kitiibwa ekya Katonda Kitaffe. Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu oyo Mutuukirivu
Mutuukirivu nnyo Katonda w'amagye
Mutuukirivu oyo Mutuukirivu
Mutuukirivu nnyo Katonda w'amagye
Ekitiibwa kyo kijjudde wonna mu ggulu ne mu nsi.

Hosanna - Hosanna
Hosanna - Hosanna - Hosanna waggulu eyo
Hosanna - Hosanna - Hosanna waggulu eyo.

Oyo - oyo - ajja mu linnya ly'Omukama,
Atenderezebwe - Atenderezebwe. Hosanna.

AKALIGA

A-a-a-a-Akaliga - A- a--Akaliga
A-a-a-a-Akaliga - A----Akaliga
A-a-a-a-Akaliga.
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tuasasire.

// Ggwe Akaliga - Ggwe Akaliga
Ggwe Akaliga - Ggwe Akaliga
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire //
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi - tuwe emirembe.

512. MISSA MUMUTENDEREZE

(Fr. James Kabuye)

Ayi Mukama tusaasire
Ayi Mukama tusaasire
Ayi Mukama tusaasire.

Ayi Kristu tusaasire
Ayi Kristu tusaasire
Ayi Kristu tusaasire.

Ayi Mukama tusaasire
Ayi Mukama tusaasire
Ayi Mukama tusaasire.

EKITIIBWA

Ekitiibwa kibe mu ggulu eri Katonda

Ekidd.: **N'emirembe ku nsi ku bantu bayagadde atyo.**

1. Tukutenda, tukugulumiza, tukusinza, tukussaamu ekitiibwa,
   Bye wakola bya kitiibwa nnyo weebale.

2. Ayi Mukama Katonda, Kabaka ow'omu ggulu Katonda Patri,
   Omuyinza wa buli kantu.

3. Ayi Mukama Mwana azaalibwa omu yekka Yezu Kristu.
   Ayi Mukama Katonda, Akaliga ka Katonda, Omwana wa Patri.

4. *Bass:* Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire,
   Ggwe aggyawo ebibi by'ensi kkiriza okwegayirira kwaffe.

   Ekidd. II **Saasira, Saasira, Ggwe Omusaasizi.**

5. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Patri tusaasire. (Saasira)
   Kubanga Ggwe Mutuukirivu wekka, Ggwe Mukama wekka,
   Ggwe osukkiridde wekka Yezu Kristu. (Saasira)
   Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu, mu kitiibwa kya Katonda Patri, Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu, Mutuukirivu, Mutuukirivu
Omukama Katonda w'amagye.

Bass: Ekitiibwa kyo kibukadde eggulu n'ensi
Sop: Ekitiibwa kyo kibukadde eggulu n'ensi, eggulu n'ensi.

Hosanna waggulu eyo
Hosanna waggulu eyo.

Oyo ajja mu linnya ly'Omukama
atenderezebwe, atenderezebwe.

Hosanna waggulu eyo.
Hosanna waggulu eyo.

AKALIGA

Akaliga ka Katonda Ggwe aggyawo
ebibi by'ensi tusaasire
Akaliga ka Katonda Ggwe aggyawo
ebibi by'ensi, tusaasire
Akaliga ka Katonda Ggwe aggyawo
ebibi by'ensi, tuwe emirembe.

513. MISSA OSUKKULUMYE *(Fr. James Kabuye)*

SAASIRA

(a) Ayi Mukama saasira
Ayi Mukama saasira
Ayi Mukama - Ayi Mukama
Ayi Mukama - Ayi Mukama
Ayi Mukama - Saasira.

(b) Ayi Kristu - Saasira
Ayi Kristu - Saasira
Saasira, Saasira.

(c) Ayi Mukama - Saasira
Ayi Mukama - Saasira
Ayi Mukama - Saasira - Saasira.

EKITIIBWA

Ekitiibwa kibe mu ggulu eri Katonda.

Ekidd.: **N'emirembe ku nsi eno, ku bantu b'ayagadde atyo.**

1. Tukutenda, tukugulumiza, tukusinza ffe tukuwa ekitiibwa.
(Bye wakola) bye wakola bya kitiibwa weebale, weebale weebale ddala. *(Ekidd.:)*

2. Ayi Mukama Katonda, *Tutti:* Kabaka omukulu Kabaka ow'omu ggulu
Kitaffe ow'obuyinza, omuyinza wa byonna Mukama Katonda.

3. Ayi Mukama Ggwe Omwana, eyazaalibwa omu yekka, Yezu Omusaasizi
Yezu Kristu omuwanguzi .*(tutti)*

4. Ayi Mukama Ggwe Akaliga - Ggwe Akaliga akatiibwa, Akaliga Ggwe
Aka Katonda Omwana wa Kitaffe mw'asanyukira.
5. *Ffenna:* Ggwe aggyawo ebibi, wulira okwegayirira kwaffe Mukama waffe.
Ekidd.:. **Saasira, saasira, saasira abadaaga**
Saasira, saasira, saasira ababo.
6. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Kitaffe (gwa Kitaffe)
Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Kitaffe, Kristu tusaasire.
- Mukama waffe -

7. *Ffenna:* Kuba Ggwe Mutuukirivu wekka
Kuba Ggwe Mukama anti wekka wekka Ggwe
Osukkiridde byonna Yezu Kristu
Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu mu kitiibwa ekya Kitaffe mu ggulu.
Bass: Amiina kibe kityo - Amiina,
Amiina kibe kityo - Amiina.
Sop.: Amiina kibe kityo. Amiina.

NZIKIRIZA

Ekidd.: **Nzikiriza Katonda Omu nze,**
Eyakola eggulu n'ensi, ebirabika n'ebitalabika
Ye Katonda omu Nnabasatwe.

1. Taata omuyinza mmukkiriza
   N'Omwana we omu gw'azaala
   Ekitangaala ekyava mu ye
   Ng'emirembe gyonna teginnabalwa.

2. Yazaalibwa buzaalibwa ye teyatondebwa
   Ye Katonda Mwana eyakkirira
   Ng'ava mu Ggulu eyo atulokole;
   Mubiri yagufuna mu Maria Omubeererevu, n'afuuka Omuntu.

3. Y'oyo eyakomererwa ku lwaffe ku Musaalaba (nze mmukkiriza)
   Y'oyo eyabonaabona ku gya Pilato n'aziikibwa (nze mmukkiriza)
   Y'oyo ku lwessatu eyazuukira nga bwe kyalangwa.

4. Y'oyo eyalinnya gy'atudde eyo ewa Kitaffe (nze mmukkiriza)
   Y'oyo alijja okulamula abalamu n'abafu, (nze mmukkiriza)
   Obwakabaka bwe tebuliggwaawo.

5. Mwoyo Mutuukirivu Katonda
   Asibuka mu Kitaffe ne Mwana
   Mmugulumiza kimu nabo oyo, ye yayogerera ne mu Balanzi.

6. Nzikiriza Klezia omu, Omutukuvu Katolika ow'Abatume,
   Ne Batismu emu, esonyiwa ebibi; ate nnindirira okuzuukira okw'abafu, N'obulamu obw'emirembe egijja.
   Amiina, Amiina, Amiina.

MUTUUKIRIVU

Soprano: Mutuukirivu - (Mutuukirivu) - Mutuukirivu
Mutuukirivu waggulu eyo (oyo)
Mukama Katonda w'amagye.
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi
Ddunda Hosanna - (Hosanna)
Ddunda Hosanna - (Hosanna)
Ddunda Hosanna, Hosanna Hosanna Hosanna waggulu eyo
Oyo ajja, n'ekitiibwa mu linnya ly'Omukama atuuka,
Atenderezebwenga n'amaanyi,
Atenderezebwenga emirembe (Ddunda Hosanna).

AKALIGA

(a) Ayi Ggwe Akaliga — Ggwe Akaliga
Ayi Ggwe Akaliga — Ggwe Akaliga
Akaggyawo ebibi by'ensi — Tusaasire *(tutti)*

(b) *Alto:* Ayi Ggwe Akaliga — Ayi Ggwe Akaliga
Ayi Ggwe Akaliga — (Ayi Ggwe Akaliga)
Akaggyawo ebibi by'ensi — Tusaasire.

(c) *Tenor:* Akaliga ka Katonda — Tusaasire
Akaliga ka Katonda — Tusaasire
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi — Tuwe emirembe
Tuwe emirembe — Tuwe emirembe

Tuwe emirembe Tuwe emirembe.

P.S. (b) ***yandikubiddwa eti:***
Alto: Ayi Ggwe Akaliga .... ayi Ggwe Akaliga,
Ayi Ggwe Akaliga ..... ayi Ggwe Akaliga
Akaggyawo ebibi by'ensi, tusaasire.

514. MISSA TUKUTENDEREZA

(Fr. James Kabuye)

AYI MUKAMA

Ayi Mukama Omusaasizi saasira,
Ayi Mukama Omusaasizi saasira,
Ayi Mukama Omusaasizi saasira.
Saasira, Kristu Omusaasizi, saasira,
Kristu Omusaasizi, saasira,
Ayi Mukama Omusaasizi, saasira.

Ayi Mukama omusaasizi saasira,
Ayi Mukama omusaasizi saasira,
Ayi Mukama omusaasizi saasira.

EKITIIBWA

Akulembera: Ekitiibwa kibe mu ggulu eri Katonda.

1. N'emirembe ku nsi, ku bantu b'ayagadde atyo.

   Ekidd.: **Tukutenda, tukussaamu ekitiibwa,**
   Ddunda wakola bya kitiibwa nnyo weebale.

2. Tukutenda, tukugulumiza, tukusinza, tukussaamu ekitiibwa.

3. Ayi Mukama Ggwe Katonda, Kabaka w'omu ggulu
   Katonda Patri, omuyinza wa buli kantu.

4. Ayi Mukama Ggwe Omwana, azaalibwa omu yekka Yezu Kristu.

5. Ayi Mukama Ggwe Katonda, Ggwe Akaliga ka Katonda, Omwana wa Patri.

6. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire,
   Ggwe aggyawo ebibi by'ensi, wulira okwegayirira kwaffe,

7. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Patri,
   Ggwe atudde ku gwa ddyo tusaasire.

8. Kubanga Ggwe Mutuukirivu wekka,
   Ggwe Mukama wekka, Ggwe osukkiridde wekka, Yezu Kristu.

9. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu, mu kitiibwa kya
   Katonda Patri, Amiina, Amiina, Amiina.

NZIKIRIZA KATONDA OMU

Okulanga: Nzikiriza Katonda Omu;

1. Patri omuyinza wa buli kantu,
   Eyakola eggulu n'ensi,

Na byonna ebirabika n'ebitalabika.
Bonna: **Nzikiriza nze Patri eyantonda,**
Nzikiriza ne Mwana eyandokola,
Nzikiriza ne Mwoyo Mutukuvu, eyantukuza.

2. Nzikiriza Mukama waffe omu Yezu Kristu,
Omwana omu ati owa Katonda,
Patri gw'azaala, nga n'emirembe
Gyonna teginnabaawo.

3. Ye Katonda ava mu Katonda,
Kye Kitangaala ekyava mu Kitangaala,
Ye Katonda ddala ava mu Katonda ddala omu ati.

4. Yazaalibwa buzaalibwa, teyatondebwa,
Ye ne Patri mu Bwakatonda be bamu ddala,
Byonna ye yabikola.

5. Oyo olw'okuba ffe abantu atulokole, yava mu ggulu n'akka;
N'afuna omubiri mu Maria Omubeererevu
Ku bwa Mwoyo Mutuukirivu, n'afuuka omuntu.

6. Era olw'okubeera ffe yakomererwa ne ku musaalaba,
N'abonaabona ku mirembe gya Ponsio Pilato n'aziikibwa.

7. N'azuukira ku lwessatu nga bwe kyali mu biwandiiko,
N'alinnya mu ggulu, atudde ku gwa ddyo ogwa Patri.

8. Alijja ogwokubiri n'ekitiibwa okulamula abalamu n'abafu,
Obwakabaka bwe tebuliggwaawo.

9. Nzikiriza Mwoyo Mutuukirivu,
Omukama atuwa n'obulamu,
Ava mu Patri ne Mwana.

10. Gwe tusinza awamu ne Patri ne Mwana,
Ne tumugulumiza kimu bulijjo,
Eyayogerera oyo mu Balanzi ab'edda.

11. Nzikiriza Eklezia omu Omutuukuvu Katolika,
Omutuukuvu eyasibuka mu Batume.

12. Nzikiriza Batismu emu, esonyiwa ebibi byonna,
Ate nnindirira okuzuukira okw'abafu,
N'obulamu obw'emirembe gyonna egirijja,
Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu, Mutuukirivu, oyo
Mutuukirivu, Mutuukirivu, oyo,
Mutuukirivu, Mukama Katonda w'amagye Mutuukirivu
Mukama Katonda w'amagye Mutuukirivu.

Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi x2
Hosanna waggulu eyo, Hosanna waggulu eyo
Hosanna waggulu eyo.

Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe,
atenderezebwe,
Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe.

(Hosanna)

AKALIGA KA KATONDA

Akaliga ka Katonda Ggwe, aggyawo ebibi by'ensi,
Tusaasire. x2
Akaliga ka Katonda Ggwe, aggyawo ebibi by'ensi,
tuwe emirembe.

515. MISSA TUKUSINZA *(Fr. James Kabuye)*

AYI MUKAMA GGWE OMUSAASIZI

Ayi Mukama Ggwe Omusaasizi, Ggwe Omusaasizi Mukama Omusaasizi.
Ayi Mukama Ggwe Omusaasizi saasira.
Ayi Kristu Ggwe Omusaasizi, Ayi Kristu Ggwe Omusaasizi
Ayi Kristu Ggwe Omusaasizi. Kristu Omusaasizi saasira.
(Ddamu: Ayi Mukama)

EKITIIBWA

Ekitiibwa kibe mu ggulu eri Katonda.

1. N'emirembe ku nsi ku bantu b'ayagadde atyo.

Ekidd.:**Yonna mu ggulu ne mu nsi ffe tukutenda,**
Tukugulumiza Ggwe Katonda waffe.

2. Ffe tukutenda, tukugulumiza, tukusinza, tukussaamu ekitiibwa,
Wakola bya kitiibwa nnyo weebale.
3. Ayi Mukama Ggwe Katonda, Kabaka w'omu ggulu Katonda Patri,
Omuyinza wa buli kantu.

4. Ayi Mukama Ggwe Omwana azaalibwa omu yekka Yezu Kristu.

5. Ayi Mukama Ggwe Katonda, Akaliga Ggwe aka Katonda, Omwana wa Patri.

6. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi, tusaasire,
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi wulira okwegayirira kwaffe.

7. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Patri, Ggwe atudde ku gwa ddyo tusaasire.

8. Kubanga Ggwe Mutuukirivu wekka, Ggwe Mukama wekka,
Ggwe asukkiridde wekka, Yezu Kristu.

9. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu, mu kitiibwa kya Katonda Patri.
Amiina, Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu nnyo, Mukama Katonda w'amagye Mutuukirivu nnyo,
Mukama Katonda w'amagye, Mutuukirivu.
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi.
Hosanna waggulu eyo, Hosanna waggulu eyo x2
Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe,
Hosanna waggulu eyo.
Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe
Hosanna waggulu eyo.

KALIGA KA KATONDA

Kaliga ka Katonda, Kaliga ka Katonda Ggwe,
Kaliga ka Katonda, Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire.

Ffe tusaasire, - Kaliga ka Katonda
Ffe tusaasire, - Ggwe aggyawo ebibi by'ensi
Akaliga ka Katonda, ffe tusaasire,

Tutti: Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire x2 tuwe emirembe.

NZIKIRIZA KATONDA OMU *(Kalenzi)*

1. Patri Katonda omu omuyinza nze mmukkiriza.....
Ekidd.: **Nzikiriza nnyo Mukama wange.....**
Eggulu n'ensi Ggwe wabikola nze nkukkiriza.....
Ekidd.: **Ayi Mukama, era nnyongera okukkiriza**.

2. Ebirabika n'ebitalabika era Ggwe wabikola.....
Ekidd.: **Nzikiriza.....**
Yezu Omwana Omu owa Katonda nze mmukkiriza.....
Ekidd: **Ayi Mukama.....**

3. Katonda ddala ava mu Kitangaala ekya Katonda ddala...
Yazaalibwa buzaalibwa ye teyakolebwa nze mmukkiriza...

4. Eyava mu ggulu n'akka ku lwaffe nze mmukkiriza.....
N'azaalibwa Maria Embeerera ku bwa Mwoyo Mutukuvu.....

5. Yakomererwa ku Musaalaba ku lwaffe okutulokola....
Ku mirembe gya Pilato yatufiirira nze mmukkiriza.....

6. Yakka emagombe ku lw'essatu n'azuukirayo.....
Yalinnya mu ggulu ali ku ddyo wa Patri nze mmukkiriza.

7. Eyo gy'aliva okulamula abalamu n'abafu.....
Obwakabaka obubwe tebuliggwaawo emirembe.....

8. Mwoyo Mutukuvu Omutukuza nze mmukkiriza.....
Omukama atuwa obulamu nze mmukkiriza.....

9. Ava mu Kitaffe ne Mwana nze mmukkiriza.....
Gwe tusinza ekimu nabo oyo nze mmukkiriza.....

10. Eyayogerera mu Balanzi edda nze mmukkiriza.....
Obusatu obwa Katonda Omu nze mbukkiriza.....

11. Eklezia Katolika ow'Abatume nze mmukkiriza.....
Batismu esonyiwa ebibi byaffe nze ngikkiriza....

12. Okuzuukira kw'abafu ayi Mukama nze nkukkiriza.....
Obulamu obw'emirembe obutakoma nze mbukkiriza.....

NZIKIRIZA NNYO MUKAMA WANGE,
AYI MUKAMA, ERA NNYONGERA OKUKKIRIZA.

516. MISSA *(Fr. Vincent Bakkabulindi)*

SAASIRA AYI MUKAMA

Saasira ayi Mukama, Saasisra Ggwe Omusaasizi,
Saasira ayi Mukama, Omusaasizi tusaasire.

Ayi Kristu Ggwe Omusaasizi, ayi Kristu Ggwe Omusaasizi,
Tukukoowoola ffe otusaasire.

Saasira ayi Mukama, tukukoowoola Mukama otusaasire,
Ggwe Omusaasizi, tukukoowoola Mukama tusaasire.

OLI MUSAASIZI

Ayi Mukama oli Musaasizi, Ffe tukakasa ng'oli Musaasizi x2
Ayi Kristu oli Musaasizi, Ayi Kristu oli Musaasizi. x2

Oli Musaasizi Kristu eyazuukira, oli Musaasizi x5
Ayi Mukama oli Musaasizi, oli Musaasizi, oli Musaasizi. x2

Ffe tukakasa ng'oli Musaasizi,
Ffe tukakasa nga Ggwe Mukama waffe Omusaasizi.

EKITIIBWA KIBE MU GGULU

Solo: EKITIIBWA KIBE MU GGULU ERI KATONDA

Abakulembera: 1. N'emirembe ku nsi ku bantu b'ayagadde atyo.

Ekidd. I: **Ffe tukutenda, tukugulumiza, era tukusinza, kuba oli wa kitiibwa**.

2. Bye wakola byonna bya kitiibwa weebale: *(Ekidd. I)*
3. Patri Katonda, Mukama muyinza wa byonna, Ggwe Kabaka ow'omu Ggulu.
4. Yezu Kristu Omwana azaalibwa omu wekka, Ggwe Mukama waffe.
5. Mukama Katonda, Akaliga ka Katonda, Omwana wa Kitaffe.
6. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire, Ggwe aggyawo ebibi by'ensi wulira okuwanjaga kwaffe.

Ekidd. II: **Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire, Ggwe aggyawo ebibi by'ensi wulira okuwanjaga kwaffe.**

7. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Patri tusaasire. *(Ekidd. II)*
8. Kuba Ggwe Mutuukirivu wekka, Ggwe Mukama wekka,
Ggwe osukkiridde wekka, Yezu Kristu.
9. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu, wamu ne Mwoyo Mutuukirivu
Mu kitiibwa ekya Katonda Patri, Amiina AMIINA.

NZIKIRIZA KATONDA OMU

Solo: Nzikiriza Katonda Omu:

1. Patri Omuyinza wa buli kantu.

Ekidd. I: **Eyatutonda era atulabirira mu buli ngeri.**

2. Eyakola eggulu n'ensi. *(Ekidd. I)*
3. Na byonna ebyo ebirabika n'ebitalabika.
4. Nzikiriza n'Omukama Omu Yezu Kristu, Omwana omu ati owa Katonda.

Ekidd. II: **Eyatununula ng'atufiirira ku Musaalaba.**

5. Patri gw'azaala nga n'emirembe gyonna teginnabaawo: *(Ekidd. II)*
6. Katonda ava mu Katonda, Ekitangaala ekiva mu Kitangaala:

7. Katonda ddala ava mu Katonda ddala, yazaalibwa buzaalibwa Ye tiyatondebwa.
8. Ye ne Patri mu bwakatonda be bamu ddala, era byonna mwe byakolerwa.
9. Oyo olw'okubeera ffe abantu olw'okutulokola yava mu ggulu n'akka.
10. N'afuna omubiri mu Bikira Maria ku bwa Mwoyo Mutuukirivu n'afuuka omuntu.
11. Era olw'okubeera ffe, yakomererwa ne ku Musaalaba.
12. N'abonaabona ku mirembe gya Pontio Pilato, n'aziikibwa, n'azuukira ku lwessatu nga bwe kyali mu biwandiiko.
13. N'alinnya mu ggulu, atudde ku gwa ddyo ogwa Katonda Patri.
14. Alijja ogwokubiri n'ekitiibwa, okulamula abalamu n'abafu. Obwakabaka bwe tebuliggwaawo.
15. Nzikiriza ne Mwoyo Mutuukirivu, Omukama awa obulamu, asibuka mu Patri ne Mwana.

Ekidd. III: **Byonna mbikkiriza, ayi Mukama, nnyongera okukkiriza.**

16. Patri ne Mwana ffe be tusinza, tubagulumiza kimu n'Oyo eyayogerera mu Balanzi *(Ekidd. III)*
17. Nzikiriza n'Eklezia Omu omutukuvu, Katolika eyava mu Batume
18. Njatula Batismu emu esonyiwa ebibi, era nnindirira okuzuukira kw'abafu, n'obulamu obw'emirembe egirijja.

AMIINA.

MUTUUKIRIVU OMUKAMA

Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,
Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,
Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,

Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi,
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi,
Hosanna waggulu eyo, Hosanna waggulu eyo,
Hosanna waggulu eyo, Hosanna waggulu eyo,

Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,
Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,
Mutuukirivu Omukama Katonda w'amagye,

Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe:
Hosanna waggulu eyo, Hossana waggulu eyo,
Hosanna waggulu eyo, Hossana waggulu eyo.

AKALIGA KA KATONDA

Akaliga ka Katonda Ggwe, aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
Akaliga ka Katonda Ggwe, aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
Akaliga ka Katonda Ggwe, aggyawo ebibi by'ensi tusaasire, tusaasire
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi, tuwe emirembe, tuwe emirembe, tuwe emirembe, tuwe emirembe.

517. ULRIKA MASS I *(Fr. Expedito Magembe)*

Ayi Mukama - Ggw'Omusaasizi
Ayi Mukama - Ggw'Omusaasizi
Ayi Mukama - Ggw'Omusaasizi

Ayi Mukama - Ggw'Omusaasizi.

Ayi Kristu - Ggw'Omusaasizi
Ayi Kristu - Ggw'Omusaasizi
Ayi Kristu - Ggw'Omusaasizi
Oli musaasizi - oli musaasizi Kristu oli musaasizi.
Oli musaasizi - oli musaasizi Kristu oli musaasizi.

EKITIIBWA

Ekidd.: **Ekitiibwa kibe eri Kitaffe Katonda,**
Ne mu nsi eno emirembe.

1. Tukusinza, tukutenda, tukugulumiza
Wakola bya kitiibwa nnyo weebale.

2. Yezu Kristu Omwana wa Katonda, Akaliga ka Katonda
Kristu Omwana wa Kitaffe.

3. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
Tusaasire wulira okwegayirira kwaffe.

4. Ggwe atudde ku gwa ddyo ewa Kitaffe
Tusaasire Mukama Katonda.

5. Kubanga Ggwe Mutuukirivu wekka
Ggwe Mukama wekka Yezu Kristu
Ggwe osukkulumye.

6. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu
Mu kitiibwa ekya Katonda Patri
Amiina.

ALLELUIA

Ekidd.: **Alleluia Alleluia Alleluia Alleluia.**

1. Mutendereze Omukama wano mu Nnyumba ye,
Mumutendereze olw'ekitiibwa kye.
Mutendereze Omukama wano mu Nnyumba ye,
Mumutendereze oyo nnyini bulamu.

2. Mutendereze Omukama olw'ekitiibwa kye,
Mumutendereze olw'obulungi bwe.
Mutendereze Omukama olw'ekitiibwa kye,
Mumutendereze olw'obukulu bwe.

3. Mutendereze Omukama mmwe abatonde be,
Mumutendereze Omutonzi wa byonna.
Mutendereze Omukama Katonda atalemwa,
Mumutendereze olw'obukulu bwe.
4. Mutendereze Omukama mu nnyimba ezinyuma,
Mumutendereze asaana kwagalwa.
Mutendereze Omukama mu ddoboozi ery'awamu,
Mumutendereze nga muli wamu.

NZIKIRIZA KATONDA

1. Nzikiriza Katonda omu Nze mmukkiriza
Taata Omukama Omuyinza Nze mmukkiriza
Eyatonda eggulu n'ensi Nze mmukkiriza

Ebirabika n'ebikisiddwa — Nze mbikkiriza
Nzikiriza n'Omwana we omu — Omununuzi
Yezu eyatulokola ffe — Omununuzi
Eyazaalibwa Maria Omubeererevu — Nze mmukkiriza
Ku bwa Mwoyo Mutuukirivu — Nze mmukkiriza

Ekidd.: **Nzikiriza Katonda wange — Oyo Nnamugereka**
Katonda w'amawanga gonna — Nnantalemwa
Lugaba nnannyini buyinza — Nze mmukkiriza
Mukama nnannyini bitonde — Omutonzi.

2. Eyabonaabona ku bwa Pilato — Nze mmukkiriza
Ku Musaalaba n'afa n'akka n'emagombe — Nze mmukkiriza
Aliva eyo n'adda bw'atyo n'alamula — Nze mmukkiriza
Aliramula abalamu n'abafu — Nze mmukkiriza
Obwakabaka bwe tebuliggwaawo — Bwa lubeerera.

3. Nzikiriza Mwoyo Mutuukirivu — Mwoyo mmukkiriza
Era Omukama atuwa obulamu — Nze mmukkiriza
Asibuka mu Kitaffe ne mu Mwana — Nze mmukkiriza
Gwe tusinza ekimu n'abo — Nze mmukkiriza
Eyayogerera mu Balanzi edda — Nze mmukkiriza
Era nzikiriza Eklezia omu — Nze mmukkiriza
Omutukuvu asibuka mu Batume — Nze mmukkiriza
Katolika abunye ensi zonna — Nze mmukkiriza.

4. Njatula ne Batismu emu — Ddala ngikkiriza
Etusonyiwa ebibi byaffe — Ddala ngikkiriza
Nnindirira okuzuukira kw'abafu — Ddala nnindirira
N'obulamu obw'emirembe egirijja — Nze mbukkiriza.

AKALIGA KA KATONDA

A.....kaliga A.....kaliga A.....kaliga
Ka Katonda tusaasire
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
Otuwe emirembe,
Otuwe emirembe, otuwe emirembe.

518. ULRIKA MASS II *(Fr. Expedito Magembe)*

Tusaasire Ggwe Omusaasizi Kristu Omusaasizi
Tusaasire Ggwe Omusaasizi Mukama saasira. x2

Ggwe eyatumibwa okuwonya abamenyese mu mwoyo
Ggwe Omusaasizi tusaasire Mukama.

Ggwe eyajja okuwonya aboonoonyi
Ggwe omusaasizi tusaasire Mukama.

Ggwe ali ewa Kitaffe nga otuwolereza
Ggwe Omusaasizi tusaasire Mukama.
*(**Ddayo ku** "Tusaasire....")*

EKITIIBWA KIBE MU GGULU

1. Ekitiibwa kibe mu ggulu eri Katonda
Emirembe ku nsi ku bantu b'ayagadde atyo.

Ekidd. I: **Tukusinza, tukutenda tukuwa ekitiibwa Katonda,**
Bye wakola bya kitiibwa nnyo weebale.

2. Ayi Mukama Katonda Kabaka ow'omu ggulu
Katonda Patri omuyinza wa byonna.

3. Ayi Mukama ggwe Omwana azaalibwa omu wekka Yezu Kristu
Ayi Mukama Katonda Omwana wa Kitaffe.

4. Ggwe aggyawo ebibi by'ensi tusaasire
Ggwe aggyawo ebibi by'ensi wulira okwegayirira kwaffe.

5. Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Kitaffe,
Ggwe atudde ku gwa ddyo tusaasire.

Ekidd. II: **Amiina, Amiina, Amiina Amiina.**
6. Wekka Ggwe Mutuukirivu Ggwe Mukama wekka
Wekka Ggwe osukkiridde Yezu Kristu.

7. Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu
Mu kitiibwa ekya Katonda Patri. Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu, Omukama, Katonda w'amagye Mutuukirivu
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi; eggulu n'ensi, eggulu n'ensi.
HOSANNA HO–SANNA, HOSANNA HOSANNA MUKAMA. x2
Oyo ajja mu linnya ly'Omukama oli atenderezebwe
Ajja mu linnya ly'Omukama oli atenderezebwe.

AKALIGA KA KATONDA

Mukama: Ggwe Akaliga ka Katonda akaggyawo ebibi by'ensi
Akaggyawo ebibi by'ensi, akaggyawo ebibi by'ensi. x2
Mukama: Ggwe Akaliga --- Akaliga tusaasire
Mukama: Ggwe Akaliga --- Akaliga, tuwe emirembe.

519. WHITE FATHERS' MASS

(Fr. Expedito Magembe)

KYRIE

Oli musaasizi Mukama, oli musaasizi - Oli musaasizi Ggwe oli musaasizi
Mukama Ggwe musaasizi, Mukama Ggwe musaasizi - Oli musaasizi.

Ayi Kristu, Ggwe musaasizi - Ayi Kristu Ggwe musaasizi x2
Kristu Ggwe musaasizi, Kristu Ggwe musaasizi, Kristu Ggwe musaasizi
Ggwe oli musaasizi.
Oli musaasizi Mukama, oli musaasizi - Oli musaasizi - Ggwe oli musaasizi
Mukama Ggwe musaasizi, Mukama Ggwe musaasizi, Oli musaasizi.

EKITIIBWA

1. Ekitiibwa tukiwe Kitaffe Katonda
   Ekidd.: **Tumutenderezenga, Tumwebazenga Katonda.**
2. N'emirembe ku b'ayagadde Katonda
3. Ebyo by'akola bya ttendo Katonda
4. Omukama Kitaffe Katonda

5. N'Omwana omu ati gw'azaala
6. Oyo Akaliga akaggyawo ebibi by'ensi
7. Oyo omusaasizi Omukama Katonda
8. Oyo abali ekimu ne Kitaffe ne Mwoyo
9. Katonda oyo omu ati gwe tusinza
10. Ettendo n'ekitiibwa tubiwe Ye
11. Emirembe n'emirembe - Amiina - Amiina.

MUTUUKIRIVU

Mutuukirivu Katonda w'amagye - Mutuukirivu Katonda w'amagye
Mutuukirivu, Mutuukirivu Katonda w'amagye.
Ekitiibwa kyo kijjudde eggulu n'ensi - Mutuukirivu, Mutuukirivu Katonda wamagye.
Ho----------sanna Ho----------sanna
Hosanna Hosanna
Hosanna waggulu eyo, Hosanna.
Ho----------sanna Ho----------sanna
Hosanna Hosanna Hosanna
Waggulu ewala eri, waggulu ewala eri, waggulu ewala eri.
Oyo ajja mu linnya ly'Omukama atenderezebwe, atenderezebwe, atenderezebwe. - Hosanna.

AKALIGA

Akaliga ka Katonda Ggwe, Akaliga, Ggwe, Akaliga
Akaggyawo ebibi by'ensi - Akaliga x3
Ayi Akaliga, ayi Akaliga, otusaasire x2
Otusaasire - Akaliga, otusaasire - Akaliga
Otuwe emirembe.

NZIKIRIZA MU KATONDA

Nzikiriza --- Nze nzikiriza mu Katonda oyo nzikiriza. x2

Omukama omu gwe nsinza Mu Katonda oyo nzikiriza
Eyakola eggulu n'ensi Mu Katonda oyo nzikiriza
Omutonzi waffe atulabirira Mu Katonda oyo nzikiriza
Eyatonda byonna ebiriwo Mu Katonda oyo nzikiriza
Afuga byonna ebiriwo Mu Katonda oyo nzikiriza
Ye Katonda waffe Nnamugereka Mu Katonda oyo nzikiriza
Omukuumi waffe Nnantalemwa Mu Katonda oyo nzikiriza
Buli kalungi konna kava wuwe Mu Katonda oyo nzikiriza
Nzikiriza --- Nze nzikiriza mu Katonda oyo nzikiriza. x2
Omuzadde omu owa bonna Mu Katonda oyo nzikiriza
N'Omwana omu gw'azaala Mu Katonda oyo nzikiriza
Katonda oyo ava mu Katonda Mu Katonda oyo nzikiriza
Tiyatondebwa era wa mirembe Mu Katonda oyo nzikiriza
Gwe yasindika okulokola abantu Mu Katonda oyo nzikiriza
Oyo Maria n'amuzaala Mu Katonda oyo nzikiriza
Yabonaabona era n'atufiirira Mu Katonda oyo nzikiriza
Yazuukira Kristu omuzira Mu Katonda oyo nzikiriza Ye
yanunula ensi n'ebirimu Mu Katonda oyo nzikiriza
Atudde ku ddyo ewa Kitaawe Mu Katonda oyo nzikiriza
Alidda ate okulamula Mu Katonda oyo nzikiriza
Abafu bonna n'abalamu Mu Katonda oyo nzikiriza
Obwakabaka obubwe bwa mirembe Mu Katonda oyo nzikiriza
Nzikiriza --- Nze nzikiriza mu Katonda oyo Nzikiriza. x2

Atutukuza Mwoyo oli Mu Katonda oyo Nzikiriza
Owa Kitaffe era n'Omwana we Mu Katonda oyo nzikiriza
Tumutenda era ne tumusinza Mu Katonda oyo nzikiriza
Ye yayogeza edda Abalanzi Mu Katonda oyo nzikiriza
Mwoyo atuyamba n'atunyweza Mu Katonda oyo nzikiriza
Mwoyo atugabira ebitone omusanvu Mu Katonda oyo nzikiriza
Tumusinza era ne tumutenda Mu Katonda oyo nzikiriza
Nzikiriza --- Nze nzikiriza mu Katonda oyo nzikiriza. x2

N'Eklezia omu mmukkiriza Byonna ebyo mbikkiriza
Ow'Abatume omutukuvu ali omu Byonna ebyo mbikkiriza
Ne Batismu emu ngikkiriza Byonna ebyo mbikkiriza
Etutukuza ebibi ne biggwaawo Byonna ebyo mbikkiriza
Okussa ekimu okwo nkukkiriza Byonna ebyo mbikkiriza
N'Abatuukirivu mbakkiriza Byonna ebyo mbikkiriza
Nze nkakasa era nnindirira Byonna ebyo mbikkiriza
Abafu abo balizuukira Byonna ebyo mbikkiriza
Nze nkakasa era nzikiriza Byonna ebyo mbikkiriza
Obulamu obw'olubeerera Byonna ebyo mbikkiriza
Nzikiriza --- Nze nzikiriza mu Katonda oyo nzikiriza. x2

520. MISSA MU LULATINI

KYRIE

Kyrie eleison. x3
Christe eleison. x3
Kyrie eleison. x3

GLORIA

Gloria in excelsis Deo.
Et in terra pax hominibus bonae voluntatis.
Laudamus te.
Benedicimus te.
Adoramus te.
Glorificamus te.
Gratias agimus tibi propter magnam gloriam tuam.
Domine Deus, Rex caelestis.
Deus Pater omnipotens.
Domine Fili unigenite, Iesu Christe.
Domine Deus, Agnus Dei, Filius Patris.
Qui tollis peccata mundi, miserere nobis.
Qui tollis peccata mundi, suscipe deprecationem nostram.
Qui sedes ad dexteram Patris, miserere nobis.
Quoniam tu solus sanctus.
Tu solus Dominus
Tu solus altissimus, Iesu Christe.
Cum Sancto Spiritu, in gloria Dei Patris. Amen.

CREDO

Credo in unum Deum.
Patrem omnipotentem, factorem caeli et terrae,
Visibilium omnium, et invisibilium.
Et in unm Dominum Iesum Christum,
Filium Dei unigenitum.
Et ex Patre natum ante omnia saecula.
Deum de Deo, lumen de lumine, Deum verum de Deo vero,
Genitum, non factum, consubstantialem Patri:

Per quem omnia facta sunt.
Qui propter nos homines,
Et propter nostram salutem descendit de caelis.
Et incarnatus est de Spiritu Sancto ex Maria Virgine.
Et homo factus est.
Crucifixus etiam pro nobis sub Pontio Pilato passus,
Et sepultrus est.
Et resurrexit tertia die, secundum Scripturas.
Et ascendit in caelum, sedet ad dextera, Patris
Et iterum venturus est cum gloria, iudicare vivos et mortuos:
Cuius regni non erit finis.
Et in Spiritum Sanctum, Dominum et vivificantem.
Qui ex Patre Filioque procedit;
Qui cum Patre et Filio simul adoratur,
Et conglorificatur: Qui locutus est per Prophetas.
Et unam, sanctam, catholicam, et apostolicam Ecclesiam.
Confiteor unum Baptisma in remissionem peccatorum.
Et exspecto resurrectionem mortuorum.
Et vitam venturi saeculi.
Amen.

SANCTUS

Sanctus, Sanctus, Sanctus Domine Deus Sabaoth
Pleni sunt coeli et terra gloria tua: Hosanna in excelsis.
Benedictus qui venit in nomine Domine, Hosanna in excelsis.

AGNUS DEI

Agnus Dei, qui tollis peccata mundi, miserere nobis.
Agnus Dei, qui tollis peccata mundi, miserere nobis.
Agnus Dei, qui tollis peccata mundi, dona nobis pacem.

EZOLULATINI

522. MAGNIFICAT

Magnificat *amina mea Dominum.
Et exsultavit Spiritus meus *in Deo salvatore meo.

Quia respexit humilitatem ancilæ suæ *ecce ennim ex hoc beatam me
dicent omnes generationes.
Quia fecit mihi magna qui potens est, *et sanctum nomen eius.
Et misericordia eius a progenie in progenies *timentibus eum,
Fecit potentiam brancio suo *dispesit superbos mente cordis sui.
Deposuit potentes de sede, *et exaltavit humiles.
Esurientes implevit bonis: et divites dimisit inanes.
Suscepit Israel servum suum, *recordatus misericordiæ suæ
Sicut locutus est ad patres nostros, *erga Abraham et semen eius in sæcula.
Gloria Patri, et Filio, et Spiritui Sancto.
Sicut erat in principio, et nunc, et semper, et in sæcula sæculorum.
Amen.

523. PATER NOSTER

Pater noster, qui es in coelis;
Sanctificetur nomen tuum;
Adveniat regnum tuum;
Fiat voluntas tua, sicut in coelo, et in terra.
Panem nostrum quotidianum da nobis hodie;
Et dimitte nobis debita nostra,
Sicut et nos dimittimus debitoribus nostris;
Et ne nos inducas in tentationem;
Sed libera nos a malo.

524. TANTUM ERGO

Tantum ergo sacramentum
Veneremur cernui;
Et antiquum documentum
Novo cedat ritui:
Præstet fides supplementum
Sensuum defectui.
Genitoris, Genitoque
Laus et jubilatio.
Salus honor virtus quoque
Sit et benedictio:
Procedenti ab utroque
Compar sit laudatio. Amen.

V/ Pacen de coele præstitisti eis; *(T.P. Alleluia)*
R/ Omne delectamentum in se habentem *(T.P. Alleluia)*
Cor Iesu Sacratissimum, miserere nobis!
Cor Marie Immaculatum, ora pro nobis!
Sancte Joseph, ora pro nobis!
Beati Martyres Ugandenses, orate pro nobis!

525. TE DEUM

Te Deum laudamus *Te Dominum confitemur.
Te æternum Patrem *omnis terra veneratur
Tibi omnes Angeli, *tibi cœli et universæ potestates.
Tibi Cherubim et Seraphim, *incessabili voce proclamant:

Sanctus,
Sanctus,
Sanctus *Dominus Deus Sabaoth
Pleni sunt cœli et terra *majestitis gloriæ tuæ.
Te gloriosus *Apostolorum chorus,
Te Prophetarum * laudabilis numerus.
Te Martyrum candidatus *laudat exercitus.
Te per orbem terrarum * sancta confitetur Ecclesia,
Patrem * immensæ majestatis.
Venerandum tuum verum *et unicum Filium.
Sanctum quoque *Paraclitum Spiritum.

Tu Rex gloriæ, *Christe.
Tu Patris, *sempiternus es Filius.
Tu ad liberandum suscepturus hominem, * non horruisti Virginis uterum.
Tu devicto mortis aculeo, *aperuisti credentibus regna cœlorum.
Tu ad dexteram Dei sedes, *in gloria Patris.
Judes crederis *esse venturus.
Te ergo quæsumus, tuis famulis subveni *quos pretioso sanguine redemisti.

Æterna fac *cum sanctis tuis in gloria numerari.
Salvum fac populum tuum, Domine: *et benedic hæreditati tuæ.

Et rege eos, *et extolle illos usque in æternum.
Per singulos dies, *benedicimus te.

Et laudamus nomen tuum in sæculum, *et in sæculum, sæculi.
Dignare, Domine, die isto, *sine peccato nos custodire.
Miserere nostri, Domine, *miserere nostri,
Fiat misericordia tua, Domine, super nos, *quemadmodum speravimus in te.
In te, Domine, speravi: *non confundar in æternum.
Benedicam Patrem, et Filium, fum Sancto Spriritu
Laudemus, et superexaltemus cum in saecula.
Domine exaudi orationem meam.
Et clamo meus ad te veriat.
Dominus vobiscum
Et ci, spiritu tuo.

526. VENI CREATOR SPIRITUS

1. Veni Creator Spiritus,
   Mentes tuorum visita,
   Imple superna gratia,
   Quæ tu creasti pectora.

2. Qui deceris Paraclitus
   Altissimi donum Dei
   Fons vivus, ignis, caritas,
   Et spiritalis unctio.

3. Tu suptiformis munere,
   Digitus paternæ dexteræ,
   Tu rite promissum Patris
   Sermone ditans guttura.

7. Deo Patri sit gloria,
   Et filio qui a mortuis
   Surrexit, ac Paraclito,
   In sæculorum sæcula. Amen.

EBIDDIBWAMU MU MISSA

1. Essomo bwe liggwa
Ebyo bye muwulidde bigambo bitukuvu.
R/ Katonda yeebale.

2. Okwaniriza Evanjili:
a) *Omwanjuzi:* "Musituke aboluganda, musituke, Kristu atuuse atubuulire Ekigambo kye x2
Ekidd.: **"Yogera Mukama wange, yogera Mukama wange,**
Anti omuddu wo kati awulira ....."
Alleluya x3 mu nsi n'eggulu.

b) **Engeri endala:** *(Bakkabulindi)*

3. Aaallelu, Alleluya Alleluya x2 *(BASS)*
Aaallelu, Alleluya, alleluya..... Twaniriza alleluya
Ekigambo ky'Omukama, alleluya ..... Ekigambo ky'Omukama, alleluya
Agulumizibwe Katonda ..... alleluya
Ayogerera mu Mwana we Yezu..... alleluya
Ekigambo ky'Omukama.....alleluya
Kituuse mu ffe wano leero.....Alleluya.....Alleluya.

Okwebaza Kigambo: Ebigambo by'Evanjili eno bikomye awo:
R/ Ogulumizibwe, Ogulumizibwe Kristu ayogedde naffe ogulumizibwe, ogulumizibwe.

Mu kutegeka ebitone: *(James Kabuye)*
Katonda Lugaba Ogulumizibwe, x2
Katonda Lugaba ogulumizibwe, ogulumizibwe emirembe n'emirembe.

4. Konsekratio ng'ewedde

a) **Ekyamagero eky'okukkiriza:** *(James Kabuye)*
(Bonna) Tulangirira ayi Mukama, tujjukira okufa kwo n'okuzuukira, n'okulinnya kwo eyo mu ggulu, okutuuka lw'olijja.

b) *Oba:* **Kino Kino** *(Vincent Bakkabulindi)*
Kino kino, mukikolanga okunzijukira. x4

1. Ne Kabona waffe bw'atyo bw'akoze,
Agambye nti: "Kino gwe Mubiri gwange,
Kino Musaayi gwange".

2. Twanirize era tusinze Omulokozi Yezu,
Ddala ddala yenna omulamba azze ku Altari.

5. "Kitaffe" n'essaala yaakwo w'eggweera: (embolism)

(Vincent Bakkabulindi)

Yezu nga bw'oli ..... ow'emirembe gyonna
N'obwakabaka bwo ..... bwa mirembe gyonna x2
Ggwe Kabaka ..... Ggwe w'obuyinza, Ggwe w'ekitiibwa,
emirembe n'emirembe. x2

MISSA NG'EGGWA *(Joseph Kyagambiddwa)*

"Missa ewedde, mugende mirembe" .... Katonda yeebale

1. Atweyagaza..... mu ggulu Katonda
Atwesiimya..... ow'ettendo.
Tukusinza Ggwe....Mwagalwa Omutonzi alleluya.

Twesanyukire ffe amangu kuba gye tugenda eri
Waffe butaka, eddembe, obulamu na byonna
Biri mu ggulu, twesiime, twesiime, twesiime, twesiime.

Oba: **Abamanyi Katonda mwebuukire** *(Joseph Kyagambiddwa)*
1. Abamanyi Katonda mwebuukire Alleluya, nneebuukira
Omuyinza ye wange Nnyini-bulamu.

2. Sirimba, nkakasa..... Nandibadde nga mba muyinike
Yezu ammala, nga nfudde ye wange ow'olubeerera. x2

Oba: **Ekitiibwa kyonna....** *(Joseph Bakkabulindi)*
Ekitiibwa kyonna kyonna tukiwe Katonda
A....miina, A....miina, A....miina, Amiina
Tukiwe Katonda, oyo Omukama.....

A.....miina, Amiina....., Amiina....., Amiina.

ENNYONGEREZA

1. KA TUSANYUKE FFENNA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Ka tusanyuke ffenna, ka tujaguze ffenna, abaana ba Katonda Abebonanye, wano mu Kiggwa kye.**
Tuli baluganda ba nda emu, tuli baluganda Kitaffe y'omu,
Ffe tuva wamu, era tudda wamu, ekitiibwa kya Kitaffe bwe busika bwaffe.

1. Mulabe Katonda bw'atwagala abantu, twali tuwabye ffenna;
   N'atutumira Omwana muggulanda atulokole.
   Tweyanzizza Kitaffe tufuuse baggya.
   Tweyanzizza Taata atwagala nnyo.
   Tweyanzizza Kitaffe tufuuse baggya,
   Tuli baana bo, tuli baana bo Taata abaganzi.

2. Mulabe Katonda bw'atwagala abantu, twali tumujeemedde;
   N'atuyiwako amazzi n'atuzaala mu Batismu.
   Tweyanzizza....

3. Mulabe Katonda bw'atwagala abantu, yaggya mu kisa kye ekyo,
   N'atuyingiza mu eryo eggwanga lye eppya eritukuvu.
   Tweyanzizza....

4. Mulabe Katonda bw'atwagala abantu, twajjuzibwa ne Mwoyo.
   Tuli mu maka ga Katonda ku nsi amatukuvu.
   Tweyanzizza....

2. ABAAGALWA MWENNA

(Ponsiano Kayongo Biva)

Ekidd.: **Abaagalwa mwenna, mujje mmwe abantu; tugende ew'Omukama tumusinze wamma.**
Tumutende, tumwebaze, ffe tumusabe.
Anti essanyu lyaffe, amaanyi n'eddembe bituviira mu Mukama byonna era n'obulamu.

1. Omukama ye wakutendwanga. Yee, ettendo n'ekitiibwa tubiwenga Katonda.
   Ate ani, ani amwenkana? Anti mu linnya lye byonna bifukamira.
2. Wa maanyi ye wakutiibwanga. Yee amanyi g'alina oyo ga njawulo wamma.
   Yekka omu byonna eby'eggulu n'ebyo eby'ensi, byonna ye abiwanirira.

3. Tumwebaze Ddunda y'atwewa. Yee oyo olw'ekisa kye y'atuganza abantu.
   Ffe luli edda ffenna bwe twawaba. Ye nno mu Mwana we ffenna ye yatuggyayo.

4. Mu Kristu Ye mwe yatweweera. Yee ffe Kristu olw'okufa kwe ne tufuuka baganzi.

Ebyedda byonna olwo byakoma, anti mu Mwana we leero ffe mikwano gye!

5. Amiina Ye wakutendwanga. Yee yekka ow'ekitiibwa, tumutende Katonda.
   Ffenna ffe abaana eb'enngoma, Taata atwagala ffenna alituwanguza.

3. TUSAZEEWO *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Tusazeewo, tusazeewo okuweereza Omukama Katonda waffe x2**
By'atugamba bye tukola, by'ayigiriza ffe bye tukkiriza.
Tujja kubituusa, tujja kubituusa n'omutima gwaffe gwonna.

1. Bannauganda mujjukire emirembe gya sitaani kalimbira omukambwe.
   Kitaffe olw'ekisa kye n'atuwa Ekitangaala mu Mwana we.
   Kw'olwo ebya sitaani twabimala, twasenga Kristu Omwana wa Katonda.

2. Bannauganda mujjukire okuva ku lwa Batismu, ffe twawona emisango.
   Kitaffe olw'ekisa kye twaddamu okuba ffenna, abaana be.
   Kw'olwo ebya sitaani twabimala, twasenga Kristu Omwana wa Katonda.

3. Bannauganda mujjukire okuva ku lwa Batismu, Kitaffe y'atuzaala.
   Kitaffe y'atuganza, tuli ggwanga lye ffenna, mu Mwana we.
   Kw'olwo ebya sitaani twabimala, twasenga Kristu Omwana wa Katonda.

4. Bannauganda mujjukire okuva ku lwa Batismu, Mwoyo ffe y'atutwala.
   Y'atujjuza ebirungi, n'ebitone bye byonna, ye nnyini byo.
Kw'olwo ebya sitaani twabimala, twasenga Kristu Omwana wa Katonda.

Coda: Ebikyamu tobireeta, kubanga tuli bantu ba Mukama bulijjo.
Obulimba twabukyawa, kubanga tuli bantu ba Mukama bulijjo.
Ensobi ezo twazikyawa, kubanga tuli bantu ba Mukama bulijjo.
Ebibi ebyo twabikyawa, kubanga tuli bantu ba Mukama bulijjo.
Kikafuuwe okudda mw'ebyo, kubanga tuli bantu ba Mukama Bulijjo.
Tumujulire Kristu, mu lwatu, mu bigambo ne mu bikolwa.

4. NZIKIRIZA *(Charles Mukasa)*

Tuyimirire ffe abakkiriza twatule bye tukkiriza.

1. Nzikiriza Yezu Omwana omu owa Katonda. Patri gw'azaala ensi nga tennabaawo.
   Katonda ava mu Katonda ddala; Ekitangaala nga kiva mu Kitangaala.

   Ekidd.: **Nzikiriza, nzikiriza, nzikiriza Katonda omu.**
   Eyatonda eggulu n'ensi n'ebirabika n'ebitalabika.

2. Teyakolebwa, Yezu yazaalibwa, Maria Embeerera, olw'amaanyi ga Mwoyo!
   Yabonaabona ku lwaffe n'akomererwa, n'afa atusonyiyise ebibi byaffe.

3. N'aziikibwa, n'azuukira ku lw'essatu nga bwe kyalangwa.
   N'alinnya mu ggulu, gy'awanngamye, eyo gy'aliva adde okutulamula.

4. Atudde ku gwa ddyo ogwa Patri, n'obwakababaka bwe bwo tebuliggwaawo.
   Mwoyo Omutukuza, mmukkiriza; Mwoyo oyo ye yayogezanga Abalanzi.

5. Asibuka mu Patri ne Mwana, bonsatule bassa kimu bali Katonda Omu.
   Nzikiriza Batismu gye tufuna okuva mu kibi, ne tufuuka ab'ekitangala abeebonanye.

6. Eklezia Katolika Omutukuvu? Mmukkiriza, ye y'asibuka mu Batume era atulunngamya.
   Okussa ekimu okw'Abatuukirivu, n'okuzuukira kw'abafu bonna.

Mbikkiriza, nnindirira obulamu obutaggwaawo.
Amiina, Amiina.

5. BYE BINO *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd: **Bye bino (Lugaba Ddunda), ebirabo byo Ddunda (bitwale);**
Bye tuleese ffe nga tujaganya, ffe abaana bo Ddunda Katonda (bisiime) x2
Tunaakuwa ki Ggwe ekisaana, tunaakuwa ki ffe abaavu.
Mpozzi Kitaffe (mpozzi Taata) ka tuleete evviini gy'otuwa,
Mpozzi Kitaffe (mpozzi Taata) ka tuleete omugaati gw'otuwa
Tubigatteko obulamu obwaffe. Bye birabo byaffe ebya leero.

1. Ekibiina kyona Kirina essanyu Ddunda mu maaso go.
   Amakula ge tuleeta, Galaze essanyu Taata ffe lye tulina.
   Okuddiza Ddunda buganzi, Katonda waffe Ggwe osaana.
   Osaana kutendwa Ddunda Lugaba asinga.

2. Ekibiina kyonna Tuzze kwebaza Ddunda ffe by'otuwa.
   Amakula ge tuleeta, kuba kuddiza Ddunda abitegeka.
   Okuddiza Ddunda buganzi, Katonda waffe Ggwe osaana.
   Osaana kutendwa Ddunda Lugaba asinga.

3. Ebirungi byonna, By'otuwa Ssebo bingi, otwagala
   Amakula ge tuleeta, Kuba kwebaza Ddunda, ebitone byo.
   Okuddiza Ddunda buganzi, Katonda waffe Ggwe osaana.
   Osaana kutendwa Ddunda Lugaba asinga.

4. Tukwebaza nnyo Ggwe Mukama, siima ebyaffe.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tukwebaza nnyo Ggwe Mukama, ali wano naffe.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tukwebaza nnyo Ggwe Mukama, ayamba abanaku.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tukwebaza nnyo Ggwe Mukama, asobola ebingi.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tukwebaza nnyo Ggwe Mukama, abifuga ebingi.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tunajula ki w'oli Mukama, w'oli naffe.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tunajula ki w'oli Mukama, w'oli Kitaffe.
   Tukwebaza nnyo, tukwebaza nnyo Nnamugereka
   Tunajula ki w'oli Mukama Ddunda Kitaffe.
   Tukwebaza nnyo. tukwebaza nnyo Nnamugereka.

6. OGGYA KU BUGAGGA BWO

(Sr. Sarah Naamala)

Ekidd.: **Oggya ku bugagga bwo Mukama wange Ggwe n'ongaggawaza.**
Ebyo bye mpita ebyange byonna bibyo,
Njigiriza nange okutoola ku ebyo by'ompadde mbikuddizenga.
Njigiriza nange okutoola ku ebyo by'ompadde ngaggawaze abalala.

1. Ebirabo bye ndesse biibino nga biva mu kutegana kwange,
   Omutima gwange ne bye nnina gy'oli biba bya ttendo.
   Ebyennaku n'ebyessanyu Taata mbikuddiza byonna,
   Obunafu bwange n'ebinnema bye birabo bye ndeese.

2. Obulamu bw'ompadde Mukama obujjudde emikisa,
   Kitange nneeyanzizza ebirungi ontonedde bingi.
   Mu kutuusa bye nteekwa okukola mbeere kitangaala,
   Mu kusiriira ne nzigwerera mbayambe balabe ekkubo lyo.

3. Amaanyi n'amagezi bye wampa okuva mu buto bwange.
   Okubyeyamba ne ntetenkanya ebibala nga nfunye bingi.
   Bwe bugagga kwe ntodde Mukama ne nkuddiza nnyini byo,
   Obitwale Ggwe Nnamugereka bye birabo bye ntodde.

4. Abayonta n'abawamma Mukama abatalina kantu,
   Bangi abanneetoolodde Ddunda abadaagira Ggwe,
   Ka ntoole ku by'ompadde ebingi mu kutegana kwange,
   Bafune emmere ya leero ettendo lyo bayimbe.

7. GE GANO AMAKULA

Ekidd: **Ge gano Ge tuleese**
Ge gano Ge tuleese
Ge gano Amakula go Ddunda ge tuleese ge gano. (x2)
Tugaleeta gy'oli Ggwe Katonda
Nga tukwebaza Ddunda by'otuwa
Ha! Ddunda webale ogabula.

1. Abaweereza ye ffe abaana bo, gwe tuweereza ye Ggwe Kitaffe,
   Bye tukuddiza Ddunda bye birabo byo bisiime.

2. Gwe tuweereza gwe gwo omugaati, gye tuweereza y'eyo evviini,
   Bye tukuddiza Ddunda bye birabo byo bisiime.
3. Siima Ddunda amakula go siima, siima
   Siima Ddunda ebirabo byo siima, siima
   Tugattako Ddunda n'obulamu bw'otuwa.

4. Abaweereza ye ffe abatalina, gwe tutonera ye Ggwe omugagga,
   Bye tukuddiza Ddunda bya kulaga bwe tusiima.

5. Siima Ddunda amakula go siima, siima
   Siima Ddunda ebirabo byo siima, siima
   Tugattako Ddunda n'obulamu bw'otuwa.

6. Gwe tuyitamu y'oyo Omwana wo; ffe tuli kimu n'oyo Kristu,
   Bye tuweereza Ddunda, bikusanyuse ku lw'Oyo.

8. KATONDA WAFFE OYO NNAAMWEBAZA NTYA? *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd: **Katonda waffe oyo Nnaamwebaza ntya?**
Katonda waffe oyo Nnaamwebaza ntya?
Katonda waffe oyo Nnaamwebaza ntya olw'ebirungi enfaafa by'atuwadde?
Nga tweyanze! Ka tumuddize ku ebyo by'atuwadde ebivudde mu kutegana okwa buli nkya.
Ssebo ow'ekisa ebyaffe bisiime anti biraga omutima ogusiima.
Ssebo ow'ekisa ebyaffe bisiime anti biraga omutima ogusiima, ogw'abaana bo.

1. Laba omugaati, laba n'evviini gye tuleese, laba n'amakula g'otuwadde tugaleeta.
   Tobigaana, bitono nnyo, biraga Kitaffe bwe tusiima Taata by'otuwadde, weebalege.

2. Tunaakuwa ki, ddala ky'osiima nnannyini nsi? Laba n'obulamu bw'otuwadde tubuleeta. Tobigaana ....

3. Ebintu by'ensi, tubiwe Ddunda atwagala nnyo, tumuwe ebibala by'atuwadde olw'ekisa kye. Tobigaana ...

4. Nnaakuddiza ki, ddala eky'ebbeeyi ekikugyamu? Kino kye nsobola kye nkuwadde onokitwala. Tobigaana ...

9. TUMUWA KUMWEBAZA *(M. Mulondo)*

Ekidd: **Ka tusituke tutwale bye tulina, mu maaso ga Kitaffe Katonda byonna tumuddize.**
Ka tusitule ku byonna bye tulina Omugabi eyatuwa bye tulina tugende tumwebaze.
Ffe bye tulina byonna bibye era atoola ku bibye ye atulabirira,
Ffe n'atuwa nga ayagala bituyambe tumuweereze.
Abanafu ffenna abajeemu asaasira lunye era n'atusonyiwa
N'atuleka ng'alinda tukimanye ffe tumuweereze.
Tulina kutoola ne tumuddiza Omukama atwagala.
Kye tuva tusitula ebirungi ne tumuwa, bya kumwebaza.

1. Ka tumwebaze Ddunda Omutonzi waffe, bye wakola byonna Kitaffe bituyamba okutulabirira. Ggwe eyagereka atyo tusaana kukwebaza.

2. Ka tukwebaze, Ddunda okutuwanirira, obunafu bwaffe, obugonvu, Mukama ggwe omanyi wabugera. Ggwe awanirira ffe tusaana ku-kwebaza.

3. Ka tumwebaze, anti byonna bye tusaba enkumu byonna, Kitaffe Ddunda obituwa tolemwa, ggwe atuwa ebirungi tusaana kukuddiza.

4. Tukuzinire era tukuyimbirenga, emitima gyaffe tugizze Ddunda gikuwulirenga,
Tukuweereza nga tusiima buyambi bwo.

10. MUTUUKIRIVU *(J. Yiga)*

Ha! Ha! Ha! Mukama, Mukama
Mutuukirivu, Mutuukirivu. Mutuukirivu,
Mutuukirivu, Ha! Ha! Ha! Katonda w'amaggye, Mukama, Mukama,
Wonna osusse ekitiibwa.

Ekitiibwa ky'Omukama kijjudde, kibukadde buli wantu mu ggulu n'ensi,
Ekitiibwa ky'Omukama Katonda.... kisuffu, tumutenda. x2

Hosanna – aaaaaa – tukutenda, ffenna.
Oh wonna, Hosanna – (Omutiibwa) gy'oli tukutenda
Waggulu; waggulu eyo.

Tumutenda nnyo tumuwa ekitiibwa wa mukisa Oyo ajja, ajja,
Ffe tumutenda nnyo tumugulumiza nnyo Oyo ajja…
Mu linnya ly'Omukama.

Hosanna – aaaaaa tukutenda ffenna.
Oh wonna, hosanna, (Omutiibwa) gy'oli tukutenda waggulu,
waggulu eyo!

11. AKONKONA KU LUGGI

(Fr. Expedito Magembe)

Ekidd: **Akonkona ku luggi, Yezu akuyita wuuyo.**
Akonkona ku luggi, ggulawo omutima gwo ggwe.
Akonkona ku luggi, omutima ggwe muwe agutwale obulamu Yezu abufuule bwonna.

1. Oli wuwe akunoonya, jjukira nga wali omusenze.
   Bw'otyo n'omukyawa, Yezu akomyewo ku luggi.
   Yezu ky'akugamba kinyweze bwe bulamu obuggya.
   Ensi eno tekupaaza Yezu n'omufiirwa yenna.

2. Bangi abagiganza ensi eno bw'ebalimba bw'etyo
   Bangi n'ebapaaza bw'etyo n'ebalimbalimba.
   Weesigenga Yezu Mukama owone okufa ggwe.
   Kwata bye yagamba bw'otyo obe mulamu wenna.

3. Malirira okumwewa Yezu owone okusaaga.
   Kikakase okinyweze Yezu mutambulenga mwembi.
   Bingi by'olemedde sitaani kw'ayima akuswaze.
   Mweyambule omusuule wuuno anaakuyamba waali.

4. Bangi b'anunudde Yezu ng'abasenze bw'atyo.
   Nga nange mw'ombalidde ekisa kye ndikitenda wonna
   Talemwa Omuyinza Yezu ggwe bw'oba omusenze.
   Malirira okumwewa wuuno anaakuyamba waali.

5. Mutende omuyinza Mukama atuyamba bw'atyo.
   Tumwesige atuyambe Mukama ye muyambi waffe.
   Y'atuwanguza oyo bingi abiwugula oyo.
   Tumwesige atuyambe amiina emirembe gyonna.

12. KATONDA TAATA *(Fr. James Kabuye)*

Ekidd.: **Katonda Taata ye nsibuko y'ebirungi byonna,**
Kitaffe ye nsibuko y'okununulwa kwaffe.
Bwe tusaba, ng'olwo tufuna
Bwe tusobya, ng'atusonyiwa.
Ye yatuwa ne Kristu Omwana we atulokole.

1. Twebaze nnyo Taata by'otuwadde, bya magero.
Twebaza nnyo ebingi by'otuwadde, ffe abaana bo.
Okwagala okwo kw'otulaze, tujja kukutuusa, eri mikwano gyaffe gye tubeera.

2. Twebaza nnyo emyaka gy'otuwadde gya mikisa,
Twebaza nnyo amaanyi g'otuwadde ffe abatene.
Okwagala okwo kw'otulaze, tujja kukunyweza n'ebikolwa byaffe nga titwosa.

3. Twebaza nnyo ebbanga ly'omazeeko ng'otulera.
Twebaza nnyo ebingi by'owugudde, eby'akabi.
Tujja kukutenda, tujja kukuyimba emirembe.

4. Twebaze nnyo Kristu gw'otuwadde Omwana wo.
Twebaza nnyo ebingi by'okoledde ffe abaana bo.
Okwagala okwo kw'otulaze kujja kutuyamba, okugumira byonna ebikaluba.